Copyright © by Jonathan Menn 2007-2014. All rights reserved.

EQUIPPING CHURCH LEADERS
• EAST AFRICA •

OKUTENDEKA ABAKULEMBEZE BA'MAKANISA MU BUVANJUBA BWA'FRICA

1 TIMOSEEWO: OKULAMBULULA; ENYINYONNYOLA; EKITABO KY'OKUTENDEKA MU NGERI EY'OKUYIGIRIZA

kyawandiikibwa

Jonathan M. Menn

B.A., University of Wisconsin-Madison, 1974
J.D., Cornell Law School, 1977
M.Div., Trinity Evangelical Divinity School, 2007

Okutendeka abakulembeze ba'makanisa mu buvanjuba bwa'Africa
7301 N. Gillett St., Appleton, WI 54914
(920) 731-5523
jonathanmenn@yahoo.com
www.eclea.net

December 2007; kyalongosebwamu mu mwezi ogw'okubiri 2014

Ekitabo kya Timoseewo ekisooka kye kimu kw'ebyo ebisinga omugaso mu Ndagaano Empya, mu by'omwoyo n'eby'omubiri. Kitunuuliridde ddala ebikulu ebikwata ku kukkiriza kwaffe omuli: obulokozi bwe twafuna olw; ekisa bwe twakkiriza Kristo; obukulu bw; okusaba; ebisaanyizo by'abakulembeze mu kkanisa; n'okusukkulumya Kristo. Ekitabo kino era kitunuulidde nnyo obulamu obwa bulijjo omuli: enjigiriza entuufu n'enkyamu; kuyamba omuntu okwetereeza mu nsonga ez'omwoyo; okunenya n'okubuulirira bannaffe; obuvunaanyizibwa bw'ekkanisa ku bantu abaavu n'abali mu bwetaavu; ensonga z'abakadde b'ekkanisa; kw'ogatta ensonga z'enjiri n'ensimbi. Omuzingo guno gulimu ebiuntu ebikulu ebiri mu Timoseewo eklisooka n'enyinnyonyola ez'enjawulo. Ekiwandiiko kino kigendereddwamu okutendrka abaweereza nga kirimu ebibuuzo ebikwata ku Timoseewo Ekisooka ku buli nkomerero ya musomo, kisobola okukozesebwa abantu mu bibinja ebisaamusaamu, n'okuyamba Abakulisitaayo n'abakulembeze b'ekkanisa okwetunulamu n'okwekubamu ttooci mu bulamu bwabwe obw'omwoyo n'embeera y'ekkanisa gye zirimu.

Copyright © by Jonathan Menn 2007-2014. All rights reserved.

EBIRIMU

1 TIMOSEEWO: MU BUFUNZE…….....2
1 Tim 1:1-2:15—Enjigiriza ey'Obulimba n'Obwesigwa bw'Enjiri.. …….……...2
1 Tim 3:1-13—Ebisaanyizo by'Okubeera Omukulembeze mu Kanisa…….....3
1 Tim 3:14-4:16—Okutya Katonda okw'Amazima n'Okutya Katonda okw'Obulimba ……...4
1 Tim 5:1-6:21—Ebizibu Ebya Bulijjo n'Ensonga Abakulembeze b'Ekkanisa ze Basanga……...5

1 TIMOSEEWO: ENYINYONNYOLA…….....7
1 Tim 1:1-2:15—Enjigiriza ey'Obulimba n'Obwesigwa bw'Enjiri.……...……..…....7
1:1-2…….…...7
1:3-4…….……..10
1:5……..…11
1:6-11……13
1:12-16…….....14
1:17……16
1:18-20……...16
2:1-7…….....18
2:8-15…….....21
1 Tim 3:1-13—Ebisaanyizo by'Okubeera Omukulembeze mu Kanisa.……..…27
3:1-7……..27
3:8-13…….....30
1 Tim 3:14-4:16—Okutya Katonda okw'Amazima n'Okutya Katonda okw'Obulimba.....31
3:14-16……..….....31
4:1-7a……...……..33
4:7b-16…….....37
1 Tim 5:1-6:21—Ebizibu Ebya Bulijjo n'Ensonga Abakulembeze b'Ekkanisa ze Basanga…..…39
5:1-2…….....39
5:3-16……41
5:17-18…….....44
5:19-25…….....45
6:1-2a…….....47
6:2b-16……...48
6:17-19……...53
6:20-21……...55

EBITABO EBYEYAMBISIBBWA……..56

1 TIMOSEEWO: EKITABO KY'OKUTENDEKA OKUYITA MU KUWUNZIKA …….....……58
1 Timoseewo 1:1-7…….....58
1 Timoseewo 1:8-20…….……61
1 Timoseewo 2:1-7……...…....63
1 Timoseewo 2:8-15…….……63
1 Timoseewo 3:1-13…….……64
1 Timoseewo 3:14-16…….....67
1 Timoseewo 4:1-7a…….....68
1 Timoseewo 4:7b-16……....69
1 Timoseewo 5:1-2…….....70
1 Timoseewo 5:3-16…….……71
1 Timoseewo 5:17-25…….....72
1 Timoseewo 6:1-2a…….……73
1 Timoseewo 6:2b-19…….……...74
1 Timoseewo 6:20-21…….……...76

OMUWANDIISI……...76

Copyright © by Jonathan Menn 2007-2014. All rights reserved.

1 TIMOSEEWO: MU BUFUNZE

1 Tim 1:1-2:15—Enjigiriza ey'Obulimba n'Obwesigwa bw'Enjiri

I. Ebisooka mu Kuwandiika Ebbaluwa (1:1-2)

A. Okuva eri Pawulo—Omutume wa Yesu Kristo

B. Eri Timoseewo—Omwana wa Pawulo ddala olw'okukkiriza

C. Ennamusa—"Ekisa, okusaasira, n'emirembe"

II. Enyanjula y'Omulamwa: Enjigiriza ey'Obulimba n'ey'Amazima (1:3-11)

A. Enjigiriza ey'Obulimba mu Kanisa (1:3-4)

1. Tokkiriza balala kuyigiriza njigiriza ya bulimba
2. Toleka bantu kuwuliriza njigiriza ya bulimba
    a. Enfumo
    b. Ebigambo by'obuzaale ebitakoma
3. Ebiva mu njigiriza ey'obulimba mu kanisa:
    a. Ereeta okuteebereza (empaka; okukubagana empawa)
    b. Eziyiza obuwanika bwa Katonda (obukolebwa mu kukkiriza)

B. Ekigendererwa ky'enjigiriza ey'amazima kwagala (1:5)

1. Okuva mu mutima omulongoofu
2. Okuva mu mwoyo omulungi
3. Okuva mu kukkiriza okutalina bukuusa

C. Abo abakyuka okuva ku kigendererwa eky'enjigiriza ey'amazima okudda eri amateeka (1:6-7)

1. Bakyamira mu "bigambo ebitaliimu"
2. Babulwamu okutegeera

D. Amateeka ku bwago malungi, bwe gakozesebwa mu mateeka (1:8-11)

1. Ani amateeka gwe GATAAKOLERWA: omutuukirivu **(1:9a)**
2. Ani amateeka gwe GAAKOLERWA: abamenyi b'amateeka, abajeemu, abatatya Katonda, abalina ekibi, abatali batukuvu, n'abavvoola **(1:9b)**
3. Eby'okulabirako eby'abo amateeka be gaateekerwa: abassi; abenzi; abalya ebisiyaga; abanyazi b'abantu; abalimba; abalayirira obwereere; n'ebirala byonna ebiwakana n'okuyigiriza okw'obulamu **(1:9c-10)**
4. Omutindo gw'enjigiriza entuufu: enjiri **(1:11)**
    a. Ya kitiibwa
    b. Ya Katonda
    c. Yateresebwa Pawulo

III. Pawulo n'Enjiri (1:12-17)

A. Eky'okulabirako kya Pawulo eky'obuntu (1:12-16)

1. Kristo yawa Pawulo omukisa **(1:12)**:
    a. Yamuwa amaanyi
    b. Yalowooza nga mwesigwa
    c. Yamuteeka mu buweereza
2. Pawulo yali tasaanidde mukisa ng'ogwo **(1:13)**:
    a. Omuvumi
    b. Omuyigganya
    c. Omusajja ow'ekyejo
3. Emisingi gy'okuganja kwa Kristo eri Pawulo **(1:14)**:
    a. Okusaasira (Pawulo yabikolanga mu butamanya n'obutakkiriza)
    b. Ekisa (ekyeyongera ennyo)
    c. Okukkiriza n'okwagala okuli mu Kristo Yesu
4. Kristo alokola aboonoonyi (mu bo Pawulo ye w'olubereberye) **(1:15)**
5. Kristo okulokola Pawulo kikola eky'okulabirako eky'okugumiikiriza kwe eri abo abakkiriza **(1:16)**

B. Okutendereza (1:17)

Copyright © by Jonathan Menn 2007-2014. All rights reserved.

IV. <u>Ekiragiro Okubeera Omwesigwa (1:18-2:15)</u>

A. Okulwana olutalo olulungi olw'okukkiriza (1:18-19)

1. Ekiragiro kya Pawulo eri Timoseewo
2. Ng'obunabbi bwe bwakolebwa
3. Obwesigwa n'omwoyo omulungi bitambulira wamu

B. Okugaana obwesigwa n'omwoyo omulungi kwamenya okukkiriza kw'abamu (1:19-20)

1. Kumenayo ne Alegezanda bagaanyi okukkiriza.
2. Abantu ng'abo "baweereddwa eri Setaani."
3. "Okuwa eri Setaani" kuyinza okubayigiriza obutavumanga.

C. Obwesigwa bwetaagisa okusaba okuva mu bulamu obutukuvu (2:1-15)

1. Okusaba kulina okukolebwa ku lw'abantu bonna (**2:1**)
    a. Ebika byonna eby'okusaba
    b. Ku lw'ebika byonna eby'abantu
2. Okusaba kulina kukolebwa naddala ku lw'abo abali mu bifo by'obuyinza (**2:2**)
    a. Okusaba ku lw'abo abali mu bifo byonna eby'obuyinza
    b. Ekigendererwa kiri nti tusobole okubeera n'obulamu obutereevu mu kutya Katonda
3. Okusaba n'okubeera n'obulamu obutya Katonda kuyamba okusaasaanya enjiri (**2:3-7**).
    a. Katonda ayagala abantu bonna okulokoka **(2:4)**
    b. Kristo yekka ye mutabaganya wakati wa Katonda n'abantu **(2:5)**
    c. Kristo yeewaayo abe omutango olwa bonna **(2:6)**
    d. Pawulo yayitibwa okubeera omubuulizi, omutume, era omuyigiriza w'enjiri eri Amawanga **(2:7)**
4. Kye kitegeeza eri Abasajja (**2:8**):
    a. Okusabanga mu bifo byonna
    b. "Okuyimusa emikono emitukuvu"
    c. Awatali busungu na mpaka
5. Kye kitegeeza eri Abakazi (**2:9-15**):
    a. Okwambalanga ebyambalo ebisaana **(2:9-10)**
    b. Okukolanga emirimu emirungi
    c. Okuyiganga mu bukkakkamu **(2:11)**
    d. "Sikkiriza mukazi kuyigiriza oba okufuga omusajja" **(2:12)**:
        (1) Adamu ye yasooka okutondebwa, oluvannyuma Kaawa **(2:13)**
        (2) Kaawa ye yalimbibwa, si Adamu **(2:14)**
        (3) "naye anaalokokanga mu kuzaala, bwe banaanyiikiriranga mu kukkiriza n'okwagala n'obutukuvu awamu n'okwegendereza" **(2:15)**

<u>1 Tim 3:1-13—Ebisaanyizo by'Okubeera Omukulembeze mu Kanisa</u>

I. <u>Abalabirizi (abakadde; abasumba) (3:1-7)</u>

A. Oyo yenna ayagala obulabirizi ayagala mulimu mulungi (3:1)

B. Okubeera omulabirizi, omunt ateekwa okubera (3:2-7):

1. Obutabaako kya kunenyezebwa
2. "Omusajja ow'omukazi omu"
3. Atatamiira
4. Mwegendereza
5. Mukwata mpola
6. Ayaniriza abagenyi
7. Ng'asobola okuyigiriza
8. Si munywi wa mwenge
9. Atalwana
10. Muwombeefu
11. Wa mirembe
12. Teyeegomba nsimbi
13. Afuga obulungi ab'ennyumba ye
14. Si oyo eyaakakyuka
15. N'okutegezebwa okulungi eri ab'ebweru

Copyright © by Jonathan Menn 2007-2014. All rights reserved.

II. Abaweereza (3:8-13)

A. Abaweereza mu ngeri y'emu bateekwa kubeera (3:8-10, 12):

1. Abalimu ekitiibwa
2. Nga si ba nnimibbirye
3. Abatanywa mwenge
4. Abateegomba bintu
5. Abakuuma ekyama eky'okukkiriza mu mwoyo omulungi
6. Abamaze okugezesebwa
7. Abataliiko kya kunenyezebwa
8. "Abasajja ab'omukazi omu"
9. Abafuga obulungi abaana babwe n'abennyumba yaabwe

B. Abakulembeze abakazi (3:11)

Mu ngeri y'emu abakazi balina okubeera:

1. Ab'ekitiibwa
2. Abatawaayiriza
3. Abatatamiira
4. Abeesigwa mu byonna

C. Abo abamala okuweereza obulungi beefunira (3:13):

1. Obukulu obulungi; ne
2. Obugumu bungi mu kukkiriza

1 Tim 3:14-4:16—Okutya Katonda okw'Amazima n'Okutya Katonda okw'Obulimba

I. Okutya Katonda okw'Amazima (3:14-16)

A. Ekigendererwa eky'Okuwandiika: Enneeyisa mu kkanisa (3:14-15)

B. Ekikula n'Enyinyonnyola y'Ekkanisa (3:15)

1. Ennyumba ya Katonda.
2. Ekkanisa ya Katonda Omulamu.
3. Empagi n'Omusingi eby'Amazima.

C. Okwatula Obwakatonda obw'Amazima (3:16)

1. Kristo yalabisibwa mu mubiri
2. Kristo yaweebwa obutuukirivu mu mwoyo
3. Kristo yalabibwa bamalaika
4. Kristo yabuulirwa eri amawanga
5. Kristo yakkirizibwa mu nsi
6. Kristo yatwalibwa mu kitiibwa

II. Okuva ku Kukkiriza n'Okutya Katonda okw'Obulimba (4:1-7a)

A. Enyanjula: Omwoyo atubuulira lwatu obubaka buno **(4:1a)**

B. *Di* okuva ku kukkiriza lwe kulibeerawo: mu "nnaku ez'oluvannyuma" **(4:1a)**

C. *B'ani* abaligwa: abawulira emyoyo egikyamya **(4:1b)**

D. *Ensibuko* y'okuva ku kukkiriza: emyoyo egikyamya n'okuyigiriza kwa basetaani **(4:1b)**

E. *Ekkubo erigenda okukozesebwa* okuleetawo okuva ku kukkiriza: obunnanfuusi n'obulimba **(4:2a)**

F. *Ekirituuka* ku abo abatambulira mu kutya Katonda okw'obulimba: okwokebwa emyoyo gyabwe **(4:2b)**

G. *Eby'okulabirako* eby'okutya Katonda okw'obulimba (4:3a)

1. Okuwera okufumbiriganwa
2. Okuleka ebiriibwa

H. *Eky'okukolera* okuva ku kukkiriza n'okutya Katonda okw'obulimba

1. Manya Ekigambo kya Katonda: okugezesa enjigiriza n'Ekigambo **(4:3b-5)**
2. Yigiriza Ekigambo kya Katonda: yanika okutya Katonda okw'obulimba ng'okozesa Ekigambo **(4:6)**.

I. Mu bufunze: Tobeeranga mu kutya Katonda okw'obulimba **(4:7a)**

III. Okwemanyiiza Obulamu Obulimu Okutya Katonda okw'Amazima (4:7b-16)

A. Weemanyiize okutya Katonda okw'amazima (4:7b-10)

1. Okwemanyiiza kw'omubiri kulina omugaso gwakwo **(4:8a)**

Copyright © by Jonathan Menn 2007-2014. All rights reserved.

2. Okwemanyiiza okw'omwoyo kwa mugaso okusinga okwemanyiiza okw'omubiri **(4:7b-8b)**
    a. Okwemanyiiza okw'omwoyo kulina okusuubiza okw'obulamu obwa kaakano
    b. Okwemanyiiza okw'omwoyo kulina okusuubiza okw'obulamu obugenda okujja
    c. Obulamu obugenda okujja bwa mugaso okusinga byonna **(4:9-10)**
        (1) Kye tuva tutegana ne tufuba
        (2) Kye tuva tuteeka essuubi lyaffe mu Katonda omulamu
        (3) Ye mulokozi atuwa obulamu obutaggwaawo

B. Ebiragiro by'okwemanyiiza okw'omwoyo: ebiragiro kumi **(4:11-16)**

1. Lagiranga ebyo **(4:11)**
2. Yigirizanga ebyo **(4:11)**
3. Omuntu yenna takunyoomanga olw'obuvubuka bwo **(4:12a)**
4. Beeranga kyakulabirako eri abo abakkiriza mu:
    a. kwogeranga
    b. kutambulanga
    c. kwagalanga
    d. kukkirizanga
    e. bulongoofu **(4:12b)**
5. Nyiikiranga mu kusoma Ebyawandiikibwa, omuli:
    a. okubuuliriranga
    b. okuyigirizanga **(4:13)**
6. Tolekanga ekirabo ekiri mu ggwe **(4:14)**
7. Ebyo obirowoozenga **(4:15a)**
8. Obeerenga mu byo **(4:15b)**
9. Weekuumenga wekka n'okuyigiriza kwo **(4:16a)**
10. Nyiikiriranga mu ebyo, kubanga bw'okola bw'otyo olyerokola
    a. ggwe kennyini
    b. n'abo abakuwulira **(4:16b)**

1 Tim 5:1-6:21—Ebizibu Ebya Bulijjo n'Ensonga Abakulembeze b'Ekkanisa ze Basanga

I. Okunenya/Okubuulirira Abantu (5:1-2)

A. Tonenya na bukambwe

B. Yisa abantu ng'ab'ennyumba yo

1. Abakadde nga bataata
2. Abavubuka ng'ab'oluganda
3. Abakazi abakadde nga nnyoko
4. Abakazi abato nga bannyoko

C. Yisa abakazi "mu bulongoofu bwonna"

II. Okusisinkana Ebyetaago bya bannamwandu abasaanidde (5:3-16)

A. Bannamwandu ekkanisa beesaanidde okuwanga obuyambi (5:3, 5-7, 16)

1. Atalina nsibuko ndala ya buyambi
2. Asuubira Katonda
3. Atawoomerwa binyumu

B. Bannamwandu abasaanidde okuwandiikibwa" (5:9-10)

1. Abatakka wansi wa myaka 60 egy'obukulu
2. Baasiimibwanga mu bikolwa ebirungi
3. Baayanirizanga abagenyi
4. Baaweerezanga abalala

C. Bannamwandu abato basaanidde okuddamu okufumbirwa ne batayimirira ku buyambi bw'ekkanisa (5:11-15)

1. Ekkanisa terina kuyamba bannamwandu abato kubanga:

a. Bakabawala ne baagala okuddamu okufumbirwa **(5:11)**

b. Basuula okukkiriza kwabwe okw'olubereberye **(5:12)**

c. Bayinza okufuuka abagayaavu era abakozi b'ebibi, ng'abalala bwe baakola **(5:13, 15)**

2. Okuddamu okufumbirwa n'okuzaala abaana kujja kubayamba okubeera n'obulamu obutaliiko kyakunenyezebwa **(5:14)**

Copyright © by Jonathan Menn 2007-2014. All rights reserved.

D. Ab'omu nnyumba balina okuyamba bannamwandu abeetaaga okuyambibwa (5:4, 8, 16)

1. Abaana balina okuyamba abazadde ne bajjajja baabwe abeetaaga okuyambibwa **(5:4)**
2. Okulemwa okuyamba abazadde ne bajjajja abeetaaga okuyambibwa:
    a. Kye kimu n'okwegaana okukkiriza **(5:8)**
    b. Kuteeka obuzito ku kanisa **(5:16)**

III. Okukolagana n'Abakadde b'Ekkanisa (5:17-25)

A. Abakadde ababuulira enjiri n'abayigiriza balina okusasulwa ekkanisa (5:17-18)

B. Okuloopa omukadde olw'okweyisa obubi (5:19-20)

1. Ekiroope kiteekwa okujulirwa ("abajulizi 2 oba 3")
2. Abakadde abagenda mu maaso n'okwonoona balina okunenyezebwa mu maaso ga bonna

C. Byonna ebikwata ku bakadde birina okukolebwa awatali kusaliriza oba okwekuubiira (5:21)

D. Okussaako emikono ku bakadde (5:22, 24-25)

1. Toyanguyirizanga kussaako mikono ku muntu yenna **(5:22a)**
2. Mu kussaako emikono ku muntu ossa kimu n'ebibi bye—kale weekuumenga obeerenga mulongoofu **(5:22b, c)**
    a. Ebibi by'omuntu bijja kulabika mu lwatu **(5:24)**
    b. Mu ngeri y'emu, ebikolwa by'omuntu ebirungi bijja kulabika lwatu **(5:25)**

(E. Kino kya Timoseewo yekka: Onywanga ku mwenge ng'eddagala **[5:23])**

IV. Empisa z'Abaddu mu Kukozesebwa Kwabwe (6:1-2a)

A. Abaddu basaanidde okuwa bakama baabwe ekitiibwa: Awatali ekyo erinnya lya Katonda n'enjiri bivumibwa.

B. Abaddu abalina bakama baabwe nga bakkiriza beeyongere okubaweerezanga:

1. Baweerezenga bulungi *kubanga* bakkiriza.
2. Baweerezenga bulungi nga baagala.

V. Enjiri n'Obugagga mu bintu (6:2b-19)

A. Yigirizanga ennono ezo ozibuulirirenga (6:2b)

B. Abayigiriza ab'obulimba (6:3-5b)

1. Enjigiriza yaabwe **(6:3)**
    a. Si ntuufu
    b. Tekkiriziganya n'enjigiriza za Kristo
    c. Tekwatagana na kutya Katonda
2. Ekikula kyabwe **(6:4a, 5b)**
    a. Beekulumbaza
    b. Tebaliiko kye bategeera
    c. Baayonooneka amagezi
    d. Baggibwako amazima
3. Ebigendererwa byabwe **(6:4b)**
    a. Okukalambiza empaka
    b. Entalo ez'ebigambo
4. Ebivaamu **(6:4c-5a)**
    a. Obuggya
    b. Okuyomba
    c. Okuvuma
    d. Okuteerera obubi
    e. Okukaayana okutakoma
5. Ekiluubirirwa Kyabwe **(6:5c):** okutya Katonda kwe kufuna "amagoba" (kwe kugamba, ly'ekkubo ery'okufuna obugagga)

C. Enkolagana entuufu wakati w'okutya Katonda n'obugagga (6:6-10)

1. Okutya Katonda ge "magoba amangi" (kwe kugamba, kwe kufuna obulamu obutaggwaawo) **(6:6a)**
2. "Amagoba amangi" agali mu kutya Katonda kwetaagisa omuntu okumatiranga ebyo byalinawo **(6:6b-8)**
    a. Tetulina kye twaleeta mu nsi **(6:7)**
    b. Era tetulina kye tuyinza kuggyamu **(6:7)**

Copyright © by Jonathan Menn 2007-2014. All rights reserved.

c. N'olw'ekyo, bwe tubeera n'eby'okulya n'eby'okwambala, ebyo binaatumalanga **(6:8)**

D. Akatyabaga akali mu kwagala okugaggawala (6:9-10)

1. Okwagala okugaggawala kulimu omutego **(6:9)**
   a. Okwagala okugaggawala kuleeta okwegomba okw'obusirusiru era okwonoona
   b. Okwegomba okw'obusirusiru era okwonoona kutwala abantu eri okuzikirira
2. Okwagala ensimbi kye kikolo ky'ebibi ebya buli kika **(6:10)**
   a. Okwagala okugaggawala kuleetera abantu okuva ku kukkiriza
   b. Okwagala okugaggawala kuleeta ennaku nyingi

E. Ennyanukula entuufu eri ekikemo eky'okwagala okugaggawala n'okwagala ensimbi (6:11-14)

1. Ddukanga ebyo **(6:11a)**
2. Gobereranga obutuukirivu, okutya Katonda, okukkiriza, okwagala, okugumiikiriza, n'obuwombeefu **(6:11b)**
3. Beeranga omwesigwa (kwe kugamba, "lwananga olutalo olulungi olw'okukkiriza") **(6:12)**
   a. Obwesigwa bunyweza obulamu obutaggwaawo
   b. Wayitirwa obulamu obwo
   c. Wayatula okukkiriza kwo mu maaso g'abajulirwa bangi
4. Obwesigwa bulimu **(6:13-14):**
   a. Okukuumanga ekiragiro kya Kristo
   b. Obutaba na bbala oba kya kunenyezebwa
   c. Okugumiikiriza okutuusa Kristo lw'alilabika

(5. Okutendereza **[6:15-16]**)

F. Enkozesa entuufu ey'ebintu eby'obugagga (6:17-19)

1. Endowooza entuufu eri abo abalina ebintu eby'obugagga **(6:17a)**
   a. Teweegulumizanga
   b. Teweesiga bugagga obutali bwa lubeerera
   c. Weesige Katonda
2. Ensibuko y'obugagga: Katonda **(6:17b)**
3. Ebigendererwa bya Katonda mu kuwa abantu obugagga **(6:17c-18)**
   a. Okwesanyusaamu
   b. Okukolanga obulungi
   c. Okubeeranga abagagga mu bikolwa ebirungi
   d. Okugabanga mu bungi
   e. Okugabananga n'abalala
4. Ebiva mu kukozesa obugagga olw'okukola obulungi **(6:19)**
   a. Abagabi bafuna eky'okuyimako ekirungi olw'ebiro ebigenda okujja
   b. Banyweza obulamu obwa ddala (obutaggwaawo)

VI. Okuwunzika (6:20-21)

A. Kuumanga kye wateresebwa (6:20a)

1. Weewalenga ebigambo ebitaliimu n'okuwakananga **(6:20b)**
2. Okwegamba okubeera "n'okumanya" okw'obulimba kukyamya abantu mu kukkiriza **(6:21a)**

B. "Ekisa kibeerenga nammwe" (6:21b)

1 TIMOSEEWO: ENYINYONNYOLA

1 Tim 1:1-2:15—Enjigiriza ey'Obulimba n'Obwesigwa bw'Enjiri

1:1-2: ***[1]Pawulo, omutume wa Kristo Yesu ng'okulagira kwa Katonda Omulokozi waffe bwe kuli n'okwa Kristo Yesu essuubi lyaffe, [2]Eri Timoseewo omwana wange ddala olw'okukkiriza: ekisa, okusaasira n'emirembe ebiva eri Kitaffe ne Kristo Yesu Mukama waffe.***

Pawulo, omutume wa Kristo Yesu: 1. "Omutume" kyogera ku muntu aweereddwa omulimu n'atumwa n'obuyinza olw'ekigendererwa. Kye kigambo ekiva mu Luyonaani *apostellō* ("okutuma"). Amakulu gennyini ag'ekigambo "omutume" gatwaliramu ekigambo "omubaka."

2. Yesu okutandika ekkanisa ku musingi ogw'abayigirizwa/abatume 12 kyalaga nti yali atandika Isiraeri empya, ey'omwoyo. Yesu okulonda abayigirizwa 12/abatume 12 (**Mat 10:1-2; Mak 3:13-19; Luk 6:12-26**) ke

Copyright © by Jonathan Menn 2007-2014. All rights reserved.

kabonero ak'ebika 12 ebya Isiraeri. Mazima, ku miryango ekkumi n'ebiri egya Isiraeri empya kuwandiikiddwa *"amannya ekkumi n'abiri ag'ebika by'abaana ba Isiraeri"* (**Kub 21:12**), ne ku mayinja ekkumi n'abiri ag'omusingi ogwa Isiraeri Empya kuwandiikiddwa *"amannya ekkumi n'abiri ag'abatume ab'Omwana gw'Endiga"* (**Kub 21:14**). Abatume bennyini baamanya kiki "12" kye kyategeeza. Mu **Bik 1:12-26** baawunzika nti kyali kyetaagisa okujjuza ekifo kya Yuda Isukalyoti eyali omutume. Newakubadde Pawulo yali mutume (**Bar 1:1; 1 Kol 1:1; 9:1**), Endagaano Empya (ne Pawulo yennyini) eraba enjawulo wakati w'obutume bwa Pawulo ne "Ekkumi n'ababiri" (laba **Bik 6:2; 1 Kol 15:5, 8**). Kino kiyinza okukwatagana n'amazima nti obuweereza bwa Pawulo okusooka bwali eri ab'Amawanga (**Bik 9:15; 13:46; 18:6; Bar 11:13; Bag 1:16; 2:7**), ate nga Peetero, omukulembeze alabikirawo era omwogezi w'Ekkumi n'Ababiri, okusinga yali mutume eri Abayudaaya (laba **Bag 2:7-8**).

3. <u>Endagaano Empya yeetegereza ebika bibiri ebikulu eby'abatume: (A) abatume *abaakola omusingi*; ne (B) abatume *abatumiddwa ekkanisa*.</u> Abatume "abaakola omusingi" be batume abaatambulanga ne Yesu, abajulirwa eri amazuukira, abaayitibwa Yesu okubeera abatume era abajulirwa (laba **Mat 10:1-5; Mak 6:7, 30; Luk 6:13; Yok 15:27; Bik 1:21-22**). Baakakasanga ekifo kyabwe ng'abatume nga bayita mu kukola obubonero (laba **Mat 10:1-8; Mak 6:7; Bik 2:43; 2 Kol 12:12**). Abatume ab'omusingi be baali abakulembeze b'ekkanisa eyasooka era "omusingi" ogw'ekkanisa ku bwayo (**Bef 2:19-20**). Mu ngeri eyo, abo abalina obuyinza obw'abatume ab'omusingi tebabaddeewo okuva bali abaasooka lwe baafa (omusingi gumu gwokka ogw'ekizimbe gwe guyinza okuteekebwa). Abatume "abatumiddwa ekkanisa" be basajja n'abakazi abo abaweereddwa omulimu ekkanisa okugenda okubuulira enjiri, okutandika amakanisa amaggya, n'okuzimba ekkanisa (laba **Bik 13:1-3; 14:14; Bar 16:7; 1 Bak 9:5-6; 12:28; 1 Bas 1:1; 2:6**). Ebika byombi eby'abatume bigatiddwa wamu mu musajja nga Pawulo (laba **Bik 9:1-16; 13:1-3; 1 Kol 9:1; 15:6-10; Bag 1:11-17; 1 Tim 2:7**) Abatume bangi amaanyi gaabwe bagaggya mu kkanisa omwo mwe bava. Kkanisa Kristo mwene mwatuula (**1 Kol 12:27; Eph 1:22-23; 4:15-16; Col 1:18**). Kkanisa yeekaalu ya mwoyo mutuukirivu (**1 Kol 3:16-17**). Yesu ye yeerondera ekkanisa nagiwa obuyinza. (**Matt 16:18-19**). Kyova olaba nga Kristo mu kkanisa mwayita okukola emirimogye era tosobola kubaawula. Kkanisa bweba etuma abatume baayo teba na kutya kwonna kuba ekakasa nti basobolera ddala emirimo ka gibe gya kkanisa oba gya nsi.

4. <u>Ekkanisa yeetaaga okugezesa abantu abeeyita abatume okumanya oba batume ddala oba ba bulimba (**1 Yok 4:1-6;** laba ne **2 Bak 11:3-4, 13; Kub 3:2**).</u> Abantu bangi baagala okwelonda okubeera "abatume." Ekyo kikontana n'enkola ey'Endagaano Empya (abatume ab'Endagaano Empya tebeelondanga bokka). Bangi ku "batume" abo abeelonda bokka bagamba nti bakola eby'amagero. Naye ate, n'okukola eby'amagero *tekutegeerezaawo* nti omuntu yayitibwa Katonda (**Mat 7:15-23; 2 Tim 3:1-9** [laba **Kuv 7:10-12, 20-22; 8:6-7, 16-19**]). Mu Afirika, "okujja kwa banabbi n'abatume ab'Afirika kwasobozesa okulangirira kw'omwenkanonkano gw'abaddugavu n'abeeru mu kukkiriza ne mu buweereza (Bag 3:28; Bak 3:11). Kwateekawo n'ennono ey'okwawula okukkiriza okw'Ekikristaayo ku by'obufuzi." (Ouedraogo 2006: 1434) Wabula, eky'omukisa omubi, "banabbi n'abatume bangi ab'Afirika tebatwala Baibuli ng'omusingi ogw'okukkiriza kwabwe n'enneeyisa yaabwe. . . . Batwala [ebyo bye bagamba nti kubikkulirwa kutereevu okuva eri Katonda] ng'ebyongerwako ku Baibuli. Naye ate, Baibuli etulabula ku nyongeza yonna ku Kigambo, k'ebere nga ntono kwenkana wa (Kub 22:18-19). . . . Banabbi n'abatume bangi ab'Afirika nabo beetaba mu ddiini ey'ekikula ky'omuntu. . . Abamu beeyita n'abaasikira Kristo oba Kristo omulala. Okwepaatiika ng'okwo kubafuula abantu abasinzibwa. Eky'ennaku, bangi ku bo kumpi bafuna obusobozi bwonna obw'okufuga ebirowoozo by'abagoberezi baabwe. Endagaano Empya etulabula eri abantu ab'ekika ekyo (Mat 24:11; Yud 4-16)." (Ibid.) "Abatume" ab'omulembe guno beetaaga okumanyibwa enjigiriza yaabwe (laba **Bik 17:11; 1 Tim 6:3-5**) n'obulamu bwabwe (laba **Mat 20:25-28; Mak 10:42-45; Luk 22:24-27; Yok 13:12-17; Bik 18:3; 1 Kol 9:11-18; 2 Kol 11:7; 12:13**).

5. <u>Pawulo awandiika mu kiti kye, ne mu buyinza bwe obujjuvu nga, omutume owa Kristo Yesu.</u> Timoseewo yali akimanyi nti Pawulo yali mutume, naye Pawulo ayogera ku mazima ago okukkaatiriza ekiti kyawandiikiramu, n'okukkaatiriza obuyinza obw'ekyo kyagamba. Ekyo kileetera ebigambo bye n'okuyigiriza kwe okubeera enjigiriza ya Yesu Kristo yennyini (laba **1 Tim 6:3**). Kubanga ebbaluwa eno yasomwanga mu makanisa (era ekyasomwa n'olwaleero), twetaaga okujjukira nti Pawulo akyayogera naffe ng'omutume wa Kristo.

Kristo Yesu, essuubi lyaffe: Pawulo yagamba mu **1 Kol 15:19**, *"Oba nga mu bulamu buno bwokka mwe tubeeredde n' essuubi mu Kristo, tuli ba kusaasirwa okusinga abantu bonna."* Pawulo akiraba nti ensi eno n'obulamu buno si bye byokka ebiriwo. Waliwo obulamu obutaggwaawo: walibaawo ensi empya, n'obulamu obutaggwaawo (obutandikirawo na kati) eri abo abasembezza Yesu Kristo nga Mukama waabwe era Omulokozi waabwe. Okuzuukira kwa Yesu gwe *"mwaka omubereberye"* n'obukakafu nti abo aba Kristo balizuukizibwa era baliba n'obulamu obutaggwaawo mu nsi empya (**1 Kol 15:20-23**).

Copyright © by Jonathan Menn 2007-2014. All rights reserved.

Timoseewo, omwana wange ddala ow'okukkiriza: 1. Pawulo yasooka okusisinkana Timoseewo mu kibuga kya Lusitula, ku ntandikwa y'olugendo lwe olw'okubiri (**Bik 16:1-2**). Ekyo kyaliwo amangu ddala ng'olukiiko lw'e Yerusaalemi luwedde. Olukiiko lwali lw'akatuula kumpi mu mwaka gwa 49 oluvannyuma lw'okuzaalibwa kwa Yesu. N'olw'ekyo, Pawulo yasisinkana Timoseewo kumpi mu mwaka gwa 50 oluvannyuma lw'okuzaalibwa kwa Yesu. Ebbaluwa ya Timoseewo esooka erabika okuba nti yawandiikibwa mu 62-63 oluvannyuma lw'okuzaalibwa kwa Yesu.

2. Timoseewo yali mukkiriza bwe yasisinkana Pawulo (**Bik 16:1-2; 2 Tim 1:1-5; 3:14-15**). Pawulo yatwala Timoseewo n'agenda naye. Oluvannyuma, Timoseewo yatambulanga era n'akolanga ne Pawulo okuyita mu Buyonaani, ettwale lya Ruumi erya Asia (Buturuuki obwa leero), ne Ruumi yennyini (laba **Bik 16:3-12; 17:10-15; 19:21-22; 20:4; Baf 1:1; 2:19; Bak 1:1; Fir 1:1; 1 Bas 3:1-2; 2 Tim 4:13**). Timoseewo alabika okuba omubeezi wa Pawulo ow'okulusegere. Yakolanga ne Pawulo okutuusa mu biseera by'okufa kwa Pawulo nga mu mwaka gwa 66 oluvanyuma lw'okufa kwa Yesu (laba **2 Tim 4:13**). Kale, Timoseewo ayogerwako emirundi mingi okusinga abantu abalala Pawulo be yakolanga nabo.

Ekisa, okusaasira, n'emirembe okuva eri Katonda ne Kristo Yesu Mukama waffe: 1. Pawulo atera kutandika ebbaluwa ze n'okulamusa "ekisa n'okusaasira." Mu 1 Timoseewo ne 2 Timoseewo mwokka mwayongera ekigambo "okusaasira" ku kulamusa kwe. "Ekisa" kitegeeza "okuganja okutasaanidde" (kwe kugamba, okuweebwa ekirabo ekirungi ky'otokoleredde era ky'otosaanidde kuweebwa). "Okusaasira" kutera okutwaliramu ekirowoozo ky'okubeera n'okusaasira ku bantu abalina omukisa omubi n'abali mu bwetaavu. Omunyonnyozi omu yalaba enjawulo wakati wa "okusaasira" ne "ekisa" mu ngeri eno: "[Okusaasira] bulijjo kukwata ku ekyo kye tulaba ekikwatagana n'obulumi, ennaku, n'obunyiikaavu, ebyo ebiva mu kibi, so nga [ekisa] kikwata ku kibi n'omusango gwakyo. Ekimu kireeta okukendeezaamu ku bulumi, ekirala kireeta kisonyiwo; ekimu kiwonya, kiyamba, ekirala kinaaza ne kizzaawo." (Knight 1992: 66) Kubanga wano okusaasira kukozesebwa wamu n'ekisa, oyinza okutunuulira okusaasira nga *obutaweebwa* empeera embi (kwe kugamba, obusungu bwa Katonda, okufa okw'emirembe n'emirembe, ne geyeena) by'ogwanidde okufuna. Ekikulu ennyo kye twetaga kwe kuba mu mirembe ne bannaffe era ne katonda waffe. Emirembe gino Yesu yekka yagigaba era ye gyatuwa gye gituwa okutegeera*."* (**Phil 4:6-7**) kubangaemirembe Kristo gyagaba ssi gye gimu na gino egyo ku nsi (**John 14:27**). Ekyo kiri kityo kubanga ye yeetaba wamu naffe, natukyusa okuva munda era natuwa omwoyo omutukuvu (**John 14:16-17, 26**), tulyoke tumufaanane (**Rom 8:29**). Kyava atuwa obuvumu okwanganga ebizibu byonna, bibe bya munda oba bye bweru, nga tulina eddembe kubanga tukimanyi nti kitaffe yatusembeza ngayita mu Kristo era bwe tuba mu ye tuba bagumu (**Rom 8:28-39**).

2. Enkozesa ya "ekisa, okusaasira, n'emirembe" wano eraga mu bufunze embeera embi ennyo omuntu gy'alimu n'eddagala Katonda lye yanogera okubonaabona kwe. Baibuli elaba abantu bonna ng'abaali omuntu omu mu Adamu ("mu Adamu"), nga Adamu akola ng'omutwe gwaffe oba omuntu atukiikirira (laba **Bar 5:12-19; 1 Kol 15:21-22;** cf., **Beb 7:9-10**). Ekizibu ky'omuntu kiri nti, ng'empeera y'ekibi kya Adamu, ekika kyonna eky'omuntu kiteekebwako omusango n'obwonoonefu bw'empisa mu "mateeka" (**Zab 51:5; Yer 17:9; Bar 3:9; 7:14-25**), ekitwala eri ekibi eky'omuntu sekinn'omu (**Bar 3:10-18, 23**), okuva awo ne kitwala eri ekibi ky'omuntu sekinn'omu mu nsi yonna. Engeri ezzadde lya Adamu lyonna gye lyasangibwamu n'omusango n'obwonoonefu bwalyo ng'ekintu ekivudde mu kibi kya Adamu nsonga ya kukubaganyako ebirowoozo. Naye ekiva mu bantu abalala bonna kiri nti ku lwaffe, awatali Kristo, tuli *"bafu mu byonoono n'ebibi byaffe"* (**Bef 2:1**). Ekyo kitegeeza nti waliwo okugwa oba okwonooneka okw'amaanyi okwa buli muntu (ekiyitibwa amaanyi ag'ekibi ekiri mu ffe [laba **Bar 7:14-23**]) ekikwata buli kintu ekitwetoolodde, omuli okulowooza kwaffe, ensonga zaffe, enjogera yaffe, ebikolwa byaffe, engeri gye tuwuliramu, n'engeri gye tukolaganamu n'abalala awamu ne Katonda. Ekiva mu kwonooneka okwo kiri nti, awatali Kristo kuyingirawo, abantu bonna: tebaagala era tebayinza kujja eri Kristo ne bamukkiriza (**Yok 6:44, 65; Bef 2:8-9**); obutayagala n'obutasobola na kulaba ku bwakabaka bwe (**Yok 3:3, 5**); obutayagala n'obutasobola kugondera mateeka ga Katonda n'okumugondera (**Bar 8:6- 8**); obutayagala n'obutasobola kutegeera amazima ag'omwoyo agakwata ku Katonda (**1 Kol 2:14**); obutayagala n'obutasobola kusanyusa Katonda (**Beb 11:6**); bali wansi w'obusibe bw'ekibi, ensi, omubiri, ne Setaani (**Bar 6:17; Bef 2:1-3**); Baggibwako obulamu obw'omwoyo obw'amazima (**Bef 2:1; Bak 2:13**); era bali wansi w'obusungu bwa Katonda n'okusalirwa omusango (**Bar 6:16-17; Bef 2:1-3**). N'olw'ekyo, abantu tebalina mirembe mu bo bennyini (bamanyi kiki kye basaanidde okukola naye, olw'amaany g'ekibi ekiri munda mu bo, tebakikola). Ekivaamu kiri nti tewali mirembe wakati w'abantu ab'enjawulo (amaka, ebika, n'amawanga), era tewali mirembe wakati w'abantu ne Katonda.

3. Okugezaako kw'omuntu okufunira ekizibu ekyo eddagala kwe kuyita mu ddiini ezeesigamizibwa ku mirimu. Newakubadde waliwo eddiini nyingi mu nsi (Obuisiraamu, Obuhindu, Obubudda, Eddiini ey'obuwangwa obwa Afirika, n'endala) mu mutima gwazo eddiini ng'ezo zonna zirina omusingi gwe gumu: omuntu ateekwa okukola ekintu (katugambe, okukola ebirungi ebimala, okutoola ssaddaaka, okugaana ebintu

Copyright © by Jonathan Menn 2007-2014. All rights reserved.

ebimu, okusaba emirundi etaano buli lunaku) okusobola okugezaako "okujjuza akabanga" akali wakati wa Katonda omutukuvu n'omuntu omwonoonyi n'alyoka akkirizibwa Katonda n'aweebwa obulamu, eggulu oba olusuku lwa Katonda. Eddiini ng'ezo zonna zoolekedde okulemererwa, kubanga tezirina kutegeera kutuufu okw'embeera y'omuntu. Ekizibu ky'omuntu kiri *munda mu ffe—waliwo ekintu ekikyamu ddala ku "mutima" gwaffe—era TETUSOBOLA kukyusa mutima gwaffe ku bwaffe.* Tewali bikolwa "eby'ebweru" (katugambe, ebikolwa ebirungi, ssaddaaka, okugaana ebintu ebimu, okusaba) ebiyinza okukyusa embeera yaffe ey'omunda ey'ekibi (laba **Bak 2:20-23**). Baibuli yokka y'eyinza okutegeera obulungi ekyo, naye nga ku lwaffe, *"tetulina ssuubi era [tetulina] Katonda mu nsi"* (**Bef 2:12**).

4. <u>Obukristaayo tebufaanana eddiini endala yonna eri mu nsi.</u> Obukristaayo bwokka bwe bumanyi nti omuntu ku lulwe tayinza kukola olutindo wakati we ne Katonda. Katonda yekka y'ayinza okukola ekyo ffe kye tutayinza kukola—*okutuwa omutima omuggya.* Yakola ekyo okuyita mu muntu Yesu. Kristo yali wa njawulo nnyo mu byafaayo by'ensi: Katonda yafuuka omuntu mu Yesu Kristo; Kristo yali Katonda era mu kaseera ke kamu yali muntu. Ye yekka teyalina kibi. N'olw'ekyo, ye yekka ye yalina obusobozi okubeera ssaddaaka etuukiridde olw'ebibi byaffe. Kristo yeewaayo ku lwaffe nga tukyali *boonoonyi* (**Bar 5:8-10**). Ku musalaba yeetikka ebibi byaffe, omusango gwaffe, n'ekibonerezo kye tugwanidde okuweebwa. Ate ku ludda olulala, obuwulize bwe n'obutuukirivu bwe byatuteekebwako olw'okukkiriza kwaffe mu ye. Kwe kugamba, atwala ebintu ebibi byonna ebiri mu ffe, n'atusiima olw'ebirungi byonna ebiri mu ye. Yesu ye yali "Adamu ow'okubiri": nga Adamu eyasooka bwe yateeka ekibi ku muntu, ne Kristo ateeka ekisonyiwo n'obulamu ku bonna abali "mu Kristo" (**Bar 3:21-26; 5:6-21; Bak 2:13-14**). Okuzuukira kwa Kristo kulaga nti Kitaawe yakkiriza ssaddaaka ya Kristo ku lwaffe (**Yok 1:29, 36; 1 Kol 15:20-23, 42-49, 56-57; Beb 9:11-10:18; Kub 5:6-8**). N'olw'ekyo, Obukristaayo, okwawukana n'eddiini endala yonna mu nsi, tebukwata ku ekyo kye tukolera Katonda, oba kye tukola okugezaako okutuuka eri Katonda, naye bukwata ku ekyo Katonda kyatukoledde okuyita mu Kristo. Tuyinza okulokolebwa olw'ekirabo eky'ekisa kya Katonda ekyatuweebwa okuyita mu kukkiriza Kristo kyokka (**Bef 1:3-14; 2:8-9**). Katonda n'alyoka atwala "omutima gwaffe ogw'ejjinja" n'atuwa "omutima omuggya ogw'ennyama" (**Ezek 36:26; 2 Kol 3:2-3; 5:17**). Atuwa Omwoyo Omutukuvu ajja okubeera mu ffe (**Yok 14:16-17; Bar 8:14-15; 1 Kol 3:16; 6:19; 2 Kol 6:16**), n'atusobozea okubeera n'obulamu obuggya obutambulira mu kwagala kwe (**Ezek 36:27; Bef 2:10**). Okuyita mu kisa kya Kristo n'okusaasira kwe tulina emirembe ne Katonda, n'abantu abalala, n'emirembe mu ffe fennyini (laba **Yok 14:26-27; 16:33; Bef 2:14; Baf 4:7; Bak 3:15**).

<u>1:3-4:</u> ***[3]Nga bwe nnakubuulirira okubeera mu Efeso, bwe nnali nga ng'enda e Makedoni, olagirenga abamu obutayigirizanga bulala, [4]newakubadde okulowoozanga enfumo n'ebigambo by'obuzaale ebitakoma, ebireeta empaka okusinga obuwanika bwa Katonda obuli mu kukkiriza; bwe nkola bwe ntyo ne kaakano.***

Beera mu Efeso: Efeso kye kyali ekibuga ekinene era eky'omugaso ennyo okusinga ebirala mu ttwale lya Ruumi mu Asia. Kisangibwa ku lubalama lw'ebuvanjuba ey'Obuturuuki obwa leero. Mu kibuga kino mwe mwali ekimu ku "byewuunyo omusanvu eby'ensi ey'edda," yeekaalu ya katonda omukazi Atemi (oba "Diana," ng'Abaruumi bwe baamuyitanga), ne teyatero eyalimu entebe ezaatuuzanga abantu 25,000 (laba **Bik 19:28-29**). Ekkanisa ey'omu Efeso ye yali esinga okuba ey'omugaso mu Asia mu kiseera ekyo. Pawulo bwe yasooka okugenda mu Efeso, yasisinkanayo abayigirizwa (**Bik 19:1-7**). Yabeerayo emyaka ebiri nga waasinziira okugenda okubunya enjiri mu ssaza lya Asia (**Bik 19:8-10**). Bwe yakomawo mu Efeso ate n'avaayo omulundi ogwasembayo, yagenda n'okwagala n'okuganjibwa kw'ekkanisa eyaliyo (**Bik 20:16-38**). Pawulo yawandiika ebbaluwa eya 1 Abakkolinso okuva Efeso (**1 Kol 16:8**). Yokaana yateeka mu buwandiike ebigambo bya Yesu eri ekkanisa ya Efeso mu **Kub 2:1-7**. Olw'omugaso gwayo, Pawulo yabuulirira Timoseewo okusigalayo okusobola okulwanyisa enjigiriza ey'obulimba eyali egenda mu maaso mu kanisa ya Efeso.

Enjigiriza endala, enfumo, n'ebigambo by'obuzaale: 1. <u>Ekigambo ekivuunulwa *"enjigiriza endala"* kiddamu okukozesebwa mu **1 Tim 6:3** (nga kikozesebwa nga *"enjigiriza ey'enjawulo"*).</u> Mu mwaliro gwe kikozesebwamu, kitegeeza "okuyigiriza enjigiriza ey'enjawulo okuva ku njiri ya Pawulo." Newakubadde enjigiriza enkyamu Pawulo gyayogerako temanyiddwa bulungi, erabika okukwata ku: kunyumirwa enfumo n'ebigambo eby'obuzaale [kwe kugamba, obulombolombo obukwata ku nsibuko z'abantu] (**1 Tim 1:4, 4:7; 2 Tim 4:4; Tito 1:14, 3:9**); okufa ku mateeka g'Ekiyudaaya (**1 Tim 1:7; Tito 1:10, 14, 3:9**); okwagala okwogera ebitaliimu, empaka n'entalo (**1 Tim 1:4, 6; 6:4; 2 Tim 2:14, 16, 23; Tito 1:10; 3:9**); okulimba (**1 Tim 4:1-3; 2 Tim 3:6-13; Tito 1:10-13**); obutali butuukirivu (**1 Tim 1:19-20; 2 Tim 2:16, 19** ne **2 Tim 3; Tito 1:15-16**); obutuukirivu obw'obulimba obugaana abantu okufumbiriganwa oba okulya ennyama (**1 Tim 4:1-5**); n'okwegomba okufuna amagoba ag'ebintu nga bayita mu kuyigiriza (**1 Tim 6:5; 2 Tim 3:2, 4; Tito 1:11**). Enjigiriza ey'obulimba eyinza n'okuba nga yalimu enjigiriza nti okuzuukira kwali kumaze okukolebwa (**2 Tim**

Copyright © by Jonathan Menn 2007-2014. All rights reserved.

2:18). Nga omunyonnyozi omu bwe yakiteeka, enjigiriza ey'obulimba "yatabulamu ebitundu by'Obuyudaaya obwabula, enzikiriza eziva mu butamanya, mpozzi n'eddogo." (Mounce, 2000: lxxv).

2. Ensonga ya *"eby'obuzaale ebitakoma"* naddala nkulu. Kiba kirungi okumanya ennyumba, ekika, eggwanga, n'ensi gye tuvaamu. Ffenna tuzuula enfaanana yaffe mu bintu ng'ebyo. Wabula, okuzuula enfaanana yaffe mu bintu ng'ebyo si kintu kya Bukristaayo, kibi, era kiyinza okututwala mu njawukana ez'amaanyi n'ebibi (katugambe, ekittabantu ekyatta Abayudaaya abangi mu Sematalo ow'Okubiri n'ekyali mu Rwanda mu 1994). Obusosoze mu mawanga, mu bika, oba mu nda tebulina kifo mu mutima gw'omuntu ayatula erinnya lya Kristo. Abakristaayo ab'amawanga gonna, ab'ebika byonna, n'ab'enda zonna, bateekwa okusooka okwerowoozaako ng'*Abakristaayo*, balyoke balowooze ku mawanga gaabwe, ebika byabwe, enda zabwe, ebibiina byabwe eby'obufuzi, n'ebirala. Kituufu nti "omusaayi guba mukwafu okusinga amazzi." Naye, eri Abakristaayo, omusaayi gwa *Kristo* guteekwa okulabibwa ng'omusaayi ogwa wamu ogutugatta awamu, so si omusaayi ogw'ekika, ogw'enda, oba ogw'eggwanga. Amazima gali nti, tewali ggwanga, kika, nda, nnyumba, oba ekibiina kyonna ekirina "omusaayi gwakyo"—abantu bonna balina omusaayi gwa langi emu era ogw'omuntu omu guyinza okukyusibwa ne guweebwa omulala. "Enjigiriza" yonna eyimiridde ku musingi ogw'ekibiina kimu eky'abantu (katugambe nga eggwanga, ekika, oba olulyo) teva mu Baibuli kubanga enjiri ya *buwangwa bwonna* obw'oku nsi era ewakanya obusosoze mu mawanga (eky'okulabirako, **Bag 3:28; Bef 2:14-16; Bak 3:11; Kub 5:9; 7:9**). "Okusaba okw'obwakabona obukulu" okwa Kristo nga tanakomererwa kwali, *"babeerenga bumu, nga Ggwe Kitange, bw'oli mu nze, nange mu Ggwe, era nabo babeerenga mu ffe; ensi ekkirize nga Ggwe wantuma"* (**Yok 17:21**). Waliwo omubiri gumu gwokka ogwa Kristo, newakubadde omubiri ogwo gulina ebitundu bingi byonna ebikolera awamu mu bumu (**1 Kol 12:12-26**). Enjigiriza yonna esinziira ku buwangwa, ekika, ekibiina ky'obufuzi, oba ekirala kyonna ewakanya omubiri gwa Kristo. Kristo yalabula, *"Buli bwakabaka bwe bwawukana bwokka na bwokka buzika; na buli kibuga oba nnyumba bw'eyawukana yokka na yokka terirwawo"* (**Mat 12:25**). Mu bufunze, Abakristaayo bateekwa okulaba nti obulamu bwabwe n'engeri gye bakolaganamu n'abantu ab'enjawulo butambula okusinziira ku njigiriza yabwe—era nti enjigiriza eyo etwala bonna kyenkanyi; tesengejjebwa n'akasengejja ak'ekika, eggwanga, ekibiina, oba langi.

1:5: ***Naye enkomerero y'ekiragiro kwe kwagala okuva mu mutima omulongoofu n'omwoyo omulungi n'okukkiriza okutalina bukuusa.***

Naye enkomerero: 1. Ekigambo ky'Oluyonaani "naye" (Oluyonaani = *de*) kigambo kya *kugeraageranya*. Pawulo ageraageranya enjigiriza *ey'obulimba* (**1:3-4**), omuntu gy'atateekwa kuwuliriza, n'ekiluubirirwa ky'enjigiriza entuufu, eteekwa okuteekebwako omwoyo. Omulamwa ogwo ogw'okugeraageranya enjigiriza ey'obulimba n'entuufu gusangibwa mu kitabo kyonna.

2. Ebigambo ebiyunga katugambe nga "naye" bya mugaso. Bituyamba okulaba entambula y'ebirowoozo by'omuwandiisi. Bituyamba obutalowooza nti buli lunyiriri "luyimiridde lwokka" ng'ekirowoozo ekiramba. "Ebirowoozo ebiramba" mu Baibuli biragibwa ebitundu ebizimba essuula, so si nyiriri. Ekirala, "amakulu ga buli lunyiriri gasinziira ku kitundu olunyiriri olwo mwe luli, so si ku bigambo ebyo nga bwe biyimiridde byokka" (Koukl 2001: n.p.). Ensonga eri nti "omulamwa gw'ekitundu ekyo, oba omwaliro, gwe guwa olunyiriri ekifaananyi era gwe guluwa amakulu agagendereddwa. . . . Ekyo kikola olw'etteeka ekkulu ery'empuliziganya: Amakulu bulijjo gakulukuta okuva waggulu okudda wansi, okuva ku bitundu ebigazi okudda ku bitundu ebitono, so si kuva ku bitundu ebitono okudda ku bitundu ebinene." (Ibid.). "Ebitundu ebikola essuula bizimbibwa okusinziira ku mulamwa omukulu. Newakubadde omulamwa ogwo gukolebwa bitundu bya njawulo, ebyo byeyunga wamu nebikwatagana nagwo" (Wolvaardt 2005: 99). Ebigambo byetaaga okutegeerwa mu mwaliro gw'enyiriri mwe biri; n'enyiriri zeetaaga okunyonnyolwa okusinziira ku kitundu mwe ziri; n'ebitundu ebikola essuula byetaaga okunyonnyolwa okusinziira ku birala ebikiriraanye; ebyo byonna byetaaga okutegeerwa okusinziira ku mulamwa oba emiramwa gy'essuula, ebitundu, n'ekitabo mwe biri. Olw'omugaso gw'ekyo, Koukl agamba bw'ati: "etteeka ekkulu" liri, "*Tosoma lunyiriri lwa Baibuli.* Soma, wakiri ekimu ku bitundu ebizimba essuula. Bulijjo weetegereze omwaliro. Weetegereze entambula y'ekirowoozo. Olyoke weekalirize olunyiriri. . . . Ly'essomo erisinga okuba ery'omugaso lye nali njize . . . era ekintu ekimu ekisinga okuba eky'omugaso kye nyinza okukuyigiriza." (Koukl 2001: n.p.)

Ekiluubirirwa ky'okuyigiriza kwaffe kwagala: 1. Bw'oba tomanyi ekiluubirirwa kyo kiki kye kiri, togenda kukifuna. Bw'oba olina ekintu ky'oyagala okuteeba, naye nga tokimanyi, togenda kukiteeba. Bw'oba olina gy'olaga, naye nga tomanyi gy'olaga, togenda kutuukayo. Mu lunyiriri luno Pawulo atuwadde ekiluubirirwa ky'enjigiriza entuufu. Ekiluubirirwa ekyo KWAGALA.

2. Obukristaayo nga bwe butafaanana eddiini endala yonna mu nsi mu kunoonyereza kwabwo okw'ekizibu ekikulu eky'omuntu n'eky'okukolera ekizibu ekyo, mu ngeri y'emu tebufaanana eddiini endala

Copyright © by Jonathan Menn 2007-2014. All rights reserved.

yonna mu kiluubirirwa kyabwo. Ekiluubirirwa ky'Obuisiraamu n'omutindo gwabwo ye *jihad*. Eddiini ez'ebuvanjuba (Obuhindu n'Obubudda) zirina ekiluubirirwa kyazo "okuwangula ensi," okuyita mu buteetaba mu bintu by'ensi. Endowooza y'ab'Ebugwanjuba ey'okubeera n'ebintu ebingi erina ekigendererwa kyayo n'omutindo gwayo nga gye "emirembe gy'omuntu n'obungi bw'ebintu." Obukristaayo bwokka bwe bulina okwagala kw'abantu abalala ng'ekisookerwako.

3. Okwagala kuli mu *nkulungo* y'Obukristaayo. Okwagala kwenkana wa omugaso? Yesu yagamba nti Endagaano Enkadde yonna eyimiridde ku biragiro bino ebibiri: *"Yagalanga Mukama Katonda wo n'omutima gwo gwonna, n'obulamu bwo bwonna, n'amagezi go gonna."* ne *"Yagalanga muliranwa wo nga bwe weeyagala wekka"* (**Mat 22:36-40**). Okwagala kwenkana wa omugaso? Ekiro nga tannaba kufa, Kristo yabuulira abayigirizwa be, *"Etteeka eriggya mbawa nti Mwagalanenga; nga bwe nnabaagalanga mmwe, era nammwe mwagalanenga. Bonna kwe banaategeereranga nga muli bayigirizwa bange, bwe munaabanga n'okwagalana mwekka na mwekka"* (**Yok 13:34-35**). *Amazima* Kristo yayagalanga abantu: teyagamba bugambi nti abaagala, naye yalaga abantu nti abaagala mu kuliisa abayala, okuwonya abalwadde, okugumya abanakuwavu, n'okukola omukwano n'abaali bayisibwamu amaaso. Kristo yayagalanga abantu *kyenkanyi:* teyalaganga okwagala eri Bayudaaya banne bokka, naye n'Abasamaliya n'ab'amawanga; yalaganga okwagala eri abagagga, eri abaavu, abakozi aba bulijjo, n'abaali tebasaanidde kwagalwa. Kristo yayagalanga abantu mu *ngeri y'okuwaayo ssaddaaka*: yatwala okuganyulwa kwaffe, n'okuganyulwa kw'abalabe be okuba ekikulu okusinga obulamu bwe. Ayita abayigirizwa be okwagala abantu abalala mu mazima, kyenkanyi, era mu ngeri y'okuwaayo ssaddaaka. Nga Pawulo bw'agamba, *"Mubeeraganenga emigugu mwekka na mwekka, mutuukirizenga bwe mutyo etteeka lya Kristo"* (**Bag 6:2**). Okwagala kwenkana wa omugaso? Mu **1 Kol 13:1-3** Pawulo agamba nti oyinza *"okwogera n'ennimi ez'abantu n'eza bamalaika,"* naye bw'otoba na kwagala oli *"ekikomo ekivuga n'ebitaasa ebisaala";* oyinza okubeera n'amagezi mangi n'okukkiriza kwa maanyi, naye bw'otoba na kukkiriza toli *"kantu";* oyinza okuwaayo eby'obugagga byo byonna okuliisa abaavu era oyinza n'okuwaayo omubiri gwo okwokebwa, naye bw'otoba na kwagala "*temuli*" ky'ofunamu. Awunzika ng'agamba nti, *"okukkiriza, okusuubira, okwagala, ebyo byonsatule; naye ku ebyo ekisinga obukulu kwe kwagala"* (**1 Kol 13:13**). Mu **Bag 5:14** yagamba nti *"amateeka gonna gatuukirira mu kigambo kimu, mu kino nti Oyagalanga muntu munno nga bwe weeyagala wekka.'"* Okwagala kwenkana wa omugaso? Mu **1 Yok 4:20** Yokaana atugamba nti, *"Omuntu bw'ayogera nti Njagala Katonda, n'akyawa muganda we, mulimba; kubanga atayagala muganda we gwe yali alabyeko, Katonda gw'atalabangako tayinza kumwagala."* Kwe kugamba, engeri gye twagalamu abantu (engeri gye tukozesaamu ekiragiro "eky'okubiri" mu bukulu ["okwagala muliranwa wo nga bwe weeyagala wekka"] kye kigezo—akabonero ak'ebweru era akalabika—akalaga oba ddala tugoberera ekiragiro "ekisooka" mu bukulu ["okwagala Mukama Katonda wo n'omutima gwo gwonna, n'omwoyo gwo gwonna, n'amagezi go gonna, n'amaanyi go gonna"]).

Okwagala okuva mu mutima omulongoofu n'omwoyo omulungi n'okukkiriza okutalina bukuusa:
"Omutima" kye kitebe kya "obulamu bwaffe obw'omubiri, obw'omwoyo, n'ebirowoozo byaffe," "enkulungo n'ensibuko z'obulamu bwonna obw'omunda, n'okulowooza kwabwo, okuwulira kwabwo, n'okusalawo kwabwo" (Danker 2000: 508). Ye "enkulungo y'okubeerawo kwaffe obulamu bwaffe gye busibuka. Gwe gukola enteekateeka ya buli kye tukola." (Willard 1997: 206). Omutima gulaga "omuntu yennyini ali mu ffe"—ani ddala gwe tuli munda mu ffe. Okubeera n'omutima "omulongoofu" tekiraga nti tumaze okusonyiyibwa Kristo kyokka, naye nti tweyongera okufaananyizibwa n'engeri ya Kristo (**Bar 8:29; 12:1-2**) mu kunywerera ku *"eby'amazima byonna, ebisaanira ekitiibwa byonna, eby'obutuukirivu byonna, ebirongoofu byonna, ebisiimibwa byonna"* (**Baf 4:8**). "Omwoyo omulungi" gulaga nti tumanyi ekyo kye tuteekeddwa okukola, era tukikola. "Okukkiriza okutalina bukuusa" kukwata ku ekyo kye tukkiriza. Okumala gakkiriza bukkiriza amazima agamu tekimala. Omutume Yakobo agamba nti tetuli ba kubeera *"abawulizi buwulizi ab'ekigambo"* naye *"abakozi ab'ekigambo"* (**Yak 1:22-25**). Ekyo kye kigezo kya "amazima" g'okukkiriza kwaffe. Kwe kugamba, obulamu bwaffe bwonna, munda n'ebweru—ani gwe tuli, ekyo kye tukkiriza, n'engeri gye tukolamu ekintu—bwonna bwenyigiramu bwe tufuuka Abakristaayo ne tugenda nga tusemberera ekiluubirirwa.

Copyright © by Jonathan Menn 2007-2014. All rights reserved.

1:6-11: ***[6]Ebyo abamu babiwunjukamu ne bakyamira mu bigambo ebitaliimu, [7]nga baagala okuba ng'abayigiriza b'Amateeka, nga tebategeera bye boogera newakubadde bye bakakasa. [8]Naye tumanyi ng'Amateeka malungi, omuntu bw'agasoma ng'amateeka bwe gali, [9]ng'amanyi ekyo nti amateeka tegateekerwawo muntu mutuukirivu, wabula abatali batuukirivu n'abajeemu, abatatya Katonda n'abalina ebibi, abatali batukuvu n'abavvoola Katonda, abatta bakitaabwe ne bannyaabwe, abassi b'abantu [10]abenzi abalya ebisiyaga, abanyazi b'abantu, abalimba, abalayirira obwereere, n'ebirala byonna ebiwakana n'okuyigiriza okw'obulamu, [11]ng'enjiri bw'eri ey'ekitiibwa kya Katonda eyeebazibwa gye nnateresebwa nze.***

Ebyo abamu babiwunjukamu ne bakyamira mu bigambo ebitaliimu: Omuntu bw'ateekaliriza ekyo ky'aluubiria, ajja kubula okuva ku kkubo lyateekeddwa okukwata, era tajja kutuuka ku kiluubirirwa ekyo. Ekinaavaamu bwe bulamu "obutalina bibala," obwonoonese (**Mat 13:3-23; 21:18-19; Mak 4:2-20; 11:12-14; Luk 3:7-9; 13:6-9; Yud 4, 11-12**). Ekyo kya mugaso, kubanga Kristo yayogera emirundi mingi nti, *"omuti gumanyibwa olw'ebibala byagwo"* (**Mat 7:15-20; 12:33-37; Luk 6:43-45; Yok 15:1-8;** laba ne **Yak 3:10-12**).

Nga baagala okuba ng'abayigiriza b'Amateeka: Eri Abayudaaya, Amateeka ga Musa gaali buli kintu. Endowooza yaabwe yali ng'ey'Abasiraamu, abalina *sharia* nga ye buli kintu. Obuzibu obunene, wabula, buli nti *omuntu tagenda kutuuka ku kiluubirirwa ky'okwagala ng'ayita mu Mateeka*. Obuwulize bwaffe eri amateeka bulijjo bwa kitundu, kubanga tulina emitima egyayonooneka, egyajjula ebibi. Eyo y'ensonga lwaki *tetuyinza* kuweebwa obulokozi nga "okusasulwa" olw'ebikolwa byaffe ebirungi oba obuwulize eri amateeka. Kristo yekka ye yatuukiriza amateeka mu ngeri etuukiridde. Ekisa kya Katonda n'okusaasira kwe byokka bye biyinza okutuwa emirembe egijja n'enkolagana entuufu eyazzibwawo wakati waffe ne Katonda n'abalala.

Naye tumanyi ng'amateeka malungi, omuntu bw'agasoma ng'amateeka bwe gali, ng'amanyi ekyo nti amateeka tegateekerwawo muntu mutuukirivu: Bw'oba onootegeera bulungi essuula empya eyatandikibwa Kristo, osaana essira olisimbe ku njigirizaye,by'asomesa ku bwa Kabaka obw'omu ggulu,entaputaye ku mateeka ekkumi n'ago agali mu ndagaano enkadde agamanyiddwa naga Ttola anti emboozi eno kw'esimbidde ddala amakanda.Ye Pawulo yakiraba mangu nti newankubade etteeka ly[endagaano enkadde lyali ttukuvu,lya mwoyo era ddungi (**Rom 7:12, 14, 16**), telyalina nnyo kya maanyi kye liyinza kukyusa ku bulamu bw'abantu (**Gal 3:21**). In **Gal 3:22-4:11** era Pawulo agamba nti amateeka gano gaasukka okuba kkaali (**2:24-25**), ne galyoka gafuga abantu obumbula (**Gal 4:2**), ne bakirako abaana abato (**Gal 4:1-3**). Era tegaali ga buntu (**Rom 3:21; Gal 3:11**). Gaali tegasimbye ku butuukirivu (**Gal 3:21**). Mu butuufu singa etteeka lyokka lyali limala okutambulizaako obulamu, tewali nsonga ya ssimba yandireese Yesu ku nsi (laba **Gal 3:11-13, 19-24; 4:4-5**). Era Pawulo akikkaatiriza nti etteka telyakolebwa bantu batuukirivu (**1 Tim 1:9**). Engeri yokka omuntu gy'asobola okutuukiriramu kwe kukkiriza kristo okuba omulokoziwe. Ekisobola kyokka okutusembeza ewa Kristo kwe kukkiriuza obutali butuukirivu bwaffe n'obunafu obuli mu ffe obutatuganya kwetukuza ffekka na ffekka (buli lwe tusalawo okwesibira mu mateeka). Kya mazima, amateeka gaakolebwa ku lw'abo abatali batuukirivu gasobole okubagoomolola okuva mu bibi byabwe. Abasoma ebyenzikiriza, batugamba nti etteeka ly'endagaano enkadde lyagendererwamu kuteekateeka bantu olw Kristo eyali alindirirwa (**Gal 3:15-4:31**; laba ne **Rom 7:24-25**). Okusooka, kyali kiraga obutukuvu n'obutuukirivu bwa Katonda, obwali buteereddwa mu Krristo. ekyokubiri, kyali kiraga abantu nti, ka kibe ki, tebandisobodde kwekuuma tteeka. N'olwekyo, kyali kibalaga nti, okutambula obulungi ne Mukama, baali ba kukozesa ngeri ndala yonna. Ekyokusatu, kyabooleka lwatu nti, obulokozi bubaawo lwa kisa kya Kristo ne Mukama Katonda.Okuva lwe kyali nti, Kristo yekka ye yali asobola okwekuuma etteka, olw'okuba Mukama wa kisa, abantube abakkiriza Kristo kye yava abasaanyiza ng'ayita mu mwanawe Yesu.

Omuntu omu omutunuulizi w'ensonga z'enzikiriza, akiramika bulungi, makulu g'etteeka kwe kufuna abawanika abatuufu abasobola okulambika n'okulondoola abantu ba Katonda naddala abatannakula mu mwoyo nga balwana okwebeezaawo [**Gal 4:3, 9**], etteeka nga tolina mwana likufuga ne lisukka. Etteeeka lyakolebwa nga lya kaseera buseera naye nga lyetaaagisa nnyo lilyoke likwate ku bakozi b'ebibi okusobola okubatereeza, okusobola okukola okwagala kwa Katonda okw'endagaano ey'olubeerera. Ky'ova olaba nti Kristo bw'alabikako, obufuge obw'etteeka buggwaawo olwo mwoyo n'atandika okukola ogugwe. (Belleville 1986: 70) N'olw'ekyo, Kristo bw'alabikako, ababe abalagira mangu basalewo, kubanga ye eyali alindirirwa yali amaze okutuuka nga tekikyetaagisa bantu kukolera mu bunyage. Jesus' zealous contemporaries would have said: Aamateeka gaali gandereddwamu okukuuma Abayisirayeri nga beetowaze eri Katonda waaabwe era n'okukuuma endagaano gye yakola nabo. Yesu ky'ava atukubiriza okuleka byonna tumugoberere. (Wright 1996: 381) Ekyo kyennyini kye kikyatulondoola ne gye buli eno. Era ekyo kyennyini kye kikyatubobbya emitwe na buli kati mu bulamu bwaffe obwa bulijjo, mu nneeyisa n'empisa zaffe ze tugoberera: Ky'ova olaba ng'abawandiisi b'endagaano empya, buli lwe baabanga n'ekibatabude naddala ku nneeyisa y'abantu mu kkanisa

Copyright © by Jonathan Menn 2007-2014. All rights reserved.

ez'enjawulo be baawandiikiranga, baajulizanga nnyo amateeka ekkumi. Kye tuva tukikkaatiriza nti Endagaano Empya omusingi gwayo tegusimbye ku mateeka Musa ge yaweebwa ku lusozi Sinayi naye ku Kristro eyafiira ku kalivaaliyo. . . . Ensonga zonna ezikwatagana n'empisa z'abantu, zibe za ngeri ki oba ki, tusaanye tusimbe nnyo essira ku njiri ky'etugamba (Goldsworthy 2000: 96) Consequently, Pawulo omutume naye ky'ava akikkaatiriza mu by'awandiika (**1 Tim 1:11**).

N'ebirala byonna ebiwakana n'okuyigiriza okw'obulamu, ng'enjiri bw'eri ey'ekitiibwa kya Katonda eyeebazibwa: Mu **1:9-10** Pawulo alaze olukalala lw'eby'okulabirako eby'ekika ky'abantu awamu n'empisa zaabwe abaali beetaaga amateeka. Tewali n'emu ku mpisa ezo Omukristaayo gyateekwa okubeera nayo, kubanga tumaze okukyusibwa munda (tuweereddwa omutima omuggya) oguvaamu empisa ey'ebweru ekyuse. Ffe abali mu Ndagaano Empya, *ekiluubirirwa* ekya "enjigiriza entuufu" kwe "kwagala" (**1:5**); *omutindo* gwa "enjigiriza entuufu" ye "enjiri ey'ekitiibwa" (**1:11**)—amawulire amalungi aga Kristo: ani gw'ali; kiki ky'akoze; kiki ky'akola; ne kiki ky'anaakola. Kale, ekintu kyonna ekikontana n'okwagala ne Kristo kisalirwa omusango awamu n'abamenyi b'amateeka abasigaddewo, abantu abatali batukuvu, abatatya Katonda n'empisa eziragiddwa mu **1:9-10.**

<u>1:12-16:</u> ***[12]Mmwebaza oyo eyampa amaanyi, ye Kristo Yesu Mukama waffe, kubanga yandowooza nga ndi mwesigwa, bwe yanteeka mu buweereza, [13]olubereberye bwe nnali omuvumi era omuyigganya era ow'ekyejo; naye nnasaasirwa kubanga nnakolanga nga simanyi mu butakkiriza; [14]ekisa kya Mukama waffe ne kyeyongera nnyo wamu n'okukkiriza n'okwagala okuli mu Kristo Yesu. [15]Ekigambo kyesigwa, era ekisaanira okukkirizibwa kwonna nti Kristo Yesu yajja mu nsi okulokola abalina ebibi, mu bo nze w'olubereberye. [16]Naye kye nnava nsaasirwa Yesu Kristo alyoke alabisize mu nze ow'olubereberye okugumiikiriza kwe kwonna, okubeeranga eky'okulabirako eri abo abagenda okumukkiriza olw'obulamu obutaggwaawo.***

Mmwebaza oyo eyampa amaanyi, ye Kristo Yesu Mukama waffe, kubanga yandowooza nga ndi mwesigwa, bwe yanteeka mu buweereza: Ensonga enkulu wano eri *"Mmwebaza Kristo . . . kubanga yandowooza nga ndi mwesigwa [oba, wa mazima]."* Ekitundu ekisigadde eky'emboozi eno kirimu obutundutundu obuva mu yo. Kristo yalowoozanga Pawulo mwesigwa kubanga amanya enkomerero yaffe okuviira ddala mu ntandikwa yaffe. N'okuviira ddala ku ntandikwa y'okukyuka kwa Pawulo, Katonda teyamanya wa Pawulo w'alibeera omujulirwa wa Kristo kyokka (**Bik 9:15**), naye ne *"ebingi ebimugwanidde okubonyaabonyezebwa olw'erinnya lyange"* (**Bik 9:16;** laba **2 Kol 11:23-33**). Pawulo alaga okwewuunya kwe n'okusiima kwe olw'okuba nti Katonda yamulowooza nga mwesigwa, okukugeraageranya n'ebyo bye yakolanga nga tannaba kusisinkana Kristo ku luguudo lw'e Ddamasiko (**Bik 9:1-19**). Okubeera omuntu asaanidde "okuteekebwa mu buweereza," Pawulo yamala emyaka 14 mu Buwalabu, Busuuli, ne Kirukiya (**Bag 1:15-2:1**). Okutendekebwa tetuteekwa kukuyisaamu amaaso oba entandikwa entonotono (**Yob 8:7; Zek l 4:10; Mak 4:30-32; Luk 16:10**). Oluvannyuma Katonda yawa Pawulo obuvunaanyizibwa ku bintu ebinene kubanga Pawulo yatwala obudde okutendekebwa, n'asangibwa okubeera omwesigwa mu bintu ebitono.

Olubereberye bwe nnali omuvumi era omuyigganya era ow'ekyejo: Nga tannaba kukyuka okudda eri Kristo, Pawulo yali Mufalisaayo wawu eyatendekebwa wansi wa Gamalyeri, eyali labbi omukulu mu biseera bye (**Bik 22:3-5; Baf 3:5-6**). Wabula, okwewaayo kwe eri Amateeka kwamufuula omuyigganya w'Abakristaayo ow'amaanyi (**Bik 8:1-3; 9:1-2; 22:4-5; Bag 1:13-14; Baf 3:6**). Yatta Abakristaayo bangi (**Bik 26:9-11**). Pawulo yalina endowooza efaanana n'eya bakalittemu abatta abantu abangi e Rwanda. Obulamu bwe bukola eky'okulabirako eky'engeri amateeka gye gatayinza kukyusa omutima gw'omuntu, wabula okugukalubya obukalubya. Yali "muvvoozi" kubanga yali akozesa erinnya lya Katonda n'amateeka ge okukola ekyo kyennyini ekikontana ne "amateeka agasinga obukulu" aga Katonda (okwagala Katonda n'okwagala muliraanwa wo). Yali akozesa erinnya lya Katonda n'amateeka ga Katonda *okuwa ekifaananyi ekibi ekya Katonda n'omubala gwa Katonda* (Katonda kwagala—**1 Yok 4:8**). Ng'ekyava mu kukyuka kwe eri Kristo, Pawulo yava mu kubeera omuyigganya n'afuuka omuntu ayigganyizibwa (**2 Kol 11:23-33**). Wabula, kubanga yalina Kristo, *"kubanga nnayiga, embeera gye mbaamu yonna, obutabaako kye nneetaaga"* (**Baf 4:11-13**). Obulamu bwa Pawulo butulaga nti n'abo *bakalittemu* bayinza okulokoka ne bakyusibwa. Tewali muntu Katonda gw'atasobola kukwatako.

Naye nnasaasirwa kubanga nnakolanga nga simanyi mu butakkiriza: Pawulo yali omu ku bantu abaali basinga okuba abagunjufu mu biseera bye. Yamanya Ebyawandiikibwa "okudda emabega n'okugenda mu maaso." Naye, okutuusa Katonda lwe yaggulawo omutima gwe n'amagezi ge, Pawulo (ng'omuntu omulala yenna) teyasobola na kulaba obwakabaka bwa Katonda (**Yok 3:3**). Tulowooza nti tumanyi kye tukola, naye

Copyright © by Jonathan Menn 2007-2014. All rights reserved.

okutuusa Katonda lw'azibula amaaso gaffe byonna bye tukola tubikolera mu *"butamanya olw'obutakkiriza."* N'olw'ekyo, Yesu ng'ali ku musalaba yasaba *"Kitange, basonyiwe; kubanga tebamanyi kye bakola"* (**Luk 23:34**).

Ekisa kya Mukama waffe ne kyeyongera nnyo: Pawulo akozesa eky'okulabirako ky'obulamu bwe ng'ekifaananyi ky'ekyo ekibeera mu bulamu bwa buli muntu. Wano Pawulo yeeteekako "ekisa" kyayogerako mu **1:2**. Ekisa kya Katonda kinene nnyo okusinga n'ebibi ebisinga obunene (laba **1 Kol 15:9-10**). Ekisa kye kinene nnyo okusinga n'obulumi obusinga okuba obw'amaanyi (laba **2 Kol 12:7-10**). Ekisa kye kyawula Obukristaayo ku ddiini endala yonna eri mu nsi. Ekisa kyokka kye kituwa essuubi, kubanga ku bwaffe tuli *"bafu mu byonoono n'ebibi"* (**Bef 2:1, 5**), era *"Tewali mutuukirivu n'omu; tewali ategeera, tewali anoonya Katonda. Bonna baakyama, baafuuka batasaana wamu; tewali akola obulungi, tewali n'omu"* (**Bar 3:10-12**). Naye, Katonda *"ye mugagga w'ekisa, olw'okwagala kwe okungi kwe yatwagala ffe, era ffe bwe twali nga tufiiridde mu byonoono byaffe, yatufuula abalamu awamu ne Kristo"* (**Bef 2:4-5**). Ekibi bwe kyasukkirira, ekisa ne kisinga okusukkirira (**Bar 5:20-21**).

Kristo Yesu yajja mu nsi okulokola abalina ebibi: 1. <u>Yesu y'ani, kiki kye yajja okukola, ne kiki kyakoze, byonna bya njawulo ku bintu ebirala mu byafaayo byonna.</u> "Enyinyonnyola ya [Kristo] ng'eyajja 'mu nsi' eraga nti yava awalala. Ensibuko ye eri mu ggulu (**Yok 6:38**)." (Ngewa 2009: 30) Yesu yajja mu nsi okukola ekintu omuntu omulala yenna kye yali tasobola kukola: okutabaganya Katonda omutukuvu n'abantu aboonoonyi, abajeemu. Tewali bakulembeze balala ab'eddiini (nga, Muhammad; Budda) eyali yeeyogeddeko ng'asonyiwa ebibi by'abantu oba okulokola abantu aboonoonyi. Yesu yali asuubirwa mu Ndagaano Enkadde. **Yer 31:31-34** yali esuubizza Endagaano Empya. Endagaao Empya yali ejja kubeera endagaano ey'emirembe n'emirembe Katonda mwaliwandiikira etteeka lye mu mitima gy'abantu be; abantu be mwe balimanyira ddala Mukama; era mwalisonyiyira ebibi byabwe obutaddayo okubijjukira (labe ne **Yer 32:38-40; 50:4-5; Ezek 11:16-20; 36:24-32; 37:15-28**). *"Okutuukirira kw'ebiro bwe kwatuuka, Katonda n'atuma Omwana we . . . alyoke abanunule abaafugibwa Amateeka, tulyoke tuweebwe okufuuka abaana"* (**Bag 4:4-5;** laba ne **Mak 1:14-15**). Ku Kijjulo Ekyasembayo, Yesu yayogera lwatu nti yali atandika Endagaano Empya mu musaayi gwe (**Luk 22:20;** laba **1 Kol 11:25**). Endagaano yakakasibwa n'emalirizibwa ku musalaba (**Beb 9:12-17**). Yakakasibwa n'ekkirizibwa Yesu bwe yazuukira okuva mu bafu, n'alinnya mu ggulu, n'atuula ku ntebe y'obwakabaka ne Kitaawe (**Beb 10:11-18**). Endagaano Enkadde ye yokka ku ndagaano za Katonda ewa abantu okusonyiyibwa kw'ebibi. Ekyo kituukirizibwa okuyita mu Kristo, *"omwana gw'endiga gwa Katonda, aggyawo ebibi by'ensi!"* (**Yok 1:29;** laba ne **Mat 1:21; Bik 5:31; 1 Yok 3:5**). N'olw'ekyo, okubuulira ekisonyiwo ky'ebibi okuyita mu Kristo kikulu nnyo mu Njiri (laba **Luk 24:44-49; Bik 2:38; 10:43; 13:38-39; 26:15-18**).

2. <u>Ekigambo ekyo kiddamu okukkaatiriza omugaso gwa "ekiluubirirwa" (**1:5**).</u> Samuel Ngewa agamba: "Wano ekigambo ekivvuunulwa 'aboonoonyi' kitwaliramu bingi era kisibuka mu kigambo ekitegeeza 'okusubwa akabonero'. Kiwa ekifaananyi ky'omuntu alina ky'aluubirira okuteeba, wano bwe butuukirivu bwa Katonda. Naye ate ejjinja ne liwaba ne ligenda ligwa awalala. Ffenna twawaba. Tewali n'omu ku ffe asobola okuteeba ekiluubirirwa, kwe kugamba, okutuuka ku mutindo gwa Katonda ogw'obutuukirivu (**Bar 3:23; 10:3**). Enteekateeka ya Katonda ey'obulokozi ya kutukomyawo eri ekiluubirirwa. Obwo bwe bubaka Yesu bwe yajja okutuukiriza." (Ngewa 2009: 30) Mu **1:5** Pawulo yatugamba kiki "ekiluubirirwa" kya Katonda kye kiri oba omutindo gwe ogw'obutuukirivu kye guli: okwagala (okuva mu mutima omulongoofu, n'omwoyo omulungi, n'okukkiriza okutalina bukuusa). N'olw'ekyo, "oludda olulala" olw'okusonyiwa ekibi, lulung'amya abantu okubatwala eri ekiluubirirwa. Mu ngeri eyo, tebajja kubeera nga basubwa ekiluubirirwa.

Mu bo nze w'olubereberye: Mu kweyita emirundi ebiri "ow'olubereberye" oba "omukulu" mu boonoonyi (**1:15-16**) Pawulo aba agamba nti, "kubanga Katonda yandokola n'ankyusa, ayinza okulokola n'okukyusa omuntu *omulala yenna."* Pawulo yategeera obuziba bw'ekibi kye. Yali takozesezza obuyigirize bwe obwa waggulu mu Byawandiikibwa, ekifo kye eky'obukulu, okweyagalira abakazi oba okwefunira sente oba amaanyi agasingawo. Wabula, yakozesa obuyigirize bwe bwonna, obukulu bwe, n'amaanyi ge okulwanyisa Katonda mu kuyigganya Kristo n'omubiri gwe, ekkanisa. Obuyigirize bwa Pawulo, obukulu bwe, n'amaanyi ge byategeeza nti teyalina kya kwekwasa olw'ebyo bye yakola. Yali talina kunenya muntu olw'okumulera obubi, obutamanya, obwavu, oba omukisa omubi ku nsi olw'ebibi bye. Kale, mu buwombeefu obw'amaanyi yagamba nti, *"Kubanga nze ndi muto mu batume, atasaanira kuyitibwa mutume, kubanga nnayigganyanga ekkanisa ya Katonda"* (**1 Kol 15:9**).

Naye kye nnava nsaasirwa Yesu Kristo alyoke alabisize mu nze ow'olubereberye okugumiikiriza kwe kwonna, okubeeranga eky'okulabirako eri abo abagenda okumukkiriza olw'obulamu obutaggwaawo: 1. <u>Nga</u>

Copyright © by Jonathan Menn 2007-2014. All rights reserved.

bwe yakkaatiriza obwetaavu n'omugaso gw'ekisa kya Katonda mu **1:14,** Pawulo addamu okukkaatiriza obwetaavu n'omugaso gwa "okusaasira," kwe yali ayogeddeko mu **1:2**. Mu **1:16** addamu okweyogerako nga "ow'olubereberye" mu boonoonyi. Ensonga ye eri nti, mu kulaga okusaasira kwe, Kristo yalaga *"obugumiikiriza bwe obwatuukirira ng'eky'okulabirako."* Katonda yagumiikiriza Pawulo obulamu bwe bwonna nga tannaba kukyuka. Nga Kristo tannaba kumulabikira ku luguudo lw'e Ddamasiko, Pawulo teyalaga kabonero konna ka "kukyusa" ku makubo ge ag'okukozesa amaanyi. Naye ate Katonda teyamukuba okumuteeka wansi. Mu ngeri y'emu, Katonda yali mugumiikiriza gye tuli, nga tetunnaba kukyuka n'oluvannyuma lw'okukyuka. Naye tugumiikiriza abalala?

2. Okukkaatiriza "obugumiikiriza" bwa Kristo mu kwogera ku "obulamu obutaggwaawo" kujjayo amazima nti obulamu obutaggwaawo ebeera *ngeri ya bulamu, so si* ekiseera ekitaggwaawo eky'okubeera omulamu. "Obulamu obutaggwaawo butegeeza kintu kirala nnyo okuva ku obulamu obuwanvu; kitegeeza obulamu omuntu bw'abeeramu ng'ali mu Kristo. Omukisa ogusookera ddala gwe buwa kwe kubeerawo kwa Katonda. Twetaaga okukkaatiriza ensonga eno kubanga mu nsi nyingi eza Afirika, ababuulizi bakkaatiriza emikisa egy'okuweebwa ebintu Katonda gyatuwa okusinga amazima nti Katonda ali naffe si nsonga ne bwe tuba nga tuyita mu bulamu bwa ngeri ki (**2 Kol 12:9-10**). Kubanga obulamu obutaggwaawo bukwata ku mutindo gw'obulamu okusinga okukwata ku bungi bwabwo, tuyinza okutandika okububeeramu nga tukyali na wano ku nsi, newakubadde ebibulimu tulibimanya mu bujjuvu mu biseera ebijja." (Ngewa 2009: 31) Kubanga kati tuli mu "Kristo," tulina okwolesa obulamu obwo obuggya mu ngeri y'okulaga *engeri* gye tubeeramu. Okugmiikiriza n'okuzibiikiriza biraga okwagala (**1 Kol 13:4**). Bitundu ku kibala eky'Omwoyo (**Bag 5:22**). N'olw'ekyo naffe tuteekwa okugumiikiriza abalala. Mu bugumiikiriza tuteekwa okubasabiranga, okubalaganga ekkubo eribatuusa ku kiluubirirwa, okubayigirizanga n'okubakubirizanga nga tuyita mu Kigambo kya Katonda, n'okubalaganga engeri y'okubeera ng'Abakristaayo.

1:17: ***Era Kabaka ow'emirembe n'emirembe, ataggwaawo, atalabika, Katonda omu, aweebwenga ettendo n'ekitiibwa emirembe n'emirembe. Amiina.***

1. Ebyo ebyaleetera Pawulo okuvaamu ettendo lino (okutendereza Mukama), bwali *bugumiikiriza* bwa Kristo mu kumulaga okusaasira n'okumulokola. Ekyo kiddamu okutulaga nti obulokozi bwaffe okuva mu ntandikwa okutuuka ku nkomerero gwe mulimu gwa Katonda omuyinza wa byonna, so si ekintu ffe kye tulinako obuvunaanyizibwa ku lwaffe.

2. Newakubadde okwogera ku "Kabaka ow'emirembe n'emirembe" ne "Katonda omu" kiyinza okutwalibwa ng'okwogera ku Kitaffe, ebyo ebiri ku mwaliro biraga nti Pawulo ayogera ku Kristo. Okusooka, olunyiriri oluli okumpi lwe lunyiriri olwa**16** awatali kubuusabuusa olwogera ku Kristo. Eky'okubiri, Kristo *ye* Katonda (laba **Yok 1:1; 10:30; 14:6-11; 20:26-29**). Taggwaawo (laba **Yok 1:1-2; 8:54-58**). Ensibuko ye okuva mu Ggulu yali yaakoogerwako mu **1:15**. Kati afuga (laba **Bik 2:29-36; 1 Kol 15:20-28; Bef 1:18-22; Beb 1:1-4**). Eky'okusatu, olwo lwe lunyiriri olusooka ku nyiriri essatu mu 1 Timoseewo Pawulo mwayogerera ku Kristo mu bujjuvu. Enyiriri endala ye **3:16** ne **6:14-16.** Ennyiriri ezo zonna zikwatagana era zikola ekitole ekiramba. Olunyiriri **1:17** lwogera ku kikula kya Kristo eky'emirembe n'emirembe; **3:16** lwogera ku Kristo okufuuka omuntu n'okulinnya kwe mu ggulu; **6:14-16** lwogera ku kujja kwe okw'omulundi ogw'okubiri. N'olw'ekyo, enyiriri ezo zonsatule ziwa enjigiriza yonna enzijuvu ku Yesu Kristo, mu mitendera emituufu!

1:18-20: ***[18]Ekiragiro kino nkuteresa, mwana wange Timoseewo, ng'ebigambo by'abannabbi bwe byali bye baakwogerako edda, olyoke olwanirenga mu byo olutalo olulungi [19]ng'onyweza okukkiriza n'omwoyo omulungi, abalala gwe basindika eri ne bamenyekerwa okukkiriza kwabwe. [20]Mu abo ye Kumenayo ne Alegezanda; be nnawa eri Setaani, balyoke bayigirizibwe obutavumanga.***

Ng'ebigambo by'abannabbi bwe byali bye baakwogerako edda: Awatali kubuusabuusa, Timoseewo bwe yali assibwako emikono olw'omulimu gw'obuweereza, abakadde b'ekkanisa awamu ne Pawulo yennyini (**2 Tim 1:6**) be baamussaako emikono ne baamusindika okukola omulimu ogwo. Waaliwo omuntu eyalagula ku kirabo kya Timoseewo eky'omwoyo (**1 Tim 4:14**). Baibuli tetubuulira kiki obunnabbi obwo kye bwagamba oba ekirabo ekyo kiki kye kyali.

Lwana olutalo olulungi, ng'onyweza okukkiriza n'omwoyo omulungi: 1. Bwe tusoma Baibuli, twetaaga okuteeka ebirowoozo byaffe si ku *ebyo* omuwandiisi byayogera byokka naye ne ku *ngeri* gy'abyogeramu. Mu **1:18-19** Pawulo tamala gagamba Timoseewo "okubeera omwesigwa," newakubadde nga ekyo kye kikulu mu kiragiro kye. Wabula, agamba Timoseewo "*okulwana olutalo olulungi."* Pawulo ateeka ekiragiro kye mu ngeri eyo kubanga okubeera omwesigwa si kyangu—kuba "kulwana lutalo." Ffenna tukemebwa okukola ekibi oba okugwa. Ekirala, ekkanisa olwaleero, ng'ekkanisa ey'omu Efeso Timoseewo gye yalimu, esanga obuzibu

Copyright © by Jonathan Menn 2007-2014. All rights reserved.

bw'abayigiriza ab'obulimba. N'olw'ekyo tuteekwa *"okulwana olutalo olulungi"* mu ngeri entuufu, bulijjo nga *"twogera amazima mu kwagalana"* (**Bef 4:15**). Tuteekwa okumanya nti olutalo luno "lutalo lulungi." Mazima, olutalo olw'okusigala omwesigwa eri enjiri lwe lutalo olusinga okuba olulungi mu zonna, kubanga y'enjawulo wakati w'obulamu obutaggwaawo n'okufa.

2. Nga bwe *"tulwana olutalo olulungi"* olwa *"okukuuma okukkiriza,"* tuteekwa okujjukira nti olwaffe lutalo lwa munda n'ebweru. Pawulo ayogera ku mugaso gw'okunyweza *"omwoyo omulungi."* Yasooka okwogera ku *"omwoyo omulungi"* mu **1:5** ng'ayogera ku ky'okutuuka ku kiluubirirwa eky'okwagala. Bwe tutanyweza omwoyo omulungi, tetuyinza kutuuka ku kiluubirirwa. Obulamu bwaffe obw'omunda bulina okulaga ebyo ebikolwa byaffe eby'ebweru kye biraga. Bwe tutanyweza omwoyo omulungi tufuuka bannanfuusi. Obunnanfuusi si kwe *"kunyweza okukkiriza."* N'olw'ekyo, twetaaga okwekebejja so si *ebyo* bye tukola byokka, naye ne *lwaki* tubikola.

Abalala baasindika eri omwoyo omulungi ne bamenyekerwa okukkiriza kwabwe. Mu abo ye Kumenayo ne Alegezanda: 1. Pawulo alabula Timoseewo *"okulwana olutalo olulungi"* kubanga bulijjo kisoboka okugwa. Okugwa kusobola okubaawo ne mu bakulembeze b'ekkanisa. Eyo y'ensonga lwaki abakkiriza bonna, naddala abakulembeze, balina okuyambagana, buli omu okuzzaamu munne amaanyi, n'okulabiriragana. Okukola obubondo oba obubiina bw'abantu liba kkubo limu ery'okukola ekyo. Buli luvannyuma lw'akaseera akagere, okukung'aana wamu n'ab'emikwano Abakristaayo abakulu, abeesigwa, gye muyinza "*okwatulira ebibi byammwe buli omu eri munne*" (**Yak 5:16**) nalyo kkubo limu ery'okubeera omwesigwa. Wabula, abakulembeze abalowooza nti tebalina kubuulira muntu yenna okujjako Katonda, era abatalina nteekateeka yonna erimu abantu be bayinza okubuulira ku ntambula yaabwe, boolekedde okugwa olw'amalala gaabwe. Ensonga eno nkulu nnyo naddala eri abakulembeze, kubanga okukkiriza kwabwe bwe "kumenyeka," batera okutwala abantu bangi—abaali babeesigamyeko era abaali babatunuulidde—ne bagenda nabo.

2. Pawulo teyatya okwatula amannya g'abantu ababiri abaali bamanyiddwa ennyo, Kumenayo ne Alegezanda, abaagwa. Enyiri endala eziriwo zokka ezoogera ku bantu abo—Kumenayo (**2 Tim 2:16-18**); ne Alegezanda (**2 Tim 4:14-15**)—oluvannyuma lw'okuwandiikibwa kwa 1 Timoseewo, ziraga nti abantu abo baali bakyagudde, era nti mu kuwakanya enjiri baali banafuyizza okukkiriza kw'abalala. Katonda amanyi buli omu n'erinnya lye. Abasajja abo ababiri bazze nga bamanyibwa emyaka egisukka mu 2000 egy'ebyafaayo ng'abaava ku Katonda era abaafuna erinnya ebbi. Linnya ki ffe lye tulina?

Be nnawa eri Setaani, balyoke bayigirizibwe obutavumanga: 1. Pawulo tanyonnyola kiki "okuwa eri Setaani" kye kitegeeza, naye oluvannyuma lw'okwetegereza eny endala tuyinza okuwunzika ne tutuuka ku kiki kye kiri. "Okuwa eri Setaani" ebeera ngeri ya kukangavvula kw'ekkanisa. Olunyiriri olulala olwogera ku muntu *"okuweebwayo [oba 'okuteebwa] eri Setaani"* ye **1 Kol 5:5**. Tulabayo omusajja eyali yeebaka ne mukazi wa kitaawe. **1 Tim 1:20** ne **1 Kol 5:5** zombi zaali zoogera ku bizibu eby'amaanyi mu kanisa: enjigiriza ey'obulimba ey'ekikula kyayo (laba **1 Tim 1:3-4; 4:1-7a; 6:3-5; 2 Tim 2:16-18**); n'obwenzi obwakolebwanga abantu bangi (**1 Kol 5:1**).

2. Mu **2 Kol 2:5-11** Pawulo alabika okwogera ku mbeera y'emu gye yayogerako mu **1 Kol 5:5**. **2 Kol 2:6** elaga nti "ekibonerezo" ["okuwa eri Setaani"] kyali kimaze "okuweebwa abangi" (oba abakadde b'ekkanisa e Kolinso oba abangi mu kanisa). N'olw'ekyo, kirabika nti waaliwo *enkola ey'okukangavvula* eyagobererwanga. Enkola eyo elabika okuba nga yali ya "kukangavvula mu mitendera" eyogerwako mu **Mat 18:15-17.** "Okuwaayo eri Setaani" kulabika okuba omutendera ogusembayo, era kulabika okubeeramu eky'okuggya omuntu mu kanisa (laba **1 Kol 5:2**), osanga ekifaanana n'ekya Katonda "okuwaayo abantu" eri ebibi byabwe (laba **Bar 1:24, 26, 28**). Ekyo kiraga nti okukangavvula kw'ekkanisa tekulina kuba "kusala ku mpuliziganya n'omuntu oba obutaba na kya kumukolera." Walina kubaawo ebintu ebikolebwa abakulembeze b'ekkanisa mu mitendera, emitendera gy'okukangavvula, okusinziira ku bunene bw'ekibi ekyakolebwa, oba kyamanyibwa abantu oba nedda, okwenenya kw'oyo eyakikola, oba waliwo omutango gwe yawa oba nedda, (ng'akabonero akalaga okwenenya okw'amazima), n'ebirala.

3. Ekigendererwa ekya "okuwaayo eri Setaani," oba okukangavvula kwonna okw'ekkanisa, kwe kwenenya n'okukyusibwa kw'omuntu eyakola ekibi ekyo. Mu **1 Tim 1:20** Pawulo agamba nti ekigendererwa kya "okuwa eri Setaani" kiri nti abakozi b'ebibi ebyo *"balyoke bayigirizibwe obutavumanga."* Mu **1 Kol 5:5** okuwaayo omuntu eri Setaani *"olw'okuzikirizibwa kw'omubiri gwe, omwoyo gwe gulyoke gulokoke ku lunaku lwa Mukama waffe Yesu."* Omukozi w'ekibi bwe yeenenyeza ddala n'akyuka, Pawulo agamba nti ekkanisa erina *"okumusonyiwa n'okumusanyusa, aleme okumirwa ennaku ze nga ziyinze obungi. Kyenva mbeegayirira okunyweza okwagala eri oyo"* (**2 Kol 2:7-8**). Kiri eri ekkanisa okumanya oba okwenenya kwe kwa mazima oba nedda (laba **2 Kol 7:10**). N'olw'ekyo, newakubadde omuntu ali mu kanisa "aweereddwayo eri Setaani," abakulembeze b'ekkanisa kibagwanira okubeera nga boogera naye, nga bamukubiriza, era nga bagezaako

Copyright © by Jonathan Menn 2007-2014. All rights reserved.

okumukomyawo eri Mukama (laba **Bag 6:1**).

2:1-7: ***[1]Kale okusooka byonna mbabuulirira okwegayiriranga n'okusabanga bikolebwenga ku lw'abantu bonna, [2]ku lwa bakabaka n'abakulu bonna; tulyoke tubeerenga n'obulamu obutereevu obw'emirembe mu kutya Katonda kwonna ne mu kwegendereza. [3]Ekyo kye kirungi, ekikkirizibwa mu maaso g'Omulokozi waffe Katonda, [4]ayagala abantu bonna okulokoka, era okutuuka mu kutegeerera ddala amazima, [5]Kubanga waliwo Katonda omu, era omutabaganya wa Katonda n'abantu omu, omuntu Kristo Yesu [6]eyeewaayo abe omutango olwa bonna; okutegeeza kulibaawo mu ntuuko zaakwo. [7]Nze kwe nnateekerwa omubuulizi era omutume (njogera mazima, ssirimba) omuyigiriza w'amawanga olw'okukkiriza n'amazima.***

Kale, okusooka byonna: 1. Newakubadde wano Pawulo agenda ku mulamwa mulala—okusaba—ebigambo ebitandika **2:1** biyunga ebyo by'ayogera mu ssuula 2 wamu n'ebyo bye yaakava okwogera mu ssuula 1. Ekigambo ky'Oluyonaani ekitegeeza "kale" (Oluyonaani = *oun*) kivvuunulwa nga "n'olw'ekyo." Pawulo ky'agamba kiri nti: "N'olw'ekyo bw'oba oyagala okusigala ng'oli mwesigwa, [kwe kugamba, ekigambo 'n'olw'ekyo' oba 'kale' kikolagana ne kye yaakava okwogera mu **1:18-19**], ensonga enkulu kwe kusaba." Amazima gali nti essuula ey'okubiri yonna (mu butuufu, ekitundu ekisigadde eky'ekitabo ekyo) eyinza okulabibwa ng'enyinyonnyola y'engeri ey'okubeera omwesigwa, era n'obwesigwa kiki kye bufaanana bwe bukolebwa abasajja n'abakazi.

2. Ebigambo ebitandika **2:1** bitujjukiza nti, bwe tuba tusoma Baibuli zaffe, twetaaga okwetegereza obugambo obutonotono obuyunga. Oluusi ennamba eziraga essuula n'ennyiriri zitulowoozesa nti buli ssuula oba olunyiriri "luyimiridde lwokka." Naye ate ng'engabanya z'essuula tezaaliwo okutuusa mu myaka gya 1200; ennamba z'ennyiriri ez'omu Ndagaano Enkadde zaateekebwaamu mu myaka gya 1400; engabanya y'enyiriri ez'Endagaano Empya yakolebwa mu 1551 (Metzger and Coogan 1993: 105-07). Kubanga ennamba eziraga essuula n'ennyiriri zaateekebwamu okuyamba okulaba wa ekitundu omuntu ky'ayagala we kiri, *"tezitera kukwatagana n'enzimba eya bulijjo ey'ekirowoozo ekiri mu kyawandiikibwa ekyo"* (Ibid.: 105). Twetaaga okubeera nga tunoonya entambula y'ekirowoozo ky'omuwandiisi ekiyinza, nga bwe kikola wano, okuva mu ssuula emu okugenda mu ndala.

Okwegayiriranga n'okusabanga bikolebwenga ku lw'abantu bonna: Ebigambo eby'enjawulo eby'okusaba ebikozesebwa mu **2:1** bitegeeza nti ebika byonna eby'okusaba bikolebwenga ku lw'abantu bonna. Obulamu bwaffe obw'okusaba bulaga enkolagana yaffe ne Katonda. Kubanga buli kiseera tuli mu kubeerawo kwa Katonda, kitugwanira okwogeranga naye buli kiseera (nga twogera naye era nga tumuwuliriza). Okusaba kwaffe kulina kubeeramu okumusinza, okwatula ebibi byaffe, okumwebaza olw'ebyo byakoze ne byagenda okukola, n'okumusaba olw'ebyo ebitukwatako n'ebikwata ku balala. N'olw'ekyo, mu **1 Bas 5:16-18** Pawulo atugamba *"okusanyukanga ennaku zonna; okusabanga obutayosa; okwebazanga mu kigambo kyonna kyonna; kubanga ekyo Katonda ky'abaagaliza mu Kristo Yesu gye muli."*

Ku lwa bakabaka n'abakulu bonna; tulyoke tubeerenga n'obulamu obutereevu obw'emirembe mu kutya Katonda kwonna ne mu kwegendereza: Obukristaayo n'obulamu bw'abantu abali mu kitundu birina engeri gye bikolaganamu. N'olw'ekyo, Abakristaayo beetaaga okubeera n'obulamu obutaliiko kya kunenyezebwa olwo gavumenti n'abantu abatali Bakristaayo baleme kubaako ne kye banenyeza ekkanisa (laba **Mat 22:15-21; Bar 13:1-14; 1 Tim 6:1-2; 1 Peet 2:13-17**). Okusobola okubeera ne *"obulamu obutereevu obw'emirembe mu kutya Katonda kwonna ne mu kwegendereza"* kujja kuyamba nnyo mu kusaasaanya enjiri—n'okulaga enjiri mu bulamu bwaffe n'okugisaasaanya bye biteekwa okubeera ebintu ebisookerwako mu bulamu bwaffe.

Ayagala abantu bonna okulokoka, era okutuuka mu kutegeerera ddala amazima: 1. Olunyiriri luno luyungiddwa ku **2:2-3** era lutubuulira lwaki twetaaga okusabanga n'okubeeranga n'obulamu obutya Katonda. Obulamu bwaffe bulaga Kristo n'enjiri. Okwagala kwa Katonda kuli nti abantu balokoke. Obulamu bwaffe bujulira Kristo. Bwe tubeera n'obulamu obwa *"okutya Katonda era obw'okwegendereza"* (**2:2**) tujja kusikiriza abantu okujja eri Kristo. N'olw'ekyo, okusaba kwaffe ku lw'abantu bonna, naddala abakulembeze, tulyoke tubeere n'obulamu obutya Katonda, kwesigamizibwa ku kiluubirirwa eky'okusaasaanya enjiri.

2. Olunyiriri luno teluteekwa kutwalibwa ebweru w'omwaliro omugazi ogwa Baibuli ogw'enteekateeka ya Katonda ey'obulokozi. Baibuli etulaga nti, newakubadde kwe "kwagala" kwa Katonda nti abantu bonna balokoke, bonna si be balirokoka (laba **Mat 7:13-14; 13:24-30, 36-43; 25:31-46**). Waliwo amakubo abiri ag'omugaso ennyo ag'okutegeera enjawulo eriwo wakati w'ekyo Katonda ky'ayagala n'ekyo ekiriwo mu butuufu. Ekkubo limu ery'okutegeera ekyo kwe kugamba nti *"abantu bonna"* aboogerwako mu **2:4** kitegeeza "ebika *byonna* eby'abantu"—kwe kugamba, "abantu bonna *awatali kusosola"* (mu langi, ebika, amawanga,

Copyright © by Jonathan Menn 2007-2014. All rights reserved.

ennimi, enfuna, n'ebirala—laba **Kub 5:9; 7:9**), *so si* "abantu bonna *awatali kulondamu"* (kwe kugamba, buli muntu ali mu nsi).

3. Ekkubo eddala ery'okukola ku ekyo kwe kumanya nti, mu ngeri emu oba endala, waliwo "okwagala kwa Katonda okw'emirundi ebiri". "Tuteekwa okwawula wakati w'ekyo Katonda kye yalyagadde okulaba nti kibaawo n'ekyo ky'ayagala kibeewo, era ebintu ebyo byombi biyinza okwogerwako ng'okwagla kwa Katonda" (Marshall 1989: 56). Tuyinza n'okugamba nti: "Ebyawandiikibwa biraga Katonda nga oyo akkiriza ekintu okubaawo mu ngeri emu oba endala naye ate nga takikkiriza mu ngeri endala" (Piper 2000: 110). Eby'okulabirako bino biraga ekyo: (A) *Okufa kwa Kristo*—**Lukka 22-23** eraga nti eky'okulyamu Yesu olukwe n'okufa kwe byali bikolwa bibi ebiwagirwa Setaani; naye ate, **Bik 2:23, 4:27-28** ne **Isa 53:4, 10** biraga nti ebyo byakolebwa nga bigoberera enteekateeka ya Katonda eyali ewedde okukolebwa n'okwagala kwe. (B) *Olutalo ku Mwana gw'Endiga*—**Kub 17:16-17** kulaga nti bakabaka kkumi (mu bubi) balitandika olutalo ku Kristo, naye era ne kulaga nti Katonda ye *"yakiteeka mu mitima gyabwe okutuukiriza ekigendererwa kye."* (C) *Omulimu gwa Katonda ogw'okukalubya omutima gw'omuntu*—**Kuv 8:1** kulaga nti kwali kwagala kwa Katonda nti Abaisiraeri bava mu Misiri. Naye ate, **Kuv 4:21** n'enyiriri endala ziraga nti Katonda ye yayagala okukalubya omutima gwa Falaawo. Mu ngeri emu, **Bar 10-11** eraga nti, newakubadde Katonda atadde emikono gye ku Isiraeri olw'obulokozi bwabwe, akalubya emitima gyabwe okumala akaseera ng'ekitundu ku nteekateeka ye yonna. (D) *Eddembe lya Katonda okuziyiza ekibi n'okwagala kwe obutakiziyiza*—**Lub 20:6, 1 Sam 2:22-25, Bar 1:24-28** biraga nti Katonda alina eddembe n'amaanyi okuziyiza abantu okukola ebibi. Oluusi akikola, naye oluusi takikola. Mu kino eky'oluvannyuma, okwagala kwe kuli nti ekibi kyeyongere (newakubadde ekibi kikontana n'okwagala kwe okulagiddwa), asobole okubonereza omwonoonyi mu bwenkanya. Mu ngeri eyo n'endala, kuba kwagala kwa Katonda ekintu ekimu okubaawo, naye ate mu ngeri endala n'ayagala ekikontana n'ekintu ekyo okubaawo (Piper 2000: 111-19). "Okwagala okwo okw'emirundi ebiri" oluusi kuyitibwa okwagala kwa Katonda "okulagira" (kwe kugamba, ekyo kyalagira abantu okukola) n'okwagala kwe "okulagira mu tteeka okubaawo" (kwe kugamba, ekyo mu butuufu kyalagira ekiteekwa okubaawo), oba okwagala kwe "okubikkuliddwa" n'okwagala kwe "okw'ekyama". Nga Ngewa bw'akiteeka, "Ekigambo ky'Oluyonaani ekivuunulwa 'ayagala' [mu **1 Tim 2:4**] tekitegeeza nti okwo kwe kwagala kwa Katonda okutuukiridde, okutayinza kuziyizibwa. Wabula, Pawulo akozesa ekigambo ekiraga ekigendererwa kya Katonda ekya wamu ku lw'abantu— awa abantu bonna obulokozi. Okukyogerakomu ngeri endala, Pawulo tagamba nti Katonda ayagala 'okulokola abantu bonna' , naye nti ayagala 'bonna balokoke'." (Ngewa 2009: 42) Ngewa akilambika bw'ati: "Embaga n'enyimbe mu Afirika bya kubeeramu omuntu yenna aba ayagadde okubibeeramu. Tewali n'omu agobwa okuva mu ebyo kubanga tewali mabaluwa gagabibwa okubayita. Buli muntu aba azze ayanirizibwa. . . Mu ngeri eyo, buli omu ayitiddwa okujja okweyagalira mu bulokozi bwa Katonda. Abo bonna abajja baanirizibwa, naye ekigendererwa kya Katonda tekijja kuziyizibwa singa abamu basalawo obutalokoka." (Ibid.: 42-43) Ku ky'obulokozi, wabula, kiteekwa okutegeerekeka nti, newakubadde waliwo okuyita abantu okw'awamu okukkiriza Kristo n'okulokolebwa, *tewali n'omu*, mu butuufu, ajja okusalawo okukikola ku lulwe. Abo bokka Katonda baakyusizza emitima gyabwe (abazaaliddwa obuggya) bajja kumwanukula n'okukkiriza (laba **Yok 3:3; Bik 13:48; Bar 3:9-18; Bef 2:1-9**). Nga bwe tusaasaanya amawulire amalungi aga Kristo, Katonda atukozesa ng'ebikozesebwa bye okubikkulira abo b'alonze, n'okukola ku mitima gyabwe.

4. **1 Tim 2:4** tetubuulira *lwaki* Katonda ayagala abantu bonna okulokoka, naye n'atafaayo okulaba nti bonna, mu butuufu, balokoka. Ekiddibwamu eky'ekibuuzo ekyo kirina kye kikola ku nsonga endala nyingi. Endowooza enkulu ebbiri ez'enjigiriza ku Katonda—eya Calvin n'eya Arminia—zombi zikkiriza nti okusalawo kwa Katonda obutalokola buli omu, newakubadde waliwo okwagala kwe okulagiddwa nti bonna balokoke, kuyinza okuba lwa nsonga nti "agenderera okutuuka ku kintu eky'omuwendo omunene okusinga okulokola bonna" (Piper 2000: 124). Wabula tebakkiriziganya ku kiki ekintu ekyo kye kiyinza okuba. Eri ab'Arminia, okwewaayo kwa Katonda okussa ekitiibwa mu ddembe ly'omuntu okwesalirawo kuzibikira okwagala kwe nti bonna kibagwanira okulokoka. Kale, ab'Arminia balaba Ekitambiro nga *akakisa* k'okulokoka kwa *bonna*, naye mu butuufu *tekileetawo* oba *tekikakasa* okulokoka kw'*omuntu yenna.* Ate ku ludda olulala, aba Calvin balaba nti Katonda yeenyigira nnyo mu nsonga z'ensi okusinga Katonda w'ab'Arminia. Katonda "afuga ebizibu byonna n'okubonaabona kwonna ebireetebwa obutonde oba omuntu" (eky'okulabirako, **Amos 3:6; Isa 45:7**), yeenyigira mu kubonaabona kw'abantu be (eky'okulabirako, **1 Peet 3:17, 4:19**), era afugira ddala byonna ebikwata ku bulamu bw'omuntu (eky'okulabirako, **Nge 16:9; Bik 18:21; Yak 4:15**) (laba Piper 2000: 119-22). Eri aba Calvin, okwewaayo kwa Katonda okutakyusika kwe kuli nti ekitiibwa kye kyonna mu bujjuvu kilabisibwe mu busungu bwe n'okusaasira kwe (**Bar 9:22-23**), n'okuwoombeesa kw'omuntu omuntu asobole okweyagalira mu kwebaza Katonda olw'obulokozi bwe (**1 Kol 1:29**). Aba Calvin n'olw'ekyo balaba nti okufa kwa Kristo ku musalaba *mu butuufu*, so si kwogera bwogezi, kwakola ekitambiro eky'ebibi, ne kukakasa obulokozi eri bonna Katonda be yayita (laba **Yok 1:12-13; 6:37-39, 44, 65; 10:25-29; Bik 13:48; Bar 8:30**).

Copyright © by Jonathan Menn 2007-2014. All rights reserved.

Kubanga waliwo Katonda omu, era omutabaganya wa Katonda n'abantu omu, omuntu Kristo Yesu: 1. Waliwo olukonko lunene wakati wa Katonda n'omuntu. Katonda yatonda omuntu mu kifaananyi kye (**Lub 1:26-27**), n'atandika okusseekimu naye mu Lusuku lwa Edeni (**Lub 2:15-25; 3:8**). Katonda ayagala ensi (**Yok 3:16**) era ayagala abantu bamweyagaliremu emirembe n'emirembe ng'abantu be, nga ye Katonda waabwe (**Zab 144:15; Yok 10:10; Baf 4:4; Bak 1:16; 1 Yok 2:25; Kub 21:3-4**). Mu kifo ky'okweyagalira mu Katonda n'okusseekimu naye, abantu bonna baava ku Katonda ne bakola ebibi n'obujeemu mu maaso ge (**Lub 3:1-7; Mub 7:20; Bar 1:18-32; 3:9-18, 23; 8:7; 1 Yok 1:8, 10; 2:25**). Abantu bonna balina amaanyi g'ekibi ekibabeeramu (**Mat 7:10-11, 15-20; Mak 7:14-23; Bar 7:14-24**). N'olw'ekyo, abantu tebasobola na kutuuka ku mitindo egyabwe ku bwabwe, okuleka egya Katonda. Katonda mutuukirivu (**Mat 5:48**). Yatuukirira mu: kwagala (**1 Yok 4:8**); magezi (**Zab 104:24; Bar 11:33-34**); bulungi (**Zab 107:8; Bar 2:4**); butukuvu (**1 Peet 1:15-16; Kub 15:4**); bwenkanya (**Lub 18:25; Kuv 34:6-7; Ma 32:4; Zab 96:13**); n'amazima (**Zab 86:15; 117:2; Beb 6:18**). Kubanga Katonda mutuukirivu era mutukuvu, tayinza kukolagana na kibi (**Isa 59:2; Yok 9:31; 1 Yok 1:5-7**). Wabula, mu bwenkanya bwe alisalira abakozi b'ebibi bonna omusango (**Bar 1:18; Bef 5:6; Beb 9:27**). Empeera y'ekibi kufa awamu n'okwawulibwa ku Katonda okw'emirembe n'emirembe (**Lub 2:17; Ezek 18:4; Mat 25:46; Bar 6:23; Bik 17:30; 2 Bas 1:6-9; Kub 20:11-15**). Olw'obubi bwabwe, abantu tebasobola "kuweebwa ng'empeera" oba "okukolerera" enkolagana ennungi ne Katonda (**Bik 13:39; Bag 2:16; 3:11; Bef 2:1-3, 12**).

2. Yesu yekka y'asobola "okugatta" Katonda n'omuntu, kubanga Yesu Kristo yekka ye Katonda mu bujjuvu era ye muntu mu bujjuvu yekka ataakola kibi kyonna. "Omutabaganya" ye muntu aleeta wamu abantu ababiri abatakwatagana n'abatabaganya. Omutabaganya alina kubeera nga akwatagana n'enjuyi zombi. Ku nsonga ya Katonda n'omuntu, Yesu Katonda mu bujjuvu (**Mak 14:61-64; Yok 1:1; 5:18; 8:58-59; 10:30-33; 20:28; Bak 1:15; 2:9; Tito 2:13; Beb 1:1-3; 2 Peet 1:1; 1 Yok 5:20**). N'olw'ekyo ayinza okukolagana ne Katonda mu bujjuvu. Era Yesu muntu mu bujjuvu (**Mat 13:54-57; Luk 2:5-7, 40, 52; Yok 4:6; 11:35; 19:28, 34; Beb 2:17**). N'olw'ekyo ayinza okukolagana n'omuntu mu bujjuvu. Okwawukana n'abantu abalala, Yesu teyalina kibi kyonna (**Luk 23:14-15, 41; 2 Kol 5:21; Beb 4:15; 1 Peet 2:21-22; 1 Yok 3:5**). N'olw'ekyo ayinza okukiikirira Katonda eri omuntu, era ayinza okukaabirira Katonda ng'omuntu. N'olw'ekyo, Yesu yekka y'ayinza okubeera omutabaganya wakati wa Katonda omutukuvu n'omuntu omwonoonyi. Ye yekka y'ayinza okuwa abantu obulamu obutaggwaawo n'okuddamu okugatta Katonda n'omuntu (**Yok 14:6; Bik 4:12; Bar 8:34; Bak 1:19-20; Beb 7:24-27; 1 Tim 1:15; 2:5; Beb 2:14-18; 9:11-15; 1 Yok 2:1, 23**).

Eyeewaayo abe omutango olwa bonna: 1. Yesu yeetikka ebibi byaffe ku musalaba **(Isa 53:6; 2 Kol 5:21; 1 Peet 2:24)**. Mu kwesaddaaka ku musalaba—okwetikka ebibi byaffe newakubadde yalina obulamu obutaalimu kibi, n'okutufiirira—Yesu yasasula omutango ogw'ekibi kyaffe (**Isa 52:10-11; Mat 27:46; Bar 5:8; Bag 3:13-14; 4:4-5; Kol 2:13-14; 1 Peet 3:18; 1 Yok 1:7; 4:9-10**). Yesu yalaga obulamu ffe bwe twali tugwanidde okubeeramu (obutalina kibi era obusanyusa Katonda mu bujjuvu), n'afa okufa ffe kwe twalifudde (okwetikka ekibonerezo eky'ebibi byaffe mu kifo kyaffe, tuleme okukyetikka). Katonda Kitaffe yakkiriza ssaddaaka ya Yesu ku musalaba. Ekyo kikakasibwa Amazuukira (**Bik 2:22-36; Bar 1:4; 3:21-25; 4:25; Bef 1:18-2:7; Beb 10:11-14; Kub 5:1-14**). Obulamu obuggya n'enkolagana ezzibbwaawo ne Katonda tebiyinza "kusasulwa ng'empeera," kubanga ffenna tuli boonoonyi era tetuyinza kukyuka ffekka okuva munda mwaffe. Wabula, Yesu atuwa obulamu obutaggwaawo n'azzaawo enkolagana wakati waffe ne Katonda ng'ekirabo ekiweebwa buli amukkiriza (**Yok 6:47-51; 10:10; Bar 5:8-21; 6:23; 1 Kol 1:21; 2 Kol 5:18-21; Bef 2:8-9; Kol 1:19-22**).

2. Ekigambo "omutango" kyogera ku muwendo ogulina okusasulwa okununula omuntu oba ekintu; ekiseera kyatuuka ne kikwatagana n'omuwendo ogwasasulwanga okugula omuddu olw'okumusumulula. Endagaano Empya eraga nti tuli baddu eri ekibi (**Yok 8:34-36; Bar 6:17-20; Bef 2:1-5; 2 Tim 2:25-26**). Naye, Kristo yasasula omutango atugule era atusumulule mu ye (**Mat 1:21; 1 Kol 6:19-20; Bef 1:7; Tito 2:14; 1 Peet 1:18-19; Kub 5:9**).

3. Ekigambo *"olwa bonna"* kiyinza okutegeeza "olwa bonna awatali kwawulamu," oba "olw'endiga ze zonna," so si "olwa bonna awatali kwawulamu." Oba Kristo yasasulira ddala omutango ogw'ebibi by'abantu bonna awatali kusosola, awo ne wajja ensonga ya "okubonerezebwa emirundi ebiri." Kwe kugamba, ebibi by'abantu bonna bwe biba nga byatangirwa Kristo, kale baba tebaky'alina kusasula. Kale tekyalibadde kya bwenkanya okusindika omuntu okugenda mu ggeyeena, kubanga ebibi by'abantu bonna, mu butuufu, byamala okusasulirwa (kiri nga ekkooti bw'enteekako ekibonerezo olw'okumenya etteeka, naye ate muganda wange n'asasulira omusango gwe nazza mu bujjuvu, kale gavumenti eba tekyalina buyinza okuddamu okunsaba omutango omulala, kubanga omuwendo gumaze okusasulwa mu bujjuvu). Singa omuntu abadde asobola okugamba nti, "Abatakkiriza basindikibwa okugenda mu ggeyeena olw'obutakkiriza bwabwe," ekibuuzo kyaligambye nti: "obutakkiriza si kibi?" Eky'okuddamu kiri nti, "Yee—obutakkiriza ky'ekikula ky'ekibi." Oba obutakkiriza kibi, kitegeeza nti nabwo bwasasulirwa (kiri nga, oba muganda wange yasasula omutango gwange

Copyright © by Jonathan Menn 2007-2014. All rights reserved.

naye ne simanya nti yagusasula, bwe ng'enda mu kkooti okusasula omutango ogwo, ekkooti eba terina buvunaanyizibwa okuntwalako sente ezo kubanga ebyetaago by'etteeka lye namenya byatuukirizibwa). N'olw'ekyo, mu kukwanaganya olunyiriri luno n'Ebyawandiikibwa ebirala ebyogera ku Mutango, okuwunzika okutegeerekeka era okukkiriziganya ne Baibuli kulabika okuba nti waliwo ekiyitibwa Omutango "ogw'Enjawulo [oba, oguliko Ekkomo]": Okufa kwa Kristo mu butuufu kwaleetawo era kwakakasa obulokozi bwa buli omu gwe yafiira ku musalaba "awatali kwawulamu" (endiga ze—**Yok 10:25-29**).

2:8-15: ***[8]Kyenva njagala abasajja basabenga mu buli kifo, nga bayimusa emikono emitukuvu, awatali busungu na mpaka. [9]Bwe batyo n'abakazi beeyonjenga mu byambalo ebisaana, n'okukwatibwa ensonyi n'okwegendereza; si mu kulanganga enviiri ne zaabu oba luulu oba engoye ez'omuwendo omungi, [10]naye nga bwe kisaanira abakazi abeeyita abatya Katonda, n'ebikolwa ebirungi. [11]Omukazi ayigenga mu bukkakkamu mu kugonda kwonna. [12]Naye omukazi mmugaanyi okuyigirizanga, newakubadde okufuganga omusajja, naye okubeeranga mu bukkakkamu. [13]Kubanga Adamu ye yasooka okutondebwa, oluvannyuma Kaawa. [14]Era Adamu si ye yalimbibwa, naye omukazi oli ye yalimbibwa n'aba mu kwonoona. [15]Naye anaalokokanga mu kuzaala, bwe banaanyiikiriranga mu kukkiriza n'okwagala n'obutukuvu awamu n'okwegendereza.***

Okutandika mu **2:8-9** Pawulo *ateeka mu nkola* ekyo ky'ava okwogera ku kusaba, okusooka mu kwogera ku *basajja* ate ne ku *bakazi.* "Ekiluubirirwa ekikulu eky'okuyigiriza okuli mu **1 Tim 2:8-10** si kulagira *ekikolwa* eky'okusaba naye (ekiragiro eky'okusaba kimaze okuweebwa mu nyiriri 1-2) empisa z'abasajja n'abakazi mu kusaba n'okusinza. . . wano Pawulo ayogera ku kwolesa empisa ennungi mu bikolwa eby'eddiini eby'abasajja n'abakazi. Akkaatiriza nti endabika yaabwe ey'ebweru terina kukontana n'empisa zaabwe ez'omunda." (Liefeld 1999: 95)

Kyenva njagala abasajja basabenga: Ekigambo "N'olw'ekyo" kiyunga **2:8** ku ebyo ebyakulembedde. Omulamwa ogwa wamu ogwa **2:8** kusaba. Omulamwa gwennyini guli okusaba tusobole okubeera n'obulamu obutya Katonda enjiri esobole okusaasaana n'abantu balokoke. Abasajja Abakristaayo be balina okuwa eky'okulabirako. Okusaba tekukoma ku ebyo bye tukola ku lunaku lwa Sande byokka. Wabula, kubanga okusaba kulaga enkolagana yaffe ne Kristo, ate nga bulijjo tuli naye, Obukristaaayo bwaffe bulina okulabika ebiseera byonna *"mu buli kifo."* N'olw'ekyo, kubanga okusaba kye kintu eky'omugaso ennyo mu kubeera omwesigwa (**2:1**), tulina okubeera n'endowooza ey'okusabanga ebiseera byonna *"mu buli kifo."*

Nga bayimusa emikono emitukuvu, awatali busungu na mpaka: 1. *"Okuyimusa emikono emitukuvu"* si kyetaago ku ngeri gye tulina okuyimiriramu (emikono gyaffe egy'omubiri) nga tusaba. Wabula, *"okuyimusa emikono emitukuvu"* ebeera *njogera* ewa ekifaananyi eky'okusaba *okuva mu bulamu obutukuvu.* Ekyo tukimanyi lwa nsonga ziwerako: (A) Ekiri mu mwaliro kigamba nti tulina okusabanga tusobole okubeera n'obulamu obutukuvu. N'olw'ekyo tuyinza okusuubira nti Pawulo bw'abaako ne ky'agamba abasajja ku nsonga eno, ky'agamba kijja kukwata ku nsonga y'okubeera n'obulamu obutukuvu. (B) "Obutukuvu" kigambo kya mwoyo, si kya mubiri. Omuntu okunaaba engalo ze ez'omubiri tekumufuula omutukuvu bw'abeera n'obulamu obulimu ekibi (laba **Nge 6:16-19; Isa 1:10-17**). (C) Ebigambo ebiddako, *"awatali busungu na mpaka,"*bikwata era byongera okunyonnyola ku *"okuyimusa emikono emitukuvu."* Ebigambo ebyo biraga nti ekikulu gwe mutindo gw'obulamu bw'omuntu, so si wa emikono gyaffe egy'omubiri we giri. (D) Abantu bayinza okusaba nga: bakutamye (**Lub 24:26**); beevuunise ku ttaka (**Yos 5:15; 7:6**); bavunamye ku ttaka, nga batadde amaaso gaabwe wakati w'amaviivi gaabwe (**1 Bassek 18:42**); bafukamidde (**Zab 95:6; Dan 6:10**); bayimusizza emikono waggulu (**Kung 3:41**). Omuntu ayinza n'okusaba ng'ayimiridde ku mutwe gwe. Enyimiriza y'omubiri gwo si kye kikulu; embeera y'omutima kye kikulu. (E) Okwawukana n'Endagaano Enkadde, eyafuganga *ekikula* ky'ensinza ya Isiraeri, mu Ndagaano Empya waliwo "obutakola makulu mu kulowooza ku kusinza ng'ekintu eky'okungulu n'okuteeka amaanyi mu kusinza ng'ekintu ekikolebwa mu mutima" (Piper 2003: 215-16). Yesu yagamba, *"Ekiseera kijja kye batalisinzizangamu Kitaffe . . . lwe banaasinzizanga Kitaffe mu mwoyo n'amazima"* (**Yok 4:21-23**). Ensonga entuufu lwaki Endagaano Empya terina biragiro by'ebweru ebikwata ku kusinza eri nti "Endagaano Empya kwolesebwa kwa bubaka obukola mu nkumi na nkumi z'amawanga n'olw'ekyo yali tesobola kuteekebwako omugugu gw'eby'okungulu" (Piper 2003: 215). Mu butuufu, newankubadde Endagaano Empya terina bulombolommbo bw'etulagira kutuukiriza, ka bibeere ebifo eby'enkizo mwe tulina okusabira oba okusinza, ebyo bye tukola bye biraga ekiei munda mu mitima gyaffe. N'olwekyo, tusaanye twegendereze nnyo bye tukolas kluba bye biraga ekiri munda mu ffe, era abatali bakkiriza kwe basinziira okumanya ebifa mu kkanisa, ku bakkiriza n'obukulisitaayo bwonna okutwalira awamu. Kye tuva tusaana okuba abeegendereza ennyo nga tuliko bye tukola tuleme okutyoboola edembe erituweebwa mu

Copyright © by Jonathan Menn 2007-2014. All rights reserved.

ndagaano Empya.

2. *"Awatali busungu na mpaka" kyakulabirako eky'ekibi ekibeera mu basajja* ekitera okubaziyiza okusaba okuva mu bulamu obutukuvu (kwe kugamba, kibaziyiza *"okuyimusa emikono emitukuvu"*). Obusungu, empaka, okulwana, n'okuyomba by'ebintu ebibeera mu basajja ebiva mu kwetwala okuba owa waggulu awamu n'omululu. Bye bintu ebiwakanya obuwombeefu era ebibagaana okutwala Katonda n'okwagala kwe okubeera nga y'asooka mu bulamu bwabwe. N'olw'ekyo, abasajja abasaba nga bali mu mbeera eya "*obusungu n'empaka*" tebasuubira nti Katonda anaabatunuulira n'amaaso ag'ekisa oba okuwulira okusaba kwabwe.

3. Ekigambo ekivvuunulwa "okuwakana" mu Baibuli yaffe ey'Oluganda (Oluyonaani = *dialogismos*) era kiyinza okuvvuunulwa nga "okubuusabuusa". Amakulu aga namaddala agakwata ku kikolwa eky'okuwa ensonga: kwe kugamba, okuwanyisaganya kw'ebigambo kubeerawo singa ebirowoozo bibiri byolesebwa ("okwawukana, okuwakana, okuyomba"—laba **Luk 9:46-47; Baf 2:14**); oba okuwa ensonga ereeta obutali bumativu ("okubuusabuusa"—laba **Luk 24:38**). Omwaliro gwokka gwe guyinza okutuwa enzivvuunula entuufu. Mu **2:8** ensonga ssatu ziraga nti enzivuunula ya "okukuba empaka/okuwakana/okuyomba" erabika okuba ekyo Pawulo kye yali agenderera okutuukako: (A) Obusungu n'okuyomba bye bintu ebikolagana. Okuyomba kwolesa obusungu. Ebigambo ebyo biyungiddwa wamu n'ekigambo "ne." Ate ku ludda olulala, "okubuusabuusa" tekukolagana nnyo na busungu. Singa "okubuusabuusa" ge gaali amakulu, omuntu yaalisuubidde ekigambo "oba" wakati wa "obusungu" ne "okubuusabuusa." (B) Omwaliro gw'essuula 2 gukwata ku ndowooza y'omuntu n'ebikolwa bye *eri abantu abalala* nga bwe byolesa endowooza ye ku Katonda. Mu **2:8** "obusungu" bulagirizibwa eri abantu abalala. Mu **2:9-13** omulamwa guli ku ekyo empisa z'abakazi kye zikola ku basajja. Mu **2:1-7** emisingi egy'okusaba kwaffe gikwata okusooka ku bantu abalala (kwe kugamba, tulina okusabira bonna kubanga Katonda afa ku bonna, era tulina okusaba gavumenti n'abantu be tuli nabo mu kitundu basobole okutukulembera mu bulamu obw'emirembe). "Okuwakana" oba "okuyomba" mu ngeri y'emu ky'ekintu ekikwata ku bantu abalala, so nga "okubuusabuusa" tekufaanana omulamwa gw'eby'okulabirako ebyogerwako mu kitundu ekisigadde eky'essuula eyo. (C) Pawulo ayogera naddala ku basajja, era wano akutte ku ndowooza n'empisa embi ezitera okubeera mu basajja. "Okubuusabuusa" kulabika okuba kintu kya wamu, era kusangibwa mu basajja n'abakazi mu ngeri y'emu, okwawukanako n'ekintu ekitera okusangibwa mu basajja, so nga okuyomba oba okuwakana bitera okusinga okubeera mu basajja.

Bwe batyo n'abakazi beeyonjenga mu byambalo ebisaana, n'okukwatibwa ensonyi n'okwegendereza:
Ekigambo "bwe batyo" (oba, "mu ngeri y'emu"), Pawulo ky'atandikisa **2:9** kiteeka okwogera kwe ku bakazi mu mwaliro gwe gumu n'okwogera kwe ku basajja: okusaba—naddala, okusabanga okusobola okubeera n'obulamu obutya Katonda n'okusabanga okuva mu bulamu obutukuvu. Mu **2:8** Pawulo yayogera ku bibi ebitera okukolebwa abasajja; mu **2:9** ayogera ku bintu bye bimu ebitera okukolebwa abakazi. Newakubadde abakazi batera okusunguwala ne bawakana, empisa ng'eyo tetera kubeera nnyo mu bakazi nga bw'ebeera mu basajja. Abakazi batera okwagala okufa ku ndabika yaabwe, n'okulabirira obulungi bwabwe n'eby'okwegatta mu kaboozi ak'ekikulu. "Mu nyiriri 9-10 eky'okulabirako kiri nti obwakatonda bw'omukazi obw'omunda bulina kulabikira mu bikolwa bye ebirungi. Mu Buyonaani obw'edda, kumpi ne mu biseera bya Pawulo, okwambala engoye ez'omuwendo, okulanga enviiri, n'ebikomo byalowoozebwanga obutakwatagana n'empisa ennungi n'obwakatonda obw'amazima. N'olw'ekyo, abakazi Abakristaayo baalina okwambalanga 'ebisaana.' Enyinyonyola y'ebyambalo, ensiba y'enviiri, n'ebikomo bya zaabu eraga ensonga bbiri lwaki byali tebisaana. (1) Esooka z'ensimbi enyingi ebintu ebyo ze byatwalanga. Ekikwata ku zaabu kyeyogerera, so nga ekigambo ekikozesebwa mu kunyonnyola ebyambalo ebitasaana ky'ekigambo 'omuwendo omungi.' (2) Ensonga endala y'empisa ey'obwenzi, eyaliwo nnyo mu biseera ebyo." (Liefeld 1999: 95-96) Mu nsonga ezo zombi, okuyita mu mpisa zaabwe ezijudde ekibi, abasajja n'abakazi basikiriza ebirowoozo by'abantu abalala gye bali ne babiggya ku Katonda. Ekintu ng'ekyo kiva mu ndowooza n'obulamu obuwakanyiza ddala endowooza omuntu gy'alina okubeera nayo mu kusinza. Tekiraga okwagala eri Katonda oba baliraanwa baffe. Bwe tubeera n'endowooza n'empisa ng'ezo tetuyinza kutuuka ku kiluubirirwa eky'okwagala. Pawulo akitangaaza bulungi nti ebitundu byonna eby'obulamu bwaffe—endowooza zaffe, okunyiikira okukwata amakubo gaffe ku bwaffe, n'enyambala yaffe—biraga bulungi kiki kye tulowooza ku Yesu n'abantu abalala.

Si mu kulanganga enviiri ne zaabu oba luulu oba engoye ez'omuwendo omungi, naye n'ebikolwa ebirungi:
1. Ensonga ey'okulanga enviiri (*"si mu kulanganga enviiri"*) etuwa eky'okulabirako eky'ensonga lwaki twetaaga okulowooza ku *mwaliro gw'ebyafaayo* (*obuwangwa*) Pawulo mwe yawandiikira ebbaluwa eno. Omwaliro gw'ebyafaayo (oba ogw'obuwangwa) guli "obuwangwa, obulombolombo, ennimi, enzikiriza, n'ebyafaayo by'omuwandiisi n'abantu be yawandiikira" (Doriani 1996: 31). Omwaliro gw'ebyafaayo gutuwa ebyaliwo ebiyinza okutumanyisa amakulu g'ebigambo, obulombolombo, abantu, ebifo, n'emikolo abawandiisi gye boogerako. Baibuli yawandiikibwa nga eyogera ku bintu ebyaliwo ddala, mu buwangwa obwaliwo ddala,

Copyright © by Jonathan Menn 2007-2014. All rights reserved.

eri abantu abaaliwo ddala, abaali mu mbeera ezaaliwo ddala. Wabula, yawandiikibwa okukozesebwanga nga obubaka eri abantu bonna oluvanyuma. N'olw'ekyo, "Okusoomoozebwa okunene okw'obwongo eri enteeka y'Ebyawandiikibwa mu nkola kwe *kukola olutindo wakati w'obuwangwa bwe tusanga mu Baibuli n'obuwangwa obwa leero."* (Doriani 1996: 143). Tuyinza okugamba nti: ebiragiro ebiri mu Baibuli—n'ebyo ebiri mu Ndagaano Empya—bikwata ku bantu bonna, mu biseera byonna ne mu bifo byonna, oba byakoma ku buwangwa mwe byawandikibwa?

2. Okulemwa okwawula wakati w'ebikwata ku buwangwa buli bwokka n'ebikwata ku buwangwa bwonna obw'oku nsi y'ensibuko z'ensobi ezikolebwa mu kuteeka Ebyawandiikibwa mu nkola. "Tetwagala kuddira ekintu ekikulu era ekiri waggulu w'obuwangwa okukifuula eky'obuwangwa. Ate ku ludda olulala, tetwagala kuddira ekintu eky'obuwangwa era ekitali kikulu, okukifuula ekintu ekikulu ekya buli buwangwa." (Webb 2001: 24) Okutambulira ku *nnono ezigumiikiriza byonna* kwe kuddira ebintu "ebitakyuka" ebya Baibuli, ebyali bikwata ku bantu abaasooka okufuna ebiwandiiko bino era ne bikwata ne ku ffe abantu ba leero, ne tubifuula ebintu "ebyekuusa" ebikwata ku bantu abaasooka okubifuna era ebitakyali byaffe. Abantu abatambulira ku nnono ezo kumpi baagala okulaba buli kintu nga ekisibiddwa mu buwangwa. Ate ku ludda olulala, o*kukwasisa ebiragiro* kukola ekyawukanira ddala n'ekyo. Abatambulira ku biragiro baddira ebitundu bya Baibuli "ebyekuusa" era ebyali bikwata ku bantu abaasooka okufuna ebyawandikibwa bino bokka, ne babitwala nga "ebitakyuka" era ebikwata ku buli omu. Nga bulijjo, baatunuulira *ekifaananyi* ky'ebiragiro bya Baibuli kyokka, ne batalowooza ku buwangwa oba ennono eri emabega w'ekifaananyi ekyo. Okugezaako okwawula wakati w'ebiwandiiko bya Baibuli ebiraga ebintu "ebitakyuka" (ebikwata ku bantu bonna ebiseera byonna ne mu bifo byonna), n'ebyo "ebyekuusa" ku buwangwa (ebyakoma n'obuwangwa bw'abantu bali n'embeera omuwandiisi wa Baibuli gye yali ayogerako), oba ebitakyayinza okuteekebwa mu nkola olw'ensonga emu oba endala—kiyinza okuba ekizibu ennyo. Omwaliro gw'obuwangwa gutera okwogerwako bulungi mu Baibuli, kubanga ennono z'obuwangwa n'embeera ezaaliwo mu biseera ebyo zaali zimanyiddwa bulungi abawandiisi ba Baibuli n'abasomi b'ebyawandiikibwa bino abaasooka. Eyo y'ensonga lwaki ebitabo ng'oggyeko Baibuli, katugambe nga ebyogera ku bintu ebiri mu Baibuli, ebiwa amakulu g'ebigambo ebiri mu Baibuli, ebinyonnyola, n'ebitabo ebirala ebyebuuzibwako, biyinza okwetaaga okukozesebwa.

3. Bwe kirabika nti ekiragiro mu Baibuli kyekuusa ku buwangwa, tukyetaaga okumanya oba waliwo ennono eri mu kiragiro ekyo eri waggulu w'obuwangwa bwonna ekola olwaleero (newakubadde ennono eyo ejja kuteekebwa mu nkola mu buwangwa bwaffe mu *ngeri* eyawukanako n'engeri gye yateekebwangamu mu nkola mu biseera eby'okuwandiika Baibuli). Enkola eno wammanga yeesigamizibwa ku Doriani (1996: 146-47) ne Hays (2001: 30-35). (A) *Noonya okumanya amakulu agaagendererwa n'enkozesa yaago.* Ekyo kitwetaagisa okukozesa obukugu bwaffe mu kunyonnyola n'okuteeka mu nkola ebyawandiikibwa. (B) *Zuula ennono eri waggulu w'obuwangwa eri emabega w'ekiragiro ekyo.* Manya ekyo ekyali "kyekuusa" ku bantu abaaweebwa ekiragiro ekyo bokka n'ekyo "ekikwata ku bonna" (ekitakwata ku bantu abaasooka okukifuna bokka naye ne ku bantu oba abakkiriza bonna mu buli kifo ne buli kiseera y'ensonga enkulu). Ekyo kiyinza okutwetaagisa okwawula wakati w'*ekifaananyi* ky'ekiragiro ekyo n'*ekikula* kyakyo kyennyini (amakulu gakyo, ensonga enkulu, "ekitakyuka," oba ennono eri emabega w'ekiragiro ekyo). "Bwe tuba nga tubuusabuusa oba ekintu kyekuusa ku buwangwa oba nedda, kya mugaso okukiteeka mu mwaliro gw'ekitangaala ky'obubaka obugazi obwa Baibuli." (Wolvaardt 2005: 300). Okukola ekyo kutwetaagisa okuba n'amagezi agakwata ku kyafaayo ekyo kyonna, empisa z'abantu, enjigiriza, n'eby'okulabirako ebiri mu kyafaayo ekyo. "Omuntu lwe yeeyongera okutegeera obulungi obubaka obugazi obwa Baibuli, lwe kyeyongera n'okumubeerera ekyangu okwawula ebitakyuka n'ebyekuusa" (Ibid.: 28). Ebiseera bingi (naye si bulijjo) ekifaananyi ky'ekiragiro n'ennono eri emabega wakyo biyinza okutegeerekeka obulungi, era biyinza okuteekebwa mu nkola nga bwe biteekeddwa mu bigambo, naddala ebiragiro ebiri mu Ndagaano Empya. Naye, tuteekwa okwegendereza "obutayitiriza" ekiragiro ekyo, ennono eyo, oba enteeka yakyo mu nkola. (C) *Vumbula embeera efaanana ng'eyo olwaleero.* Ekyo kitwetaagisa okubeera abamanyi okunyonnyola obulungi obuwangwa bwaffe. Mu kukola ekyo twetaaga okumanya enjawulo ezikwatibwako eziyinza okubaawo wakati w'abaasooka okufuna ebintu bino n'abakkiriza aba leero. Twetaaga okulowooza kiwanvu lwaki embeera emu olwaleero efaanana n'embeera eyaliwo mu kiseera eky'okuwandiika ebigambo bino. Amateeka g'Endagaano Enkadde gonna, ebiragiro, n'obuteekateeka, bingi ku byo nga biri ne mu Ndagaano Empya, *bitukwatako mu ngeri y'okubifaanaganya n'ebintu ebirala, bwe biba nga bitukwatako*. Okuteekesa mu nkola kuba kutuufu singa embeera eyaliwo mu kiseera eky'okuwandiika ebigambo ebyo n'embeera eriwo olwaleero, mu butuufu, zifaanagana (zirina okufaanagana okulabika). (D) *Salawo okukozesa okuteekesa mu nkola okulimu ennono engazi.* Mu kuteekesa mu nkola, mu butuufu tuyinza: 1. Okwongerayo ebiragiro bya Baibuli. Eky'okulabirako, obuteegomba endogoyi ya muliraanwa wo (**Kuv 20:17**) bulimu okuteekesa mu nkola okuyinza okwongerwayo (teweegombanga mmotoka ya munno). 2. Kyusa ebiragiro ebiri mu Baibuli ebyesigamizibwa ku mbeera z'obuwangwa ez'enjawulo. Eky'okulabirako, mu kifo ky'okulamuzagana ne "okunywegera okutukuvu" (**Bar 16:16**), okukwata mu ngalo okw'amazima oba

Copyright © by Jonathan Menn 2007-2014. All rights reserved.

okugwang'ana mu kifuba kuyinza okukozesebwa. 3. Teeka ekkomo ku biragiro bya Baibuli. Eky'okulabirako, mu kifo ky'okunywa ku mwenge olw'ebizibu by'olubuto (**1 Tim 5:23**) tuyinza okukozesa eddagala oba amazzi agalongoseddwa n'eddagala oba eby'okunywa ebiba biriwo. 4. Oyinza n'okuzza emabega ebiragiro ebiri mu Baibuli bwe kiba nti okuteeka mu nkola ekiragiro ekyo "nga bwe kiri" kugootaanya ensonga oba ennono eri emabega wakyo. Eky'okulabirako, mu **1 Tim 5:3-16** nnamwandu ali waggulu w'emyaka enkaaga naye nga talina baana oba abazzukulu, newakubadde agwa mu kiti ky'ebyetaago Pawulo bye yateekawo, ayinza obutayambibwa singa afuna ku bintu ebyalekebwa bbaawe, sente ez'okulekulira omulimu, oba singa abeera afuna obuyambi bwonna okuva eri gavumenti (ekimu ku ebyo Pawulo ky'ataayogerako). Ate ku ludda olulala, nnamwandu omuto alina abaana ayinza okuyambibwa bulungi abaana be bwe baba nga tebayinza kumuyamba (bayinza okuba abato ennyo, oba ab'enju ye bayinza okuba nga baamuvaako, eky'okulabirako, bw'aba yakyuka okuva mu Buisiraamu n'adda mu Bukristaayo), bw'aba talina ssuubi lya kuddamu kufumbirwa (katugambe, nga mulwadde wa mukenenya, oba olw'ensonga endala yonna. (E) *Okugeraageranya enteekesa yaffe mu nkola n'ebyawandiikibwa ebirala, naddala n'enjigiriza ey'Endagaano Empya.* Enteeka yaffe mu nkola ey'ekiragiro bw'eba ng'ekwatagana bulungi n'ebitundu ebirala ebiwerako eby'ebyawandiikibwa, awo tubeera n'obukakafu bwayo. Tulina okwegendereza bwe tusanga ekiragiro kya Baibuli ekirabika okuba nti kyesudde wala n'embeera eya leero. Eby'okulabirako ebya Baibuli biyinza okukakasa, oba okumenyawo, enteekesa yaffe mu nkola ey'ekyawandiikibwa.

4. Omwaliro gw'ebyafaayo oba ogw'obuwangwa bwa **2:9-10** n'enyiriri endala ezifaanana ng'ezo ziraga nti ebintu Pawulo by'ayogerako ebikwata ku misono gy'enviiri n'ebyambalo byekuusa ku buwangwa, naye nga ennono y'empisa esaana eri waggulu w'obuwangwa bwonna. Blomberg akyogerako bw'ati, "Guno 'Omutindo oguteekeddwawo ogw'okwambala' kabonero akalaga nti abakazi abagagga mu Efeso be baali basingira ddala okukola obubi abantu era be baawandiikirwa ebbaluwa eno. Bo bokka be baali basobola okulanga enviiri ezoogerwako mu kyawandiikibwa kino. Amazima gali nti, ebyawandiikibwa eby'Oluyonaani bikiraga bulungi, 'si n'enviiri ezilangiddwa ne zaabu oba luulu . . .' Tewaaliwo kikyamu ku kulanga enviiri, naye ennanga y'enviiri ezo n'ebikomo, okusobola okuzikwasa wamu, kyatwalanga essaawa nyingi okusobola okulungiya endabika y'omukazi ey'ebweru era yalaganga ebyambalo eby'omuwendo ogwa buwanana." (Blomberg 1999: 207) Earle agattako nti, "Ekyali kisinga okuba ekibi ennyo kyali nti, ebyo bamalaaya bye baakolanga. Bwe kiba nga kirina akalungi konna akakirimu, kaalaganga amalala n'omuntu okwefaako yekka, ebintu ebikontana n'omwoyo gwa Kristo." (Earle 1978: 361) Ekirala, kumpi **2:9-10** y'emu ne **1 Peet 3:3-4**, egamba nti *"obuyonjo bwammwe tebubanga bwa kungulu—obw'okuluka enviiri, n'okunaanika e zaabu n'okwambala engoye; naye omuntu ow'omwoyo atalabika, mu kyambalo ekitayonooneka, gwe mwoyo omuwombeefu omuteefu, gwe gw'omuwendo omungi mu maaso ga Katonda."* Ekiwandiiko eky'Oluyonaani kigamba nti, 'okweyonja kwammwe kuleme kubeera okweyonja okw'ebweru okw'okulanga enviiri n'okwambala ezaabu oba okwambala engoye.' Si kituufu, n'olw'ekyo, okukozesa ekiwandiiko kino okugaana abakazi okusiba enviiri oba okwambala ebikomo ebya zaabu, kubanga singa bwe kiri kyalibadde kitegeeza nti n'okwambala engoye kwalibadde kugaanibwa. Ensonga ya Peetero teri nti ebimu ku ebyo birina kugaanibwa, wabula nti tebirina kubeera 'okweyonja' kw'omukazi, ensibuko y'obulungi bwe." (Grudem 1988: 140) Mu ngeri y'emu, **1 Kol 11:5-6** teyogera ku mukazi okubikka ku mutwe gwe kubanga okubeera n'omutwe ogutabikkiddwako *"kiswaza omutwe"* era kimufuula okwenkana *"amwereddwa,"* era nti *"kiswaza omukazi okubeera n'omutwe ogusaliddwako enviiri oba ogumwereddwa."* Mu buwangwa bwa Pawulo, omukazi omufumbo eyakakasibwa nti ayenze yamwerebwanga omutwe era yabalibwanga okubeera malaaya (Winter 2001: 128). Mu buwangwa obusinga olwaleero, ekyo si bwe kiri. Mazima, mu buwangwa bungi obwa Afirika, abakazi bangi babeera n'emitwe egimwereddwa oba enviiri enyimpi ddala. Tewali kiswaza mu ekyo n'akatono. Nga bwe kyayogeddwa emabegako, obukristaayo bwagendererwa okutuuka mu nkumi z'obuwangwa obw'enjawulo okwetooloola ensi yonna. N'olw'ekyo, enyiriri za Baibuli ezoogera ku nsonga ng'ey'okwambala n'omusono gw'enviiri ziraga bulungi nti ensonga ezo za buwangwa (kubanga emisono gy'engoye gya njawulo mu bitundu eby'enjawulo okwetooloola ensi, n'ekikula ky'enviiri kikyuka n'ebika by'abantu). Wabula, ennono engazi ey'empisa esaana mu kwambala, nga omuntu talaga kimansulo oba obugagga bwe, ekola mu buwangwa bwonna—naye ekikula ky'ekyambalo, emisono gy'enviiri, n'ekikkirizibwa ng'eky'empisa ennungi kikyukakyuka okusinziira ku buwangwa.

Omukazi ayigenga mu bukkakkamu mu kugonda kwonna. Naye omukazi mmugaanyi okuyigirizanga, newakubadde okufuganga omusajja, naye okubeeranga mu bukkakkamu. Kubanga Adamu ye yasooka okutondebwa, oluvannyuma Kaawa. Era Adamu si ye yalimbibwa, naye omukazi oli ye yalimbibwa n'aba mu kwonoona: 1. Enyiriri ezo zireese empaka nyingi nnyo ezikwata ku bungi bw'obuwangwa obuli mu kintu kino oba ennono z'obuwangwa ezikirimu mu basomi ba Baibuli. Bonna bakkiriza nti *"ayigenga mu bukkakkamu mu kugonda kwonna"* ne *"okubeeranga mu bukkakkamu"* mpozii tebiyinza kutegeeza okusirikira ddala, kubanga

Copyright © by Jonathan Menn 2007-2014. All rights reserved.

awalala Baibuli eyogera ku bakazi okusaba n'okulagula mu kanisa (laba **Bik 21:9; 1 Kol 11:5**). Akamu ku bubonero obw'okujjuzibwa Omwoyo (akakwata ku basajja n'abakazi—laba **Bik 2:17-18**) kwe *"okwogeragananga mu zabbuli n'ennyimba n'ebiyiiye eby'Omwoyo"* (**Bef 5:18-19**). Enyiriri ezo zireeta ebibuuzo bingi ebikwata ku kunyonnyla. Ngewa ateeka mu buwandiike ebimu ku bibuuzo ebyo bw'ati: "Ekiragiro [Pawulo okugamba nti *'mmugaanyi*] kikwata ku bwakabaka bwa Katonda ebiseera byonna? Ekigambo kiri mu kiseera ekiriwo, ekisobola okukozesebwa okwogera ku mazima agakwata ku bakazi bonna buli wamu ebiseera byonna, oba ku mbeera eyaliwo mu kanisa ya Efeso mu kaseera akaaliwo. Era waliwo okukubaganya ebirowoozo ku kiki ddala Pawulo kye yali ategeeza bwe yayogera ku 'omukazi'. Pawulo yategeeza omukazi omu eyali amanyiddwa ng'alina omusajja gw'afuga? Oba okugamba 'omukazi' yali ategeeza abakazi bonna okutwaliza awamu? Bwe kiba nga kyekyo, yali ategeeza abakazi ba Efeso bonna abaali bakyamizibbwa abayigiriza ab'obulimba? Oba abakazi bonna abaali mu Efeso? Oba abakazi Abakristaayo bonna abaaliwo mu kiseera kye? Bwe tumala okujjawo ekizibu kya bakazi ki be yali ayogerako, tuyingirira ekizibu ekirala. B'ani abakazi be baagaanibwa okuyigirizanga? Yali muntu omu, abasajja bonna okutwaliza awamu, abasajja baabwe oba abalabirizi? . . . Bwe tumala okuggyawo ekizibu kya ani abakazi gwe baagaanibwa okuyigirizanga, tuyingirira ekizibu kya kiki kye baagaanibwa okuyigiriza. Mu kuddamu kino muyinza okubaamu eky'obutasaasaanya enjigiriza enkyamu, obutayigiriza amazima ag'enjiri, oba obutayigiriza kintu kyonna, omuli amazima ag'enjiri." (Ngewa 2009: 52-53) N'olw'ekyo, tekyewuunyisa, ekitundu ekyo eky'Ebyawandiikibwa kizibu nnyo, naddala olwa "olukonko olunene olw'obuwangwa" wakati w'obuwangwa obungi bwe tulina olwaleero n'obwa Efeso eyedda (gye tumanyiiko ekitono ddala), n'embeera yennyini eyaliwo mu kiseera ekyo.

2. <u>Ensonga esooka ereetebwa enyiriri ezo y'ey'ekigero kya "*okuyigiriza oba obufuzi*" abakazi bwe bayinza okuteeka ku basajja."</u> Buli wamu abakazi balina obuweereza obw'ebika eby'enjawulo mu kanisa: bayigiriza abakazi abalala; bayigiriza abaana mu ssomero ly'abaana ery'oku Sande; baweereza abasajja n'abakazi mu biti eby'enjawulo. Ensonga esinga okuba enkulu eri nti abakazi nabo bassibweko emikono basobole okubeeranga n'obuyinza obujjuvu ku basajja ng'abasumba abakulu oba abalabirizi oba nedda. Ekitabo kimu ekirimu okukubaganya ebirowoozo okuwanvu ku nsonga eyo nga kukolebwa abasomi abasajja n'abakazi kiyitibwa James Beck and Craig Blomberg, ed., *Two Views on Women in Ministry* (Grand Rapids, Mich.: Zondervan, 2001). Ebibiina by'amakanisa eby'enjawulo birina endowooza ez'enjawulo ku nsonga eyo, ate nga n'endowooza mu kibiina ekimu nazo zaawukana. Ekirala, ebitundu bingi eby'ebyawandiikibwa, mu Ndagaano Enkadde n'Empya, birina kye bigamba ku nsonga eyo, era birina okwebuuzibwako okusobola okutuuka ku ky'okuddamu ekituufu. Bino wammanga by'ebimu ku byawandiikibwa ebikulu n'enkubaganya y'ebirowoozo ku byo, ekolebwa enjuyi enkulu zombi:

<u>Abakazi bayinza okuweereza mu bifo byonna</u>		**<u>Abakazi tebagwanira kubeera n'obuyinza obujjuvu</u>**
Okuteesa: **Bag 3:28** etuwa ennono enkulu eya Baibuli nti mu Kristo tewakyali njawulo oba oli mukazi oba oli musajja (oba mu butonde bwo obw'omubiri oba ekika kyo).	==>	*Okwanukula:* Kituufu nti ffenna twenkana mu Kristo, naye ekyo tekitwaliramu enjawulo mu buvunanyizibwa (eky'okulabirako, abakazi bokka be bayinza okuzaala abaana, naye ng'abasajja nabo ba mugaso).
		↓
Okwanukula: Awalala (**Bar 5**) Pawulo akitangaaza bulungi ti Adamu, si Kaawa, ye yaleeta obuzibu bw'omuntu. Kaawa teyaweebwa ekiragiro butereevu okuva eri Katonda, n'olw'ekyo ye (nga abasajja bangi mu biseera bya Pawulo) teyafuna "okugunjulwa" Adamu kwe yafuna. Kati abakazi bayinza okugunjulwa okwenkana abasajja. Mu Baibuli yonna eby'obusika byavaawo. Ekigambo ky'Oluyonaani "obuyinza" kigambo si kya bulijjo ekiraga ekyejo oba obufuzi, so si enkozesa y'obuyinza entuufu. Kuno kwali kwagala kwa Pawulo ku lw'ekkanisa y'Efeso, so si tteeka eri amakanisa gonna ag'ebiseera byonna.	<==	*Okuteesa:* Pawulo yeesigamya ensonga ye ku buvunaanyizibwa bw'abakazi mu biseera eby'okutonda n'okugwa, ekiraga nti kino kyetaago kya bonna, okwawukana n'okwogera ku kizibu ekyali kimanyiddwa, ekyali kikwata ku kanisa ya Efeso yokka. Ekirala, newakubadde abasajja baali beenyigira mu kuyigiriza ebikyamu mu Efeso (laba **1 Tim 1:19-20**) Pawulo teyagaana abasajja okuyigiriza oba okubeera n'obuyinza, okujjako abakazi bokka.
↓		
Okuteesa: Baibuli erimu eby'okulabirako bingi eby'abakazi abaali mu bifo ebya waggulu: nga Debola (**Balam 4**—nabbi omukazi n'omulamuzi Wa Isiraeri); nabbi omukazi mu kanisa ey'Endagaano Empya (**Bik 21:9; 1 Kol 11:5**); Prisila (omukazi) yayigiriza Apolo (omusajja) (**Bik 18:24-26**); Yunia (omukazi) ayitibwa	==>	*Okwanukula:* Tekiwakanibwa nti abakazi bayinza okutwala ebifo eby'obuvunanyizibwa, naye, tewali byakulabirako eby'abakazi abasumba oba abalabirizi mu Baibuli. Prisila yayigiriza Apolo, naye yakikola nga bali waka ewaabwe mu nju, so si mu bantu bangi ku kituuti. Ate waliwo obujulizi obulaga nti erinnya Yunia liyinza okuba nti lyali "Yuniasi" (erinnya ery'omusajja).

Copyright © by Jonathan Menn 2007-2014. All rights reserved.

"omutume" (**Bar 16:7**).		

↓

Okwanukula: Pawulo akozesa eky'okubeera omusajja mu **1 Tim 3:2** kubanga abakulembeze abasinga basajja. Wabula, ekyo tekiggyawo eky'abakazi okubeera abakadde, ekitayawukana ne **1 Tim 5:3**, ekiziyiza ekkanisa okuyamba bassemwandu n'abantu abalala abali mu bwetaavu.	<==	*Okuteesa:* Mu **1 Tim 3:2** ekimu ku bisaanyizo by'okubeera omukulembeze mu kanisa kwe kubeera "ow'omukazi omu (ekitegeeza okubeera omusajja). Kino tukirabira ne ku batume ba Kristo n'abantu abalala abali mu Bayibuli be tulabirako.

3. Ekitundu kino eky'ebyawandiikibwa kyolesa omugaso gw'okwawula wakati w'ensonga enkulu, n'ezitali, ez'abantu. Ensonga "enkulu" z'ensonga okukkiriza kwe zeetooloolera era Abakristaayo bonna ze balina okukkiriziganyaako: Baibuli kye kigambo kya Katonda; Katonda ali Omu mu Basatu; omuntu mu kikula kye yagwa mu kibi era tayinza kwerokola; Yesu Katonda mujjuvu ate muntu mujjuvu; Kristo ly'ekkubo lyokka ery'obulokozi; tulokolebwa olw'ekisa kya Katonda kyokka okuyita mu kukkiriza Yesu Kristo; twayitibwa okubeera n'obulamu obw'okwagala. Ensonga "ezitali enkulu" z'ensonga Baibuli z'eyogerako, naye nga si ntangaavu ku zo. Ensonga ezitali enkulu zeezo eziri nga: abaana babatizibwenga oba abantu banaamalanga okwatula okukkiriza? Enfuga y'ekkanisa yaalibadde etya? Kristo abeerawo mu ngeri ey'enjawulo mu Mmeeza ya Mukama oba nedda? Ensonga "ez'abantu obuntu" z'ezo Baibuli z'eteyogererako ddala n'akatono mu butuufu, naye abantu bavuddeyo ne baleeta amateeka oba ebiragiro ebyabwe ku bwabwe. Amateeka ag'abantu obuntu ge gali nga: enteekateeka ey'okusinza; okwambala engoye ez'enjawulo; bikolwa ki (nga, enyimba, ebifaananyi, eby'okulya n'eby'okunywa) ebisaanira Abakristaayo. Enjawulo mu bintu ebyakolebwa abantu terina kyekola ku kukkiriza kwaffe, era teyeetaaga kubaako ne kyekola ku kusseekimu kwaffe. Naye eky'omukisa omubi, enjawukana ezisinga mu makanisa ne mu Bakristaayo zeesigamizibwa ku bintu ebyaleetebwa abantu era ebitali bikulu—kwe kugamba, ebyo byennyini eby'omugaso *ogusinga* okuba omutono. Ensonga ey'obuvunanyizibwa bw'abakazi mu kanisa nsonga yakubiri. Enkolagana ennung'amu n'abakkiriza mu mirimu, n'amakanisa amalala, awamu n'ebibiina by'amakanisa ebirala teyeetaaga kubaako ne kyeba ebibiina ebyo bwe biba nga byawukana naffe k nsonga eyo. Kristo yasaba nti *"Bonna babeerenga bumu, nga Ggwe, Kitange bw'oli mu nze, nange mu Ggwe, era nabo babeerenga mu ffe, ensi ekkirizenga Ggwe wantuma"* (**Yok 17:21**). Bingi ebitugatta okusinga ebitwawula. Twetaaga okukuuma obumu obwesigamizibwa ku nsonga enkulu, era tubeere n'obugumiikiriza eri abakkiriza abalala ku nsonga ezitali enkulu era ez'abantu.

Naye anaalokokanga mu kuzaala, bwe banaanyiikiriranga mu kukkiriza n'okwagala n'obutukuvu awamu n'okwegendereza: Luno lwe lumu ku nyiriri ezisinga obutategeerekeka era enzibu ennyo mu Ndagaano Enkadde. Enzivuunula eri waggulu si kigambo ku kigambo. Mu butuufu Oluyonaani lusoma bwe luti: *"naye ye [omu] alirokolebwa okuyita mu kuzaala singa beeyongera [bangi] mu kukkiriza n'okwagala n'okutukuzibwa awamu n'okwekuuma."* Ekigambo ekiriwo ku lw'ekigambo "okulokolebwa" kiyinza okutegeeza okuwonyezebwa okw'omwoyo (amakulu gakyo agasinga okumanyibwa mu Ndagaano Empya) oba okutaasa okw'omubiri (katugambe, okuva ku muyaga—**Bik 27:20**). Wano, tekiyinza kutegeeza okutaasibwa okw'omubiri mu kuzaala, kubanga ekyo kyalibadde kitegeeza nti okufa kw'omukazi yenna mu kuzaala kwalikakasizza nti teyali mukkiriza (ekilabikirawo nti si kituufu). Waliwo endowooza enkulu bbiri ku kiki ebigambo *"anaalokokanga mu kuzaala"* kye bitegeeza: (A) Endowooza eya *"okuzaalibwa kwa Masiya":* Endowooza eno etandikira ku lunyiriri **2:14** olwogera ku "omukazi" eyagwa mu kibi. Egamba nti **2:15** bwe bukakafu nti Ekibi kya Kaawa tekyali kya kumutta ye oba abakazi bonna. N'olw'ekyo, **2:15** lutandika **2:14** we lukoma, mu kugamba nti "*ye* anaalokokanga," era lutandikira ku kisuubizo ekyaweebwa Kaawa mu **Lub 3:15** nti obulokozi bulijja okuyita mu *"nsigo yo."* Ekyo kyaliwo Maliamu lwe yazaala Yesu. Endowooza eyo ekkaatiriza nti Pawulo yaalikozesezza ekigambo ekyogera ku kuzaala singa yali ayagala kwogera ku ky'abakazi okuzaala abaana. Naye teyakikola ekyo. Wabula, yakozesa ekigambo ekitali kya bulijjo ekya "okuzaala." Ekirala, engeri gy'akozesaamu ekigambo ekyo eraga nti yali alinamu endowooza y'okuzaalibwa kwa Masiya. Ate ku ludda olulala, mu **5:14** bwe yayagala okugamba nti bannamwandu abato mu kanisa bafumbirwenga era "bazaale abaana" yakozesa ekigambo kye kimu kye yakozesa mu **2:15**. Akatundu (*"bwe banaanyiikiriranga."*) katutwala okuva ku Kaawa okugenda eri abakyala okutwaliza awamu (oba kalaga Kaawa nga akiikirira abakyala bonna mu "kwonoona" [**2:14**]), okulaga nga abakazi bwe beetwalira obulokozi obwaleetebwa okuzaalibwa kwa Masiya: okuyita mu kukkiriza (nga bwe kweraga mu bulamu obutya Katonda). (B) Endowooza etwala *"Abakyala ng'abazadde b'abaana":* Endowooza eno egenda mu maaso n'okwogera ku mulamwa Pawulo gwe yatandika mu **2:11-12**. Okusinziira ku mulamwa ogwo, olunyiriri **2:15** lutegeeza nti abakazi tebagwanira kweddiza obuyinza bw'abasajja ng'abayigiriza n'ab'obuyinza. Wabula, abakazi bakkirize era baweebwe ekitiibwa mu buvunaanyizibwa bwabwe nga Katonda bwe yatonda era nga bwe yabateekerateekera, ekilabikira mu kuzaala abaana. Endowooza ya Ngewa ngeri emu ey'endowooza eyo. Akiraba nti kiba kikyamu okwogera ku "kulokolebwa" emirembe n'emirembe okuyita mu "kukkiriza

Copyright © by Jonathan Menn 2007-2014. All rights reserved.

obuvunanyizibwa." N'olw'ekyo, akkiriza nti olunyiriri **2:15** lutegeeza: "singa abakazi babeera mu mulimu gw'okuzaala n'okusoomooza okugenderako, bajja kusobola okwewala ["okubeera n'obukuumi okuva ku"] ensobi abakazi abamu mu Efeso ze baguddemu. Naye okukola ennyo kwokka tekukukuuma n'oba nti tokola nsobi. Kwetaaga okugenderako okusalawo okutambuliranga mu 'kukkiriza n'okwagala n'okutukuzibwa awamu n'okwekuuma'. Pawulo ayigiriza abakazi ab'omu Efeso engeri ey'okutangira ebizibu nga bayita mu kukola nnyo awamu n'okubeera n'obulamu Obukristaayo." (Ngewa 2009: 56) Endowooza ya "abakazi ng'abazadde" ekkaatiriza okufaanagana okuli wakati w'ebigambo ebikozesebwa mu **2:15** ne **5:14** okutegeeza "okuzaala" (bikolagana: kwe kugamba, okutwaliza awamu kye kigambo kimu). Era bikkaatiriza nti Pawulo alabika okuteesa mu ngeri y'emu mu **5:12-15** nga bw'akola wano: kwe kugamba, okuyita ku kufumbirwa n'okuzaala, abakazi bajja kwewala ebizibu, ekibi, n'okugoberera Setaani.

1 Tim 3:1-13—Ebisaanyizo by'Okubeera Omukulembeze mu Kanisa

3:1-7: ***[1]Kyesigwa ekigambo ekyo nti: Omuntu bw'ayagalanga obulabirizi, yeegomba mulimu mulungi. [2]Kale omulabirizi kimugwanira obutabangako kya kunenyezebwa, abeerenga musajja wa mukazi omu, atatamiira, mwegendereza, mukwata mpola, ayaniriza abagenyi, ayigiriza, [3]atanywa mwenge, atakuba, naye omuwombeefu, atalwana, ateegomba bintu; [4]afuga obulungi ennyumba ye ye, agonza abaana be mu kitiibwa kyonna; [5](naye omuntu bw'atamanya kufuga nnyumba ye ye, ayinza atya okujjanjaba ekkanisa ya Katonda?), [6]si oyo eyaakakyuka, alemenga okwekulumbaza amale agwe mu musango gwa Setaani. [7]Era nate kimugwanira okubeeranga n'okutegeezebwa okulungi eri abo ab'ebweru, alemenga okugwa mu kuvumibwa ne mu kyambika kya Setaani.***

Ekkanisa mubiri gumu, so si kung'aaniro ly'abantu sekinn'omu. N'olw'ekyo yeetaaga engeri y'enteekateeka okusobola okukola obulungi n'okutuukiriza obubaka bwayo. Ekkanisa eyasooka yalina amadaala abiri ag'obukulembeze: eddaala erya waggulu, erimanyiddwa nga abakadde oba abalabirizi; n'eddaala ery'okubiri, erimanyiddwa nga abaweereza (laba **Baf 1:1**). Obulungi bw'ekibiina kyonna, amaanyi gaakyo, n'obuwanguzi bwakyo byonna bisinziira ku bukulembeze bwakyo. N'olw'ekyo Pawulo akyukira ebyetaago by'abakulembeze mu kanisa.

Omuntu bw'ayagalanga obulabirizi, yeegomba mulimu mulungi: Ekigambo ky'Oluyonaani ekya "omulabirizi" ye *episkopos* oluusi ekitera okuvvuunulwa "bishop" mu Lungereza. Kye kimu ne, era kikozesebwa wamu ne, *presbuteros* ("omukadde") (laba **Bik 20:17, 28; Tito 1:5, 7**). Mu butuufu, wano ekyogerwako ly'eddaala erya waggulu ery'abakulembeze mu kanisa, abayitibwa abasumba, abalabirizi, oba abakadde. Okutwaliza awamu abo be bantu abateekawo amateeka agafuga enzirukanya y'emirimu era abeetaba mu buweereza obw'ekigambo (okubuulira, okuyigiriza, okukubiriza, okutwala enjiri awantu, n'obuyigirizwa). Ebyetaago bye bimu ebikwata ku abo abali mu bifo eby'obuvunanyizibwa ku makanisa amangi. "Kyetaaga okwetegerezebwa wano mu 1 Timoseewo 3:1 nti Pawulo anyonnyola eky'okubeera omulabirizi ng'asinziira ku mulimu ('omulimu omulungi'), so si kiki omuntu ky'ali oba ofiisi gyalimu. Takubiriza bantu kunoonya mannya oba ebifo naye obuvunanyizibwa." (Liefeld 1999: 116)

Omulabirizi, kale, ateekwa: Pawulo akola olukalala lw'ebisaanyizo 15 eby'omuntu okusobola okubeera mu ddaala erya waggulu ery'obukulembeze bw'ekkanisa. Ebintu bibiri birina okwetegerezebwa. Ekisooka, Pawulo tagamba nti okubeera mu bukulembeze omuntu ateekwa okusisinkana kimu, oba bitaano, oba okusingawo ku bisaanyizo bino. Wabula, okubeera omukulembeze mu kanisa, omuntu alina kutuukiriza ebyetaago byonna. Eky'okubiri, ekikulu ekiri ku byetaago bino kiri nti (ng'oggyeko mpozzi eky'okubeera n'obusobozi okuyigiriza n'obutabeera eyaakakyuka) byonna bye byetaago *buli Mukristaayo* by'alina okubeera nabyo. Tewali byetaago bya njawulo ebikwata ku obuyigirize bw'omuntu, obugagga bwe, oba ensonga endala yonna "ey'ebweru". Wabula, ebisaanyizo byonna bikwata ku *nneeyisa* y'omuntu. Ekisanyusa, mu **1:9-10** Pawulo yateekawo eby'okulabirako 15 eby'abantu abatali batuukirivu amateeka be gaakolerwa. Wano Pawulo agamba nti enneeyisa yaffe ng'abakulembeze erina kubeera nga si y'eyo ey'abantu abaakolerwa amateeka, kubanga *tetukyali wansi* w'amateeka amakadde. Wabula, tulina kubeera n'enneeyisa ya Kristo, kubanga tuli wansi wa "etteeka lya Kristo." Empisa zaffe ziva mu nneeyisa yaffe. Nga enneeyisa yaffe bw'eterina kubeera ng'ey'abatali batuukirivu, n'empisa zaffe zirina kwawukanira ddala n'ebikolwa ebiragiddwa mu **1:9-10**. Ebisaanyizo by'okubeera omuweereza (**3:8-13**) kumpi by'eby'omulabirizi byennyini. Abantu abali mu bifo by'obukulembeze mu kanisa be babaka ba Kristo abasingira ddala okulabibwa ekkung'aniro n'abantu abatannakkiriza abali mu kitundu. N'olw'ekyo, bateekeddwa okubeera n'enneeyisa ya Kristo era balage ekifaananyi kye nga bayita mu bulamu bwabwe.

Copyright © by Jonathan Menn 2007-2014. All rights reserved.

Obutabangako kya kunenyezebwa: Ekyetaago kye kimu ekikwata ne ku muweereza (**3:10;** laba ne **5:7; 6:14**). Ekigambo ekya "obutabangako kya kunenyezebwa" mu makulu gakyo aga namaddala kitegeeza nti omuntu oyo tayinza kuloopebwa olw'ekikyamu. Kitegeeza nti muyonjo munda n'ebweru. Endowooza eyo efaanana n'ekifaananyi Yokaana kye yakozesa ekya "okutambulira mu kitangaala" (**1 Yok 1:5-7**). Ekintu kimu ekimanyiddwa ku kitangaala bwe butangaavu bwakyo: tewali kiyinza kukwekebwa nga kiri mu kitangaala; byonna biba bitangaaavu. Mu ngeri y'emu, oyo "ataliiko kya kunenyezebwa" talina kibi kikwekeddwa mu ye. Empisa ze ez'omunda n'enneeyisa ye ntangaavu era zitegeerekeka bulungi
bonna.

Omusajja ow'omukazi omu: 1. <u>Ekisaanyizo kino tekitegeeza nti omusajja *alina* kubeera omufumbo okusobola okubeera omulabirizi.</u> Yesu ne Pawulo bombi tebaali bafumbo, era bombi baalina ebisaanyizo by'okubeera abalabirizi mu kanisa. Wabula, omusajja bw'abeera omufumbo, alina kubeera wa mukazi omu, so si babiri oba okusingawo. Omuntu ow'abakazi abasukka ku omu ayinza okubeera Omukristaayo, era ayinza okukola eby'omugaso bingi mu kanisa (newakubadde tateekwa kwongera kuwasa balala ng'amaze okufuuka Omukristaayo). Abakulembeze b'ekkanisa, wabula, balina okwolesa omutindo gwa Katonda. Omutindo gwa Katonda ku bufumbo guli omusajja omu omukazi omu (laba **Lub 2:18-24; Mat 19:3-6**). Obufumbo kifaananyi kya nkolagana wakati wa Kristo n'omugole we, ekkanisa (**Bef 5:25-32; Kub 19:7-8**). Kristo alina omugole omu, era mwesigwa gyali. Abakulembeze b'ekkanisa abafumbo nabo bwe balina okubeera.

2. <u>Ebigambo by'Oluyonaani byennyini ebikozesebwa wano biri "omusajja ow'omukazi omu."</u> Ebigambo bye bimu ebikozesebwa mu kwogera ku baweereza (**3:12;** laba ne **5:9** ["omukazi ow'omusajja omu"]). Ekyo kiraga nti omusajja omufumbo alina kubeera mwesigwa eri mukazi we "munda n'ebweru." Tuyinza n'okugamba nti, talina kulyazamanya mukazi we mu ngeri y'okwebaka n'abakazi abalala kyokka, naye talina "kwenda mu mutima gwe" mu ngeri y'okutunuulira abakazi abalala n'okubeegomba (laba **Mat 5:27-28**).

Atatamiira, mwegendereza: Ebigambo bino bifaanagana, era biwa endowooza y'okubeera n'ebirowoozo ebirungi: ekitegeeza, okusobola okusalawo obulungi; okweziyiza. "Abeegendereza" nakyo kikozesebwa mu kwogera ku bakazi abakulembeze (**3:11;** laba ne **Tito 1:8; 2:2, 5**). Abakulembeze bateekwa okuwa abantu b'ekkanisa be bakulembera embuulirira entuufu. Abantu b'ekkanisa abo beetaaga okumanya nti abakulembeze baabwe bakola byonna nga balowooza, era n'ebirowoozo byabwe tebiriimu bikyamu.

Mukwata mpola: Ekigambo "abalimu ekitiibwa" ky'ekigambo kimu ekikozesebwa nga "ebisaana" mu **2:9.** Amakulu gakyo aga namaddala gali "okubeera n'empisa ennungi," era oluusi kivvuunulwa nga "mu ngeri ey'ekitiibwa." Abantu batera okuwa abakulembeze ekitiibwa olw'ebifo by'obuyinza n'obuvunanyizibwa abakulembeze bye balimu. Naye, abakulembeze abo beetaaga okwebuuza: "*Nsaanidde* ekitiibwa abantu kye bampa?" era "Singa abantu babade balabye kiki kye nfaanana nga ndi nzekka, baalimpadde ekitiibwa ekyo?"

Ayaniriza abagenyi: Okubeera omuntu "ayaniriza abagenyi" kitegeeza nti oyagala era olabirira abantu oba abagenyi (laba ne **Tito 1:8; 1 Peet 4:9**). Kya mugaso, kubanga omukulembeze yeetaaga okumanya abantu be bulungi. Okumanya ebizibu byabwe, okusuubira kwabwe, okutya kwabwe, n'ebirala kukuyamba okuba omusumba omulungi. Okumanya amaanyi ge balina, obunafu bwabwe, ebirabo byabwe, n'obusobozi bwabwe, kukuyamba okutendeka abakulembeze abaggya, okusobola okukozesa ebitundu byonna eby'omubiri mu buweereza. Ekyo kizimba era kiwa ekkanisa yonna amaanyi. Wabula, okwaniriza abagenyi kulina kye kukusasuza. Abasumba bangi basuubirwa okuliisa n'okusuza omuntu yenna aba azze mu maka gaabwe, ate nga ekkanisa tewa musumba waayo sente oba eby'okukozesa okumusobozesa okukola ekyo. Ekkanisa bw'eba esuubira omusumba waayo okulabirira omuntu yenna aba azze mu maka ge, kale erina okuwa omusumba oyo ebyetaago ebimusobozesa okukola ekyo (laba **5:17-18**). Ekirala, mu kwaniriza abantu ab'ebika eby'enjawulo, (nga, abantu okuva mu mawanga ag'enjawulo, ab'obusobozi obw'enjawulo mu by'enfuna, abalwadde ba mukenenya, omusumba ayinza okwegobako abantu abamu mu kanisa. Ekyo kye kimu ku bintu ebyaleetera Yesu okunenyezebwa: yali *"mukwano gw'abawooza era ogw'abalina ebibi"* (**Mat 11:19; Luk 7:34**). Ekyo tekyaziyiza Yesu okulaga okwagala n'ekisa eri abantu ab'ebika eby'enjawulo. Mu ngeri y'emu, tekirina kugaana abakulembeze b'ekkanisa okwaniriza abantu ab'ebika byonna.

Ayigiriza: Eno y'enjawulo yokka ennene eri wakati w'ebisaanyizo by'omulabirizi n'omuweereza. Abaweereza bayinza okuba n'obusobozi okuyigiriza (Sitefano—**Bik 6:8-7:60;** Baf—**Bik 8:4-6, 26-40**), naye ekyo si kisaanyizo eky'ekifo kyabwe. Waliwo amakubo mangi omuntu g'ayinza okuyitamu okuyigiriza: ku kituuti ku lunaku lwa Sande, oba ku lunaku lwonna olw'okusinza; okukulembera essomero lya Sande oba omusomo gw'abakulu, okukulembera ekibiina eky'okuyiga Baibuli awaka. Abalabirizi bonna balina okulaga obusobozi

Copyright © by Jonathan Menn 2007-2014. All rights reserved.

bwabwe mu ngeri emu oba endala.

Atanywa mwenge: Wano ekigambo ekyo kitegeeza "eyeewaddeyo eri" oba "alina omuzee ogw'okunywa" omwenge, omutamiivu. Ekisaanyizo ekyo kikwata ne ku baweereza (**3:8;** laba ne **Tito 1:7**). Obuwangwa Pawulo bwe yalimu bwali bunywi bwa mwenge. Ebitundu bingi eby'ensi (nga, ekkanisa mu Afirika) tebiriimu buwangwa bwa kunywa mwenge. Ennono ey'okubeeranga "teweewaddeeyo eri" oba "tolina muze gwa" kintu kyonna ekyakola, newakubadde omukulembeze talina kitamiiza kyonna ky'anywa. Wabula, eky'omukisa omubi, abantu bangi mu kanisa batunuulira eky'okunywa omwenge kyokka, so si ennono eri emabega wakyo. Kale, abakulembeze bangi bayinza obutanywa mwenge, naye nga balina omuze ogw'ebintu ebibi nga amaanyi, okugeta n'okufuga abantu, okwagala okumanyika, n'ebirala. Ebintu ebyo byonoonera ddala abantu n'okusinga okunywa omwenge. Abakulembeze b'ekkanisa tebagwanira kuleka kintu kyonna, oba ekintu ekirina omubiri nga omwenge, oba ekitalina mubiri nga amaanyi, okubafuga.

Atakuba, naye omuwombeefu, atalwana: "Atakuba" kitegeeza "atali mulwanyi" oba "omulumbi," oyo "alumba" abalala. Omuntu ayinza okuba omulwanyi mu ngeri nyingi nga takozesa ebikonde bye—kwe kugamba, n'olulimi lwe, oba n'ekyenyi ky'alaga abalala. "Omuwombeefu" y'atali ng'oyo. Abantu bangi mu bukyamu balowooza nti okubeera "omuwombeefu" kwe kubeera "omunafu." Naye nga amazima go gasigala nga mazima. Yesu yali *"muteefu era omuwombeefu mu mutima"* (**Mat 11:29**), naye teyali musajja munafu. Okubeera omuteefu kwetaagisa omuntu okubeera n'amaanyi amatuufu ag'enneeyisa y'omuntu. Yesu yalaga amaanyi ag'obuteefu bwe yaloopebwa olw'okwagala okumubonyaabonya naye teyakanga abaamuloopa (laba **Mat 26:57-63; 27:11-14).** Okubeera "ow'emirembe" kitegeeza omuntu "atali wa mpaka" oba "atali muyombi" (laba **Tito 3:2**). Abakulembeze balina kuba abantu abatabaganya, so si abasitula ennyombo. Balina kubeera nga banoonya endowooza ya Kristo n'okulung'amya kw'Omwoyo, okuleeta obumu, okusinga okwenoonyeza ebyabwe.

Ateegomba bintu: Ekisaanyizo ekyo kikwata ne ku baweereza (**3:8;** laba ne **Tito 1:7**). Obutayagala bintu kiva mu mutima gw'omuntu (laba **Beb 13:5**). Olw'okuba nti ensonga eyo ya mugaso nnyo Pawulo kyamwetaagisa okugyogerako mu buwanvu mu **6:6-11.** Yesu agamba nti omutego oguli mu bugagga obw'ebintu ke kabi akasinga obunene eri obulamu bw'omuntu obw'omwoyo (laba **Mat 6:19-24; Mak 10:17-25; Luk 12:13-34; 16:1-13**). Ensonga si ya bungi bwa sente omuntu z'alina. Ensongs eri: Omuntu atadde obwesige bwe mu ani oba mu ki? Ekisinga okuba eky'omugaso kiki? Kiki omuntu ky'alowooza, kyayagala, kyasuubira, era ky'aloota? Kiki oba ani atuwa amaanyi okukola ebyo bye tukola? Tusinziira ku ki okupima obuwanguzi bwaffe?

Afuga obulungi ennyumba ye ye: Ekisaanyizo ekyo nakyo kikwata ne ku baweereza (**3:12**). Pawulo alaga enkwatagana wakati w'ennyumba y'omuntu oba amaka ge n'ennyumba oba amaka ga Katonda. Ensonga eri nti ekkanisa teri nga omulimu ogw'ekibiina oba ekitongole kya gavumenti ekiddukanyizibwa omuntu omu, wabula maka. Tumaze okufuulibwa ab'ennyumba ya Katonda (**Bar 8:15, 23; 9:4; Gal 4:5; Bef 1:5**). Mu **3:15** ayita ekkanisa enju oba ennyumba ya Katonda. Addamu okukkaatiriza ensonga eyo mu **5:1-2**. N'olw'ekyo, amaka gaffe by'ebisaawe omugezesebwa obusobozi bwaffe mu kulabirira amaka ga Katonda. Ensonga y'obuwulize bw'abaana (laba **3:4**) si nsonga ya buwulize obw'ebweru. Ensonga ekwata ku *lwaki* abaana baffe beeyisa nga bwe beeyisa. Bawulize olw'okwagala kwabwe eri abazadde n'ekitiibwa kye babassaamu, oba lwa kutya? Ensonga ekwata ku ngeri gye tubalabiriramu oba "nnungi" oba nedda.

Si oyo eyaakakyuka: Ekyo nakyo kikwata ne ku baweereza (*"abo basookenga okukemebwa"*—**3:10**). Pawulo akkaatiriza ensonga y'emu mu **5:22** bw'agamba, *"Toyanguyirizanga kussaako mikono ku muntu yenna, so tossanga kimu na bibi by'abantu abalala: weekuume obeerenga mulongoofu."* Ensonga eri nti "okussaako emikono" ku muntu (kwe kugamba, okumuteeka mu kifo ky'omukadde mu kanisa) oba ojulira okusaanira kwe n'enneeyisa ye. Ensonga Pawulo gy'awa mu **3:6** ey'obutafuula omuntu eyaakakyuka omulabirizi ekwata ku nneeyisa—ayinza *"okwekulumbaza"* singa alinyisibwa mangu mu kifo ekya waggulu. Kale, omuntu alina kusokanga kumanyibwa. Musooke mumuwe omulimu omutonotono mulabe oba mwesigwa mu gwo (*"Aba omwesigwa ku kintu ekitono ennyo, ne ku kinene aba mwesigwa"*—**Luk 16:10**). Bw'aba omwesigwa, oluvannyuma muyinza okumuwa omulimu omunene ogusinga ku ogwo. Ebikwata ku oyo "eyaakakyuka" bijja kulabikira mu mbeera ezinaaba ziriwo. Pawulo talaga budde ki omukkiriza bw'alina okumala nga tannaba kufuuka mulabirizi. Mu biseera bya Pawulo, abakkiriza bonna bwe baalinga abakkiriza abaggya, abakadde Pawulo ne Timoseewo be baalondanga osanga baali bakkiriza ba sabbiiti ntono oba myezi mitono. Wabula, abo abaaweebwanga ebifo by'obukulembeze bateekwa okubanga baali bakkiriza abakulu, abeesigwa era ab'empisa ennungi ezirimu okutya Katonda.

Copyright © by Jonathan Menn 2007-2014. All rights reserved.

Okutegeezebwa okulungi eri abo ab'ebweru: Ekkanisa teriiwo ku bwayo. Eriwo okubeera *"omunnyo gwa nsi"* ne *"omusana gwa nsi"* (**Mat 5:13-16**). Ekkanisa erina okubeera *"mu nsi"* newakubadde si *"ya nsi"* (**Yok 17:11, 15-16**). N'olw'ekyo, okutegeezebwa kwe tulina eri abatakkiriza kulina kinene nnyo kye kukola. Kye batulabamu kiyinza okubasikiriza okujja eri Kristo oba okubagoba okuva gy'ali. Pawulo akomekkereza olukalala lw'ebisaanyizo mu ngeri y'emu nga bwe yalutandika, ng'ayogera ku bakulembeze obutalemwa "okunenya." Pawulo ky'alaba ng'ekisinga okuba eky'omugaso eri abakulembeze b'ekkanisa kiri nti balina kubeera *n'empisa* ezifaanana *n*'eza Kristo. Ebisaanyizo byonna 15 eby'obukulembeze bikwata ku mpisa zaffe, butereevu oba mu butali butereevu. Singa amakanisa gaali gagendera ku bisaanyizo ebyo mu kulonda abakulembeze mu kifo ky'okutunuulira emitindo gy'ensi, gaalibadde tegafaanana nga bwe gafaanana, era gaalibadde gakola bulala, okwawukana n'engeri gye gakolamu ne gye galabikamu kati. Era gaalibadde gakola bulungi nnyo mu kuleeta abantu eri Kristo okusinga bwe gakola ne mu kukyusa abatakkiriza okubafaananya Kristo, kubanga gaalibadde amakanisa Katonda gaayagala okulaba.

3:8-13: ***[8]Bwe batyo n'abaweereza kibagwanira okubeeranga abalimu ekitiibwa, si bannimi bbirye, abatanywanga mwenge, si begombi ba bintu [9]nga bakuuma ekyama eky'okukkiriza mu mwoyo omulungi. [10]Era nate abo basookenga okukemebwa, balyoke baweereze, nga tebaliiko kya kunenyezebwa. [11]Bwe batyo n'abakazi kibagwanira okubeeranga abalimu ekitiibwa, abatawaayiriza, abatatamiira, abeesigwa mu byonna. [12]Abaweereza babeerenga basajja ba mukazi omu, nga bafuga abaana baabwe obulungi n'ennyumba zaabwe. [13]Kubanga abamala okuweereza obulungi beefunira obukulu obulungi n'obugumu bungi mu kukkiriza okuli mu Yesu.***

1. Ofiisi y'abaweereza yatandika mu **Bik 6:1-7.** Omulimu gw'abaweereza okusinga gwa kuyamba, kuweereza, n'okulabirira ebyetaago eby'omubiri eby'abantu abali mu kanisa. Ekigambo "omuweereza" kiva ku kigambo ky'Oluyonaani *diakonos* mu makulu gaakyo aga namaddala kitegeeza abo abaweereza abalala; abayambi (laba Danker 2000: 230-31). Omulimu gw'omuweereza buweereza bwa mugaso era bwa mwoyo: "Okutuukiriza ebiluubirirwa eby'abaweereza abaasooka, ebintu bisatu byetaagibwa: (1) Amakanisa gateekwa okutwala obuvunaanyizibwa okunoonya abasajja n'abakazi abalina obwesigwa obw'empisa n'obw'omwoyo obunyonnyoddwa mu 1 Timoseewo 3. (2) Abantu ng'abo balina okubeera n'okwolesebwa, omutima, n'okwagala okuweereza, basookenga okulaga ebyo nga tebannaba kulondebwa mu bifo by'obuweereza obwo obw'ekisa. Beetaaga okubeera abaweereza nga tebannaba *kuyitibwa* baweereza. (3) Ekkanisa erina kubufuula buweereza obugenderere ku lw'omubiri gw'onna. Bulina okulabibwa abantu bonna mu kitundu, baleme *okumanya* obumanya kwokka obuweereza bw'ekkanisa obulimu okwagala, naye basobole *n'okubutegeera*." (Liefeld 1999: 138-39)

2. Ebisaanyizo ebisinga eby'abaweereza bimaze okwogerwako mu kwogera ku bisaanyizo eby'abalabirizi. Pawulo akozesa ekigambo "bwe batyo" ku ntandikwa ya **3:8**, ekigambo kye kimu kye yatandisa **2:9**. Ekyo kituwa omwaliro gw'ekisaanyizo ky'empisa ennungi ezifaanana n'eza Kristo abalabirizi ze bateekwa okubeera nazo, ekikwata ne ku baweereza. Newakubadde Pawulo ayogera ku bisaanyizo by'abaweereza mu ngeri ey'enjawulo okuva ku by'abalabirizi, ebisaanyizo bye bikyatunuulira empisa z'abo abali mu bifo by'abaweereza, nga bwe tulaba wano wammanga.

Abasajja ab'ekitiibwa: Ekigambo kyokka ekiri mu nkalala zombi ez'ebisaanyizo by'abakadde (**3:4**), abaweereza (**3:8**), n'abakazi (**3:11**) kye kigambo "ekitiibwa" oba "okulaga ekitiibwa." Kye kigambo ekikozesebwa ne ku nkomerero ya **1 Tim 2:2**. Kitegeeza "engeri oba empisa eziraga nti omuntu ali waggulu w'ekyo ekya bulijjo n'olw'ekyo asaanidde *okuweebwa ekitiibwa eky'enjawulo*. Singa abakulembeze b'ekkanisa batuukiriza ebisaanyizo ebirala eby'okubeera abalabirizi oba abaweereza, kale awo baba "basaanidde okuweebwa ekitiibwa."

Si bannimi bbirye: Ekyo kitegeeza "ab'amazima"—si kugamba omuntu ekintu kimu ate omulala n'omugamba ekirala. Obwesigwa bwa mugaso nnyo eri omukkiriza yenna, naddala oyo ali mu kifo ky'obukulembeze mu kanisa.

Nga bakuuma ekyama eky'okukkiriza mu mwoyo omulungi: *"Ekyama eky'okukkiriza"* kyogera ku ekyo ekyali kikwekeddwa naye kati ekibikkuliddwa: kwe kugamba, nti obulokozi bufunibwa lwa kisa kya Katonda kyokka okuyita mu kukkiriza Yesu Kristo (laba **3:16; Bar 16:25-26**), era nti mu Kristo obulokozi buweebwa abantu bonna kyenkanyi, Abayudaaya n'Ab'amawanga (laba **Bef 3:2-6; Bak 1:26-27**). Kya mugaso nti n'abo abali mu mulimu gw'okuyamba n'okuweereza balina okutegeera bulungi *"ekyama eky'okukkiriza."* Omuntu yenna ali mu bukulembeze yeetaaga okutegeera n'okukkiriza ebitundu eby'enjawulo eby'Obukristaayo kiki kye

Copyright © by Jonathan Menn 2007-2014. All rights reserved.

biri. Newakubadde "obusobozi okuyigiriza" tebwetaagisa eri abaweereza, abakkiriza bonna beetaaga okubeera nga basobola *"okuddamu ensonga y'okusuubira okuli mu mmwe"* (**1 Peet 3:15**). Okusuubira okwo kusangibwa mu *"kyama ky'okukkiriza"* kyokka ekikwata ku Yesu Kristo. Ekirala, abaweereza (n'abo abali mu bukulembeze bw'ekkanisa) beetaaga okukuuma *"okukkiriza mu mwoyo omulungi."* Eyo y'engeri yokka ey'okutuuka ku kigendererwa eky'okwagala (laba **1:5, 19**). Omuntu yenna ali mu kifo ky'obukulembeze, oba mulabirizi oba muweereza, abeera kyakulabirako eri abalala, era alina okulagiriza abalala eri ekiluubirirwa ekyo. N'olw'ekyo, abaweereza beetaaga *"okunywerera ku"* kukkiriza kwabwe, ekitegeeza nti balina okukulaga mu bikolwa ng'oggyeko okukutegeera n'okukukkiriza (kubanga singa omuntu tateeka mu nkola okukkiriza kwe, kiraga nti mu butuufu takkiriza).

Bwe batyo n'abakazi kibagwanira okubeeranga abalimu ekitiibwa, abatawaayiriza, abatatamiira, abeesigwa mu byonna: Ekigambo ky'Oluyonaani (*gynē*) kiyinza okutegeeza "omukazi omufumbo" oba "omukazi yenna." Abamu batunuulira olunyiriri olwo nga olwogera ku bakazi b'abaweereza (newakubadde tewali lunyiriri lwogera ku bakazi b'abalabirizi lw'oyinza okugeraageranya n'olwo), ate abalala balulaba ng'olwogera ku baweereza abakazi (katugambe nga Foyibe, ayitibwa "omuweereza" mu Rom **16:1**. Mu **Rom 16:1** ekigambo ky'Oluyonaani "omuweereza" kitegeeza *diakonos* (dayokonasi), era kye kimu n'ekigambo Omudinkooni mu **1 Tim 3:8, 12**, newankubadde ekigambo kino kikozesebwa munyinyonyola ezenjawulo, tekitegeereza ddala omuntu ali my ofiisi eyo budyankoni. Ekigambo "bwe batyo" (ekikozesebwa ne mu **2:9** ne **3:8**) kiraga enkwatagana wakati w'abakazi **3:11** n'abaweereza. Nga babe nga bakulembeze mu kanisa oba nedda, awatali kubuusabuusa abakazi beetaagibwa olw'emirimu egimu n'okukyalanga. N'olw'ekyo, ebisaanyizo bye bimu nga empisa, n'obwesigwa, biteekeddwa ku balabirizi n'abaweereza abasajja mu ngeri y'emu nga bwe biteekeddwa ku bakazi.

1 Tim 3:14-4:16—Okutya Katonda okw'Amazima n'Okutya Katonda okw'Obulimba

3:14-16: ***[14]Nkuwandiikidde ebyo nga nsuubira okujja gy'oli mangu; [15]naye bwendwanga olyoke obe ng'omanyi bwe kigwana okukolanga mu nnyumba ya Katonda, ye kanisa ya Katonda omulamu, empagi n'omusingi eby'amazima. [16]Era awatali kubuusabuusa ekyama eky'okutya Katonda kye kikulu:***

Oyo eyalabisibwa mu mubiri,
n'aweebwa obutuukirivu mu mwoyo,
n'alabibwa bamalaika,
n'abuulirwa mu mawanga,
n'akkirizibwa mu nsi,
n'atwalibwa mu kitiibwa.

Nkuwandiikidde olyoke obe ng'omanyi bwe kigwana okukolanga: Pawulo wano atubuulira lwatu lwaki awandiika ebbaluwa eno. Mu biwandiiko eby'Oluyonaani ekigambo "okukolanga" tekiriimu. N'olw'ekyo, kino kiyinza okukwata ku Timoseewo ng'omuntu, oba Abakristaayo (naddala abakuembeze b'ekkanisa) okutwaliza awamu. 1 Timoseewo ekwata butereevu ku Bakristaayo (naddala abakulembeze b'ekkanisa) okutwaliza awamu, newakubadde okubuulirira oba ebiragiro ebikwata ku nneeyisa byaweebwa Timoseewo ng'omuntu. N'olw'ekyo, *"olyoke obe ng'omanyi bwe kigwana okukolanga"* kirina enkozesa ey'awamu (kwe kugamba, Timoseewo akiikirira abakulembeze b'ekkanisa bonna).

Ennyumba ya Katonda: 1. Eno y'enyinyonnyola esooka ku ssatu Pawulo z'atuwa ku kiki ekkanisa ky'eri. Akozesa ekigambo ky'Oluyonaani (*oikos*) ekiyinza okuvvuunulwa nga "ennyumba" oba "ab'enju; amaka." Oluusi ekkanisa eyogerwako ng'ekizimbe oba yeekaalu, newakubadde eyogerwako okuba "ennamu" oba "ekula" (laba **1 Kol 3:16-17; 6:19; 2 Kol 6:16; Bef 2:20-22; 1 Peet 2:5**). Naye, "ab'enju" oba "amaka" ge gayinza okuba amakulu amatuufu wano (laba **Beb 3:6; 1 Peet 4:17**). Ekyo tukiraba okuva ku ngeraageranya ya Pawulo mu 1 Timoseewo wakati w'ennyumba y'omuntu ey'oku nsi n'ennyumba ya Katonda, wonna ng'akozesa ekigambo kye kimu, *oikos* (**3:4-5, 12; 5:4, 8**). Pawulo akkaatiriza endowooza ya "ekkanisa nga ennyumba" ng'akozesa olulimi olukozesebwa awaka mu **5:1-2**, waagambira nti abakadde balina okuyisibwa *"nga kitaawo, abavubuka ng'ab'oluganda, abakazi abakadde nga ba nnyoko, abato nga bannyoko."* Ekirala, ekigambo ekiddako ng'ovudde ku *"ennyumba ya Katonda"* kiri *"y'ekkanisa."* "Ekkanisa" ebeeramu abantu abalamu—abantu abalamu aba Katonda omulamu. Ekyo kitangaaza bulungi eky'ekkanisa okubeera ennyumba. Ate ku ludda olulala, endowooza ya "ekkanisa ng'ekizimbe" eragibwa mu kunyonnyola kwa Pawulo okw'omulundi ogw'okusatu mu **3:15** mwagambira nti ekkanisa (*"mpagi n'omusingi eby'amazima"*).

Copyright © by Jonathan Menn 2007-2014. All rights reserved.

2. Endowooza y'ekkanisa okubeera ennyumba erina amakulu mangi agakwata ku bulamu obwa bulijjo. Ku ludda olw'okutya Katonda, kya mazima nti abakkiriza bonna baafuulibwa abaana ab'ennyumba ya Katonda (**Bar 8:15, 23; 9:4; Bag 4:5; Bef 1:5**). N'olw'ekyo, ekkanisa *ge* maka agajja okubeera emirembe n'emirembe nga gali wamu mu nsi empya. Naye ate, ku ludda olw'obulamu obwa bulijjo, amakanisa mangi *tegakolera* wamu. Obusosoze mu mawanga, enjawukana wakati w'abagagga n'abaavu, n'entalo n'obubiinabiina obwesigamizibwa ku bintu ebirala bingi bitera okubeera mu makanisa. Ekizibu tekikomye ku njawukana mu makanisa. Ekizibu ky'enjawukana kibi okusinga mu nzikiriza ez'enjawulo. Ekyo kigootaanyiza ddala okujulira kw'ekkanisa eri ensi. Obumu bwaffe oba obutaba na bumu bwaffe bujja kusalawo oba ensi enekkiriza nga Yesu ye Masiya (laba **Yok 17:21, 23**). Amakanisa bwe gatasalawo okuyisa abantu baago bennyini, n'amakanisa amalala, ng'abaagalwa ab'enju emu, ensi ejja (ate nga ntuufu) kweyongera okusekerera ekkanisa era ejja kubuuza: "Lwaki twetaaga okufuuka Abakristaayo, mmwe Abakristaayo bwe muba nga temusobola na kubeera wamu?"

Ekkanisa ya Katonda omulamu: Ekigambo "ekkanisa" wano kye kigambo ky'Oluyonaani *ekklēsia,* ekitegeeza "ekibiina" oba "ekkung'aaniro" ly'Abakristaayo, ekitegeeza bunnakibiina obulimu okukolagana. Amazima agagamba nti tuli kanisa ya "Katonda omulamu" ga mugaso. Eky'okusooka, ganyweza endowooza nti ekkanisa ge maka, so si kizimbe. Nga Sitefano bwe yagamba, *"Ali waggulu ennyo tatuula mu nnyumba ezaakolebwa n'emikono"* (**Bik 7:48**). Wabula, ye Katonda omulamu abeera mu bantu abalamu (laba **Yok 14:17; 1 Kol 3:16; 6:19; 2 Kol 6:16**). Bwe tukung'aana wamu mu linnya lye abeera mu makkati gaffe (**Mat 18:20**). Eky'okubiri, nga "Katonda omulamu" awa abantu be obulamu (laba **Yok 10:10**). Tuli ba *"kutambuliranga mu bulamu obuggya"* (**Bar 6:4**). Ekyo kitegeeza nti tulina okulekayo okubeera ng'ab'ensi, abatannazaalibwa buggya, era tulina okusuula ewala obulamu obw'edda n'ebikolwa byabwo, twambale obulamu obuggya n'amakubo amaggya ag'obulamu (laba **Bef 4:17-32; Bak 3:9-17**). Mu kubeera ng'ab'ennyumba erimu okwagala nga bwe tusuubirwa okubeera, lwe tujja okulaga ensi (naffe fennyini) amazima—nti Katonda *ye* "Katonda omulamu," era nti *tuli* bantu be.

Empagi n'omusingi eby'amazima: Ng'omubiri gwe ku nsi, ekkanisa ye *"empagi n'omusingi eby'amazima"* eby'enjiri. "Omusingi" guyimiriza n'okunyweza ekizimbe; "empagi" teyimiriza kasolya kokka, naye ekasitula waggulu kasobole okulabika okuva ewala. Ebigambo ebyo byogera ku mugaso gw'okuyigiriza Ekigambo kya Katonda mu kanisa (*"ge mazima"*—**Yok 17:17**) n'okuyimirira n'amaanyi okugaana enjigiriza enkyamu, awamu n'okujulira kw'ekkanisa okwa Kristo (oyo *ly'ekkubo, amazima, n'obulamu"*—**Yok 14:6**) mu kugenda okufuula amawanga gonna abayigirizwa (laba **Mat 28:18-20; Kub 5:9; 7:9**). Naye, ekkanisa nga *"empagi n'omusingi eby'amazima"* nayo eyogera ku mugaso gw'entambula y'Abakristaayo, kubanga tuyigiriza mu makubo abiri—nga tuyita mu ebyo bye twogera, ne mu kutambula kwaffe. Okutwaliza awamu entambula yaffe ya mugaso okusinga mu ebyo ebibiri. Ebigambo byaffe bwe bitakwatagana na bikolwa byaffe, kale abantu bajja kugaana bye twogera kubanga tuba tuli bannanfuusi. Ate ku ludda olulala, Abakristaayo sekinn'omu bwe baba abeesigwa mu ntambula zaabwe ne mu kujulira Kristo, Kristo asuubizza *"okumufuula empagi mu yeekaalu ya Katonda"* (**Kub 3:12**). Ebifaananyi ebisatu oba enyinyonnyola essatu ez'ekkanisa Pawulo zaatuwa mu **3:15** ziraga obukulu n'omugaso gw'ekkanisa. Twetaaga okupima engeri gye tukolamu ng'ekkanisa, era twetereeze okusinziira ku kuyitibwa kwaffe okwa waggulu Pawulo kwatuteereddewo.

Ekyama eky'okutya Katonda: Oyo eyalabisibwa mu mubiri . . . eyatwalibwa mu kitiibwa: Ekkanisa erina okukuuma n'okubuulira amazima**.** Mu **3:16** Pawulo ateeka mu buwandiike ebigambo eby'enzikiriza oba oluyimba olw'ekkanisa eyasooka olunyonnyola omutima ogw'amazima ago—gonna nga gakwata ku muntu Yesu Kristo n'omulimu gwe. Abanyonnyozi abasinga balulaba nga ennyiriri essatu ezirimu obutundutundu obubiri mu buli lunyiriri, nga zeesigamizibwa ku *njawukana* ezifaanagana eziri wakati wa "omubiri" ne "omwoyo," "bamalaika" ne "amawanga," "ensi" ne "ekitiibwa." Enyinyonnyola eya bulijjo eyakolebwa J. N. D. Kelly egamba: "Okusooka, Kristo eyafuuka omuntu n'olw'ekyo ali mu kikula ky'omuweereza alabika okukakasibwa ng'oyo asaanidde ku kuzuukira kwe [okubikkulirwa kwa Kristo]. Eky'okubiri, Kristo aweebwa okusinzibwa kwa bamalaika era abuulirwa mu mawanga ag'ensi ag'omuntu, kwe kugamba, amanyisibwa ebitonde byonna ebitegeera, eby'omu ggulu n'eby'oku nsi [okubuulirwa kwa Kristo]. Eky'okusatu, akkirizibwa mu bwengula bwonna obwatondebwa (laba Bak. 1. 23) ne mu ggulu mwennyini [okwanirizibwa kwa Kristo]." (Kelly 1960: 92; laba Gundry 1970: 208; Ham 2000: 218-28) Abamu baleeta ekirowoozo ky'okukola enkyukakyuka ku mulamwa guno. Eky'okulabirako, Robert Gundry alaba olunyiriri 1 n'olwa 6 nga ezikolera awamu "okuwa omulamwa gwonna ekifaananyi," n'ennyiriri 2/3 ne 4/5 nga *ezitasinziira* ku ngeraageranya, naye ku kufaanagana okwesigamizibwa ku *nzimba* (ekitegeeza, zizimbagana) (Gundry 1970:208). Tuyinza n'okugamba nti, "Okutuukirira kwa Kristo mu mwoyo (olunyiriri 2) kuvaamu okulabika kwe eri bamalaika

Copyright © by Jonathan Menn 2007-2014. All rights reserved.

(olunyiriri 3) [byombi nga bikolebwa mu nsi ey'omwoyo etelabika na maaso]. Okubuulirwa kwe mu mawanga (olunyiriri 4) kuvaamu okukkiriza mu nsi (olunyiriri 5) [byombi nga bikolebwa mu nsi ey'omubiri elabika n'amaaso]. Mu ngeri y'emu, okulabika kwa Kristo mu mubiri (olunyiriri 1) kutuuka ku mutindo gwakwo ogusinga okuba ogwa waggulu mu kugenda kwe mu ggulu (olunyiriri 6)." (Ham 2000: 218) Awatali kufa ku ngeri omuntu gye yeetegerezaamu **3:16,** kirabika bulungi nti olunyiriri olwo lwekaliriza Kristo ng'omuntu n'omulimu gwe, okuva lwe yafuuka omuntu okutuuka ku kuzuukira kwe, okulinnya mu ggulu, n'okutuuzibwa ku ntebe y'obwakabaka. Guno gwe mutima gw'enzikiriza ey'Ekikristaayo. Ekintu ekirala ekiddako ekikwatagana n'omulimu gwa Kristo kwe kukomawo kwe ku nsi ("Okujja kwe okw'Omulundi ogw'Okubiri"), Pawulo kwayogerako mu **6:14-16**.

4:1-7a: ***[1]Naye Omwoyo ayogera lwatu nti mu nnaku ez'oluvannyuma walibaawo abaliva mu kukkiriza, nga bawulira emyoyo egikyamya n'okuyigiriza kwa basetaani, [2]olw'obunnanfuusi bw'abalimba, nga bookebwa emyoyo gyabwe nga n'ekyuma ekyokya, [3]nga bawera okufumbiriganwa era nga balagira okulekanga ebiriibwa, Katonda bye yatonda biriirwenga mu kwebaza abakkiriza ne bategeerera ddala amazima. [4]Kubanga buli kitonde kya Katonda kirungi, so tewali kya kusuula bwe kitoolebwa n'okwebaza; [5]kubanga kitukuzibwa na kigambo kya Katonda n'okusaba. [6]Bw'onojjukizanga ab'oluganda ebyo, onoobanga muweereza mulungi owa Kristo Yesu, ng'okulira mu bigambo eby'okukkiriza n'eby'okuyigiriza okulungi kwe wagoberera. [7]Naye enfumo ezitali za ddiini ez'obusirusiru z'oba olekanga.***

Pawulo yaakava okunyonnyola *"ekyama eky'obwakatonda [obw'amazima]."* Kati akyukira ekizibu *eky'obwakatonda obw'obulimba.* Emabegako yali yaakoogera mu bujjuvu ku kiki obwesigwa obw'amazima kye bwetaagisa, omuli: ekiluubirirwa eky'enkomerero y'ekiragiro eky'amazima (**1:5**); enjiri ey'okulokoka lwa kisa (**1:12-17**); omugaso ogw'okusigala omwesigwa (**1:18-20**); obwetaavu obw'okusaba okuva mu bulamu obutukuvu, abantu balyoke batuuke ku kutegeera okulokola okwa Kristo (**2:1-15**); obwetaavu obw'abantu abalungi okukulembera ekkanisa (**3:1-13**); ekikula ky'ekkanisa ku bwayo (**3:15**); ne "ekyama ekikulu eky'obwakatonda" ekikwata ku Yesu Kristo, ekkanisa ky'ekkiriza era ky'ebuulira (**3:16**). Yali yatandika 1 Timoseewo n'okunyonnyola ekizibu mu kanisa ya Efeso ekyali kikwata ku bayigiriza ab'obulimba (**1 Tim 1:3-4, 19-20**). Mu kitundu ekiddako, Pawulo atunuulira mu bujjuvu ekikula ky'enjigiriza ey'obulimba n'abayigiriza ab'obulimba, n'engeri ey'okubalwanyisa.

Naye Omwoyo ayogera lwatu: Wano Pawulo akkaatiriza omugaso gw'ekyo ky'agenda okwogera ng'agamba nti Omwoyo Omutukuvu y'akyogera. Naye eky'omukisa omubi, mu kiseera kyaffe: "Abantu abamu beepaatiise ku kyawandiikibwa kino ne bakikozesa okuyimirizaawo 'okubikkulirwa kwabwe okw'enjawulo' okuva eri Omwoyo, ne tuba nti tulina akatogo k'obunabbi bungi mu makanisa ga Afirika. Obunabbi obwo obungi buvuddemu obutasoma Ekyawandiikibwa, ekkubo Katonda mwatera okuyita okwebikkula gye tuli olwaleero. Twetaaga okujjukira enjawulo wakati w'abatume naffe. Baaweebwa okukkiriza butereevu okuva eri Yesu yennyini, oluvanyuma ne bakuteeka mu buwandiike (**2 Tim 1:14**). Pawulo, nga omutume, yaweebwa ekyama eky'okukkiriza butereevu okuva eri Mukama (**1 Kol 11:23; Gal 1:11-12**)." (Andria 2006: 1473) Nga bwe kyayogeddwa emabegako, ekkanisa erina obuvunaanyizibwa *"okukemanga emyoyo, oba nga gyava eri Katonda, kubanga bannabbi ab'obulimba bangi abafuluma mu nsi"* (**1 Yok 4:1**).

Mu nnaku ez'oluvannyuma walibaawo abaliva mu kukkiriza: Buli Endagaano Empya lw'eyogera ku "biseera eby'oluvannyuma, ennaku ez'oluvannyuma," oba lw'ekozesa ebigambo ebyo, eba eyogera ku biseera bino bye tulimu *kati.* Ebigambo ng'ebyo byogera ku kiseera kyonna wakati w'okujja kwa Kristo okwasooka n'okujja kwe okw'Omulundi ogw'okubiri. N'olw'ekyo, ku lunaku lwa Pentekoote, abayigirizwa bwe baataandika okwogera mu nnimi ez'oluvannyuma, Peetero yanyonnyola ekyali kigenda mu maaso ng'anokolayo okuva eri nabbi Yoweeri (**Yo 2:28-32**) eyagamba nti, *"'Olulituuka mu nnaku ez'oluvannyuma, bw'ayogera Katonda, ndifuka Omwoyo Gwange ku bonna abalina omubiri'"* (**Bik 2:17**). Kale, "ennaku ez'oluvannyuma" zaatandika ku lunaku lwa Pentekoote. **Beb 1:2** etugamba nti *"mu nnaku zino ez'oluvannyuma [Katonda] yayogerera naffe mu Mwana We"* (laba ne **1 Peet 1:20**). Mu **1 Yok 2:18** emirundi ebiri Yokaana, ne we yawandiikira, agamba nti, *"kye kiseera eky'enkomerero."* **Yudi 17-18** ayogera ku kintu kye kimu Pawulo ky'ayogerako mu **1 Tim 4:1**. Ajjukiza abakkiriza nti Abatume baali balabudde nti, *"Mu biro eby'oluvannyuma walibaawo abasekerezi abatambula ng'okwegomba kwabwe bo bwe kuli okw'obutatya Katonda."* Ekiseera kyonna okutuuka Kristo lw'alikomawo kiribeeramu abakkiriza, n'abalala abeefuula obwefuuzi okubeera abakkiriza naye nga tebakuliiko (laba **Mat 13:24-30, 36-43**). Eyo y'ensonga lwaki Pawulo agenda addamu okulabula mu 1 Timoseewo ku njigiriza ey'obulimba, era akubiriza Timoseewo n'abakkiriza abalala okubeera abeesigwa (**1:3-4, 6-7, 18-20; 4:1-10; 6:3-5, 11-14, 20-21**).

Copyright © by Jonathan Menn 2007-2014. All rights reserved.

Nga bawulira: Mu bigambo bye, Pawulo atubuulira *ani* aliva mu kukkiriza. Abo abaliva ku kukkiriza beebo *"abawuliriza"* abayigiriza ab'obulimba n'enjigiriza yaabwe ey'obulimba. Ku ntandikwa y'ekitabo Pawulo yakubiriza Timoseewo *"obutalowoozanga enfumo n'ebigambo by'obuzaale ebitakoma"* (**1:4**). Ate ku ludda olulala, mu **4:13, 16** Pawulo alaga Timoseewo bye yeetaaga "okunyiikiriranga" okukola: *"okusomanga Ebyawandiikibwa, okubuuliriranga, n'okuyigirizanga";* ne *"wekka era n'abo abakuwulira."* Ebyawandiikibwa y'ensibuko yaffe eya namaddala ey'amazima, era omutindo gwe tusinziirako okutambulanga. N'olw'ekyo, mu **4:13, 16** bw'abuulira Timoseewo kye yeetaaga "okunyiikirira okukolanga", atandika n'Ebyawandiikibwa. N'alyoka addamu "okuyigirizanga" (kwe kugamba, kye tulina okukkiriza) emirundi ebiri, kubanga ekyo kye tukkiriza kye kijja okusalawo engeri gye tutambuzaamu obulamu bwaffe. Okwogera kwe ku kwekuumanga "wekka" kulaga nti twetaaga okukeberanga obulamu bwaffe bwonna (ebirowoozo, ebigambo, ebikolwa, okuyaayaana, okwagala, okukyawa, n'ebirala.) mu kitangaala ky'enjiri ne Baibuli.

Emyoyo egikyamya n'okuyigiriza kwa basetaani: Wano Pawulo atubuulira ensibuko yennyini ey'enjigiriza ey'obulimba ejja okukyamya abantu: *"emyoyo egikyamya n'okuyigiriza kwa basetaani."* Newakubadde abantu be bawandiisi n'aboogezi b'enjigiriza ey'obulimba, emabega w'abantu abo eriyo emyoyo emibi n'emizimu. Okwo kulabisibwa kumu okw'amazima nti emabega w'ebyo bye tulaba mu nsi eriyo ensi ey'omwoyo ennene, erimu olutalo olunene olw'omwoyo (laba **1 Sam 16:14-23; 1 Bassek 22:19-23; 2 Bassek 6:15-18; 19:35; Yob 1:6-2:10; Dan 10:1-14; Mak 5:1-20**). Ebiseera ebisinga kino tetukimanyi, naye ebyo bye tukola wano ku nsi birina kye bikola mu nsi ey'omwoyo (laba **Mat 16:19**).

Olw'obunnanfuusi bw'abalimba: Wano Pawulo atubuulira ku *makubo agagenda okukozesebwa* okukyamya abantu: *"obunnanfuusi bw'abalimba."* Setaani ye *"kitaawe w'obulimba"* (**Yok 8:44**). Ebigambo *"amakubo agagenda okukozesebwa"* (ebivvuunula ekigambo ky'Oluyonaani *"en"*) biraga nti abayigiriza abo ab'obulimba by'*eby'okukozesa* bya Setaani okukyamya abo abakkiriza. Eyo y'ensonga lwaki Yesu yakambuwalira Abafarisaayo ne bannanfuusi abalala: yamanya ensibuko yennyini, n'okubonaabona okungi okutaggwaawo obunnanfuusi n'obulimba bye kuyinza okuleeta (laba **Mat 6:2-5, 16; 15:5-9; 22:15-21; 23:13-33; 24:45-51**). Era eyo y'ensonga lwaki twetaaga okupima abayigiriza okusinziira ku *bye boogera* (laba **Bik 17:11**) *n'engeri gye batambuzaamu obulamu bwabwe* (laba **Mat 7:15-16; Yak 5:1-5**). Setaani nga bwe yeeraga nga *"malaika ow'omusana"* (**2 Kol 11:14**), abayigiriza ab'obulimba mu ngeri y'emu bajja nga "Abasajja ba Katonda" ab'amaanyi. Beetwala okuba abakola, era nga bakola eby'amagero eby'amaanyi n'obubonero. Bayinza okutwala obukadde n'obukadde bw'ensimbi ku televizoni. Naye, abantu ng'abo baliwo okwegaggawaza. Abo bannanfuusi abatali nga Yesu, abatume, oba Abakristaayo abaali babaddewo mu mirembe egy'emabegako. Obunnanfuusi bwabwe bumanyiddwa Mukama era naffe tulina okubumanya. Bwe bakozesa erinnya lya Yesu tekisiruwaza Yesu (laba **Mat 7:21-23**) era naffe kireme kutusiruwaza.

Nga bookebwa emyoyo gyabwe nga n'ekyuma ekyokya: Ebigambo ebyo binyonnyola *ebiva* mu kuwuliriza abayigiriza eby'obulimba n'enjigiriza enkyamu. Emyoyo gyabwe gyayokebwa nga n'ekyuma ekyokya (nga ente bwe zitera okulambibwa n'ekyuma ekyokya). Ekyo kivaamu ebintu bibiri ebikwatagana: (1) Emyogo gyabwe gyayonooneka ne baba nti kati obulimba bwe batwala ng'amazima, tebakyalina na nsonyi mu kukozesa erinnya lya Yesu okwegaggawaza n'okukyamya abantu. (2) Ekikulu, akabonero akabaliko kalaga ani abalinako obwanannyini. "Abayigiriza abo baliko akabonero ka Setaani ku myoyo gyabwe, akalaga nti ba muntu mulala atali Katonda w'abakkiriza" (Ngewa 2009: 88). Ebintu ebyo bijja kubeera ne ku bawuliriza babwe singa "babateeka ebirowoozo". Tutera okufuuka ng'abo be tuteekako ebirowoozo. Guno gwe mulundi ogw'okusatu mu 1 Timoseewo Pawulo nga ayogera ku "omwoyo." Mu **1:5** yagamba nti ekitundu ku kutuuka ku kiluubirirwa eky'okwagala kyali kubeera ne "*omwoyo omulungi*." Mu **3:9** yayogera ku *"kukuuma ekyama eky'okukkiriza mu mwoyo omulungi."* Kati ayogera ku *"emyoyo egyayokebwa."* Ekyo kirina okutulabula obutawulirizanga enjigiriza enkyamu, kubanga ekyo kijja kutuziyiza okutuuka ku kiluubirirwa eky'okwagala, era kijja kutulemesa okuweereza Mukama mu kanisa.

Nga bawera okufumbiriganwa era nga balagira okulekanga ebiriibwa: 1. <u>Wano Pawulo awa *eby'okulabirako* bibiri eby'obwakatonda obw'obulimba: okuwera abantu okufumbiriganwa; n'okulagira okulekanga ebiriibwa.</u> Ensonga ey'okulya (naddala emmere eweebwa eri ebifaananyi) n'okunywa emvinnyo zaali nkulu mu kanisa eyasooka, era zikyali nsonga nkulu mu bitundu bingi eby'ensi. Ensonga ya kiki kye tulina okulya egendera ddala mu biseera by'Amateeka ga Musa. Wabula, Kristo yasumulula Abakristaayo okuva ku Mateeka ag'Endagaano Enkadde, n'alangirira eby'okulya byonna okubeera ebirongoofu (**Mak 7:19; Bik 10:9-16;** laba ne **Bar 6:14; Bag 3:13; 5:1-6; Bak 2:13-14; Beb 7:11-12; 8:13; 10:9**). Awalala Pawulo yayigiriza mu bujjuvu ku nsonga y'okulya n'okunywa (laba **Bar 14:1-23; 1 Kol 8:1-9:4; 10:23-30**). Abo abagaana abalala okuwasa

Copyright © by Jonathan Menn 2007-2014. All rights reserved.

mu kwogera ku nsonga eyo osanga baawulikikanga nga "bamalaika b'omusana": eky'okulabirako, "Walyagadde okufaanana nga Yesu, si bwe kiri? Yesu teyawasa. Kale, bw'oba oyagalira ddala okubeera ow'omwoyo nga ye, naawe tolina kuwasa oba okufumbirwa." Newakubadde ebigambo ng'ebyo biwulikika ng'eby'omwoyo, biziimula amazima agaliwo nti Katonda ye yatonda obufumbo (**Lub 2:18-24; Mat 19:3-6**). Obufumbo buwa ekifaanmanyi eky'enkolagana wakati wa Kristo n'ekkanisa (**Bef 5:22-32**). Newakubadde Pawulo teyawasa era *"olw'okubonaabona okwa kaakano"* (**1 Kol 7:26**), newakubadde yalowooza nga kirungi omuntu okubeera nga bw'ali, yakiraba nti obufumbo ddembe era kirabo okuva eri Katonda (**1 Kol 7:7; 9:5**). Yali tagezaako *"si lwakuba nga kyambika"* (**1 Kol 7:35**). Mu mazima, awalala mu Timoseewo ateesa nti abakazi abato bafumbirwenga era bazaalenga abaana (**5:14**).

2. Ennono eziri emabega w'obwakatonda obw'obulimba zilumbira ddala omutima gw'ekikula kya Kristo n'omulimu gwe. Pawulo talumba buli nsobi, butategeera, oba endowooza ekyamu abantu ze bayinza okubeera nazo oba ze bayinza okuyigiriza. Kituufu nti, bo balaba nti, obutafumbirwa n'okwewala ebiriibwa ebimu, oba ebikolwa ebirala ebiri ng'ebyo, biyinza obutaba bya mugaso. Omuntu ayinza okulowooza nti Pawulo akozesa ebigambo ebisusse obukambwe mu kuyita ebintu ng'ebyo *"okuyigiriza kwa basetaani."* Pawulo takozesezza bukambwe. Kyakola kwe kulumba enjigiriza ezo, ensomesa ezo, n'ebiragiro ebyo, bwe biba birowoozeddwaako ekimala, bilumbira ddala omutima gw'Obukristaayo n'ekyo Kristo kye yakola. Ennono eri emabega w'ebiragiro "toyinza kufumbirwa era toyinza kulya ebiriibwa ebimu" bikoonaganira ddala ne Kristo lwa nsonga bbiri: (A) *Ebiragiro ng'ebyo ebyakolebwa abantu biwakanya obuyinza bw'omulimu gwa Kristo ogw'okulokola n'okutukuza abantu.* Pawulo kyayogerako si kusalawo kw'omukkiriza ng'omuntu sekinn'omu obutafumbirwa oba obutalya oba obutanywa ebintu ebimu (laba **Bar 14:1-2; 1 Kol 8:7, 10**). Wabula, ayogera ku biragiro eby'akolebwa abantu eri abalala mu butuufu abagamba nti: "Bw'oba oyagala okulokoka, oba bw'oba oyagala okufuuka ow'omwoyo oba omutukuvu, tolina kufumbirwa oba okulya ebintu ebimu." Ebiragiro ng'ebyo byonna biwakanya obuyinza bwa Kristo yekka okutulokola n'okututukuza. Ebiragiro ng'ebyo byonna si bya Baibuli: tebiri mu Baibuli; era byagala okugamba nti okukkiriza Kristo n'obuwulize gy'ali n'ekigambo kye tebimala—wabula, ku kukkiriza n'obuwulize ng'obwo olina kugatta ebiragiro by'abantu. Tulokolebwa ekisa kyokka, okuyita mu kukkiriza kwokka, mu Kristo yekka (laba **Bef 2:8-9**). Twasumululwa okuva eri amateeka amakadde (laba **Bar 6:14; Bag 3:13; 5:1-6; Bak 2:13-14; Beb 7:11-12; 8:13; 10:9**). Kati tuli wansi w'etteeka lya Kristo (**Luk 22:20; 1 Kol 11:25; 2 Kol 3:6; Beb 8:8-13; 9:15**). "Etteeka lya Kristo" z'enjigiriza za Kristo n'abawandiisi ab'Endagaano Empya (laba eky'okulabirako, **Yok 14:24-26; 16:12-15; 17:8, 18-20; 1 Kol 14:37; Bag 1:11-12; Bef 2:20; 1 Bas 2:13; 2 Bas 2:15; 3:6, 14; Beb 2:3; Kub 1:11**). Yesu yagamba nti singa "tubeera" oba "tweyongera okubeera mu" kigambo kye (so si ebigambo eby'abantu ebyakolebwa omuyigiriza ow'obulimba), awo *"tulimanya amazima era amazima galitusumulula"* (**Yok 8:31-32**). (B) *Ebiragiro ng'ebyo ebyakolebwa abantu biwakanya ekyo Kristo kye yakola kubanga bitondawo "ebibiina" bibiri ebyawufu: "abatukuvu" abagoberera ebiragiro by'abantu, n'aba wansi, aba bulijjo abatabigoberera.* Kristo yajja okutonda *"omuntu omuggya omu"* mu ye, si babiri (**Bef 2:14-16**). Abayigirizwa be bonna babe kyenkanyi (**Bag 3:28; Bak 3:10-11; Kub 5:9; 7:9**). Okugamba nti waliwo ebika bibiri eby'Abakristaayo, ab'omutindo ogusooka, n'Abakristaayo ab'omutindo ogw'okubiri, nga tusinziira ku biragiro ebyakolebwa abantu naye ebitasangibwa mu Baibuli, kulumbira ddala omutima gw'ekyo Kristo kye yakola. Kusinziira ku Mukristaayo omu okupima omulala, era kwe kugamba nti obumu mu Kristo si bulungi ekimala.

3. Pawulo yakola ku kizibu kye kimu wano, newakubadde yali ku nsonga ndala, mu **Bag 2:11-21**, gye yawakanyiza ne Peetero. Mu Bagalatiya ekibuuzo kyali oba abakkiriza Abayudaaya baalina okulya n'abakkiriza ab'amawanga abatali bakomole. Mu butuufu, oludda olumu lwali lugamba nti, "Okusobola okulokoka olina okugondera Amateeka ga Musa; oba, newakubadde oyinza okulokolebwa Kristo, okusobola okukuuma obulokozi bwo, olina okukuuma Amateeka ga Musa." Peetero yali akwatagana n'ekibinja ekyo, osanga olw'ebigendererwa ebirungi (eky'okulabirako, obutanyiiza Abayudaaya, oba okusobola okubawangula okubaleeta eri Kristo). Naye, Pawulo yalaba nti kya kabi eri Obukristaayo: "Oluvannyuma lwa byonna, ekyo kyalikase Obukristaayo okufuuka kitundu ku ddiini y'Abayudaaya; kyalitataaganyizza ekya Yesu n'okufa kwe okuba nti *amala* mu kukola ku bibi by'aboonoonyi. N'ab'amawanga baalikakiddwa okufuuka Abayudaaya. Enkola ya Peetero yaaliteekeddwaamu amaanyi, naye enjiri yaalitaataaganyiziddwa." (Carson 2002: 160)

4. Ebibuuzo ebikulu bye tuyinza okubuuza ku bikolwa ng'ebyo omuntu by'aaleeta ku Bakristaayo bikwata ku nsonga, omusingi, n'ebiva mu bikolwa ng'ebyo. Oba ensonga yennyini ekwata ku kulya oba okunywa ebintu ebimu, bye tukkirizibwa okukolagana nabyo, oba tulina okwambala ebika ebimu eby'engoye, bikolwa ki bye tukkirizibwa okwetabamu (oba bulijjo mu bulamu bwaffe oba ku nnaku enkulu), oba ebintu ebirala ebifaanana ng'ebyo, twetaaga okubuuza ebibuuzo nga: Lwaki? Ekiragiro ng'ekyo kisangibwa wa mu Tteeka lya Kristo? Nsonga ki ekuleetesa ekintu ng'ekyo? Lwaki kyetaagisa? Era kiki kye kigambibwa okukola ku bulamu bwange obw'omwoyo bwe nkikola oba bwe ng'aana okukikola? "Pawulo yatwala ekiseera ng'alowooza ku bintu ebyo. Ye ku lulwe yali muntu . . . asobola okukyuuka mu ndowooza ye. N'olw'ekyo,

Copyright © by Jonathan Menn 2007-2014. All rights reserved.

yasobola okukomola Timoseewo mu ssanyu omusajja ono omuto asobole okutuukirira bulungi amakung'aaniro nga ye omutume (**Bik 16:3**). Naye ate, Pawulo yagaana Tito okukomolebwa (**Gal 2:1-5**), kubanga ebyali bimwetaagisa okukomolebwa byali bityoboola enjiri. Kwe kugamba, singa omuntu agamba nti Munnamawanga alina okukomolebwa okusobola okufuuka Omukristaayo owa ddala, Pawulo akugaanira ddala, kubanga ekyo kisazaamu ekya Kristo okuba nti amala; oba tewali awa ekiragiro ng'ekyo, Pawulo musanyufu okukomola omukkiriza bwe kiba nga kinaawagira ebigendererwa by'enjiri." (Carson 2002: 160) Kiki ekyali kigenda mu maaso mu, era ekyo Pawulo kyayogerako mu **1 Tim 4:1-7a**, kwe kukyusa ebiragiro ebyakolebwa abantu ne bifuuka ebintu "ebikulu". Tuteekwa okumanya enjiri ekimala tuleme kuteeka abantu wansi w'ebiragiro oba amateeka agaakolebwa abantu, ng'abayigiriza abamu bwe baagezaako okukola mu Galatiya ne Efeso.

Katonda bye yatonda biriirwenga mu kwebaza abakkiriza ne bategeerera ddala amazima. Kubanga buli kitonde kya Katonda kirungi, so tewali kya kusuula bwe kitoolebwa n'okwebaza; kubanga kitukuzibwa na kigambo kya Katonda n'okusaba: Wano Pawulo awa ekitundu ekisooka eky'ekyo ky'alina okukolera ekizibu ky'enjigiriza ey'obulimba: *manya Ekigambo kya Katonda*—pima buli kintu ng'okozesa Ekigambo. Kristo ge mazima n'ekigambo kye ge mazima. Baibuli y'ennono gye tulina okukozesa okupima enjigiriza z'abantu n'obulamu bwaffe. Omubuulizi omutuufu, omuyigiriza, oba omubaka wa Katonda yenna tayinza kukola ekintu ekikontana n'Ekigambo kya Katonda ekyawandiikibwa. Bwe tukuuma ekigambvo kye, ne tutambula ne Katonda, Omwoyo Omutukuvu ajja kutulung'amya n'atueeka mu mazima (**Yok 14:16-26; 16:13-16; Bar 8:14**). N'olw'ekyo, kitugwanira okupima buli njigiriza, n'ekiragiro kyonna ekikwata ku ngeri gye tulina okubeeramu, nga tuyita mu Baibuli n'okutangaazibwa Omwoyo Omutukuvu kw'atuwa okuyita mu kusaba. Ekyo kiraga obwetaavu obw'okubeera n'okutegeera okutuufu okw'ekigambo. Era kituwa ensonga endala lwaki okusaba okuva mu bulamu obutukuvu kwa mugaso (**2:8**).

Bw'onojjukizanga ab'oluganda ebyo, onoobanga muweereza mulungi owa Kristo Yesu, ng'okulira mu bigambo eby'okukkiriza n'eby'okuyigiriza okulungi kwe wagoberera: 1. <u>Kino kye kitundu eky'okubiri eky'okuddamu kwa Pawulo eri ekizibu ky'enjigiriza ey'obulimba nti Pawulo yali awabya abantu okubaggya ku kukkiriza: *yigiriza Ekigambo kya Katonda*—yanika obwakatonda obw'obulimba ng'okozesa Ekigambo.</u> Bwe buvunaanyizibwa bw'abo abakulembera ekkanisa okumanya Ekigambo kya Katonda, n'okukiyigirizanga. Okumanya enjawulo wakati w'eky'amazima n'eky'obulimba kulina ebikuvaamu eby'emirembe egitaggwaawo eri abantu. Kubanga ebiyinza okuvaamu bikulu, Pawulo buli kiseera addamu okwogera ku mugaso gw'obwesigwa ne "okuyigiriza" mu 1 Timoseewo (**1:3, 5; 3:2; 4:11, 13, 16; 6:2**). Okubuulira eky'amazima n'okwanika eky'obulimba ng'okozesa Ekigambo naawe kikuyamba ggwe omuyigiriza. Ojja kubeera nga *"onyiikiranga okuliisibwa ebigambo eby'okukkiriza n'eby'enjigiriza entuufu gy'ozze ogoberera."* Ekyo nakyo kiraga bulungi omugaso *gw'okuteeka mu nkola* ekyo kye tuyigiriza. "Ebigambo eby'okukkiriza" bijja "kukuliisa" bw'oba ozze nga "ogoberera" okuva emabega (kwe kugamba, ng'ossaayo omwoyo; ng'otambuza obulamu bwo okusinziira ku) by'obadde osoma mu Kigambo ne by'obadde oyigiriza abantu. Ekyo kijja kukuyamba okukula mu kukkiriza kwo. Naye, bwe kiba nti obadde totambula okusinziira ku njigiriza yo, awo kitegeza nti oli munnanfuusi—ke kamu ku bubonero obw'omuyigiriza *ow'obulimba*. Ng'omukulembeze w'ekkanisa, oli kyakulabirako eri abantu. Oli "Baibuli ennamu" gye bali. Abantu bo abasinga osanga tebalina Baibuli ezaabwe ku bwabwe, oba tebazisoma. Ekkubo lyokka mwe bajja okuyita okuyiga Ekigambo kya Katonda ly'ery'okubayigiriza amazima n'obawa eky'okulabirako eky'ekigambo kiki kye kifaanana bwe kiteekebwa mu nkola.

2. <u>Okubeera *"omuddu omulungi owa Kristo Yesu"* era kukkaatiriza nti endowooza y'omukulembeze w'ekkanisa n'enneeyisa ye bikulu nnyo.</u> Abakulembeze bangi ab'amakanisa baagala okwetwala nga "Abasajja ba Katonda" ab'amaanyi abali waggulu w'abo be bakulembera. Wabula, mu **4:6** Pawulo ayita Timoseewo "omuweereza" wa Kristo Yesu. Ekigambo "omuweereza" kye kikozesebwa ne mu **3:8**: ekigambo ky'Oluyonaani kiri *diakonos.* Singa abasumba, abakadde, abalabirizi, balemwa okumanya nti okusooka *baweereza*—abaweereza ba Kristo era aba Kristo, ekkanisa—awo tebajja kulaga bulungi Kristo eri abantu, tebajja kutuukiriza bulungi obuvunaanyizibwa bwabwe. Byonna bye bakola bikwata ku "kwagala Katonda n'okwagala abalala." Omuntu tayinza kuweereza abalala oba okulaga okwagala ng'ayita mu kubeera n'endowooza ey'okubeera waggulu w'abalala. Kristo y'ali waggulu waffe fenna. Ayagala abantu be, era ayagala tubeere ebikozesebwa bye by'akozesa okubalaga okwagala kwe bwe kwenkana (laba **Yok 13:5-16**). Singa ddala "twagala baliraanwa baffe nga bwe tweyagala" (**Mat 22:39**) tujja kufa ku bulungi bwabwe mu ngeri y'emu nga bwe tufa ku bwaffe, era tujja kukozesa amaanyi ge gamu okulaba nti nabo babeera bulungi. Ayita abakulembeze b'ekkanisa okukola ekyo.

Copyright © by Jonathan Menn 2007-2014. All rights reserved.

Naye enfumo ezitali za ddiini ez'obusirusiru z'oba olekanga: Pawulo ateeka mu bufunze ekitundu kino ekyogera ku kuva ku Katonda n'okutya Katonda obw'obulimba, ng'akozesa ebigambo bino. Ekisooka, omuntu *"alina okulekanga"* eby'enjigiriza ez'obulimba (laba ne **1:4; Tito 1:14**). Ensonga y'ekyo eva ku kintu olugero lw'Ekimadagasika olugamba nti: "Ensuwa y'amazzi amayonjo teyinza kuziyiza akasumbi k'amazzi amakyafu." Kwe kugamba, "N'amazzi amakyafu amatono gasobola okwonoona epipa ejjudde amazzi amayonjo." Kale, ne bwe waba nga waliwo abantu batono abalina enjigiriza eyinza okwonoona ekkanisa, wateekwa okubaawo ekikolebwa okubaziyiza okwonoona abo abagoberera enjigiriza ey'amazima." (Andria 2006: 1470) Eky'okubiri, *asekerera* enjigiriza ey'obulimba ng'agamba nti enjigiriza ey'obulimba si kintu kirala okuggyako *"nfumo z'abakazi abakadde."* Addamu okukozesa ekigambo "enfumo" kye yakozesa ne mu **1:4.** Engero ng'ezo teziriimu mazima era tezikkirizika. Abantu abangu okulimba era abasirusiru be baziwuliriza. Naye, abantu bo bwe batayigirizibwa bulungi, be bajja okuba abawambe aba "*bannabbi ab'obulimba, abajja gye muli mu byambalo eby'endiga, naye nga munda gy'emisege egisikula"* (**Mat 7:15**) *abanyaga ennyumba za bannamwandu"* (**Luk 20:47**).

4:7b-16: ***[7b]Weemanyiizenga okutya Katonda; [8]kubanga okwemanyiiza kw'omubiri kugasa akaseera katono; naye okutya Katonda kugasa mu byonna, kubanga kulina okusuubiza kw'obulamu obwa kaakano n'obw'obugenda okujja. [9]Ekigambo ekyo kyesigwa era ekisaanira okukkirizibwa kwonna. [10]Kubanga kye tuva tutegana ne tufuba, kubanga twasuubira Katonda omulamu, Omulokozi w'abantu bonna, okusinga w'abakkiriza. [11]Lagiranga ebyo obiyigirizenga. [12]Omuntu yenna takunyoomanga lwa buvubuka bwo; naye beeranga kyakulabirako eri abo abakkiriza mu kwogeranga, mu kutambulanga, mu kwagalanga, mu kukkirizanga, mu kubanga omulongoofu. [13]Okutuusa lwe ndijja, nyiikiranga mu kusoma, n'okubuuliriranga, n'okuyigirizanga. [14]Tolekanga kirabo ekiri mu ggwe, kye waweebwa olw'obunnabbi awamu n'okuteekebwako emikono gy'abakadde. [15]Ebyo obirowoozenga obeerenga mu ebyo; okuyitirira kwo kulabikenga eri bonna. [16]Weekuumenga wekka n'okuyigiriza kwo. Nyiikiriranga mu ebyo; kubanga bw'okola bw'otyo, olyerokola wekka era n'abo abakuwulira.***

Ate ku ludda olulala, weemanyiize okutya Katonda. . . kubanga kulina okusuubiza kw'obulamu obwa kaakano n'obw'obugenda okujja: 1. Pawulo wano ava ku kiteeso *eky'okutya Katonda okw'obulimba* atandika *eky'okutya Katonda okw'amazima*—ku ky'engeri omuntu (naddala omukulembeze w'ekkanisa) gy'agwanidde okweyisaamu mu bulamu bwe obw'omwoyo. Enjawulo ey'amaanyi wakati w'emiramwa egyo erabika bulungi mu kigambo ky'Oluyonaani *de* (ekitera okuvuunulwa "naye") nga "Ku ludda olulala."

2. Newakubadde okwemanyiiza kw'omubiri kwa mugaso olw'okubeera n'obulamu obulungi, okwemanyiiza kw'omwoyo kwa mugaso okusinga kubanga kukwata ku *"bulamu obwa kaakano n'obw'obugenda okujja,"* so nga okwemanyiiza kw'omubiri kukolagana n'obulamu obwa kaakano. "Okwemanyiiza" kulaga okwewaayo okukola ekintu buli kiseera n'amaanyi. Ekyo nga bwe kiri ekituufu ku kwemanyiiza okw'omubiri, ne ku ky'omwoyo kituufu. "*Ekisuubizo eky'obulamu buno obuliwo* si kwe kugaggawala mu bintu eby'ensi, naye kikola omugatte gw'omukisa oguva mu kutya Katonda. Awatali kufa ku mbeera ze ez'oku nsi, Omukristaayo ayinza okugambibwa okubeera n'ebisinga obulungi mu nsi zombi." (Guthrie 1990: 107)

Kubanga kye tuva tutegana ne tufuba: Pawulo addamu okukkaatiriza nti okukuuma obulamu obw'okukkiriza si kyangu. Mu **1:19** yakozesa ekifaananyi eky'okukuba ebikonde oba okulwana *"olwanenga olutalo olulungi."* Mu **4:7-8** yakozesa ekigambo ky'Oluyonaani *gumnaze* ekya "okwemanyiiza," ekifaananyi ekikozesebwa mu baddusi b'emisinde "ekyogera ku kwemanyiiza okudduka emisinde . . . kwe tujja ekigambo ky'Olungereza 'gymnasium'" (Earle 1978: 373). Kati akozesa ebifaananyi bya mirundi ebiri: okusooka ekifaananyi ky'ekintu ekikolebwa mu mulimu oba mu kukozesebwa ekya *"tegana"* ne "*fuba"* (Oluyonaani = *agōnizomai*) ekyakozesebwanga mu mpaka ez'emisinde. Mu **Baf 2:12-16** Pawulo akozesa ekifaananyi kumpi kye kimu bw'atugamba *"mutuukirizenga obulokozi bwammwe bennyini n'okutya n'okukankana; kubanga Katonda y'akola mu mmwe okwagala n'okukola . . . nga mwolesa ekigambo eky'obulamu, ndyoke mbeere n'okwenyumiriza ku lunaku lwa Kristo, kubanga ssaddukira bwereere, so ssaafubira bwereere."* Newakubadde Kristo ali naffe, era mu ffe, era atukulembera, tetulina kubeera mu bulamu obw'obugayaavu n'okubeera nga tetulina kye tukola, naye tulina kubeera nga tutambula, tufuba, tugumiikiriza mu kukkiriza.

Kubanga twasuubira Katonda omulamu: Mu **1:1** Pawulo yayunga Kitaffe ne Kristo, Omulokozi (laba **Luk 2:11; Yok 4:42; Bik 5:31; 13:23**), bwe yagamba *"Katonda omulokozi waffe," ekigambo ekisangibwa mu Bbaluwa ez'Obusumba zokka* (laba **1 Tim 2:3; 4:10** ne **Tito 1:3; 2:10; 3:4**). Mu **1:1** era yagamba nti Kristo lye *"ssuubi lyaffe"* (laba ne **Bak 1:27**—Kristo *"essuubi ery'ekitiibwa"*). Kati akkaatiriza obumu bwa Kitaffe

Copyright © by Jonathan Menn 2007-2014. All rights reserved.

n'Omwana mu kugamba nti *"Katonda omulamu"* era *"essuubi lyaffe."* Ebigambo *"Katonda omulamu" b*ye bigambo Pawulo bye yakozesa ne mu **3:15.** *"Twasuubira"* mu Luyonaani kiraga ekintu ekyakolebwa edda naye nga ebibala byakyo bikyawulirwa na kati. Tuyinza okugamba nti, essuubi lyaffe kye kintu ekigenda mu maaso obutakoma era kye tulinako obukakafu era ekifuga obulamu bwaffe kati awamu n'obulamu obw'ebiseera ebijja bye *"tuteganira era bye tufubira."* Wano Pawulo by'agamba kumpi biringa ebiyimiridde ku njuyi bbiri ezitakwatagana, nga bwe yagamba mu **Baf 2:12-13** *mutuukirizenga obulokozi bwammwe bennyini n'okutya n'okukankana; kubanga Katonda ['Katonda omulamu'] y'akola mu mmwe okwagala n'okukola*: (1) Tutadde essuubi lyaffe, so si ku nsi oba ebintu eby'ensi eno, naye Katonda. "Olwazi" lwe "tutaddeko" essuubi lyaffe lutebenkevu era lwesigika, so si nga essuubi eriteekeddwa ku nsi eno oba ebintu by'ensi eno (laba **Mat 7:24-27; 1 Tim 6:17**). Ebiseera byaffe eby'omu maaso birungi mu ye—akakasizza okuwa ababe bonna obulamu obutaggwaawo (laba **Bar 12:39; 1 Kol 15:20-22**). (2) Kati *kubanga* essuubi lyaffe liri ku Katonda mu Kristo n'obulamu bwaffe obutaggwaawo butebenkevu mu ye tukola n'amaanyi okufuuka nga ye. Mu kifo ky'okulera bulezi engalo nga tetulina kye tukola, nga tetufa ku ngeri gye tubeeramu wano kati (kubanga tumanyi nti ebiseera byaffe eby'omu maaso birungi), "tutegana ne tufuba" tufuuke abantu abatya Katonda era abakola kyonna kye tusobola okutuuka ku kiluubirirwa eky'okwagala (kubanga tumanyi nti obulamu bwaffe kati bulina enjawulo gye bukola mu kubeerawo kwaffe olwaleero, ne mu bulamu bw'abalala).

Omulokozi w'abantu bonna, okusinga w'abakkiriza: Ebigambo bino bireeseewo obutakwatagana mu ndowooza z'abantu ku byo. Bw'obigeraageranya n'ebitundu ebirala ebingi ebiraga nti si bantu bonna be bajja okulokolebwa emirembe n'emirembe (laba ekiteeso wansi wa **2:4**), kino tekiyinza kutegeeza nti Katonda emirembe n'emirembe alokola "buli muntu awatali kulondamu." Okukwatagana n'ekigambo "lokola" ku bwakyo, "omulokozi" (Oluyonaani = *sōtēr*) kiyinza okutegeeza "omuwonya" ow'omubiri oba "omuwonya" ow'emirembe n'emirembe (laba ekiteeso wansi wa **2:15**). Mu mazima, "ekitundu ekisembayo eky'olunyiriri 10, ekilondamu abakkiriza okubeera abaganyuzi mu maanyi ga Katonda agalokola, kiraga nti ekigambo *omulokozi* wano kikozesebwa mu ntegeera ya mirundi ebiri" (Guthrie 1990: 108). N'olw'ekyo, Katonda ddala ye mulokozi (mu ntegeera nti ye "muwonya") w'abantu bonna. Ekyo kye "kisa kye" eri bonna ekiwa buli omu obulamu, n'ebirungi byonna ebiri mu bungi abantu bye beeyagaliramu ku nsi (laba **Zab 147:8-9; Mat 5:45; Luk 6:35; Bik 14:17; 17:25-28; Bak 1:17; Beb 1:2-3**). Ate ku ludda olulala, ye mulokozi (mu ntegeera nti ye "muwonya ow'emirembe n'emirembe") ow'abantu be (abakkiriza; ekkanisa). Ebigambo ebyo bizimba endowooza ya **2:4-6**.

Lagiranga ebyo obiyigirizenga . . . nyiikiriranga mu ebyo; kubanga bw'okola bw'otyo, olyerokola wekka era n'abo abakuwulira: 1. Essuula **4:11-16** etuwa "ebiragiro 10" (oba, "ebintu bye tulina okukola") ebiraga kiki "okwemanyiiza okw'omwoyo" (kwe kugamba, **4:7b-10**) kye kufaanana mu bulamu bw'omukulembeze w'ekkanisa. Buli kimu ku ebyo mu njogera y'Oluyonaani kiragira bulagizi. Bye bino: (1) "Lagiranga" ebyo, **4:11**; (2) "Yigirizanga" ebyo, **4:11**; (3) "Omuntu yenna takunyoomanga" lwa buvubuka bwo, **4:12**; (4) "Beeranga" kyakulabirako, **4:12**; (5) "Nyiikiranga" okusoma Ebyawandiikibwa, **4:13**; (6) "Tolekanga" ekirabo ekiri mu ggwe, **4:14**; (7) Ebyo "obirowoozenga", **4:15**; (8) "Obeerenga [obulire]" mu ebyo, **4:15**; (9) "Weekuumenga" wekka n'okuyigiriza kwo, **4:16**; (10) "Nyiikiriranga" mu ebyo, **4:16**.

2. Ebiragiro ebyo 10 biyinza okuteekebwa mu bibinja okusinziira ku miramwa emikulu Pawulo gy'azimba mu 1 Timoseewo yonna. Pawulo abadde akuutiza *bye tukkiriza ne bye tuyigiriza* (laba **1:3-11; 3:16-4:7a**), *n'enneeyisa yaffe mu bulamu* (laba **1:5; 2:8-3:15**). Mu byonna, ku kikwata ku nzikiriza n'obulamu, azze ng'akubiriza Timoseewo okubeera n'*obumalirivu, obwesigwa, obugumiikiriza* (laba **1:16, 18-20; 4:7b-10; 6:20-21**). Mu ngeri y'emu, ebiragiro 1, 2, 5, ne 9b byonna bikwata ku njigiriza, oba nzikiriza. Ebiragiro 3, 4, 6, ne 9a byonna bikwata ku nneeyisa n'entambuza y'obulamu. Ebiragiro 7, 8, 9 (okutwaliza awamu), ne 10 byonna bikubiriza obumalirivu, obwesigwa, n'obugumiikiriza.

3. Ebiragiro "ebiyigiriza" bitwaliramu ebitundu byonna eby'obulamu bwaffe. Omuwandiisi wa Baibuli bw'agenda nga adding'ana ekintu, aba akkaatiriza ensonga ey'omugaso. Ekyo bwe kiri naddala omuwandiisi bw'atandika olukalala lw'ebiragiro n'okwogera ekintu kimu, n'amaliriza n'okwogera ekintu kye kimu. Omugaso gwakyo gweyongera okulabika ekigambo ekyo bwe kisangibwa ku ntandikwa, ku nkomerero, ne mu makkati g'olukalala. Pawulo ekyo kyakoze wano ku kigambo "okuyigiriza," ekisangibwa ku ntandikwa (**4:11**), amakkati (**4:13**), ne ku nkomerero (**4:16**) y'ebiragiro 10 eby'okwemanyiiza okw'omwoyo. Kisanyusa okulaba kiki ekiyungiddwa ku kuyigiriza mu buli lumu ku nyiriri ezo. Mu **4:11** okuyigiriza kuyungiddwa ku "lagiranga" ebyo. Kwe kugamba, enjiri ne byetegeeza byonna olw'ebyo bye tulina okukkiriza n'engeri gye tulina okubeeramu si bya "kusalawo kwa muntu." Eri Abakristaayo, eno y'engeri yokka Katonda gye yalagira ey'obulamu, era omuntu abuulira enjiri alina kugibuulira n'obuyinza era nga mumalirivu. Mu **4:13** Pawulo ayunga okuyigiriza n'okusoma Ebyawandiikibwa wamu ne "okubuulirira." Kwe kugamba, obuyinza bw'okubuulira kwaffe buva eri Ekigambo kya Katonda, Baibuli. Si lwa buyinza bwaffe ng'abasumba oba

Copyright © by Jonathan Menn 2007-2014. All rights reserved.

abakulembeze b'ekkanisa. Abantu beetaaga okubuulirirwa ku *kiki* eky'okukola, naye ate balina n'okuyigirizibwa *lwaki* ne *ngeri ki* gye balina okukikola. Bwe *batategeera* bulungi kiki Baibuli kyegamba, tetuyinza kubasuubira *okukola* ekyo kyegamba. Mu **4:16** Pawulo ayunga okuyigiriza ne "wekka," kwe kugamba, obulamu bwo ggwe kennyini. Obuyinza bw'omusumba bwennyini busibukira ddala mu Kigambo kya Katonda. Naye, obulamu bwe bwe butakwatagana na Kigambo ekyo, abantu abamuwulira tebajja kumukkiriza oba okumugoberera. N'olw'ekyo, obulamu bwaffe buteekwa okukwatagana n'ebyo bye twogera. Tetuyinza "kulagira" oba "kubuulirira" abalala okukola ekintu ffe kye tutakola.

4. Ebiragiro bya "enneeyisa" tebikwata ku muntu sekinn'omu kyokka, naye bikwata ne ku buweereza bwe n'abantu abalala. Abantu abakadde batera "okuyisaamu amaaso" "abato", kubanga abato tebatera kubeera n'okumanya n'obumanyirivu ebijja n'obukadde, oba amagezi agajja n'okumanya n'obumanyirivu." N'olw'ekyo, omukulembeze omuto bw'abeera *"eky'okulabirako eri abakkiriza"* mu bintu ebikulu nga *enjogera, enneeyisa, okwagala, okukkiriza, n'obulongoofu*," abantu bonna, omuli abakadde, bajja kuteeka amaaso ku ye. Singa enneeyisa y'omukulembeze efaanana nga Kristo, eyakira abantu, n'abakadde bajja kugamba "Nnaalisanyuse singa mutabani wange abadde ng'oyo" (oba nti, "Nnaalisanyuse singa mbadde ng'oyo"). Nga Kristo bw'ali eky'okulabirako kyaffe (**1:16**), naffe tuteekwa okubeera eky'okulabirako eri abalala. Kubanga okubeera eky'okulabirako kikwata ku bitundu byonna eby'obulamu bwaffe ebisinga okuba eby'omugaso, tuteekwa *"okwekuumanga"* (**4:16**). Ebikolwa byogera n'eddoboozi ery'omwanguka okusinga ebigambo. Singa twogera ebigambo ebituufu byonna, naye ate nga ebikolwa byaffe tebiraga ebyo bye tuyigiriza, bye tulagira, ne bye tubuulirira abantu, kale obujulizi bw'obulamu bwaffe bujja kuzikiriza ebyo bye twogera. Ate ku ludda olulala, bwe tutaba boogezi balungi, naye ate ng'obulamu bwaffe butangaala nga buwa eky'okulabirako ekirungi eky'enneeyisa efaanana nga Kristo, Katonda ajja kubukozesa okuwa ebigambo byaffe obulamu, n'abawuliriza baffe bajja kutegeera, kukkiriza, n'okutugoberera.

5. Ebiragiro ebitubuulirira okumalirira n'okubeera abeesigwa bikwata ku bitundu byonna eby'obulamu bwaffe, era biriwo okumala emyaka gyonna egy'obulamu bwaffe. Mu **4:15** ekigambo ky'Oluyonaani *meleta,* ekyavuunulwa "Obirowoozenga" mu Baibuli ey'Oluganda, kitwaliramu ekirowoozo kya "okulongoosamu okuyita mu kulabirira oba okwetegereza," "okuteeka mu nkola," "okusimba," n'ekirowoozo kya "okuteeka ebirowoozo ku," "okulowooza ku," "okufumiitiriza ku." Obulamu bwaffe bwonna—omubiri, ebirowoozo, n'omwoyo—bwetaaga okwenyigiramu bwe tuba nga tunaafuuka ekika ky'abantu Katonda baayagala (era baasuubira) abakulembeze b'ekkanisa ye okubeera. Ekyo okiraba bulabi mu **4:15** ekigamba nti *"obeerenga mu"* ebyo, ne mu **4:16** ekigamba *"weekuumenga wekka."* Omugaso gw'obutaddirira emabega—omulamwa Pawulo gwe yatandika ekitabo kino nagwo (**1:18-20**), era ogujja okukikomekkereza (**6:20-21**)—gwogeddwako n'amaanyi mu **4:16**, olutuyita *okugumiikiriza.*

6. Enyiriri **4:15** ne **4:16** zombi zigamba nti obwesigwa *bwaffe* bulina kye bukolera *abantu abalala.* Okusooka, abalala *bajja kulaba okuyitirira kwaffe* nga bwe tweyongera okufuuka nga Kristo era nga bwe tweyongera okusemberera ekiluubirirwa. Okuyitirira kwaffe tekujja "*kulabika eri bonna"* kyokka, naye *kwetaaga* okulabika eri bonna. Eky'okubiri, obwesigwa bwaffe *"bujja kukakasa obulokozi bwaffe n'abo abatuwulira."* Ekintu eky'omugaso mu ekyo kiri nti, singa obulamu bwa Timoseewo n'enjigiriza ye bisigala nga biwa eky'okulabirako eky'obwesigwa eri Kristo, "ye n'abawuliriza be bajja kulokoka, oba okukuumibwa eri enjigiriza eyonoona eva mu bayigiriza ab'obulimba. Abayigiriza abo kye baakola si kuyigiriza njigiriza ya bulimba kyokka, naye baabeeranga n'obulamu obwonoonefu. Singa Timoseewo afaayo okubeera n'obulamu obutya Katonda, n'ayigiriza era n'abuulira enjigiriza ey'amazima, ajja kusobola okubakuuma obutayonoonebwa enjigiriza yaabwe." (Ngewa 2009: 106) Ekyo kituufu ne ku lwaffe. Kirina bye kikola emirembe n'emirembe. Katonda awadde abakulembeze b'ekkanisa ye obuvunaanyizibwa obw'entiisa obukwata ku myoyo n'obulamu bw'abasajja n'abakazi. Kwe kuyitibwa okusinga okuba okwa waggulu omuntu kw'ayinza okufuna. N'olw'ekyo, kyetaagisa ebitundu byonna eby'obulamu bwaffe okubeera ebyesigwa eri Katonda n'abalala ebiseera byonna eby'obulamu bwaffe. Bwe tukola ekyo, ebinaavaamu bijja kuba mikisa egitabalika n'essanyu, bye tujja okubeeramu emirembe n'emirembe n'abantu be betusumbye.

1 Tim 5:1-6:21—Ebizibu Ebya Bulijjo n'Ensonga Abakulembeze b'Ekkanisa bye Basanga

5:1-2: ***[1]Tonenyanga mukadde, naye omubuuliriranga nga kitaawo; abavubuka ng'ab'oluganda, [2]abakazi abakadde nga nnyoko; abato nga bannyoko mu bulongoofu bwonna.***

Tonenyanga mukadde, naye omubuuliriranga na kitaawo; abavubuka ng'ab'oluganda, [2]abakazi abakadde nga nnyoko; abato nga bannyoko: 1. Ekitundu kino kikkaatiriza endowooza etunuulira ekkanisa ng'ennyumba, Pawulo gye yayogerako mu **3:4-5** ne **3:15**. Wano Pawulo ayogera naddala ku ngeri gye tugwanidde okuyisaamu abantu b'ekkanisa ng'ab'omu nnyumba. Ebiseera bingi abasumba n'abakulembeze abalala ab'ekkanisa batera

Copyright © by Jonathan Menn 2007-2014. All rights reserved.

okubeera ewala okuva ku bantu abalala ab'ekkanisa. Okuva ku kituuti, abasumba batera okwetwala nga abantu abali "waggulu wano," abalala bonna ne balabibwa ng'ekkung'aaniro "eriri awo." Naye, bwe tutunuulira abakadde ne tulowooza ku bakitaffe ab'oku nsi, abakazi abakadde nga banyaffe ab'oku nsi, abasajja abato nga baganda baffe ab'oku nsi, n'abakazi abato nga bannyinaffe ab'oku nsi, abantu abali mu kung'aaniro bajja kweyongera okutufuukira "abaffe." Tuyinza n'okutandika okubayisa ng'ab'oluganda abaagalwa ab'enju eya ddala.

2. Mu kwawula abato n'abakadde, abasajja n'abakazi, Pawulo naye akiraba nti abantu ab'enjawulo beetaaga (era bayinza) okuyisibwa mu ngeri ez'enjawulo. Newakubadde ekigambo ekitegeeza "omusajja omukadde" (Oluyonaani = *presbuteros*) kiyinza okukozesebwa mu kwogera ku "mukadde" okutegeeza "muntu ali mu buvunaanyizibwa obw'omukadde oba omulabiriza mu kanisa" (nga mu **5:17, 19**), wano (kwe kugamba engeraageranya yakyo n'abasajja abato, abakazi abakade, n'abakazi abato) ekitangaaza bulungi nti amakulu mu **5:1** gali "omusajja omukadde." Abantu bonna, si nsonga oba musajja oba mukazi, beetaga okwagalwa n'okuweebwa ekitiibwa. Naye, nga bulijjo tutera okuwa (era twetaaga okuwa) abazadde baffe (n'abantu abakadde okutwaliza awamu) ekitiibwa kye tutatera kuwa baganda baffe ne bannyinaffe (oba abantu abato okutwaliza awamu). Ku ludda olulala, tutera "kubeera n'eddembe okusinga" nga tuli n'abo be tuzaaliddwa nabo (n'abantu abato okutwaliza awamu, naddala abasajja abato). Enkyukakyuka ezo zisangibwa ne mu kanisa, kubanga ekkanisa ebeera nnyumba.

3. Abantu tebagwanidde kuyisibwa bubi oba mu bukambwe oba busungu, ne bwe baba nga bakoze bubi, naye balina okubuulirirwa n'okusabibwa okukola obulungi. Amakulu aga namaddala ag'ekigambo "okunenya n'obusungu" gali "okutomera." Abakulembeze b'ekkanisa tebalina kweyisa batyo. Kale, *"okusaba okukola ekintu*" kikwata ku bantu bonna abali mu lukulala oluli mu **5:1-2.** Ekigambo ekivuunulwa *"okusaba okukola ekintu"* kye kigambo ky'Oluyonaani *parakaleō*. Ekyo kye kigambo ekivuunulwa "okubuulirira" **4:13**. Kitera okuvuunulwa "buulirira" oba "zzaamu amaanyi," naye nga kitegeeza ne "saba," "weegayirire," "kubiriza," ne "yisa omuntu mu ngeri ey'ekisa, enkolagana ennungi, oba ey'omukwano" (Danker 2000: 764-66). Mu kubuulirira abantu oba okubagolola ensobi, abakulembeze b'ekkanisa bulijjo bateekwa okujjukira "okwogeranga amazima mu kwagalana" (**Bef 4:15**). Ebintu ebyo byombi bya mugaso: amazima agoogeddwa awatali kwagala mu butuufu si mazima; n'okwagala okukoleddwa awatali mazima mu butuufu si kwagala. Eyo y'ensonga lwaki kya mugaso nnyo eri abakulembeze b'ekkanisa okwemanyiiza mu by'omwoyo (**4:7b-16**). Awo ebigambo bye boogera, n'engeri gye babyogeramu, bijja kuba kitangaala kyennyini eky'Ekigambo kya Katonda nga bwe kyolesebwa okuyita mu nneeyisa yaabwe efaanana eya Kristo.

4. Naddala mu kugolola ensobi z'abantu abakadde, waliwo obukodyo obuyinza okuyamba abantu abato abali mu bukulembeze bw'ekkanisa. Waliwo ebintu ebiwerako omusumba omuto by'ayinza okukola mu kukolagana n'omuntu omukadde aleeta obuzibu mu kanisa. (A) Nga Pawulo bwe yayogera mu **4:12**, omusumba bw'abeera eky'okulabirako ekya Kristo mu njogera, mu mpisa, mu kwagala, mu kukkiriza, ne mu bulongoofu, obuyinza bwe n'ekitiibwa kye bijja kweyongerera ddala. Awo omukulembeze oyo omuto ajja kukolagana n'omuntu oyo aleeta obuzibu nga tasinziira ku buyinza bw'ekifo kye mu kanisa bwokka, naye ng'asinziira ne ku buyinza bw'obulamu bwe obutukuvu. (B) Tomala googera n'omuntu oyo ggwe wekka, naye genda n'abantu abalala abakadde (oba "abakadde" abaalondebwa ab'ekkanisa oba nedda) omuntu oyo baatunuulira era b'assaamu ekitiibwa. Okugenda eri omuntu "n'amaanyi g'omuwendo gw'abantu" kwayogerwako Yesu mu **Mat 18:15-20**. Bw'ogenda n'abantu abalala ab'ekitiibwa, omukozi w'emivuyo oyo bw'atakuwuliriza, ayinza okuwuliriza abalala. Bayinza okumwegayirira mu ngeri ggwe gye wali tolowoozezzaako. Endowooza ya "abakadde ab'ekyalo" abantu bonna be bassaamu ekitiibwa emanyiddwa mu bitundu ebisinga ebya Afirika, era y'endowooza egwanidde okusinga okukozesebwa mu kanisa. (C) Mumwegayirire omukozi w'emivuyo oyo nga musinziira ku buyinza bw'Ekigambo kya Katonda. Ebyawandiikibwa birimu bingi ebyogera ku ngeri gye tulina okubeeramu. Eky'okulabirako, **Tito 2** erimu okubuulirira eri abasajja abakadde, abakazi abakadde, abasajja abato, n'abakazi abato. Okuyita mu kulaga n'okunyonyola omuntu ng'oyo Ekigambo kya Katonda, ayinza okulaba nti ekyo ky'akola tekikontana naawe, oba ekkanisa, naye kikontana ne Katonda. Mu ebyo byonna, wabula, jjukira nti ekigendererwa ky'okubuulirira n'okukangavvula kwe "kuwangula muganda wo" (**Mat 18:15**) okumukomyawo eri obulamu obulungi, obulimu okwagala, obw'amazima mu mubiri gwa Kristo.

Mu bulongoofu bwonna: 1. Pawulo ayongera ebigambo ebyo eby'omugaso ku nkomerero y'ekitundu ekyo kubanga okukemebwa okw'obwenzi bulijjo kubeerawo, era ekibi eky'obwenzi kiyinza okwonoona obuweereza bw'omuntu, amakaage, n'ekkanisa. Ekibi eky'obwenzi kisobola okuba kizibu kinene nnyo mu kanisa. Kisobola okuzikiriza obuwereza bw' omusajja n'omukazi, n'ekitiibwa nekifa. Buli bw'oyenda, oba osudde obwesigwa obwa kuwebwa Katonda. Mu butuufu, omuntu ayinza okutesa nti kubaga ekkanisa makka (ddala makka ga Katonda), ekibi eky'obwenzi mu kkanisa gaba mawano mumakka ga Katonda (omuntu okuganza owoolugandalwe).

Copyright © by Jonathan Menn 2007-2014. All rights reserved.

2. Ekkanisa esaana ebeere n'amateeka n'engeri ey'okuziyiza ekibi eky'obwenzi okubaawo. Abantu bonna balina amaanyi ag'ekibi ekiri mu bo. N'olw'ekyo, ne bwe tulowooza nti "tekiyinza kuntuukako," kiyinza. Eyo y'ensonga lwaki Pawulo alabula naddala abakulembeze abasajja okuyisa abakazi abali mu bifo ebya waggulu nga bamaama baabwe ne bannyinabwe *"mu bulongoofu bwonna."* Amakanisa gayinza okuteekawo amateeka okuyamba ku nsonga eyo. Amateeka ng'ago gayinza okubeeramu gano wammanga: omukulembeze omusajja talina kubeera yekka n'omukazi, naddala mu nju enzigale; omukulembeze omusajja alina okukolagana n'abakazi mu bifo abantu we bayinza okubalabira; abakazi ab'ekitiibwa mu kanisa balina okutendekebwa era baweebwe omulimu gw'okubuulirira n'okukola ku bizibu by'abakazi abalala; okubuulirira okw'obufumbo bwe kuba nga kukolebwa, bulijjo omusumba alina kubeera wamu ne mukazi we oba omukazi omulala ow'ekitiibwa, era okubuulirira kukolebwenga nga kwenyigirwamu abantu babiri ku babiri. Amateeka ag'enjawulo gayinza okukolebwa okusobola okukola ku mbeera ez'enjawulo. Amateeka agakola mu kanisa emu gayinza obutakola mu ndala. Wabula, amakanisa gonna getaaga okulowooza ku nsonga eno n'okubaako ne kye gakola *nga tewannabaawo* obuzibu bwonna obukwatagana n'ekyo okukakasa nti amateeka n'enkola w'ebiri okuyamba okuziyiza ekikemo ekibeerawo bulijjo okubwatuka ne kireeta omuliro gw'ekibi kyennyini. Abakulembeze b'ekkanisa emu beetaaga okunoonyereza kiki amakanisa amalala kye gakola ku nsonga eyo. Akatyabaga k'amaanyi—eri abakulembeze, abakazi, ennyumba, ekkanisa, erinnya lya Kristo mu kitundu—bwe watabaawo kikolebwa.

5:3-16: ***[3]Obawenga ekitiibwa bannamwandu ababa bannamwandu ddala; [4]naye nnamwandu yenna bw'aba n'abaana oba bazzukulu, basookenga okuyiga okwegendereza eri ab'omu nnyumba zaabwe, n'okusasula bakadde baabwe: kubanga ekyo kye kikkirizibwa mu maaso ga Katonda. [5] Naye abeera nnamwandu ddala n'alekebwa yekka, asuubira Katonda, n'anyiikiranga okusaba n'okwegayiriranga emisana n'ekiro. [6]Naye oyo awoomerwa ebinyumu nga afudde newakubadde ng'akyali mulamu. [7]Era n'ebyo obalagire, balemenga okubaako eky'okunenyezebwa. [8]Naye omuntu yenna bw'atajjanjaba babe, n'okusinga ab'omu nnyumba ye, nga yeegaanyi okukikkiriza, era nga ye mubi okusinga atakkiriza. [9]Nnamwandu yenna tawandiikibwanga nga tannatuusa myaka nkaaga, eyafumbirwa omusajja omu, [10]asiimibwa mu bikolwa ebirungi; oba yaleranga abaana, oba yayanirizanga abagenyi, oba nga yanaazanga abatukuvu ebigere, obanga yabeeranga ababonaabona, oba nga yagobereranga nnyo buli kikolwa ekirungi. [11]Naye bannamwandu abakyali abato obaganenga: kubanga bwe balikabawala eri Kristo, nga baagala okufumbirwa, [12]nga bazza omusango kubanga basuula okukkiriza kwabwe okw'olubereberye. [13]Era ate bayiga okubeeranga abagayaavu, nga batambulatambula okubuna amayumba; naye tebagayaala bugayaazi, era naye balina olugambo n'akajanja, nga boogera ebitasaana. [14]Kyenva njagala abakyali abato bafumbirwenga, bazaalenga abaana, bafugenga ennyumba, balemenga okuwa omulabe ebbanga w'ayima okuvuma; [15]kubanga waliwo kaakano abakyuka okugoberera Setaani. [16]omukazi yenna akkiriza bw'abanga ne bannamwandu, abayambenga, era ekkanisa eremenga okuzitoowererwa, eryoke eyambenga bannamwandu ddala ddala.***

"Ekiluubirirwa kya Pawulo ekisooka mu kitundu kino kuyamba Timoseewo okwawula wakati wa bannamwandu ekkanisa b'erina okuyamba n'abo b'eterina kuyamba. . . . Pawulo ayigiriza nti nnamwandu ddala, eyeetaaga okulabirirwa ekkanisa, ateekwa okuba ng'ali yekka, tafuna buyambi bw'ab'ennyumba ye, era tasuubira kuddamu kufumbirwa. Ateekwa okuba omukazi atya Katonda, asuubira mu Katonda, alina obulamu obutya Katonda obulabikira mu mpisa ze, katugambe mu bunyiikivu mu kusaba, mu kubeera omwesigwa eri bbaawe, mu kukuza abaana, mu kwaniriza abagenyi, mu kunaaza ebigere by'abatukuvu, mu kuyamba ababonaabona, ne mu kwewaayo eri ebikolwa ebirungi. Ekirala, kubanga ekizibu ekyali mu Efeso kyalimu bannamwandu abato, Pawulo agamba nti nnamwandu alina kubeera nga takka wansi w'emyaka nkaaga bw'aba nga wa kuteekebwa mu lukalala. Ekyo tekitegeeza nti ekkanisa erina okwerabira bannamwandu abatatuukiriza bisaanyizo ebyo. Kitegeeza nti ekkanisa yali terina kuyingira mu nkolagana entongole, ey'ebiseera byonna eby'obulamu bwa bannamwandu abatali mu ttuluba eryo." (Mounce 2000: 299)

Obawenga ekitiibwa bannamwandu ababa bannanwandu ddala: Ekigambo "ekitiibwa" n'ekigambo "ddala" bya mugaso. (Baibuli eya ESV egamba *"Obawenga ekitiibwa bannamwandu ababa bannamwandu ab'amazima."* Eya NKJV egamba *"Obawenga ekitiibwa bannamwandu abatuufu."* Ebigambo "ab'amazima" oba "abatuufu" bye bigambo eby'omugaso ebinyonnyola wano.)

1. Ekigambo eky'Oluyonaani, "ekitiibwa," kye kimu ekikozesebwa mu **5:3, 5:17,** ne mu **6:1**. Newakubadde ekigambo kye kimu ekikozesebwa wano, entegeera essatu ze kikozesebwamu zonna za njawulo—era entegeera ezo ziraga nti ekigambo "ekitiibwa" kitegeeza kintu kirala mu buli kifo we kikozesebbwa. Ennyiriri eziriraanye **5:3** zitulaga bulungi nti "ekitiibwa" kyogera ku *buyambi obw'ebintu* obuweebwa bannamwandu abali mu bwetaavu. Ekyo kiragibwa mu **5:4-5**, ekyogera ku bannamwandu abalina

Copyright © by Jonathan Menn 2007-2014. All rights reserved.

abaana oba abazzukulu okwawukana ne bannamwandu abali bokka n'olw'ekyo abatalina buyambi bwonna. Olunyiriri **5:4** bwe lugamba nti abaana balina *"okusasulanga abakadde baabwe,"* kye lugamba kiri nti "mu kulabirira abakadde baabwe, abaana baba tebabalaga kuganja—baba *basasula* ebbanja" (Ngewa 2009: 114). Olunyiriri **5:8** mu ngeri y'emu lugamba nti ab'ennyumba emu bateekeddwa "*okugabirira abantu baabwe."* Okulemwa okukola ekyo kufuula omuntu okubeera *"omubi okusinga atakkiriza."* Olunyiriri **5:16** lufunza ekitundu ekyo kyonna nga luddamu okugamba nti abo abalina bannamwandu abalina okwesigama ku balala *"bateekwa okubayamba, ekkanisa ereme okuzitoowererwa, esobole okuyamba bannamwandu ddala."* Mu **5:17** "ekitiibwa" kikwata ku ky'ekkanisa okusasulanga omusumba, era ekyo **5:18** lukitaangaaza bulungi. Mu **6:1** "ekitiibwa" kiraga "okussaamu mukama wo ekitiibwa" (mu ngeri y'okukola ennyo, okukuuma obudde, n'ebirala), era ekyo **6:2** lukitangaaza bulungi. Bulijjo omulamwa gw'ennyiriri ezeetoolodde olwo lw'oliko gwe gutuwa amakulu. Ekyo kituufu mu Baibuli ne mu kitabo ekirala kyonna (laba okuteesa okwa **1:5**).

2. <u>Ekigambo "ddala" ("mazima," "yennyini") kiraga nti Pawulo ayawula wakati wa bannamwandu ab'enjawulo.</u> Mu kunyonnyola amakulu gakyo, nnamwandu ye mukazi eyafiiriwa bba. N'olwekyo, mu ngeri emu omukazi yenna eyafiirwa bba abeera "nnamwandu ddala" oba "nnamwandu yennyini." Naye, ensonga ya Pawulo wano si kunyonnyola nnamwandu kye kitegeeza. Ensonga enkulu mu kitundu kino kwe kunyonnyola bannamwandu ab'ekika ki ekkanisa beerina okulabirira. Pawulo akitegeera nti, mu biseera bye nga mu byaffe, ekkanisa eyinza obutaba na bintu bimala okuyamba buli muntu ali mu bwetaavu. N'olw'ekyo, Pawulo atulung'amya nga bw'atuyamba okwawula wakati wa bannamwandu ekkanisa beesaanidde okuyamba, ku abo beetesaanidde kuyamba. Mu butuufu, ekitundu ekisigadde eky'ebyawandiikibwa ebyo, (enyiriri 4-16) kinyonnyola ani abeera nnamwandu "ddala."

3. <u>Ekitundu kino kiwa *kyakulabirako* eky'obuyambi eri ekibiina kimu eky'abantu.</u> Bannamwandu be baali abantu abangu okusanga obuzibu era abaalina okuyimirira ku buyambi bw'abalala mu bantu ab'edda kubanga okutwaliza awamu emabegako baali beesigama ku basajja baabwe. Eky'okuba nti ekkanisa erina okuyamba bannamwandu abamu tekitegeeza nti teyinza era terina kuyamba abantu abalala abali mu bwetaavu. Pawulo atuwa enyinyonnyola esingako mu bujjuvu ey'ennono eri mu **Yak 1:27,** *"Eddiini ennongoofu eteriimu kko mu maaso ga Katonda Kitaffe y'eno, okulambulanga afuuzi ne bannamwandu mu bunaku bwabwe, n'okwekuuma obutaba na mabala ag'oku nsi.* Eky'amazima Pawulo by'ayogerako mu **5:3-16** ku ba "namwandu", *kya kulabirako* eri ebika by'abantu ekkanisa beerina okuyamba nga bwe kilabibwa mu **5:4** ne kyefananyizibwa nga "bazadde", ne mu **5:8** kyefananyizibwa ku muntu agabirira "ababe". Esonga ezo ebiri zongera okugaziya ennono ez' okuyamba abali mu bwetaavu okusukuluma kya ba "namwandu" bokka. Ennono Pawulo za yayogerako ziyinza okutwalibwa era nezikozesebwa ne ku bika ebirala eby'abantu abali mu bwetaavu, katugambe nga abasajja abakadde; abatalina mirimu; bamulekwa; aboonoonefu mu bwongo; abalwadde ba mukenenya, n'abalala.

4. <u>Ekitundu kino kirimu obutundutundu butaano obwesigamizibwa ku njawulo wakati w'abo ekkanisa b'erina okuyamba n'abo b'eteetaaga kuyamba.</u> (A) Obawenga ekitiibwa bannamwandu ababa bannamwandu ddala (**5:3**)—naye abo abalina ab'ennyumba baabwe balabirirwenga ab'ennyumba baabwe (**5:4**). (B) Abeera nnamwandu ddala y'oyo alekeddwa yekka, asuubira Katonda, era anyiikira mu kusabanga (**5:5**)—naye abo abawoomerwa ebinyumu bafu (**5:6**). (C) Lagiranga ebintu ebyo balemenga okubaako eky'okunenyezebwa (**5:7**)—Naye omuntu yenna bw'atajjanjaba babe, n'okusinga ab'omu nnyumba ye, nga yeegaanyi okukkiriza, era nga ye mubi okusinga atakkiriza (**5:8**). (D) Bannamwandu abatya Katonda abatakka wansi wa myaka nkaaga bawandiikibwenga (**5:9-10**)—Naye towandiikanga bannamwandu abakyali abato kubanga basuubirwa okufumbirwa era bayiga okubeeranga abagayaavu (**5:11-13**). (E) Obufunze: bannamwandu abakyali abato bagwanidde okuddamu okufumbirwa (**5:14-15**); abo abalina ab'ennyumba baabwe bagwanidde okufuna obuyambi okuva eri abo (**5:16a**)—naye ekkanisa erina okulabiriranga bannamwandu "ddala" (**5:16b**).

5. <u>Ekitundu ekyo kyogera ku bika bisatu eby'abantu, abateekeddwako olukomera lw'obuvunaanyizibwa obw'okulabiriranga "nnamwandu ddala" ku buli nkomerero, nga bwe tulaba wano wammanga:</u>

5:3—*Obawenga ekitiibwa bannamwandu ababa "bannamwandu ddala"*

5:4, 7-8, 16a—Obuvunanyizibwa bw'ab'omu nju eri bannamwandu

5:5, 9-10—"Bannamwandu ddala"

5:6, 11-15—Bannamwandu abakyali abato era ababeera mu binyumu

5:16b—*Ekkanisa ejja kuyamba "bannamwandu ddala"*

6. <u>Mu kitundu ekyo tulaba ennono bbiri.</u> (A) *Lowooza ku bwetaavu bw'omuntu*. Omuntu anoonya obuyambi "ddala ali mu bwetaavu," oba alina obuyambi bw'ab'ennyumba oba obuva mu makubo amalala? Olwaleero emiganyulo gya gavumenti, kampuni ezidduukirira abantu nga bafunye obuzibu, sente eziweebwa abakozi nga balekulira omulimu, obusika, oba ensibuko endala ez'obuyambi ziyinza okubaawo. (B) *Lowooza ku ndowooza y'omuntu oyo, empisa ze, oba obulamu bwe.* (1) Muwombeefu oba wa malala? Ateekateeka oba agenda mu maaso n'obulamu obw'ekibi oba nedda? Yeesiga Katonda oba nedda? (2) Abantu bangi abajja eri

Copyright © by Jonathan Menn 2007-2014. All rights reserved.

ekkanisa okunoonya obuyambi si Bakristaayo era nga balina obulamu obujudde ekibi. Singa abantu ng'abo bajja eri ekkanisa n'omutima omuwoombeefu, ekkanisa eyinza okugezaako okubayamba. Mu kubayamba ekkubo liyinza okuggulwawo ery'okubabuulira ku Kristo.

Nnamwandu yenna tawandiikibwanga nga tannatuusa myaka nkaaga: 1. Ekisaanyizo eky'emyaka 60 si "tteeka" erikola mu nsi yonna. Amakanisa agamu kino gakikozesezaawo nga bwe kiri, ng'etteeka erikwata ku makanisa gonna olwaleero. Naye, okutegeera ebyafaayo n'obuwangwa bw'ebiseera bino we byawandiikirwa kutuwa ekifaananyi ekirungi ku kino (laba ebyogeddwa ku **2:9-10**). "Kya mugaso okujjukira nti Abaefeso, ng'abangi mu Afirika olwaleero, baali tebamanyi myaka gyabwe emituufu. Tebaakuumanga biwandiiko by'obuzaale bwabwe. N'olw'ekyo, emyaka enkaaga gyali emyaka Pawulo gye yalagira kubanga mu buwangwa obw'Abayudaaya emyaka egyo gye gyatandikanga obukadde." (Ngewa 2009: 112) Amazima gali nti, enkaaga gye gyali emyaka omuntu kwe yalowoozebwanga okubeera "omukadde" (Knight 1992: 223). Nkaaga "osanga giraga emyaka egyasinga okuba egya waggulu mu biseera eby'edda omuntu kwe yasuubirwanga okuba nti yali akyasobola okukola n'okwetuusaako bye yeetaaga" (Blomberg 1999: 209). Mu mulembe ogwasooka wansi wa 4% ku bakazi baatuukanga ku myaka egya 50 (Lysaught 2005: 67n.18). Baali mu kibinja ky'abantu abaatwalibwanga okuba abatalina nnyo mugaso, era baalinanga bitono eby'okweyambisa. "Omukazi bwe yatuukanga ku myaka nkaaga, teyalinanga kakisa kuddamu kufumbirwa" (Ngewa 2000: 112). Okugeraageranya ekyo n'ebiri mu buwangwa obwa leero, naddala mu nsi z'abazungu, emyaka 60 tegitwalibwa kuba myaka gya "bukadde." Ekirala, waliwo obuyambi bungi obuva eri gavumenti n'awalala obuweebwa okuyamba abakadde, ekintu ekitaaliwo mu biseera bya Pawulo ne mu buwangwa bwe. N'olw'ekyo, ekisaanyizo ekya "emyaka enkaaga egy'obukulu "kyategeezanga kintu kirala nnyo mu buwangwa bwa Pawulo okuva ku kye kitegeeza mu buwangwa bungi obwa leero. Ekisembayo, omulamwa omugazi ogw'ekitundu ekisigadde ekya Baibuli tegulaga nti omuwendo 60, oba emyaka enkaaga egy'obukulu, gyalina amakulu ag'enjawulo (naye laba **Leev 27:1-7** awali ekipimo ky'omuwendo ogw'okununula abantu abaali bakoze obweyamo obuzibu; omuwendo gwakkanga ne gutuuka ku myaka nkaaga). Ebyo bitegeeza nti ekyetaago eky'emyaka 60 tekyetaaga kukozesebwa buli wamu nga "etteeka," naye giyinza okukyusibwa okusinziira ku mbeera eziba ziriwo.

2. Kisoboka nti *"okuwandiikibwa"* okwogeddwaako mu **5:9** kwogera ku bannamwandu abaali bawandiikiddwa mu buweereza mu kuwanyisa n'obuyambi bwe baafunanga okuva eri ekkanisa. "Okusinga, kirabika nti *okuteekebwa ku lukalala* kwalimu okuwandiikibwa kw'okwewaayo kwa bannamwandu abo eri ekkanisa mu butongole, n'okwewaayo kw'ekkanisa okubayamba obulamu bwabwe bwonna. Pawulo teyayagala olukalala luno lubeere luvanvu nnyo ekiyitiridde, kubanga ekyo kyali kiyinza okuviirako ekkanisa okulemererwa okutuukiriza obweyamo bwayo. Kale, yayagala olukalala luno lubeeremu bannamwandu abaali mu myaka enkaaga n'okusukka. Wabula, tagamba nti ekkanisa tegwanidde kuyamba bannamwandu abakyali abato mu biseera eby'obwetaavu obw'amaanyi." (Ngewa 2009: 112-13) Abannyonnyozi bangi bakkiriza nti "okuwandiikibwa" okwo kwali kwogera ku "nteekateeka oba ofiisi ya bannamwandu" abo abaali bawandiikiddwa mwe baaweebwanga emirimu egikwatagana n'okusaba awamu n'obuweereza obw'okuyambanga abantu mu kuwaanyisa n'endabirira gye baafunanga okuva eri ekkanisa. Ekyo bwe kyali kubanga ebisaanyizo mu **5:9-10** si bye bimu n'ebiri mu **5:5**, n'ebyo ebiri mu **5:9-10** bifaanana n'eby'abo abali mu buweereza bw'ekkanisa obuteeketeeke (laba **1 Tim 3:1-13**). Mazima, ekkanisa ey'emirembe egyaddako yakola enteekateeka ng'eyo ey'okuyambanga bannamwandu ng'esinziira ku byawandiikibwa ebyo. "Enteekateeka ey'okuyambanga bannamwandu yagenda mu maaso n'okukolanga obulungi okutuusa mu mulembe ogw'okuna. Naye ofiisi y'abaweereza abakazi ye yasinganga okulabika ennyo mu bitundu eby'enjawulo eby'Obukristaayo obw'Obuyonaani n'Obulatini obwasooka, nga ekitundu kyayo kiva ku ssuula **5:3-10**. Abakulembeze abakazi baalowoozebwanga okugya bulungi naddala mu buweereza obw'okusaba n'obw'emirimu egya bulijjo, omwali egyo abasajja gye bataasaaniranga kukola—naddala nga okubuulirira, okukyalanga, okuyigirizanga oba okubatizanga abakazi abalala." (Blomberg 1999: 209) Newakubadde ebiwandiiko tebisaba nnyo enyinyonnyola eyo, kubanga ekkanisa mu byafaayo byayo yakozesanga bannamwandu mu buweereza mu kuwaanyisa n'obuyambi bwe baaweebwanga, ekkanisa olwaleero esaanidde okukola ekintu kye kimu. Abantu abakadde balina obugagga bw'obumanyirivu n'amagezi agayinza era agasaanidde okukozesebwa mu kuzimba ebitundu ebisigadde eby'omubiri gwa Kristo.

3. Ekkanisa esaanidde okugezaako okuyamba abaavu n'abali mu bwetaavu okufuuka abasobola okweyimirizaawo bokka. (A) *Abantu abeetaavu abasinga basobola okweyimirizaawo bokka awatali kusabiriza buyambi.* Ekkanisa eyinza okubayamba okufuuka abeeyimirizaawo bokka. Amagezi agaweebwa ku kino ge gano: (1) Ekkanisa ewe abantu abali mu bwetaavu amabanja agabayamba okutandikawo emirimu emitonotono egy'obusuubuzi. Kino kyetaagisa abantu abo okubeera n'emirimu egimanyiddwa era egikkiriziddwako. Era kyetaagisa enkola ey'okulabiriranga emirimu egyo n'okumanyanga bwe gitambula. Obuzibu obumu obumanyiddwa bw'ebw'obutasasula mabanja. (2) Okuwa abali mu bwetaavu emirimu. Kino kyetaagisa

Copyright © by Jonathan Menn 2007-2014. All rights reserved.

okumanya ani mu kanisa yo alina omulimu, ani eyeetaaga obuyambi bw'emirimu gy'awaka, ayinza okufunira abantu emirimu. Ekkanisa nayo eyinza okusasula abantu olw'okuyonjanga ekizimbe kyayo n'oluggya lwayo oba okugikolera omulimu omulala oguba guliwo. Endowooza eya "enteekateeka ya bannamwandu" nayo eri awo. (3) Okuwa obuyambi obutali bwa sente. Ekkanisa eyinza okuba "etterekero" nga yeekaalu ey'edda bwe yali (laba **Mal 3:10**), ery'engoye, emmere eteyonooneka, oba ebintu ebirala ebiyinza okwetaagibwa. Ekkanisa erina okumanya ku bantu bayo b'ani abayinza okuwaayo emmere, engoye, oba ebintu ebirala ebyetaagibwa abali mu bwetaavu. Ekkanisa emu eya PAG mu Uganda yalina bannamwandu 43. Mu kifo ky'okubawanga sente, yabagulira embuzi. Oluvannyuma lw'emyaka ebiri, embuzi 43 zaali zifuuse 281. Bannamwandu abo kati baali basobola okweyimirizaawo. Baalina amata. Baasobola okutunda ku mbuzi ezo okuzifunamu sente. Abamu ku bo baagula ente oluvannyuma lw'okutunda ku mbuzi zaabwe. Ekyavaamu, bannamwandu beeyongera okubeera kumpi n'ekkanisa era bangi ku bo baafuuka "bannaggwano abeesigwa mu kusaba" n'abagabi mu kanisa. (B) *Ekkanisa erina okumanya ensibuko endala ez'obuyambi mu kitundu kyayo.* Ekkanisa terina busobozi okuwa abantu bonna ebintu byonna bye beetaaga. Wabula, eyinza okukwataganga ne, oba okukwataganya abantu abeetaavu n'ebibiina ebiyinza okubafunira ebintu oba obuweereza ekkanisa bw'eteyinza kubawa. (1) Mu nsibuko endala ez'obuyambi waliwo: ebitongole bya gavumenti; ebibiina binnakyewa; ebibiina ebiyambi eby'Ekikristaayo n'ebirala. (2) Ebibiina by'amakanisa agakolera awamu galina ebitongole ebigaba obuyambi n'ebikola ku bulungi bw'abantu. Ekkanisa eya Anglican erina "Obumu bwa Bamaama." Eya PAG mu Uganda erina "Ekitongole Ekiteesiteesi n'Enkulaakulana ekya PAG." (3) Amakanisa ag'enjawulo, n'ago agali mu bibiina eby'enjawulo, geetaaga okukolera wamu okusisinkana ebyetaago by'abantu mu bitundu bye galimu. Ekyo kiyinza n'okuyamba okulaga obumu, obubaka obukulu n'ekigendererwa eky'ekkanisa.

5:17-18: ***[17]Abakadde abafuga obulungi basaanyizibwe okuwebwanga ekitiibwa emirundi ebiri, okusinga abafuba mu kigambo n'okuyigiriza, [18]kubanga Ekyawandiikibwa kyogera nti, "TOSIBANGA MUMWA NTE EWUULA ENG'AANO," Era nti "Akola emirimu asaanira empeera ye."***

Abakadde . . . ekitiibwa emirundi ebiri: 1. Ekigambo kye kimu eky'Oluyonaani, *presbuteros,* ekikozesebwa mu **5:1** ne mu **5:17**. Naye, nga ku lw'ekigambo "ekitiibwa," emyaliro gyombi nga bwe giri egy'enjawulo giraga amakulu ag'enjawulo. Mu **5:1** ekigambo kikozesebwa mu makulu gakyo aga bulijjo oba mu ntegeera yakyo eya bulijjo eya "omusajja omukadde." Wano, omwaliro oba omulamwa (abo *"abafuga obulungi . . . okusinga abafuba mu kigambo n'okuyigiriza"*) gulaga bulungi nti ekigambo kikozesebwa mu ntegeera yaakyo ey'ekikugu okutegeeza "omulabirizi, omusumba, omukulembeze w'ekkanisa."

2. Mu Baibuli, amakanisa gonna gaakulemberwanga abakadde bangi abaakoleranga wamu, so si omusumba omu yekka. Mu **5:17** "abakadde" kiraga bangi. Mu ngeri y'emu, mu **4:14** Timoseewo bwe yassibwako emikono, "ekibiina ky'abakadde" kye kyamussaako emikono. Ekyo ky'eky'okulabirako mu Baibuli eky'obukulembeze bw'ekkanisa: obufuzi obw'abakadde abangi, so si muntu omu yekka. Ekkanisa buli lw'eyogerwako mu kitabo ky'Ebikolwa, ne buli Pawulo n'abalala lwe baatandikanga amakanisa amalala, baalondanga abakadde abawerako mu makanisa ago (laba **Bik 11:30; 14:23; 15:2-6, 22-23; 16:4; 20:17-18; 21:18**). Ekyo kiraga amagezi aga Baibuli nti *"mu bateesa ebigambo abangi mwe muli emirembe [oba, amagezi]"* (**Nge 11:14; 26:4**), era nga *"ekyuma nga bwe kiwagala ekyuma, bw'atyo omuntu awagala amaaso ga mukwano gwe"* (**Nge 27:17**). Okubeera n'abakadde abawera kya mugaso. Buli omu alina ebirabo n'obusobozi eby'enjawulo; tewali n'omu eyeemalirira. Abakadde abangi balabiriragana mu bikwata ku nneeyisa, mu by'omwoyo, ne mu by'ensimbi. Ekirala, obukulembeze bw'ekkanisa bwe bubeera ku muntu omu yekka, ekintu kyonna bwe kituuka ku muntu oyo, ekkanisa eyinza okugwa. Tuteekwa okujjukira nti ekkanisa tekwata ku ffe, naye ekwata ku Kristo. Ekkanisa gwe mubiri gwe, so si ogwaffe. Tulina okukakasa nti ekkanisa ekulemberwa bulungi abasajja n'abakazi abasaanidde obulungi (**3:1-13**), ekintu kyonna bwe kibaawo ku musumba oba omu ku bakulembeze, eba esobola okugenda mu maaso, kubanga ezimbiddwa ku musingi ogw'enteekateeka ey'amaanyi.

3. Ekya *"ekitiibwa emirundi ebiri"* kikwata ku kusasula abasumba ababuulira era abayigiriza obulungi. "Emirundi ebiri" tekitegeeza butegeezi nti "bannamwandu kye bafuna kikubyemu emirundi ebiri **5:3**," oba "omusaala ogw'emirundi ebiri." Wabula, kiraga "ekitiibwa ekirina okuweebwa omukulembeze w'ekkanisa akola n'amaanyi n'akasiimo ka sente akamuweebwa," oba "obugabirizi obumala" obuweebwa omusumba omulungi era asobola. Newakubadde ebiri mu **5:3** ne **5:17** biraga nti "ekitiibwa" kitwaliramu obuyambi obw'ebintu, waliwo enjawulo wakati wabyo. Mu **5:3** ekisaanyizo kimu ekya nnamwandu okuweebwa obuyambi obw'ebintu kyali nti yali *tasobola* kweyimirizaawo, era teyalina kkubo ddala lyonna ery'okufuna obuyambi. Mu **5:17** ekkanisa evunaanyizibwa okuwa omusumba wayo obuyambi ne bw'aba ng'alina amakubo amalala ag'okweyimirizaawo. Omugaso gw'obuvunaanyizibwa bw'ekkanisa okugabirira abakulembeze abalungi gulabika mu **5:18**, olweyambisa ebigambo bya Musa (laba **Kuv 25:4**) ne Yesu (laba **Mat 10:10; Luk 10:7**).

Copyright © by Jonathan Menn 2007-2014. All rights reserved.

Obungi bw'akasiimo businziira ne ku bulungi bw'omulimu gwe (kwe kugamba, *"afuga bulungi"* era *"akola nnyo"*). Omusumba bw'abeera n'amakubo amalala ag'okweyimirizaawo, ayinza okusalawo n'omutima gwe okuddiza ekkanisa obumu ku buyambi obumuweereddwa oba bwonna. Wabula, ekkanisa esaana okutegeera obuvunaanyizibwa bwayo okuddiza abo abagilabiridde obulungi mu by'omwoyo (laba ne **1 Kol 9:7-14; Bar 15:27; Gal 6:6**).

4. Endagaano Empya teraga bungi ki oba nkola ki erina okugobererwa ekkanisa mu kusasula omusumba waayo. Eky'okulabirako, abasumaba mu makanisa agamu bafuna omusaala gwennyini; mu makanisa amalala bafuna ekitundu ku buli kikumi eky'ebimu eby'ekkumi oba ebiweebwayo. Wabula, waliwo ennono nyingi eziyinza okulung'amya amakanisa mu kusasula abasumba baago: (A) *Ennyingiza y'omusumba mu ngeri emu oba endala erina okulaga ennyingiza eya wakati ey'abantu abali mu kanisa, katugambe okwenkana omusomesa ow'essomero ky'afuna.* Wabeerawo enjawulo nnene okusinziira ku makanisa ag'enjawulo, ne wakati w'abasumba ab'omu bibuga n'ab'omu byalo, kubanga ennyingiza y'abantu baabwe eyawukanira ddala. Naye, bwe wabeera ennyumba 10 zokka mu kanisa, buli nnyumba bw'eba ewa ekimu eky'ekkumi, ekkanisa eyo esobola okuyimirizaawo omusmba waayo. (B) *Mu byalo, awali okulima olw'okweyimirizaawo n'ebitundu ebitakozesa nnyo sente, abasumba bayinza okusasulwa mu bintu ebivudde mu nnimiro n'ebisolo.* Mu bitundu ng'ebyo, ekitundu ky'ennimiro kiyinza okuweebwa ekkanisa oba omusumba. Omusumba ayinza n'okusasulwa mu ngeri y'okumukoleranga emirimu (katugambe, okumuzimbira ennyumba, okumusimira kabuyonjo, okukola mu nnimiro ye, n'ebirala). (C) *Omusumba Pawulo, ng'omubuulizi w'enjiri n'omutandisi w'amakanisa oluusi yakolanga omulimu "ogutali gwa mwoyo" (okukola weema) okufuna sente ng'ali mu buweereza obw'enjiri* (laba **Bik 20:33-34; 2 Kol 11:9-12; 1 Bas 2:7-9; 2 Bas 3:7-8**). Pawulo yaweebwanga n'ebirabo okuva eri abakkiriza (**2 Kol 11:8; Baf 4:14-18**). (D) *Kubanga Pawulo teyali musumba w'ekkanisa emu, embeera ye tefaanana ng'ey'abasumba.* Naye, awali abasumba abatandika obutandisi amakanisa, oba awali amakanisa agakyali amato agatasobola kuyimirizaawo omusumba akola obudde bwonna, omusumba ayinza okwetaaga okukola omulimu ogw'ebweru okusobola okweyimirizaawo nga Pawulo bwe yakolanga. Naye, ekkanisa nga bw'ekula, erina okutandika okusasulanga omusumba omusaala ogumubeezaawo okusinziira ku ndagiriro ya Baibuli eri waggulu. (E) *Amakanisa (ne, naddala, amakanisa ag'enzikiriza emu) geetaaga okuteekawo ensawo ey'okulekulira ey'abasumba.* Abasumba bangi balekulira, oba beetaaga okulekulira, ne baleka obuweereza nga tebalina kibaweebwa n'akatono. Amakanisa ag'enjawulo kati galaba nti embeera eyo ya butali bwenkanya bw'amaanyi. N'olw'ekyo, gali mu kuteekawo ensawo ey'okulekulira ey'abasumba. Sente ntonotono ezikung'anyizibwa buli mwezi oba mwaka zikula ne zifuuka omudidi gw'ensimbi oluvannyuma lw'emyaka mingi. Eyo nsonga ya buwanika bwa sente, era ebeera ngeri ya kuwa ekitiibwa abakadde abaweerezza abantu baabwe obulungi. (F) *Waliwo ensonga nyingi lwaki kiba kya kabi omusumba okugenda mu maaso okweyimirizaawo n'omulimu ogw'okukozesebwa ebweru ng'ekkanisa eteekeddwawo:* (1) Awo ekkanisa eba ekkirizibbwa obuteefiirayo ku buvunaanyizibwa bwayo obuva mu Baibuli obw'okuyimirizaawo omusumba waayo. Ekyo kigiviirako okufiirwa omukisa ogw'omwoyo n'okwolesebwa. (2) Ekkanisa enyagibwako ebibala by'obuweereza bw'omusumba obw'obudde bwonna. Omusumba abeera n'ebiseera bitono eby'okukyalanga, okuyiga Baibuli wakati mu wiiki, n'emirimu emirala egyalibadde gikolebwa wakati mu wiiki. (3) Omusumba alumizibwa awamu n'obuweereza bwe. Abeera n'obudde butono n'amaanyi matono ag'okusoma Baibuli, okusaba, okukyala, n'okukola ebintu eby'omugaso mu buweereza. (4) Omulimu ogutali gwa mwoyo guyinza okufuuka omutego oguyinza okukema omusumba okuleka obuweereza bwonna. (5) Eky'ekkanisa obutayimirizaawo omusumba waayo kifuuka ekintu eky'olubeerera. Kiba kizibu abasumba abaggya okukola omulimu gw'obusumba mu kanisa eyo, kubanga ekkanisa ejja kwagala nabo beeyimirizeewo bokka. (Hodges 1953: 81)

5:19-25: ***[19]Tokkirizanga kiroope ku mukadde awatali bajulirwa babiri oba basatu. [20]Aboonoona obanenyezanga mu maaso g'abantu bonna, era n'abalala balyoke batyenga. [2] Nkukuutira mu maaso ga Katonda Yesu, ne bamalaika abalonde, weekuumenga ebyo awatali kusaliriza. Nga tokola kigambo olw'obuganzi. [22]Toyanguyirizanga okussaako emikono ku muntu yenna, so tossanga kimu na bibi by'abantu abalala; weekuume obeerenga mulongoofu. [23]Tonywanga mazzi gokka, naye onywanga ne ku mwenge katono olw'olubuto lwo n'olw'okulwalalwala. [24]Waliwo abantu ebibi byabwe biba mu lwatu; nga bibakulembera okugenda mu musango; era n'abalala bibavaako nnyuma. [25]Era bwe kityo n'ebikolwa ebirungi biba mu lwatu; ne bwe kitaba bwe kityo, tebirirema kwolesebwa.***

Ekitundu ekyo waggulu kikwata ku nkwata y'abakulembeze aboonoona n'okussaako emikono ku bakadde. Kirimu ennono eziwerako omunyonnyozi omu z'afunza bw'ati: "(1) Ekibi kiteekwa okulwanyisibwa. (2) Ebiroope biteekwa okujulirwa abajulirwa abawerako. (3) Si ekibi eky'obw'olumu ekirina okubaako n'ekikolebwa naye ekyo ekigenda mu maaso n'okukolebwa. (4) Okunenya mu maaso g'abantu bonna kulina

Copyright © by Jonathan Menn 2007-2014. All rights reserved.

okukulemberwa ensisinkano ey'obuntu n'eyakola ekibi ekyo. Naye ekyo bwe kigaana okukola, okunenya mu maaso g'abantu bonna kuteekwa okukolebwa. (5) Ekigendererwa eky'okunenya omuntu mu maaso ga bonna si kubonereza omuntu oyo wabula okuleeta okutya okulimu obulamu. (6) Omuntu asala omusango, ne bw'aba nga wa kikula kya Timoseewo, ateekwa okufuba okulaba nti akikola mu bwenkanya ne mu bulongoofu nga bw'asobola. (7) Okussaako emikono ku bakadde mulimu munene, era waliwo obuvunaanyizibwa obulina okutuukirizibwa omuntu assaako emikono ku lw'abo abassibwako emikono. (8) Tewali kiyinza kutwala kifo ky'obwegendereza n'obudde. Empisa z'omuntu entuufu n'ebikolwa bye tebitera kulabikirawo mangu." (Mounce 2000: 322)

Tokkirizanga kiroope ku mukadde awatali bajulirwa babiri oba basatu: Ennono Pawulo gyayogerako egendera ddala eri **Ma 19:15** (laba ne **Ma 17:6**). Ennono egamba nti ekiroope kyalina kujulirwa omuntu omulala yateekebwawo okuziyiza ebiroope eby'obulimba. Wabula, ekyogeddwa ku bujulizi obulina okuweebwa *"abantu babiri oba basatu"* bwe kikozesebwa nga bwe kiwulikika, ne tulowooza ku *kikula* ky'ebigambo ebyo so si *amakulu* gaabyo *aga namaddala* oba ennono gye biyigiriza, awo obutali bwenkanya obukontana n'ekigendererwa buyinza okubaawo. Mu mwaliro gw'ebyafaayo n'obuwangwa bwa **Ma 19:15**, Isiraeri lyali eggwanga eryatambuliranga ku bulimi obutali bwa mulembe guno. Bwe kyali ne mu biseera bya Pawulo. Ebintu nga okukuba ebifaananyi, essimu, okukwata amaloboozi ku ntambi, n'ebirala ebya tekinologiya tebyaliwo. Kati ebyo byonna tubiraba mu buli buwangwa. Ekirala, ebibi bingi (katugambe ng'eby'obweznzi) bikolebwa kubanga tewali bantu ababiwaako obujulizi. N'olw'ekyo, omukadde bwaloopebwa olw'obwenzi, kyalibadde ng'ekitali kya magezi, era kyaliyinzizza n'okuvaamu obutali bwenkanya obw'amaanyi, abakadde abalala ab'ekkanisa okugaana okuwuliriza ekiroope ekyo kubanga tewaaliwo bantu babiri oba basatu abawa obujulizi ku kikolwa ekyo eky'obwenzi. Ebiroopo ng'ebyo biyinza okukakasibwa ebizibiti nga obubaka obulekeddwa ku ssimu ez'oku mukono, ebifaananyi, abajulizi abaalaba omukadde n'omuntu gwe yakola naye obwenzi awamu n'ebifo oba ebiseera bye bataalibeereddemu wamu, n'ebirala. Ebizibiti ng'ebyo eby'enkukunala byonna bikola mu kkooti ey'abantu, era birina okulowoozebwako ekiroope ekikkirizika bwe kiba nga kya kukolebwa ku mukadde w'ekkanisa. Pawulo yanokolayo n'ennono ya **Ma 19:15** mu ngeri ya "omufiirwa" mu **2 Kol 13:1**. Wano yali ayogera ku kibi n'ebizibu ebyali mu kanisa y'e Kolinso. Yanokola ennono ey'Endagaano Enkadde wamu n'amazima nti *"kaakano njija gye muli omulundi ogw'okusatu."* Yali ategeeza nti okukyala kwe okw'emirundi egyasooka n'ebbaluwa ze yawandiikira ekkanisa eyo byakola *"obujulizi obw'emirundi ebiri oba esatu"* egyali gimala okukola ku bakozi b'ebibi mu kanisa. Yesu yakola ekintu kye kimu mu **Yok 8:17-18** bwe yagamba, *"Era naye ne mu mateeka gammwe kyawandiikibwa nti okutegeeza kw'abantu ababiri kwa mazima. Nze nneetegeeza nzekka, ne Kitange eyantuma ategeeza ebyange."*

Weekuumenga ebyo awatali kusaliriza: Pawulo ayogera ku kukangavvula n'okussa emikono ku bakadde. Mu bitundu ebyo ebibiri okusaliriza kabi k'amaanyi olw'okwekubiira ku ludda lw'abantu abamu oba okukyawa abalala. Naye ku kikwata ku kukangavvula, Guthrie agamba nti, "Enkwata embi ey'okukangavvula emirundi mingi evuddemu omwoyo ogw'obukambwe n'ogw'obutagumiikiriza, naye n'obutakufaako kumpi buleeseewo akabi ke kamu. Mu kukola ku bakadde aboonoona, omwoyo omuwombeefu gulina okukozesebwa." (Guthrie 1990: 118-19) Ekizibu kye kimu ekiri ne ku kussa emikono ku bakadde. Abagabi abalungi eri ekkanisa, abantu b'ekkanisa ab'eggwanga limu n'omusumba, ab'ennyumba y'omusumba, n'ab'emikwano ab'oku mwanjo, batera okussibwako emikono okufuuka abakadde, ne bwe batatuukiriza bisaanyizo bya **1 Tim 3:1-7**. Ekirala, ebibi by'abakadde abo bitera obutafiibwako kubanga bagabi b'amaanyi eri ekkanisa, ba mu nnyumba, oba ba mikwano, newakubadde ebibi ng'ebyo tebyaligumiikirizibbwa abantu b'ekkanisa abatali bagabi balungi, ab'ennyumba, oba emikwano. Kale, "ebibiina bibiri eby'Abakristaayo" bitondebwa—si lwa nsonga ze zimu Pawulo ze yayogerako mu **1 Tim 4:1-7a**, naye ebivaamu obuzibu bwe bumu obuyinza okwonoona ekkanisa. Pawulo atujjukiza nti, ng'abakulembeze b'ekkanisa, obwesigwa bwaffe n'enneeyisa yaffe birina okukwatagana ne buli kusalawo kwe tukola. Tujja kuyitibwa okuwa alipoota mu maaso ga Kristo ku buli kye tukola mu linnya lye ng'abakulembeze b'ekkanisa ye. N'olw'ekyo, kyalibadde kirungi singa *"tukuuma ennono ezo awatali kwekuubiira"* tulyoke tubeere ne *"omutima omulongoofu"* (**1:5**) ne *"omwoyo omulongoofu"* (**3:9**) bwe tuyimirira mu maaso ge (nga bwe tulikola ku lunaku olw'okusalirwa omusango, era nga bwe tukola na kati).

Toyanguyirizanga okussaako emikono ku muntu yenna, so tossanga kimu na bibi by'abantu abalala: Abamu bakkiriza nti ekitundu ekyo kikwata ku "kirowoozo ky'okutabagana n'abakadde abagudde kyokka abalina omutima ogw'okwenenya bwe bakkirizibwa okukomawo mu kusseekimu kw'ekkanisa" (Earle 1978: 381). Abalala (osanga abasinga) bakkiriza nti ekyawandiikibwa kino "okussaako emikono okw'okwanguyiriza kikwatagana bulungi n'omulamwa gw'essuula eno, ate nga okussaako emikono mu bbaluwa zino kulabika okukwata ku kussaako emikono (geraageranya 4:14; 2 Tim 1:7)." (Ibid.) *"Okussa kimu na bibi by'abantu*

Copyright © by Jonathan Menn 2007-2014. All rights reserved.

abalala" kulabika okukwata ku mazima agaliwo nti, mu kussaako emikono ku muntu, oba owa obujulizi ku mpisa ze n'ebisaanyizo bye, era mu kukola ekyo oba ossa kimu na bibi byonna by'ayinza okukola.

***Waliwo abantu ebibi byabwe biba mu lwatu; nga bibakulembera okugenda mu musango; era n'abalala bibavaako nnyuma. Era bwe kityo n'ebikolwa ebirungi biba mu lwatu; ne bwe kitaba bwe kityo, tebirirema kwolesebwa:* 5:24-25** eyongereza ku ekyo Pawulo ky'ava okwogera mu **5:22**. Entegeera y'ennyiriri ezo eri nti, "ebibi by'abantu abamu biba bya lwatu ne kiba nti tewali kubuuza ku ky'okubagaana okwesimbawo okufuuka abakadde. Ebibi byabwe bibatwala mu kusalirwa omusango—okusooka okusala kwa Timoseewo ate oluvannyuma omusango gwa Katonda. Ebibi by'abalala tebilabikirawo naye okunoonyereza n'obwegendereza kwe kubijjayo. Mu ngeri y'emu, ebikolwa ebirungi eby'abeesimbyewo abasaanidde tebirema kulabika. Ebyo ebitalabikirawo nabyo bijja kulabika mu kwongera okunoonyereza; tebiyinza kukwekebwa." (Earle 1978: 382)

Tonywanga mazzi gokka, naye onywanga ne ku mwenge katono olw'olubuto lwo n'olw'okulwalalwala: Olunyiriri luno luli ng'ekirowoozo "eky'ebbali" ekikwata ku Timoseewo yekka. Ekirowoozo "eky'ebbali" ky'ekirowoozo ekimpi ekitakwata ku mulamwa oguba guliwo. Oluvannyuma lw'okukola eky'ebbali kino, amangu ddala Pawulo yaddayo ku mulamwa. Olunyiriri luno lulina kitono ne "enjigiriza ku kunywa emvinnyo." Wabula, ensonga eri nti Timoseewo yalina kubeera omuwanika omulungi ow'omubiri gwe. Kirabika nti amazzi ge yanywanga gaali makyafu era gaamuleeteranga obuzibu mu lubuto. Ngewa akyogerako bw'ati, "Omwenge ogukolebwa okuva mu mvinnyo ku bwago gulinamu ebirungi, bwe guba tegunywereddwa mu bungi. N'olw'ekyo Pawulo awa Timoseewo amagezi okunywa ku mwenge katono" kubanga okukola ekyo kwali kujja kumuyamba okulwanyisa obuzibu obwali mu lubuto lwe n'olw'okulwalalwala." (Ngewa 2009: 133) Newakubadde mu buwangwa bungi okunywa omwenge oba eby'okunywa ebirimu omwenge kibi, obuwangwa obwo bukkiriza nti okunywa eddagala eririmu omwenge si kibi. Ekyo kye kyali kigenda mu maaso wano. Awali amalagala ag'omulembe guno, amazzi agakuumibwa mu macupa, n'eby'okunywa ebirala ebikuumibwa mu macupa olwaleero, Pawulo teyaaliragidde Timoseewo okunywa omwenge olw'olubuto lwe mu mbeera efaanana ng'eyo. Wabula, mu kiseera n'ekifo ekyo, amagezi Pawulo ge yamuwa gaali malungi (era ge magezi Musawo Lukka ge yaalisobodde okumuwa, kubanga baatambulanga wamu).

<u>6:1-2a:</u> ***[1]Abali mu bufuge abaddu balowoozenga bakama baabwe bennyini nga basaanidde ekitiibwa kyonna, erinnya lya Katonda n'okuyigiriza kwaffe biremenga okuvumirwa. [2]Era abalina bakama baabwe abakkiriza tebabanyoomanga, kubanga ba luganda; naye beeyongere okubaweerezanga, kubanga abassa ekimu mu kukolwa obulungi bakkiriza era baagalwa.***

1. <u>Kino ekyawandiikibwa kye tulina okukozesa mu ngeri ya "okufaanaganya" olwaleero.</u> Kyogera ku "baddu" ne "bakama baabwe." Eby'enfuna bya Ruumi byatambuliranga ku buddu. Ekitundu kinene eky'abantu baali baddu. Abaddu baakolanga emirimu egya buli kika; mu bifo awaasimirwanga ebikomo; amaka; mu busuubuzi; ng'abasomesa, n'ebirala. Oluusi baagulanga n'eddembe lyabwe (laba **Bik 22:25-28; 1 Kol 7:21**). Olwaleero obuddu tebukyaliwo mu bitundu ebisinga eby'ensi. Naye, mu ngeri endala, wakyaliwo ekifaananyi ky'obuddu (kwe kugamba, okufaanana kungi) wakati w'obuddu n'okukozesebwa okw'olwaleero: mu bifo byombi (omuddu/omukozi) akolera omuntu omulala (mukama we/omukozesa). Buli kifaananyi kiremererwa awantu. Eky'okulabirako, abaddu tebaalinanga dembe, era tebaasobolanga okuva ku mirimu gyabwe ne bwe bali tebaagala mirimu egyo oba tebaayagala engeri gye baayisibwangamu. Ate ku ludda olulala, abakozesebwa balina eddembe eribaweebwa amateeka, era bayinza okuva ku mirimu gyabwe bwe baba bakyagadde. N'olw'ekyo, Baibuli bw'eyogera ku mbeera ezitafaananira ddala n'ez'olwaleero, tukyayinza okunoonyayo ennono ezitafugibwa buwangwa eziri mu mbeera ezo, ne tuzikozesa nga tuyita mu kufaanaganya. Mu kukola ekyo, tuteekwa okwegendereza obutatwala ekifaananyi ekyo ewala ennyo okuyitiriza (kwe kugamba, tuteekwa okumanya *enjawulo* wakati w'embeera ey'ebiseera bya Baibuli n'enfaanagana). Tuteekwa okulowooza ne ku njawulo wakati wa *obwanannyini* bw'omukozesa ku mukozi (obuddu) ne *enkolagana ezeesigamizibwa ku ntegeeragana* wakati w'omukozi n'omukozesa ku mulimu (okukozesebwa okw'omulembe guno). Ennono ey'okuwa Katonda ekitiibwa mu ngeri omuntu gyakolaganamu n'omuntu ow'obuyinza oba afuga omulimu mu mirimu egy'omulembe guno kuyinza okukolebwa mu makubo gano: "Tuukiriza ebintu bye mwakkiriziganyaako ng'okwata omulimu mu ngeri esinga obulungi nga bw'osobola, kwe kugamba, mu ngeri eweesa Katonda ekitiibwa era esikiriza abatakkiriza okujja eri Obwakabaka bwa Katonda" (Webb 2001: 54)

2. <u>Omwaliro gw'ekitundu kino gulaga nti (omuddu oba omukozi) alina okuwa mukama we oba omukozesa ekitiibwa.</u> Mu mbeera ey'okukozesebwa "ekitiibwa" oba "okuwa ekitiibwa" kwalibaddemu: okujja ku mulimu mu budde; okukola ennyo n'okubeera omukozi omulungi; obutabba ku mulimu; obutayogera bubi ku mukozesa, n'ebirala. Ekyo kiragiddwa mu **6:2** ekigamba *"tebabanyoomanga"* ne *"beeyongere*

Copyright © by Jonathan Menn 2007-2014. All rights reserved.

okubaweerezanga." Weetegereze nti abakozi Abakristaayo balina okussaamu ekitiibwa ababakozesa oba abakozesa abo si bakkiriza (**6:1**) oba bakkiriza (**6:2**). Abakozi Abakristaayo abamu balowooza nti kubanga omukozesa wabwe naye Mukristaayo, omukozi ayinza okumala ebiseera bye ku mulimu ng'asoma Baibuli n'okwogera n'abakozi abalala ku Mukama. Pawulo agamba nti abakozi Abakristaayo *tebagwanidde* kukola ekyo mu budde obw'okukola. Abakozi basuubirwa okukola, era basasulwa. Abakozesa Abakristaayo balina okusuubira kwe kumu ku bakozi baabwe ng'abakozesa abatali Bakristaayo. Pawulo agamba nti omukozi Omukristaayo alaga okwagala eri omukozesa we Omukristaayo mu kubeera omukozi omulungi. Enkomerero ya byonna, okufaayo kwa Pawulo kuli ku njiri nti, *"erinnya lya Katonda n'okuyigiriza kwaffe,"* kye kikulu. Buli kintu Pawulo ky'akola, ne ky'atukubiriza okukola oba obutakola, kyesigamizibwa ku buwagizi bwe kiwa mu kutwala enjiri mu maaso oba okugiziyiza buziyiza.

6:2b-16: ***[2b]Yigirizanga ebyo obibuulirenga. [3]omuntu yenna bw'ayigirizanga obulala, so nga takkiriza bigambo bya bulamu, bye bya Mukama waffe Yesu Kristo, n'okuyigiriza okugobereranga okutya Katonda, [4]nga yeekulumbaza, nga taliiko ky'ategeera, wabula okukalambiza obukalambiza empaka n'entalo ez'ebigambo, omuva obuggya, okuyomba, okuvuma, okuteerera obubi, [5]okukaayana kw'abantu abayonooneka amagezi, abaggibwako amazima, nga balowooza ng'okutya Katonda kwe kufuna amagoba. [6]Naye okutya Katonda wamu n'obutayaayaananga ge magoba amangi. [7]Kubanga tetwaleeta kintu mu nsi, kubanga era tetuyinza kuggyamu kintu; [8]naye bwe tuba n'emmere n'eby'okwambala, ebyo binaatumalanga. [9]Naye abaagala okugaggawala bagwa mu kukemebwa ne mu mutego n'okwegomba kungi okw'obusirusiru okwonoona, okunnyika abantu mu kubula n'okuzikirira. [10]Kubanga okwagala ebintu kye kikolo ky'ebibi byonna; waliwo abantu abayayaanira ebyo ne bakyamizibwa okuva mu kukkiriza, ne beefumitira ddala n'ennaku ennyingi. [11]Naye ggwe, omuntu wa Katonda, ddukanga ebyo, ogobererenga obutuukirivu, okutya Katonda, okukkiriza, okwagala, okugumiikirizanga, n'obuwoombeefu. [12]Lwananga okulwana okulungi olw'okukkiriza, nywezanga obulamu obutaggwaawo, bwe wayitirwa, n'oyatula okwatula okulungi, mu maaso g'abajulirwa abangi. [13]Nkukuutira mu maaso ga Katonda, awa byonna obulamu, ne Kristo Yesu eyategeeza okwatula okulungi eri Pontio Piraato, [14]weekuumenga ekiragiro awatali bbala, awatali kya kunenyezebwa, okutuusa ku kulabika kwa Mukama waffe Yesu Kristo, [15]kw'aliraga mu ntuuko zaakwo nannyini buyinza yekka atenderezebwa, Kabaka wa bakabaka, era Mukama w'abaami, [16]alina obutafa yekka, atuula mu kutangaala okutasemberekeka; omuntu yenna gw'atalabangako, so tewali ayinza okumulaba; aweebwenga ekitiibwa n'obuyinza obutaggwaawo! Amiina.***

Yigirizanga ebyo obibuulirenga. omuntu yenna bw'ayigirizanga obulala . . . abantu abayonooneka amagezi, abaggibwako amazima: 1. Wano Pawulo addamu okwogera ku bayigiriza ab'obulimba, enjigiriza ez'obulimba, n'ebizivaamu. Bwatyo bw'atandise ekitabo (**1:3-4, 19-20**), yaddamu omulamwa guno mu makkati g'ekitabo (**4:1-7a**), kati amaliriza ekitabo n'ensonga y'emu. Nga bwe kyalabise emabegako, okudding'ana okw'emirundi esatu okwo, ku ntandikwa, mu makkati, ne ku nkomerero kulaga omugaso gw'omulamwa.

2. Mu nyiriri ezo essatu Pawulo atuwa enyinyonnyola enzijuvu ey'abayigiriza ab'obulimba nga bwe yatuwa enyinyonnyola enzijuvu ey'okutya Katonda okw'obulimba n'okuva ku kukkiriza mu **4:1-7a**. Pawulo anyonnyola bino ebikwata ku bayigiriza ab'obulimba: (A) *Enjigiriza yaabwe **(6:3)***—si y'enjigiriza eyasooka; tekkiriziganya n'enjigiriza za Kristo; era teriimu kutya Katonda. (B) *Ekikula kyabwe **(6:4a, 5b)***—beekulumbaza; tebategeera; baayonooneka amagezi; baggibwako amazima. (C) *Ebiluubirirwa byabwe **(6:4b)***—banyumirwa okuleeta ebibuuzo ebireeta empaka; n'entalo ez'ebigambo. (D) *Ebibavaamu **(6:4c-5a)***—baleeta obuggya, okuyomba, okuvuma, okuteerera obubi; n'okukaayana. (E) *Ekigendererwa kyabwe* (6:5b) – bagenderera okufuna amagoba agaabwe ku bwabwe naddala sente. Mu kwogera ku "bannabbi ab'obulimba" abalijja mu linnya lye, Yesu yagamba, *"Mulibategeerera ku bibala byabwe"* (**Mat 7:16**). Mu nyiriri ezo Pawulo anyonnyola ebibala bya bannabbi ng'abo ab'obulimba. Weetegereze olabe ng'ebintu byonna ebikwata ku bannabbi ab'obulimba Pawulo by'anyonnyola bwe biri ku ludda olwawukana "*n'ekigendererwa ky'ekiragiro [ekituufu] [nga] kwe kwagala"* (**1:5**).

3. Enyinyonnyola ya bannabbi ab'obulimba nga abantu *"abayonooneka amagezi, era abaggibwako amazima"* naddala ya mugaso, kubanga ya bukambwe. Ekigambo ky'Oluyonaani ekivuunulwa "okuggibwako" ye *diaphtheiro*. Kigambo ky'amaanyi era kitegeeza "eyayonooneka empisa, eyaggibwako, eyazikirizibwa" (Danker 2001: 239), "eyayonooneka yenna," "eyayonooneka mu bulamba bwe, eyakyamizibwa" (Zodhiates 1993: 445-46), oba "eyakyamizibwa yenna" (Mounce 1993: 143). Ky'ekika ky'ekigambo omuntu kye yaalikozesezza okunyonnyola omuntu eyayonooneka olw'obwenzi. Ky'ekikula ky'ekigambo ekyongeddwamu amaanyi ekikozesebwa mu **Kub 19:2** ekikwata ku *"mwenzi omukulu eyayonoona ensi n'obwenzi bwe."* *"Eyaggibwako amazima"* "kiwa ekifaananyi eky'abantu abateetaba mu njiri n'akamu. Tebayigiriza njiri ekyusiddwa; kye bayigiriza kintu kirala okutwaliza awamu (laba 1 Tim 1:3). Mu [Bbaluwa ez'Obusumba],

Copyright © by Jonathan Menn 2007-2014. All rights reserved.

alētheia, ‘amazima,’ kumpi kigambo kya bukugu eky’enjiri eyasooka (laba 1 Tim 2:4). Abalabe ebiseera bingi balabibwa ngabawakanya amazima genjiri (2 Tim 2:18; 3:7, 8; 4:4).” (Mounce 2000: 340) Ebigambo *“bayonooneka amagezi”* ne *“baggibwako amazima”* biraga nti Setaani ye mubaka amanyiddwa awalala mu Bbaluwa ez’Obusumba nga akola ennyo mu kanisa y’Efeso” (Ibid.).

Nga balowooza ng’okutya Katonda kwe kufuna amagoba: 1. Enyinyonnyola esembayo ey’abayigiriza ab’obulimba, *“abantu abayonooneka amagezi, abaggibwako amazima,”* nkulu kubanga etutwala ku nyinyonnyola ya Pawulo ey*’ekiluubirirwa* kyabwe*:* bali mu ddiini olw’ekigenderwa eky’okukola sente. Ebigambo bya Pawulo mu **6:6-10** biraga nti okwagala sente ky’ekigenderwa kyabwe ekikulu. Enkwatagana wakati w’okwonooneka kw’amagezi gaabwe, eky’okuba nti tebabuulira mazima n’akatono, n’ekigendererwa kyabwe eky’okukola sente birabika lwatu. *“Abayonooneka amagezi,”*ne *“abaggibwako amazima,”* ne *“nga balowooza ng’okutya Katonda kwe kufuna amagoba”* “bigambo bisatu ebinyonnyola abantu abo abaleeta okukaayana okutaggwa. Ebibiri ebisooka binyonnyola kiki abantu abo kye bafuuse, ate eky’okusatu kiraga bulungi nga bwe kikkaatiriza ekigendererwa ky’enjigiriza yaabwe.” (Mounce 2000: 340)

2. Eky’okulabirako ky’abayigiriza abo olwaleero be bayigiriza abayitibwa aba “enjiri ey’okugaggawala”—kwe kugamba, abo abagamba nti kwe kwagala kwa Katonda abakkiriza bonna okubeera abagagga mu bintu era abalamu mu mubiri. Ebirowoozo ebitera okujja buli kadde mu bayigiriza ab’enjiri ey’okugaggawala by’ebyo nga: okukkiriza gaba “maanyi” agatandika okukola lwe tugoogera; tulina “okukiyita era tukitwale” (kwe kugamba, yita ekyo ky’oyagala era kitwale n’okukkiriza); tulina “okusiga ensigo ey’okukkiriza” (kwe kugamba, okuwangayo sente eri obuweereza obumanyiddwa okulaga okukkiriza kwaffe); waliwo “etteeka ery’okuddizibwa” Katonda ly’asibiddwako (ennono “ey’okusiga n’okukungula” ne “okuddizibwa emirundi kikumi”) “mwe tusigira ensigo” eri obuweereza obumanyiddwa mu kuwangayo omuwendo gwa sente ogumanyiddwa, bwe tubeera n’okukkiriza okumala Katonda ajja kutuddiza emirundi kikumi sente ze tuba “tusize.” Mu kikula kyakyo kyennyini, enjiri ey’okugaggawala egezaako “okubatiza” endowooza y’okubeera n’ebintu ebingi mu bubaka obutali bwa mwoyo era obwekulungira ku bintu by’ensi, ne bugifuula obubaka bwa Yesu Kristo. Si kibi okubeera omugagga oba omulamu mu mubiri mu kifo ky’okubeera omwavu oba omulwadde. Si kibi okukola okulongoosa embeera y’eby’enfuna yo n’obulamu bwo obw’omubiri. Naye, kiba kibi okukyamya enjiri. Abayigiriza ab’enjiri ey’okugaggawala, abaasibuka mu Amerika, baasaasaana ne batuuka mu Bungereza, South Africa, Nigeria, ate kati mu Africa ey’Ebugwanjuba ne mu bitundu ebisigadde eby’ensi. Be balimba ababuulira “enjiri endala” (laba Adeleye 1999). Ye “enjiri engwira” enoonya okugobolola ku bantu abaavu (laba Fee 1984: 39-43; Editorial 2001: 1-2). Njiri “ya bulimba era etta” (laba Piper 2007). Okunenya okujjuvu okw’enjiri ey’okugaggawala kusangibwa mu biwandiiko by’esomo lya EPI erikwata ku “Buwanika bw’omu Baibuli,” ebiriwo ku bwereere ku mukutu gwa EPI: www.equippingpastors.com.

3. Abayigiriza ab’enjiri ey’okugaggawala mu ngeri ey’obukambwe baddamu okuvumirirwa n’okusalirwa omusango wonna mu Byawandiikibwa, era omusango ogw’entiisa gubalindiridde. Mu bukambwe Yesu yavumirira Abafalisaayo olw’okulayiranga ezaabu ey’omu yeekaalu (**Mat 23:16-20**). Yabanenyanga naddala olwa *“obunyazi n’obuteegendereza”* (**Mat 23:25**). Yabayita *“emisota”* era *“abaana b’embalasaasa”* (**Mat 23:33**), era yagamba nti olw’ebibi byabwe *“tebalidduka omusango ogwa Ggeyeena”* (**Mat 23:33**). Peetero agamba nti tulundenga ekisibo kya Katonda *“si lwa kwegombanga amagoba”* (**1 Peet 5:2**). Mu **2 Peet 2:3** agamba nti abayigiriza ab’obulimba *“olw’okwegomba kwabwe” “balibaviisaamu amagoba,”* naye *“omusango gwabwe okuva edda tegulwa, n’okuzikirira kwabwe tekubongoota”* (laba ne **2 Peet 2:14**). Pawulo alumba abo *“abatabangula Ekigambo kya Katonda”* (**2 Kol 2:17**) era aboogera *“n’ensonga ey’okukisa okwegomba”* (**1 Bas 2:5**). Abayigiriza ng’abo balinze omusango omubi ennyo okusinga abantu Pawulo baayogerako mu **Bar 1:18-32**. Ekitundu ekyo kyogera bantu abaakimanya nti Katonda waali naye ne basalawo obutamufaako ne basinzanga ebitonde. Ekyavaamu, *“n’abawaayo”* eri obugwagwa bwabwe (**Bar 1:24, 26, 28**), era *“baasaanira okufa”* (**Bar 1:32**). Omusango gwa Katonda bwe gubanga gwali mukambwe ku abo abaali bamumanyi kyokka ne basalawo obutamufaako, kale omusango ku abo abataasalawo obutamufaako naye abagezaako okumukozesa obubi n’Ekigambo kye okumatiza okwegomba kwabwe okwa sente gunaaba mubi kwenkana wa?

Naye okutya Katonda wamu n’obutayaayaananga ge magoba amangi. Kubanga tetwaleeta kintu mu nsi, kubanga era tetuyinza kuggyamu kintu; naye bwe tuba n’emmere n’eby’okwambala, ebyo binaatumalanga: 1. Pawulo yaakava okugamba nti abo abakkiriza abalowooza nti “*okutya Katonda kwe kufuna amagoba*” “*baayonooneka amagezi*” era “*baggibwako amazima”* (**6:5**). Kati agamba nti, *“Naye okutya Katonda ge magoba amangi”* (**6:6**). Wano yeeruma olulimi? Eky’okuddamu kiri nti, “Nedda, teyeeruma lulimi.” Mu **6:6** Pawulo ayongera ekigambo “amangi” ku magoba. Ekigambo ekyo, ng’enkozesa ye ey’ekigambo “ddala” mu

Copyright © by Jonathan Menn 2007-2014. All rights reserved.

5:3, kiraga nti Pawulo akola enjawulo, oba anyonnyola ebigambo bye n'obwegendereza. Mu **6:5** "amagoba" gaayogerako awatali kubuusabuusa ze sente n'ebintu eby'obugagga. Naye, ekigambo "amagoba" tekirina kunyonnyolwa nga tulowooza ku sente. Mu **6:6** "amagoba amangi" gaayogerako y'enjiri—ekitegeeza, Kristo yennyini, okusonyiyibwa kw'ebibi byaffe emirembe n'emirembe, obulamu obuggya, obulamu obutaggwaawo, okujjuzibwa Omwoyo Omutukuvu, okufuulibwa abaana ba Katonda, okusobola okutuukirira Katonda obudde bwonna okuyita mu Kristo, emitima egy'amayinja okufuuka emitima egy'enyama, n'ebintu ebirala byonna n'emiganyulo ebiri mu bulamu bwaffe obuggya mu Kristo. Okugeraageranya n'ekyo, sente zonna n'eby'obugagga mu nsi byonna si kantu era tebiriimu. Nga Yesu bwe yagamba, *"Omuntu kulimugasa kutya okulya ensi yonna, naye ng'afiiriddwa obulamu bwe?"* (**Mat 16:26; Mak 8:36;** laba ne **Luk 12:13-21**)

2. Enkozesa ya Pawulo ey'ekigambo "obutayaayaananga" mu **6:6** ne "binaatumalanga" mu **6:8** eraga nti *"amagoba amangi"* g'ayogerako *tegayinza* kuba sente n'ebintu eby'obugagga. Mu **6:8** Pawulo ayogera ku *"emmere n'eby'okwambala."* Mu kukola ekyo ajjukira Kristo kye yayogera mu **Mat 6:25** (**Luk 12:22-23**): *"Kyenva mbagamba nti, Temweraliikiriranga bulamu bwammwe, nti mulirya ki, mulinywa ki, newakubadde omubiri gwammwe, nti mulyambala ki. Obulamu tebukira mmere, n'omubiri tegukira byakwambala?"* Obulamu bwa Yesu bwennyini bulaga ekyo. Yagamba, *"Ebibe birina obunnya, n'ennyonyi ez'omu bbanga zirina ebisu; naye Omwana w'omuntu talina w'assa mutwe gwe"* (**Mat 8:20**). Ekintu kyokka Yesu kye yalina z'engoye ze yayambalanga. Ezo nazo abaserikale baazimujjako nga tebannaba kumukomerera (laba **Mak 15:24; Luk 23:34**). Yesu yafa nga ali bwereere. Ekyo kiragira ddala nti teyalina kyonna kye yeeterekera—wadde okuswala kwe (maama we naye yajulira okukomererwa kwe, **Yok 19:25-27**). Naye, Kitaawe yabeeranga naye bulijjo, era teyalina kye yeetaaga. Wano Pawulo atusoomooza. Yesu bwe yatuyigiriza okusaba, yatuyigiriza okusabira *ebyetaago* byaffe *ebikulu*. (*"Otuwe leero emmere yaffe eya leero"*) (**Mat 6:11; Luk 11:3**). Ffenna tulina ebyetaago ebirala ng'oggyeko okulya n'okwambala. Ffenna tulina sente nyingi n'ebintu bingi okusinga Yesu bye yalina. Naye ne bwe tubeera n'ebingi okusinga Mukama waffe bye yalina, bitumala? Yesu teyagenda akaabirira Kitaawe olw'obwavu bwe, n'okumala ebiseera byonna eby'obulamu bwe ng'anoonya sente. Naye, abakulembeze bangi ab'ekkanisa ekyo kye bakola. Pawulo yennyini yalina okuyiga—era yayiga—*"embeera gy'embaamu yonna, obutabaako kye nneetaaga"* (**Baf 4:11-13**). "Yayiga obutabaako kye yeetaaga si kubanga yalina amaanyi ag'omunda agatawulira bulumi agaasukkuluma ku g'abantu, oba kubanga embeera ze zaali nungi. Ekya Pawulo obutabaako kye yeetaaga kyava ku kukkiriza okwegaana obusobozi bwe okwekolera emirimu gye era obwakkaatiriza okwesigama kwe ku Katonda ow'amaanyi. Okumatira okw'amagoba amangi kwekwo okunoonya obutebenkevu si mu bugagga obw'ensi naye mu Katonda." (Mounce 2000: 341) Ekyo kitulaga nti Pawulo teyali munnanfuusi. "Yateekanga mu nkola ekyo kye yayigirizanga." Tuyinza okwogera ekintu kye kimu ku ffe? Bwe tudda ku bya sente, okuteeka mu nkola ekyo kye tubuulira *kikulu*. Wano abantu bazuula mangu obunnanfuusi bwaffe okusinga mu bitundu ebirala eby'obulamu bwaffe. Ensonga emu lwaki Katonda yakozesa Pawulo n'amaanyi yali nti teyali munnanfuusi mu bya sente (laba **Bik 20:31-38; 1 Kol 4:11-16; 9:11-23; 1 Bas 2:9-12; 2 Bas 3:6-10**).

3. Okuteesa kwa Pawulo mu **6:6-8** kulaga nti *"amagoba amangi"* gaayogerako *tegayinza* kuba sente n'ebintu eby'obugagga. Okuteesa kwa Pawulo kuli nti "kubanga tetulina kye twaleeta ku nsi, era tetulina kye tuyinza kutwala okuva mu nsi, kale omugaso gw'obulamu bwaffe teguyinza kusinziira ku bungi bwa sente n'ebintu bye tuyinza okukung'aanya mu myaka emitono gye tumala mu nsi eno." Amazima agaliwo nti obulamu *tebukoma* ku ntaana ky'ekisumuluzo ekiggulawo amakulu g'ekyo ky'agamba—era okuzuukira kwa Kristo bwe bukakafu obw'amazima ago. N'olw'ekyo, Pawulo, so si "ababuulizi b'obugagga" oba abo abatunuulira ensi yokka, ye mutuufu. Pawulo kumpi yateesa ekintu kye kimu mu **1 Kol 15:32**: *"Oba nga nnalwana n'ensolo mu Efeso ng'omuntu obuntu, ngasibwa ki? Oba ng'abafu tebazuukizibwa, tulye tunywe, kubanga tufa enkya."* Ensonga ye eri nti oba Kristo si ye Mukama, oba teyazuukira okuva mu bafu, era oba tetulizuukira okuva mu bafu mu Kristo, kale obulamu bulina kukwata ku kwefunira essanyu, sente, n'eby'obugagga bingi nga bwe tusobola mu myaka emitono gye tumala ku nsi; oluvannyuma lw'ekyo teri kirala. Naye, Kristo ye Mukama, *azuukidde* okuva mu bafu, era *tulizuukira* okuva mu bafu mu Ye. N'olw'ekyo, tuteekwa okubeera n'endowooza ey'emirembe n'emirembe ku bintu. Bye twekung'aanyiza ku nsi kuno tebirina mugaso mu bulamu obutaggwaawo. Naye amazima gali nti, bye tukola ne sente zaffe era n'eby'obugagga byaffe bye birina kye bikola eby'omwoyo olwaleero ne mu biseera ebijja (**Zab 41:1-3; 112:5-6; Nge 19:17; 22:9; Mat 6:3-4; 19-21; 19:21; 25:19-30; Luk 12:33-48; 16:9, 19-31; 19:15-26; Bik 10:4; 1 Tim 6:18-19**). N'olw'ekyo, Kristo yagamba, *"Temweterekeranga bintu ku nsi . . . naye mweterekeranga ebintu mu ggulu"* (**Mat 6:19-20**). Sente n'ebintu eby'obugagga birungi era tubyetaaga. Naye, omuntu yenna mu buweereza Obukristaayo *akola olw'ekigendererwa* eky'okufuna sente n'eby'obugagga alinga abayigiriza ab'obulimba abagamba nti okuzuukira tekuliiyo. Eno nsonga ya mwoyo era ya mutindo ogusinga okuba ogwa waggulu. Ekwata ku *nneeyisa* yaffe (laba **Beb 13:5**).

Copyright © by Jonathan Menn 2007-2014. All rights reserved.

Naye abaagala okugaggawala bagwa mu kukemebwa ne mu mutego . . . ne beefumitira ddala n'ennaku ennyingi: 1. Guno gwe mulundi ogw'okubiri nga Pawulo akozesa ekigambo "mutego". Mu **3:7** yayogera ku ky'okugwa mu mutego gwa Setaani (laba ne **2 Tim 2:26**). Pawulo atulabula mu **6:9-10** mu ngeri ensongovu ku kabi akali mu kwagala ebintu. Okulabula okwo kukakasa nti *"amagoba amangi"* agali mu kutya Katonda (**6:6**) tegasobola kuba sente. Pawulo atugambye nti okwagala ebintu kugaana omuntu okubeera omukulembeze mu kanisa (**3:3, 8**). Kati agamba nti kuyinza okuzikiriza okukkiriza kw'omuntu. "Ekigambo ekivuunulwa 'okunnyika [**6:9**] kye kikozesebwa ne mu **Luk 5:7** okunyonnyola amaato agabbira" (Ngewa 2009: 154). Ekyo kikkiriziganya n'ekyo Pawulo kye yayogera mu **1:19** ku bantu nga Kumenayo ne Alegezanda, abataali beesigwa, naye *"abaamenyekerwa okukkiriza kwabwe."* Endowooza yaffe ku sente n'eby'obugagga kumpi ke kabonero akasinga okulaga obulungi embeera y'emitima gyaffe. Eyo y'ensonga lwaki Yesu yaddamu emirundi mingi okutulabula ku kabi akali mu kwagala ebintu, n'agamba nti toyinza kuweereza baami babiri, era nti ekyo kye tutereka kye kiraga wa emitima gyaffe we giri (laba **Mat 6:19-34; 19:16-30; Mak 10:17-31; Luk 12:13-34; 16:10-13, 19-31; 18:18-27**). Ddala tuli bayigirizwa be, oba waliwo ekifaananyi ekisinzibwa ekya zaabu ekiyingidde wakati waffe ne Yesu?

2. Newakubadde obugagga buyinza okuba ekintu ekirungi, Pawulo awamu ne Baibuli bakitangaaza bulungi nti obugagga bulimu akatyabaga ak'omwoyo akeeyongedde. "Pawulo tategeeza nti abakkiriza balina kusigala nga baavu. Wabula, agamba nti abo abamativu n'ebyo bye balina baba basanyufu okusinga abo abatakkuta. Abo abagenda mu maaso n'okuyaayaanira ebirala batera okwesanga mu bibi bingi (**6:9-10**)." (Andria 2006: 1476) Yesu yatulabula nti obugagga "bulimba" era buyinza okuzisa Ekigambo kya Katonda mu bulamu bw'omuntu (**Mak 4:18-19**). Mu Bakkolosaayi Pawulo yagamba nti okwegomba kwe kusinza ebifaananyi, era n'alabula nti obusungu bwa Katonda bujja ku muntu eyeegomba (**Bak 3:5-6**). Yokaana yagamba nti okwagala kwa Kitaffe tekuli mu muntu ayagala ensi oba ebintu by'ensi (**1 Yok 2:15-16**). Mu ngri y'emu, mu Ndagaano Enkadde, abawandiisi b'Engero baatulabula nti oyo eyeesiga obugagga bwe aligwa (**Nge 11:28**), n'oyo alina obugagga alyegaana Mukama (**Nge 30:8-9**). Yobu yamanya nti okwesiga obugagga kye kibi ekireeta okusalirwa omusango kubanga kye kimu n'okwegaana Katonda (**Yob 31:24-28**). Eby'okulabirako bya Gekazi (**2 Bassek 5:15-27**), Ananiya ne Safira (**Bik 5:1-11**), omufuzi omugagga (**Mak 10:17-25**), n'omusajja omugagga ataafaanga ku Lazaalo (**Luk 16:19-26**), byonna bitulaga akabi ak'omwoyo akali mu kwagala ebintu n'okubeera nabyo. Nga Adeleye bw'akiteeka mu bufunze, "Nga eky'enkomerero, sente zirinamu eky'okwagala okutujjako obuwulize bwe twalibadde tuwa Katonda. Zimanyi okutufuukira ekifaananyi ekisinzibwa era ekyonoona obulamu bwaffe. Eyo y'ensonga lwaki Yesu atulabula ku kukolagana ne sente nga bwe tukolagana ne Katonda" (Adeleye 1999: 97).

Naye ggwe, omuntu wa Katonda, ddukanga ebyo . . . ogobererenga obutuukirivu, okutya Katonda, okukkiriza, okwagala, okugumiikirizanga, n'obuwombeefu: 1. Mu mwaliro gwa *"ebyo"* Timoseewo byateekwa okudduka mulimu okwagala ebintu, okwegomba okugaggawala, n'ebirala byonna ebigenderako. Mu kutwaliza awamu, Timoseewo (n'omukulembeze w'ekkanisa yenna) ateekwa okudduka ebintu byonna ebiring'ebyo, ebibi, ebikemo, okutya Katonda okw'obulimba, n'enjigiriza ez'obulimba ez'ogeddwako mu bbaluwa eno. Byonna byonoona enkolagana yaffe ne Katonda n'abo be tuyitiddwa okuweereza. Wabula, okwonooneka okuleetebwa okwegomba naddala kwa kabi kubanga kubeera kwekwese era tekulabika. Ffenna tumanya bwe tuba tulimbye oba tukoze obwenzi. Okwegomba si bwe kuli. Waliwo abantu be tumanyi nga balina bingi nnyo okutusinga naye ate nga bakyegomba ebintu. Tutera kwepima ku abo (mu kifo ky'okwepima ku abo abalina ebitono okutusinga). Awo ne tumaliriza nga tugamba nti, "Nze siri ng'oli. Alina amaddu. Nze sigalina." Eyo y'ensonga lwaki okwogera n'oyo gw'oli naye mu bufumbo ku nsonga za sente nga tolina ky'okweka, okubeera n'omuntu oba abantu abafaayo ku ntambula zo, n'okulowoozanga ku bintu ebyo n'okwekebera bya mugaso. Okusendasenda kwa sente kulinga okwa mukazi wa Potifali, kwogerera mu kasirise mu matu gaffe *"Sula nange"* (**Lub 39:1-12**). Tuteekwa okukudduka, nga Yusufu bwe yadduka mukazi wa Potifali (**Lub 39:13**). Sente kye kikemo eky'omubiri ekirabika okusanyusa, naye nga nakyo mu mwoyo kitta mu ngeri y'emu ng'obwenzi.

2. Tuteekwa okudduka ekintu kimu ne tugoberera ekirala. Pawulo tagamba nti tulina okudduka *okuva* ku (kwagala ebintu) kyokka. Era atulaga *gye* tulina okuddukira (eri obutuukirivu, okutya Katonda, okukkiriza, okwagala, okugumiikiriza, n'obuwombeefu). Ekyo kitutegeeza nti *tetuyinza kubeera nabyo byombi*. "Abayigiriza ab'obulimba" bagamba nti tuyinza okwagala sente ne tubeera abakulembeze b'ekkanisa, abatuukirivu, abatya Katonda, abalina okwagala, n'ebirala. Pawulo agamba, "Nedda", oteekwa okulondako kimu. Olondako kimu n'oleka ekirala. "Tuteekwa okusalawo ani gwe tunakkiriza: "ababuulizi b'okugaggawala" oba Omutume Pawulo? Weetegereze engeri ebintu ebyo byonna—obutuukirivu, okutya Katonda, okukkiriza, okwagala, okugumiikiriza n'obuwombeefu—gye bitambulira awamu. Biringa "ekibala eky'omwoyo" mu **Gal 5:22-23**. Nabyo bitambulira wamu (mazima, mu **Gal 5:22** "ekibala" kiri kimu, so si bingi). Bikwata ku mpisa

Copyright © by Jonathan Menn 2007-2014. All rights reserved.

yaffe era biraga entambuza y'obulamu bwaffe. Okwagala ebintu nakwo bwe kutyo. Empisa yaffe (**Beb 13:5**) y'esalawo ku ntambuza y'obulamu bwaffe.

Lwananga okulwana okulungi olw'okukkiriza, nywezanga obulamu obutaggwaawo, bwe wayitirwa: 1. Guno gwe mulundi ogw'okubiri nga Pawulo akozesa ebigambo *"lwananga okulwana okulungi."* Yasooka kubikozesa mu **1:18**. Wali yali agamba Timoseewo okubeera omwesigwa. Wano ayogera ekintu kye kimu, naye ng'ali ku mulamwa ogw'okuziyiza okwagala sente okubeera n'obulamu obw'okutya Katonda mu kifo kyakwo. Pawulo agatta ku *"okulwana okulungi"* ebigambo *"okw'okukkiriza."* Mu Luyonaani, kyogerwa mu ngeri ekkaatiriza nti okukkiriza kwaffe, mu kikula kyakwo, kwetaagisa okufuba ku ludda lw'omukkiriza. Okufuba kukolebwa okulwanyisa okwegomba n'ebikemo eby'ensi eno n'omubiri gwaffe (**1 Yok 2:15-17**). Eky'enkomerero, wabula, *"tetumeggana na musaayi na mubiri, wabula n'ab'amasaza, n'ab'obuyinza, n'abafuga ensi ab'omu kizikiza kino, n'emyoyo egy'obubi mu bifo ebya waggulu"* (**Bef 6:12**). Kubanga "okulwana okw'okukkiriza" kuno kwa mugaso nnyo, tuteekwa *"okutwalanga eby'okulwanyisa byonna ebya Katonda, tulyoke tuyinzenga okuguma ku lunaku olubi, era bwe tulimala okukola byonna, tusobole okuyimirira"* (**Bef 6:13**). Waliwo ebirabika okuba ng'ebikontana: Kristo talituleka oba okutuvaako (**Beb 13:5**); *"Tukuumirwa Yesu Kristo"* (**Yud 1**); naye ate, tuteekwa okuba abagumiikiriza mu kukuuma obwesigwa (**1 Tim 1:18-19; 5:12; Kub 3:10**)—so si mu "k*ukolera* obulokozi bwaffe" naye mu "k*utuukiriza* obulokozi bwaffe" (**Baf 2:12-13**).

2. "Okunyweza obulamu" obutaggwaawo kitegeeza okubukwata n'amaanyi n'okubwesibako. Wateekwa okubaawo ekyakolebwa emabegako: Tunyweza obulamu obutaggwaawo bwe twenenya ebibi byaffe ne twatula Yesu Kristo ng'Omulokozi waffe era Mukama waffe (kwe kugamba, *"okwatula okulungi mu maaso g'abajulirwa abangi"* [**6:12**] kwe twakola). Naye, waliwo ekirala ekya bulijjo ekigenda mu maaso ku "kunyweza obulamu obutaggwaawo." Yesu yagamba, *"Buno bwe bulamu obutaggwaawo, okutegeera ggwe Katonda omulamu ow'amazima, n'oyo gwe watuma, Yesu Kristo"* (**Yok 17:3**). Baibuli bw'ekozesa ekigambo "manya" ku bulokozi, etegeeza ekintu ekisukkuluma ku "kumanya ku" oba "kutegeera amazima ku" Katonda ne Kristo. Wabula, Baibuli etera okukozesa ekigambo "manya" mu ntegeera ekwatagana n'enkolagana ey'obuntu era ey'omunda. Eky'okulabirako, kikozesebwa mu kwegatta mu kaboozi ak'ekikulu wakati w'omusajja n'omukazi (*"Adamu yamanya mukazi we"*—**Lub 4:1**). Katonda bw'agambibwa "okutumanya", kitegeeza okulonda kw'atulondamu n'atuteekako okuganja kwe (laba **Lub 18:17-19; Amos 3:1-2; Mat 7:23; Bar 8:29**). Mu ngeri y'emu, "okumanya" Katonda ne Kristo kitegeeza okubeera n'enkolagana eya namaddala naye (laba **Kos 13:3-5; 1 Kol 8:3; Gal 4:8-9**). Buli nkolagana yonna eya namaddala wakati wa (omusajja ne mukazi we; omuzadde n'omwana we; emikwano egya namaddala) erina okuliisibwa n'okuzzibwamu amaanyi n'empuliziganya wakati w'abantu abo buli bbanga, okussekimu, n'okwewaayo, ebintu ebiraga omugaso gw'enkolagana. Bwe tukola ekyo ne Kristo, *"tunyweza obulamu obutaggwaawo"* kubanga ye kennyini *'bwe bulamu"* (**Yok 14:6**).

3. "Okunyweza obulamu obutaggwaawo" kitulaga omutindo "ogutuukiddwaako naye ate ogutannaba" ogw'obwakabaka bwa Katonda n'obulokozi bwaffe. Kati tuli balokole, naye tetunnaba kugulumizibwa. Obwakababaka weebuli kati, naye tebunnaba kubeerawo mu bujjuvu ne mu kitiibwa kyabwo. Tunyweredde ku bisuubizo bya Katonda, n'okusseekimu kwaffe ne Kristo, newakubadde obulamu bwaffe bukyali buzibu nnyo kati, kubanga "okunywerera ku kusseekimu okutaggwaawo kuwa omuntu okulega ku bujjuvu bw'okusseekimu kwe tulisanyukiramu mu ggulu, lwe 'tulimulaba [Kristo] nga bw'ali' (1 Yok 3:2)" (Ngewa 2009: 159).

N'oyatula okwatula okulungi, mu maaso g'abajulirwa abangi . . . ne Kristo Yesu eyategeeza okwatula okulungi eri Pontio Piraato: Enyiriri 12-13 zifaanagana mu ngeri nyingi. Mu **6:12** Timoseewo agambibwa okuba nga "yakola" (ekigambo eky'Oluyonaani *homologeō* mu butuufu kiri, "yayatula") *"okwatula okulungi."* Mu **6:13** Kristo "yategeeza" (ekigambo ekyawufu, naye ekikozeseddwa nga "yayatula") *"okwatula okulungi."* Abanyonnyozi abamu balowooza nti "okwatula" kwa Timoseewo kwogera ku kulayira kwe yakola lwe yateekebwako emikono. Naye, "olunyiriri lulaga nti okumuyita okufuna obulamu obutaggwaawo kwaliwo ku lunaku lwe yayatula. Okulondebwa okuweereza oba okussibwako emikono si kwe kuyitibwa okufuna obulamu obutaggwaawo, naye ekyo ekibaawo ku lunaku olw'okukyuka oba okubatizibwa kiri: ekya Katonda okuyita Timoseewo n'okwatula kwa Timoseewo okwagoberera ku kubatizibwa kwe." (Mounce 2000: 356) Ku kikwata ku "kwatula," kwa Yesu, abasomi abamu "balaba okwatula kuno nga okulangirira kwa Kristo nti ye yali Kabaka w'Abayudaaya (Mat 27:11; Mak 15:2; Luk 23:3; Yok 18:37). Naye, ebigambo ebyavuunulwa nga 'eri Pontio Piraato' biyinza okuvuunulwa nga 'mu biseera bya Pontio Piraato'. Enzivuunula eyo bw'ebeera entuufu, 'okwatula' kwa Yesu kwekwo kwe yakola era kwe yagenda addamu mu buweereza bwe bwonna." (Ngewa 2009: 162) "Kirabika nti wano Pawulo ayogera ku kugumiikiriza kwa Yesu mu buweereza bwe, so si mu bulamu buno bw'okka. . . naye n'okusingira ddala mu kufa kwe. Eky'okulabirako ekyo eky'okugumiikiriza kirina okulung'amya Timoseewo okugenda mu maaso n'emirimu gye n'okubeera ow'amazima mu kwewaayo

Copyright © by Jonathan Menn 2007-2014. All rights reserved.

kwe eri Kristo." (Mounce 2000: 358) Enkwatagana wakati wa "okwatula" kwa Yesu n'okwa Timoseewo kulabikira mu Pontio Piraato, "ataalaba musango gwonna mu Yesu n'alangirira nga bw'ataalina musango (**Yok 18:38; 19:4, 6**). Timoseewo alina okutwala obulamu buno *awatali bbala, awatali kya kunenyezebwa* ng'eky'okulabirako eky'obuweereza bwe. Si kyangu, era kyetaagisa okufuba okutata okujja okuggwa ku lunaku lw'*okulabika kwa Mukama waffe Yesu Kristo (6:14).*" (Andria 2006: 1476)

Weekuumenga ekiragiro awatali bbala, awatali kya kunenyezebwa: 1. <u>"Ekiragiro" tekinyonnyoddwa bulungi.</u> Abamu bakiraba ng'ebyo Pawulo bye yalagira Timoseewo mu **6:11-12**. Abalala (osanga abalina endowooza entuufu) batunuulira "ebiragiro ebyo" mu kutwaliza awamu. Eky'okulabirako, Mounce akiraba nti: "Ebiri mu kiragiro ekyo bikulu, oluvannyuma lw'okuyita Katonda, Kristo, n'abo abaajulira okwatula kwa Timoseewo, ekiragiro ekyo kiteekwa okuba nga kikwata ku bwesimbu obutuukagana n'ebyo. Waliwo ekintu ekiriwo ekimanyiddwa obulungi. Okukubaganya ebirowoozo okwo kulaga nti ekiragiro ekyo kya wamu, nga kitwaliramu okwewaayo kwa Timoseewo eri Kristo n'obuweereza bwe, okwewaayo okubuulira enjiri, eyalimu obutuukirivu, okutya Katonda, okukkiriza, okwagala, okugumiikiriza, n'obuwombeefu, okwawukana n'enjigiriza z'abamuwakanya, n'okwewaayo okwali kumwetaagisa okubeera n'obugumiikiriza okutuusa ku kujja kwa Mukama waffe. Ekiragiro kirimu bingi okusinga ku ebyo ebiri mu kitundu ekyetoolodde enyiriri ezo era mu butuufu kitwaliramu byonna." (Mounce 2000: 359)

2. <u>*"Awatali bbala, awatali kya kunenyezebwa"* kiraga nti entambula yaffe eraga enjiri gye tugamba okukkiriza.</u> Ebigambo ebivuunulwa *"awatali bbala oba kya kunenyezebwa"* bikozesebwa nnyo mu Ndagaano Empya mu kwogera ku nneeyisa y'abantu. Obutabaako *"kya kunenyezebwa"* ky'ekyetaago ekisooka eky'omukadde w'ekkanisa (**3:2**) era kyetaagibwa mu nnyumba ezirimu bannamwandu (**5:7**). Mu **6:14** Oluyonaani lukozesa ebigambo bino kumpi okutegeeza nti *"ekiragiro"* ekyo kwe kubeera nga *"talina bbala oba kya kunenyezebwa."* Kubanga wano omulamwa gwa biragiro eri Timoseewo, enkwata y'ensonga eno esinga obulungi y'ey'okugatta ebirowoozo bino by'ombiriri: singa Timoseewo yeekuuma n'empisa ze *"awatali bbala oba kya kunenyezebwa,"* awo *"ekiragiro"* kijja kukuumibwa, era kijja kulabibwa abalala, kyo ku bwakyo, nga *"amateeka amatuukirivu"* (**Yak 1:25**), agatalina nziro, *"agatalina bbala oba kya kunenyezebwa."*

Okutuusa ku kulabika kwa Mukama waffe Yesu Kristo . . . aweebwenga ekitiibwa n'obuyinza obutaggwaawo! Amiina: 1. <u>Wano Pawulo ayogera naddala ku kukomawo kwa Mukama Waffe Yesu Kristo okw'Omulundi Ogw'okubiri.</u> Pawulo abadde agamba Timoseewo, *"okulwana olutalo olulungi"* n'okugumiikiriza mu bwesigwa bwe. Okwogera ku Kujja okw'Omulundi Ogw'okubiri kuno y'ensonga lwaki Timoseewo (naffe) alina okugumiikiriza: (A) Gumiikiriza kubanga Katonda akuyise (**6:12**); (B) Gumiikiriza "olw'okwatula okulungi" kwe wakola mu maaso g'abajulirwa abangi (**6:12**); (C) Gumiikiriza olwa Kristo, omulongoofu era alina okukuumibwa nga mulongoofu, awamu n'enjiri (**6:13-14**); (D) Gumiikiriza kubanga Kristo akomawo (**6:14**).

2. <u>Kuno kwe kutendereza okujjuvu okw'omulundi ogw'okusatu okukwata ku Yesu n'omulimu gwe.</u> Okulala tukusanga mu **1:17** ne mu **3:16**. Kale, Yesu ali ku ntandikwa, mu makkati, ne ku nkomerero y'ekitabo kino. Pawulo atugamba nti kyonna kikwata ku Yesu. Nga bwe kyali mu **1:17**, okwogera ku *"Ye [oyo] kw'aliraga mu ntuuko zaakwo"* (**6:15-16**) kulabika bulungi okukwata ku Kitaffe. Naye, kukwata ne ku Kristo. Naye nga omulamwa guli ku Kujja kwa Kristo okw'Omulundi Ogw'okubiri (**6:14**). Ebigambo *"Kabaka wa bakabaka ne Mukama w'abaami"* bikozesebwa okutegeeza Kristo mu **Kub 17:14** ne **19:16**. Kristo ye Katonda Omwana, oyo eyaweebwa *"obuyinza bwonna . . . mu ggulu ne ku nsi"* (**Mat 28:18**). Kino bwe tukitegeerera ddala obulungi munda mu mitima gyaffe, kijja kutuyamba era kituwe amaanyi *"okulwana olutalo olulungi"* n'okugumiikiriza okutuusa ku nkomerero.

<u>6:17-19:</u> ***[17]Okuutirenga abagagga ab'omu mirembe gya kaakano obuteegulumizanga; newakubadde okwesiga obugagga obutali bwa lubeerera, wabula Katonda atuwa byonna olw'obugagga, tulyoke twesanyusenga n'ebyo. [18]Bakolenga obulungi, babeerenga abagagga mu bikolwa ebirungi, babeerenga bagabi, bassenga kimu. [19]Nga beeterekera eky'okuyimako ekirungi olw'ebiro ebigenda okujja, balyoke banywezenga obulamu ddala ddala.***

1. <u>Be b'ani abo *"abagagga ab'omu mirembe gya kaakano"* (**6:17**)?</u> Bwe tutuuka ku nsonga ya sente n'eby'obugagga, abantu abasinga batera okwepima ku bantu abalina sente nyingi okubasinga mu kifo ky'okwepima n'abo abalina entono. Ekivaamu, abantu abasinga batunuulira abo abalina sente nyingi okubasinga ne bagamba nti, "Mugagga; naye nze siri." Naye, eyo si y'empima entuufu eya Baibuli. Mu **6:6-8** Pawulo agamba, *"Bwe tubeera n'eby'okulya n'eby'okwambala, ebyo binaatumalanga."* Agenda mu maaso n'okutulabula ku ky'okwagala sente n'okwegomba okugaggawala (**6:9-10**). Ekipimo kyaffe ye Yesu. Yesu

Copyright © by Jonathan Menn 2007-2014. All rights reserved.

"teyalina w'assa mutwe gwe" (**Mat 8:20**). Yatuyigiriza okusabiranga *ebyetaago* byaffe *ebikulu* (*"Tuwe leero emmere yaffe eya leero"*) (**Mat 6:11; Luk 11:3**). Yesu teyeeterekeranga eby'obugagga bingi ku nsi, era yatugamba obutakikolanga, naye tweterekerenga ebintu mu ggulu (**Mat 6:20**). Kubanga *"omuddu tasinga bukulu mukama we"* (**Yok 13:16; 15:20**), bwe tutunuulira ebintu nga tukozesa amaaso aga Baibuli—amaaso ga Yesu— "abagagga" beebo abalina ebisukka ku *"by'okulya n'eby'okwambala"* (ekitegeeza, okusinga ebyo Yesu bye yalina). Tuyinza n'okugamba nti, omuntu yenna abeera "mugagga" bw'abeera na bingi okusinga ku bye yeetaaga okusobola okusisinkana ebyetaago bye ebikulu. Kituufu nti waliwo amadaala aga "obugagga": abamu bayinza okuba abagagga ekitonotono (balina bitono okusinga ku bye beetaaga okusisinkana ebyetaago byabwe ebikulu), ate abalala bayinza okuba abagagga ennyo (balina bingi okusinga ku ebyo bye beetaaga okusisinkana ebyetaago byabwe ebikulu). Naye ate, ne mu mawanga agasinga okuba amaavu, abantu abasinga "bagagga."

2. <u>Guno gwe mulundi ogw'okusatu nga Pawulo ayogera ku "kusuubira."</u> Mu **1:1** Pawulo yatubuulira oyo gwe tutunuulidde era ensibuko y'okusuubira kwaffe: Yesu Kristo. Mu **4:10** Pawulo yagamba nti *"twasuubira Katonda omulamu."* Kati, Pawulo atugamba okukuutiranga abagagga *"obuteegulumizanga, newakubadde okwesiga obugagga obutali bwa lubeerera"* (**6:17**). Kino kya kuyiga kya maanyi eri abo bonna abali mu buweereza eri abantu: bw'omanya oyo gw'otunuulidde era ensibuko y'okusuubira kwo, n'okusuubira kwo n'okuteeka mu Yesu Kristo, lw'obeera osaanidde okubuulirira abalala okusuubira Kristo. "Okusuubira" kye kigambo kimu eky'Oluyonaani, *elpizō,* ekiraga "obuvumu" mu bintu ebisuubirwamu, oba "okuteeka obwesige mu muntu oba ekintu," oba "okusuubira" ekintu n'obugumu (laba Danker 2000: 319). Obugagga, bwo ku bwabwo, "tebwesigika": tewali bukakafu nti ojja kufuna obugagga obw'ebintu; oba bw'obufuna, nti osobola okubukuuma [oluusi olw'ensonga ezikukwatako ggwe kennyini, oba olw'amateeka ga gavumenti, oba olw'embeera z'eby'enfuna]; oba nti bw'onoobufuna, ojja kusobola okukuuma bulungi obulamu bwo osobole okubukozesa obulungi. Kristo yekka y'atuwa omusingi omugumu kwe tuyinza okuyimirira n'obuvumu era n'okusuubira.

3. <u>Mu bintu bingi enyiriri **6:17-19** zikolagana ne **6:6-12**.</u> Mu **6:6-8** Pawulo yali atugamba obutayaayaananga bwe tubeera n'eby'okulya n'eby'okwambala byokka; kati atubuulira eky'okukola bwe tubeera ne bingi okusinga bye twetaaga okusobola okulya n'okwambala. Mu **6:9** yali alabula abagagga; kati abuulirira abagagga. Mu **6:10** yali alabula ku kwagala sente; kati atuwa ekigezo tusobole okulaba oba twagala sente oba nedda. Mu **6:11** yali atugamba okuddukanga endowooza enkyamu n'entambula y'omuntu embi tubeere n'endowooza entuufu n'entambula ennungi; kati atulaga wa endowooza entuufu n'entambula entuufu gye bitutwala. Mu **6:12** yakubiriza, *"lwananga okulwana okulungi okw'okukkiriza";* kati (**6:18**) atulaga kiki obwesige kye buli. Mu **6:12** yatugamba *"nywezanga"* obulamu obutaggwaawo; kati (**6:19**) addamu okukozesa ekigambo kye kimu *"banywezenga," era* atulaga engeri ey'okukola ekyo.

4. <u>Abo abalina bingi okusinga bye beetaaga okusisinkana ebyetaago byabwe ebikulu (kwe kugamba, "abagagga") balina kuba bagabi ddala, so si *kuweebwa* okuganja kwa Katonda naye kubanga *baamala okuweebwa* okuganja kwa Katonda.</u> Nga Pawulo bwe yalaga mu ntandikwa y'ekitabo (laba **1:2, 13-16**) tulokoka lwa kusaasira kwa Katonda n'ekisa kye gye tuli. Buli kintu kye tukola mu bulamu buno kirina kubeera *enteeka mu nkola* ey'ekisa ekyo: kwe kugamba, okulaga mu bulamu bwaffe nti twali tetusobola kwekyusa ffekka, naye Katonda ye yatukyusa; yatuwa emitima emiggya ne "ebirowoozo bya Kristo"; tetukyali bantu abatannazaalibwa buggya ("abafu mu byonoono n'ebibi byaffe") nga bwe twali mu kusooka. Ekintu ekikulu mu ngeri gye tutambuzaamu obulamu bwaffe y'enkozesa ya sente zaffe n'eby'obugagga bwaffe. Mu **6:17, 19** ageraageranya abo abasuubira mu bintu *"ebitali bya lubeerera"* ebya *"ensi eno"* n'abo abamaze okweteekerawo *"eky'okuyimako ekirungi"* ku lwa *"ebiro ebigenda okujja."* Mu **6:17-19** enkozesa ye ey'ekigambo *"abagagga"* etulaga kiki obugagga obw'amazima kye buli n'engeri abantu abagagga aba ddala gye beeysiaamu. Agamba nti *"obugagga,"* obutunuuliddwa nga ebintu eby'omubiri byokka n'okusinziira ku ndowooza y'ensi eno, "si bwa lubeerera" (**6:17**). Ku ludda olulala, Katonda atuwa *"byonna"* (**6:17**). Obugagga bwe butwaliramu ensi ejudde eby'obugagga, emibiri gyaffe n'ebirowoozo byaffe, eby'obugagga bye tukolerera ne tubifuna, (laba **Kuv 8:18; Bef 4:28**), obulamu bwaffe, Omwoyo Omutukuvu abeera mu ffe, ekkanisa (ennyumba yaffe) gye tulina okugenda okufuna obuyambi obw'omubiri n'obw'omwoyo, n'ebirala. Ebyo byonna birungi, era bya kweyagalirwamu. Kino kiringa Pawulo kye yali yayogera mu **4:3-5**. N'olw'ekyo, kubanga Katonda atuwadde byonna olwa obugagga bwe, tubeere "*abagagga*" mu bikolwa ebirungi n'omutima omugabi eri abalala (**6:18**).

5. <u>Newakubadde tetulina kubeera abagabi abagabira abalala mu bungi okusobola okuweebwa okuganja kwa Katonda, tujja kusasulwa olw'okugaba kwaffe.</u> Abo abali mu bwetaavu baganyulwa okuva ku bugabi bw'abo abagaba. Naye, ogwo si gwe mulamwa gw'okuteesa kwa Pawulo. "Omulamwa omukulu gulabika bulungi. Mu kubeera abagabi, abagagga tebafiirwa bugagga bwabwe. Wabula, babutereka mu ggulu, era mu kukola ekyo, beeterekera eky'okuyimako ekirungi olw'ebiro ebigenda okujja, olw'obulamu ddala ddala." (Mounce 2000: 368). Yesu yatugamba obuteeterekeranga bintu ku nsi, naye tubyeterekerenga mu ggulu gye bitayonoonekera (**Mat 6:20**). Mu nyiriri ezo Pawulo atubuulira nga *bwe* tuyinza okweterekeranga ebintu mu

Copyright © by Jonathan Menn 2007-2014. All rights reserved.

ggulu. Ekirala, *atukubiriza* okubeera abantu abagaba mu bungi: bye tugaba kati tetubifiirwa, naye bikola kitundu ku ky'okuyimako kye tuteekawo olw'ebiro ebijja. Tuyinza okugamba nti, ekyo kye tukola ne sente zaffe n'eby'obugagga byaffe wano birituleetera empeera n'emiganyulo ku nsi empya gye tulibeeramu. N'ekirabo ekisinga obutono ekiweereddwa omuntu kubanga omugabi ayagala Yesu kirisasulwa (**Mat 10:42**). Empeera ezo ziribeerawo emirembe n'emirembe (laba **Mat 25:19-30**). *Obutagaba* mu bungi kutufuula abassiru. Pawulo atugamba wano nti tuliweebwa omukisa n'okusinga bwe tuyinza okulowooza singa tugaba mu bungi.

6. Oba tutegeera ne tugoberera okuyigiriza kwa Pawulo mu **6:17-19** oba nedda nsonga nkulu eri Abakristaayo, mu bulamu buno ne mu kusala omusango okw'emirembe egitaggwaawo. (A) *Ku kikwata ku Musango:* Obugagga butambula n'obuvunaanyizibwa obweyongedde. Ensonga lwaki Katonda atuwa omukisa gwa sente eri *"alyoke abeerenga n'eky'okumuwa eyeetaaga"* (**Bef 4:28**). Obuvunaanyizibwa obujjira ku bugagga butambula n'okulaganga enkozesa y'ebintu ebyo okweyongedde. Buli omu asisinkana omusango gwa Katonda olw'ebyo by'akola, oba olw'ebyo by'alemeddwa okukola, mu bulamu buno (**Beb 9:27;** laba **Kub 20:11-15**). Ennono enkulu ey'omusango gwa Katonda eri nti, *"buli eyaweebwa ebingi, alinoonyezebwako bingi; n'oyo gwe baateresa ebingi, gwe balisinga okubuuza ebingi"* (**Luk 12:48b;** laba **1 Kol 3:10-15**). Kubanga obugagga bwabwe butambula n'obuvunaanyizibwa bungi era, mu ngeri eyo, n'ebiribabuuzibwa bingi, abo abalina obugagga mu nsi eno balisisinkana omusango omukakali okusinga abo abatalina. N'olw'ekyo, ekitabo kya **Nge 11:4** kitulabula nti obugagga bulilemesa omugagga ku lunaku olw'okusalirwa omusango. Okukung'aanya eby'obugagga bingi n'obutabikozesa ku lw'ekigendererwa ekibituweesa kutyoboola etteeka lya Kristo era kibi. Yesu yagamba nti ennyenje n'obutalagge by'onoona ebintu ebiterekeddwa ku nsi (**Mat 6:19**). Omutume Yakobo akozesa olulimi lwa Kristo okulabula abantu abagagga abatakozesezza bugagga bwabwe nga bwe bateekeddwa okukola (kwe kugamba, ababulese ne "butalagga"), *"Ezaabu yammwe ne ffeeza zitalazze; n'obutalagge bwazo buliba mujulirwa gye muli, bulirya omubiri gwammwe ng'omuliro. Mwakung'aanyiza ebintu mu nnaku ez'enkomerero."* (**Yak 5:3**). Ayongerako nti olw'omusango ogulinze abagagga, *"mukaabe mulire olw'ennaku ezijja ku mmwe"* (**Yak 5:1**). Awunzika ng'agamba nti *"abo ababeera mu bulamu obw'wokwesanyusa n'ebinyumu ku nsi"* batunuulidde okusalirwa omusango ng'endiga oba ente oba embizzi *"mwegezezza mu mitima gyammwe nga ku lunaku olw'okubaaga ebya ssava"* (**Yak 5:5**). (B) K*u bikwata ku bulamu buno:* Ekkubo limu eriyinza okutumanyisa oba tuli baagazi ba sente (**6:9-10**) kwe kwebuuza oba tuli bagabi ba kika ki (**6:18**). Ekkanisa eyasooka yakitegeera nti enjiri yalaga engeri gye tulina okukozesaamu sente zaffe n'eby'obugagga byaffe. Baakimanya nti *"asonyiyiddwa ebibi bye ebingi, okwagala kwe kungi"* (laba **Luk 7:36-50**). Ekyavaamu, ekkanisa eyasooka yamanyibwa lwa *kugaba mu bungi.* Zakayo yasalawo yekka okugabira abaavu kimu kyakubiri eky'eby'obugagga bwe (**Luk 19:1-10**). Ab'ekkanisa ey'omu Yerusaalemi (**Bik 2:44-47** ne **Bik 4:32-37**) *"baatuundanga ebyabwe ne bagabiranga buli muntu nga bwe yeetaagaanga."* Ekkanisa mu Antiokiya, *"abayigirizwa, buli muntu nga bwe yalina ebintu, ne bateesa okuweereza ab'oluganda abaali batuula e Buyudaaya"* (**Bik 11:29**). Ekkanisa mu Makedoni yagabanga mu bungi newakubadde nabo baali mu *"bwavu obwayinga obungi"* ne *"okubonaabona okwabakema ennyo"* (**2 Kol 8:1-5**). Katonda yawa abantu abo bonna n'amakanisa ago gonna omukisa: yabayiira ekisa kye (**Bik 4:33; 2 Kol 8:1**); yabawa essanyu lingi (**Bik 2:46; 2 Kol 8:2**); yasisinkananga ebyetaago byabwe (**Bik 4:34**); yabagatta wamu (**Bik 2:44, 46; 4:32**); baafunanga okuganja kw'abantu (**Bik 2:47**); yafuulanga obujulizi bwabwe okubeera obw'amaanyi (**Bik 2:43; 4:33**); era n'abakuza (**Bik 2:47**). Ekyo kye tukola ne sente zaffe n'eby'obugagga byaffe kabonero ka bulijjo, ak'ebweru akalabika ak'embeera yaffe ey'omunda era ey'omwoyo.

6:20-21: ***[20] Ai Timoseewo, kuumanga kye wateresebwa, nga weewala ebigambo ebitaliimu ebitali bya Katonda n'okulwana kw'ebigambo eby'okutegeera, okuyitibwa "okumanya" mu bulimba—[21]waliwo abantu abeegamba okuba nakwo, ne bakyama mu kukkiriza. Ekisa kibeerenga nammwe.***

Ai Timoseewo: N'obugambo obutonotono bwa mugaso. Pawulo teyawunzika ng'agamba nti "Kuumanga kye wateresebwa." Era teyagamba nti, "Timoseewo, kuumanga kye wateresebwa." Wabula, yagamba, "'*Ai* Timoseewo, kuumanga kye wateresebwa." Akagambo ako akatono "Ai" kagambo ka kulumwa mu mutima. Tutera okugamba "Ai" nga twogera eri abantu ab'amakulu gye tuli, era ne lwe tuba twogera ku bintu eby'omugaso ennyo. Wano Pawulo alaga kiki omutima gwe kye guli. Amanyi nti atuuse ku nkomerero y'obulamu bwe ku nsi. Ayagala okukakasa nti ebyo by'ayogedde, n'ebyo by'abadde akola mu bulamu bwe, tebifudde bwereere, naye bijja kugenda mu maaso olw'obwesigwa bwa Timoseewo ne, okuyita mu ye, bitutuukeko naffe.

Kuumanga kye wateresebwa: "Tukuuma" ebintu ebisinga okuba eby'omugaso gye tuli. Wano, y'enjiri. Guno gwe mulundi ogw'okusatu nga Pawulo ayogera ku "kuteresebwa." Mu **1:11** yagamba nti *"enjiri ey'ekitiibwa"* yamuteresebwa. Mu **1:18-19** yateresa Timoseewo *"ekiragiro kino . . . olyoke olwanirenga mu byo olutalo*

Copyright © by Jonathan Menn 2007-2014. All rights reserved.

olulungi, ng'onyweza okukkiriza n'omwoyo omulungi." Kati Pawulo agamba Timoseewo "akuume" ekyamuteresebwa. Tukuuma enjiri nga tuyita mu kugimanya, okugitegeera, okugiteeka mu nkola, okugibuulira, okugiyigiriza, ne *"okugiteresa abantu abeesigwa, era abasaanira okugiyigiriza n'abalala"* (**2 Tim 2:2**).

Nga weewala ebigambo ebitaliimu ebitali bya Katonda. . . ne bakyama mu kukkiriza: Pawulo amaliriza ebbaluwa ye mu ngeri y'emu nga bwe yagitandika, ng'akubiriza Timoseewo okubeera omwesigwa, era ng'amulabula okukyama mu kukkiriza. Ekizibu ky'enjigiriza enkyamu kirinamu ekintu ekirabika okukontana. Ku ludda olulala, enjigiriza enkyamu teriimu kantu okuggyako *"okwogera okutaliimu bibala"* (**1:6**), *"enfumo ezitali za ddiini ez'obusirusiru"* (**4:7a**), ne *"ebigambo ebitaliimu ebitali bya Katonda"* (**6:20**). Ku ludda olulala, enjigiriza enkyamu erinamu *"emyoyo egikyamya n'okuyigiriza kwa basetaani"* ng'ensibuko yaayo (**4:1**), erimu empaka n'entalo (**6:4**), evaamu *"emyoyo egyokeddwa"* (**4:2**) ne *"amagezi agaayonooneka"* (**6:5**) eri abo abagitambulirako, "okumenyekerwa okukkiriza" (**1:19**) oba ereetera omuntu *"okukyama"* (**6:21**) okuva ku kukkiriza, era ereeta ebika byonna ebya "empaka" (**1:4**), *"obuggya, okuyomba, okuvuma, okuteerera obubi, okukaayana okutata"* (**6:4-5**) mu kanisa. Nsonga ya bulamu obutaggwaawo na kufa. N'olw'ekyo, Pawulo atandika nayo, agyogerako mu bujjuvu mu kitabo kyonna, era amaliriza nayo.

Ekisa kibeerenga nammwe: Pawulo yatandika ebbaluwa ye ng'agamba nti *"ekisa, okusaasira, n'emirembe"* (**1:2**). Amaliriza ng'agamba nti *"ekisa kibeerenga naawe,"* Pawulo atujjukiza nti, newakubadde okubeera omwesigwa kizibu, (n'olw'ekyo, *"lwananga okulwana okulungi"*), tetuli fekka. Olutalo lwe tulwana n'ensi, omubiri, ne Setaani lwe lutalo olusinga obunene ku nsi. Naye tetululwana fekka. Mukama ali naffe: *"kubanga Katonda y'akoza mu mmwe, okwagala n'okukola, olw'okusiima kwe okulungi"* (**Baf 2:13**). Ye kennyini yagamba, *"Sirikuleka n'akatono; so sirikwabulira n'akatono"* (**Beb 13:5**). Ekyo kyetaaga okutuzzaamu amaanyi, kubanga ekigambo ky'Oluyonaani ekitegeeza "ggwe" mu **6:21** kikozesebwa mu kwogera ku bantu bangi, so si omu. Katonda teyali wamu ne Timoseewo yekka, ali naffe. N'olw'ekyo, *"lwananga okulwana okulungi okw'okukkiriza, nywezanga obulamu obutaggwaawo bwe wayitirwa"* (**6:12**).

EBITABO EBYEYAMBISIBBWA

Adeleye, Femi. 1999. *Preachers of a Different Gospel.* Kampala, Uganda: International Fellowship of Evangelical Students.

Andria, Solomon. 2006. "1 Timothy." In *Africa Bible Commentary,* ed. Tokunboh Adeyemo, 1469-76. Nairobi, Kenya: WordAlive.

Beck, James, and Craig Blomberg, ed. 2001. *Two Views on Women in Ministry.* Grand Rapids, MI: Zondervan.

Belleville, Linda. 1986. "'Under Law': Structural Analysis and the Pauline Concept of Law in Galatians 3:21-4:11." *Journal for the Study of the New Testament* 26: 53-78.

Blomberg, Craig. 1999. *Neither Poverty Nor Riches: A Biblical Theology of Possessions (NSBT 7).* Nottingham, England: Apollos.

Carson, D. A. 1984. "Matthew." In *Expositor's Bible Commentary,* vol. 8, ed. Frank Gaebelein, 1-599. Grand Rapids, MI: Zondervan.

_____. 2002. *Love in Hard Places.* Wheaton, IL: Crossway.

Danker, Frederick, ed. 2000. *A Greek-English Lexicon of the New Testament and Other Early Christian Literature.* Chicago: The University of Chicago Press.

DeLacey, D. R. 1982. "The Sabbath/Sunday Question and the Law in the Pauline Corpus." In *From Sabbath to Lord's Day: A Biblical, Historical and Theological Investigation,* ed. D. A. Carson, 159-95. Grand Rapids, MI: Zondervan.

Doriani, Daniel. 1996. *Getting the Message.* Philllipsburg, NJ: P&R.

Earle, Ralph. 1978. "1 Timothy." In *Expositor's Bible Commentary,* vol.11, ed. Frank Gaebelein, 341-90. Grand Rapids, MI: Zondervan.

Editorial. 2001. "The Prosperity Gospel: An *AJET* Editorial. *Africa Journal of Evangelical Theology* 20: 1-2.

Fee, Gordon. 1984. "The 'Gospel' of Prosperity—an Alien Gospel." *Reformation Today* 82: 39-43.

Copyright © by Jonathan Menn 2007-2014. All rights reserved.

Grudem, Wayne. 1988. *The First Epistle of Peter (TNTC).* Grand Rapids, MI: Eerdmans.

Gundry, Robert. 1970. "The Form, Meaning and Background of the Hymn Quoted in I Timothy 3:16." In *Apostolic History and the Gospel,* ed. W. Ward Gasque and Ralph Martin, 203-22. Grand Rapids, MI: Eerdmans.

Guthrie, Donald. 1990 (reprinted 2000). *The Pastoral Epistles, rev. ed. (TNTC).* Leicester, England: Inter-Varsity.

Ham, Clay. 2000. "The Christ Hymn in 1 Timothy 3:16." *Stone-Campbell Journal* 3: 209-28.

Hays, J. Daniel. 2001. "Applying the Old Testament Law Today." *Bibliotheca Sacra* 158: 21-25. Accessed 7 December 2009 at: http://www.biblicalstudies.org.uk/article_law_hays.html#top

Hodges, Melvin. 1953. *The Indigenous Church.* Springfield, MO: Gospel.

Kelly, J. N. D. 1960. *A Commentary on the Pastoral Epistles: Timothy I & II, and Titus.* Peabody, MA: Hendrickson.

Knight, George W. 1992. *The Pastoral Epistles: A Commentary on the Greek Text (NIGTC).* Grand Rapids, MI: Eerdmans.

Koukl, Gregory. 2001. *Never Read a Bible Verse.* Accessed 7 December 2009 at: http://www.str.org/site/News2?page=NewsArticle&id=5466

Liefeld, Walter. 1999. *1 and 2 Timothy/Titus (NIVAC).* Grand Rapids, MI: Zondervan.

Lysaught, M. Therese. 2005. "Practicing the Order of Widows: A New Call for an Old Vocation." *Christian Bioethics* 11: 51-68.

Marshall, I. Howard. 1989. "Universal Grace and Atonement in the Pastoral Epistles." In *The Grace of God, The Will of Man,* ed. Clark H. Pinnock, 51-68. Grand Rapids, MI: Academie Books.

Metzger, Bruce, and Michael Coogan, eds. 1993. *The Oxford Companion to the Bible.* New York: Oxford University Press.

Moo, Douglas. 1984. "Jesus and the Authority of the Mosaic Law." *Journal for the Study of the New Testament* 20: 3-49.

Mounce, William D. 1993. *The Analytical Lexicon to the Greek New Testament.* Grand Rapids, MI: Zondervan.

_____. 2000. *Pastoral Epistles (WBC, vol. 46).* Nashville, TN: Thomas Nelson.

Ngewa, Samuel. 2009. *1 & 2 Timothy and Titus (ABCS).* Nairobi, Kenya: HippoBooks.

Ouedraogo, Adama. 2006. "Prophets and Apostles." In *Africa Bible Commentary,* ed. Tokunboh Adeyemo, 1434. Nairobi, Kenya: WordAlive.

Piper, John. 2000. "Are There Two Wills In God?" In *Still Sovereign*, ed. Thomas R. Schreiner and Bruce A. Ware, 107-31. Grand Rapids, MI: Baker Books. Available online at: http://www.desiringgod.org/ResourceLibrary/Articles/ByDate/1995/1580_Are_There_Two_Wills_in_God/

_____. 2003. *Let the Nations be Glad!* 2nd ed. Grand Rapids, MI: Baker Academic.

_____. 2007. "Prosperity Preaching: Deceitful and Deadly." Accessed 31 July 2008 at http://www.desiringgod.org/ResourceLibrary/TasteAndSee/ByDate/2007/1993_Prosperity_Preaching_Deceitful_and_Deadly/

Webb, William. 2001. *Slaves, Women & Homosexuals: Exploring the Hermeneutics of Cultural Analysis.* Downers Grove, IL: IVP Academic.

Willard, Dallas. 1997. *The Divine Conspiracy.* New York: HarperSanFrancisco.

Winter, Bruce. 2001. *After Paul Left Corinth: The Influence of Secular Ethics and Social Change.* Grand Rapids, MI: Eerdmans.

Wolvaardt, Bennie. 2005. *How to Interpret the Bible: A Do-It-Yourself Manual.* London: Veritas College.

Copyright © by Jonathan Menn 2007-2014. All rights reserved.

1 TIMOSEEWO: EKITABO KY'OKUTENDEKA OKUYITA MU KUWUNZIKA

1 Timoseewo 1:1-7

[1] Pawulo, omutume wa Kristo Yesu ng'okulagira kwa Katonda Omulokozi waffe bwe kuli n'okwa Kristo Yesu essuubi lyaffe, [2]Eri Timoseewo omwana wange ddala olw'okukkiriza: ekisa, okusaasira n'emirembe ebiva eri Kitaffe ne Kristo Yesu Mukama waffe. [3]Nga bwe nnakubuulirira okubeera mu Efeso, bwe nnali nga ng'enda e Makedoni, olagirenga abamu obutayigirizanga bulala, [4]newakubadde okulowoozanga enfumo n'ebigambo by'obuzaale ebitakoma, ebireeta empaka okusinga obuwanika bwa Katonda obuli mu kukkiriza; bwe nkola bwe ntyo ne kaakano. 5 Naye enkomerero y'ekiragiro kwe kwagala okuva mu mutima omulongoofu n'omwoyo omulungi n'okukkiriza okutalina bukuusa. [6]Ebyo abamu babiwunjukamu ne bakyamira mu bigambo ebitaliimu, [7]nga baagala okuba ng'abayigiriza b'Amateeka, nga tebategeera bye boogera newakubadde bye bakakasa.

1:1-2—Pawulo Omutume, Essuubi lyaffe, Timoseewo, "Omwana wa Pawulo ddala olw'Okukkiriza"

Pawulo atandika ebbaluwa eno n'okujjayo amazima abiri ag'omugaso ennyo:

(1) Pawulo yawandikira Timoseewo mu buyinza bwe obw'enjawulo nga Omutume wa Yesu Kristo. Pawulo yalondebwa era n'akyusibwa Katonda mu ngeri ey'eky'amagero (**Bik 9:1-31**); Yalaba Mukama Yesu Kristo mu buntu (**1 Kol 9:1, 15:8-9**); yayawulibwa Katonda okukola obuweereza bwe obw'obutume era yayigirizibwa Katonda mu buntu (**Gal 1:11-24**); Pawulo yaweebwa okubikkulirwa okw'enjawulo era yakola obubonero obw'obutume obwa ddala (**2 Kol 12;1-12**); Obutume bwa Pawulo bwamuweebwa olw'ekiragiro kya Katonda, n'okuyigiriza kwe kwenkana n'okuyigiriza kwa Yesu Kristo yennyini (**1 Tim 1:1, 6:3**).

(2) Emabega wa Pawulo eriyo Katonda yennyini ne "Kristo Yesu, essuubi lyaffe." Abantu abasinga bateeka essuubi lyabwe, ebirooto byabwe, n'amaanyi gaabwe mu nsi eno, ne mu bulamu buno; balowooza nti ensi eno n'obulamu buno bye biriwo byokka. N'olw'ekyo, Pawulo yagamba mu **1 Kol 15:19**, "*Oba nga mu bulamu buno bwokka mwe tubeeredde n'essuubi mu Kristo, tuli ba kusaasirwa okusinga abantu bonna*." Naye, Pawulo yakiraba nti ensi eno n'obulamu buno si bye biriwo byokka. Wabula, waliyo obulamu obutaggwaawo: Wajja kubaayo eggulu eriggya n'ensi empya, era waliyo obulamu obutaggwaawo, obutandikirawo kati, eri abantu abakkirizza Yesu Kristo nga Mukama era Omulokozi waabwe. Kati we twogerera wano Yesu Kristo ali mu kufuga ebitonde byonna, era alifuula ababe okubafaananya engeri ye (**Bik 2:22-36; Bar 8:26-39; 1 Kol 15**). N'olw'ekyo, obuyinza bwa Pawulo ng'omutume, ne Yesu Kristo, obuyinza obusembayo era Mukama w'eggulu n'ensi, bufuula ekyogeddwa mu kitabo kino ekintu eky'omuwendo omunene.

1) Abantu bwe baagala okumanya engeri gye bagwanidde okweyisaamu—balyoke batuuke ku kye basuubira era bafune amakulu n'okukkuta—batunula wa, era buyinza ki bwe banoonya, okubalaga ekkubo?

A) Naye ate ggwe?

2) "Omutume," kye kiki, era omugaso gw'Abatume gwe guli wa?

A) Bisaanyizo ki bye tutera okwegomba?

B) Bisaanyizo ki eby'enjawulo Pawulo bye yalina nga omutume?

C) Timoseewo teyali "omutume" nga Pawulo. Teyafuna okutendekebwa okwenjawulo Pawulo kwe yafuna. Wabula, yali muyigiriza omwesigwa ow'Ekigambo kya Katonda. "Bisaanyizo" ki Timoseewo bye yalina, era ekyo kikuzzaamu kitya amaanyi?

D) Obumu ku bubonero obw'obutume obutuufu mu mulembe ogwaffe bwalibadde bubonero ki?

1) Bubonero ki Abakristaayo abato era abakula bwe baalibadde bagoberera obulaga enjigiriza entuufu ey'obutume olwaleero?

2) Kiki ekitubulako ng'abakulembeze mu kulaga nti tuli basika aba ddala ab'abatume?

3) Kiki kye tugwanidde okukikolera?

3) Kiki abantu kye basinga okusuubira?

A) Kiki abantu abali mu kanisa yo kye basinga okubeeramu essuubi?

B) Kiki kyosinga okubeeramu essuubi?

4) Kiki Pawulo kyatugamba lye (oba eryalibadde) essuubi lyaffe lyennyini?

A) Kiki kyategeeza mu kwogera kino—mu ngeri ki era lwaki Kristo Yesu ly'essuubi lyaffe?

5) Essuubi lino erisangibwa mu Kristo Yesu lya mugaso kwenkana wa eri abantu abali mu kanisa gy'omanyi?

A) Oyinza otya okukimanya?

Copyright © by Jonathan Menn 2007-2014. All rights reserved.

B) Ye wa mugaso kwenkana wa gy'oli? Era lwaki?
C) *Olaga otya mu bulamu bwo* nti Kristo Yesu ly'essuubi lyo?

6) Buzibu ki bwolaba mu buwangwa bwa Afirika obuli mu kukulaakulanya obukulembeze mu kanisa?
A) Tuyinza tutya okumalawo obuzibu obwo okusobola okufuna abakulembeze Abakristaayo abakuze?

7) Oluusi abakulembeze abaliwo balaba abakulembeze abaggya oba abantu abayinza okufuuka abakulembeze nga ababatwalako ebifo oba ababatiisa.
A) Ekyo okirabye otya mu kanisa ya Afirika?
B) Madaala ki ge tuyinza okutwala okuzimba abakulembeze abaggya mu kanisa awatali kutiisa abo abaliwo?

8) Pawulo yayita Timoseewo "omwana wange ddala ow'okukkiriza." (Mu **1 Kol 4:17** Pawulo era yayita Timoseewo "omwana wange omwesigwa omwagala mu Mukama waffe.")
A) Obuwangwa bwa Afirika buyinza butya okulaba enkolagana wakati wa Pawulo ne Timoseewo?
B) Abasumba mu Afirika babeera n'omuntu gwe bayinza okulaba nga "Timoseewo"—kwe kugamba, nga "omwana mu kukkiriza" gwe bayinza okulabirira ne bamutendeka ng'omukulembeze mu kanisa?
C) Kyalikoze njawulo ki mu kanisa singa tubadde tugezezzaako nnyo okukuza "abaana ddala ab'okukkiriza" okutwala ebifo by'obuvunaanyizibwa mu kanisa?
D) Madaala ki ge tuyinza okutwala okukuza abakulembeze abaggya mu kanisa okukakasa nti "baana baffe ddala ab'okukkiriza"?

9) Mu lugendo lwa Pawulo olw'obuminsani olw'okubiri, yasisinkana Timoseewo (eyali yafuuka omuyigirizwa), n'amukomola olw'Abayudaaya mu kitundu mwe baali bagenda okukola (**Bik 16:1-5**). Oluvannyuma mu lugendo lwe lumu, Timoseewo yagenda mu maaso okukola mu Beroya nga Pawulo asindikiddwa mu Asene. Naye, Timoseewo yali wa mugaso nnyo eri Pawulo kale Pawulo n'aweereza obubaka obw'enjawulo eri ekkanisa y'e Beroya ng'ayagala Timoseewo ajje gyali amangu ddala nga bwe kyali kisoboka (**Bik 17:10-15**). Pawulo yatandika okukuza abakulembeze abaggya okuviira ddala ku ntandikwa. Pawulo alaba nga kino kya mugaso nnyo.
A) Singa ekkanisa ya Afirika nayo bwe yali ekola, njawulo ki gye kyalikoze?
B) Singa naffe bwe twali tukola, njawulo ki gye kyalikoze mu buweereza bwaffe?

<u>1:2—Ekisa, Okusaasira, n'Emirembe</u>

Pawulo atera okutandika ebbaluwa ze n'okulamusa "ekisa n'emirembe." Mu 1 Timoseewo ne 2 Timoseewo mwokka mwayongera ekigambo "okusaasira" ku kulamusa kwe (oluny. 2). "Okusaasira" kutera okulaga ekirowoozo ky'okukwatirwa ekisa ku lw'abo abagudde ku kizibu n'abali mu bwetaavu. Omunyonnyozi omu yalaga enjawulo wakati wa "okusaasira" ne "ekisa" bw'ati: "[Ekisa] bulijjo kikwata ku kye tulaba ekirimu obulumi, ennaku n'obuyinike, ebyo ebiva mu kibi, ne [ekisa] bulijjo kikola ku ekibi n'okusingibwa omusango. Ekimu kireta okukendeeza ku kizibu ekyo, ate ekirala kireeta ekisonyiwo; ekimu kiwonya, kiyamba, ekirala kinaaza ne kiddaabulula." (George W. Knight, *The Pastoral Epistles: A Commentary on the Greek Text,* NIGTC Grand Rapids, MI: Eerdmans, 1992, 66)

1) Mu kusaba kwe okw'okulamusa eri Timoseewo mu lunyiriri 2, Pawulo ye *mubaka* wa "ekisa, okusaasira, n'emirembe." Naye, agamba nti ekisa, okusaasira, n'emirembe "biva eri Kitaffe ne Kristo Yesu Mukama waffe"—kwe kugamba, Katonda Kitaffe ne Kristo Yesu Mukama waffe *y'ensibuko* y'ekisa, okusaasira n'emirembe.
A) Lwaki Pawulo yasaba nti Timoseewo aweebwe ebintu ebyo byonsatule okuva eri Katonda Kitaffe ne Kristo Yesu Mukama waffe?
B) Lwaki abantu olwaleero beetaaga "ekisa, okusaasira, n'emirembe" okuva eri Katonda ne Kristo?
C) Olwaleero abantu bagezaako okunoonyeza wa ekisa, okusaasirwa, n'emirembe mu bulamu bwabwe?
D) Biki ebibaawo mu bulamu bw'abantu bwe banoonya ekisa, okusaasirwa, n'emirembe mu bintu ebirala mu kifo ky'okubinoonyeza mu Katonda okuyita mu Kristo (era nsonga ki abantu ze bawa ezibaziyiza okunoonya ekisa, okusaasirwa, n'emirembe okuva eri Katonda okuyita mu Kristo)?
E) Abakristaayo olwaleero bategeera ekisa n'okusaasira okuva eri Kristo kwenkana wa?

2) Tunuulira abakulembeze b'ekkanisa ng'ababaka Kristo b'ayitamu okwolesa ekisa, okusaasira, n'emirembe nga bw'olowooza ku bino wammanga:

Copyright © by Jonathan Menn 2007-2014. All rights reserved.

A) Oluusi abakulembeze bafuna obuzibu okulaga ekisa eri abo be bakulembera. Ggwe kiki ky'oyiseemu ekikwatagana n'ekyo?

B) Lwaki abantu b'okuza okubeera abakulembeze mu kanisa beetaaga ekisa?

C) Walagibwa otya ekisa okuva eri omuntu omulala? Kyakuyisa kitya? Kyakola ki ku mpisa zo ez'oluvannyuma?

D) Singa obadde omuntu amanyiddwa mu kulaga ekisa eri abalala, olowooza ekyo kyalikoze ki ekkanisa?

1:3-4—Okuyigiriza bulala, Enfumo n'Ebigambo by'Obuzaale

Ekigambo ekivuunuddwa waggulu "okuyigiriza bulala" kikozesebwa nate mu **1 Tim 6:3** (wano, kitegeeza "okuyigiriza enjigiriza eyawukana n'enjiri ya"). Newakubadde enjigiriza ey'obulimba Pawulo gyayogerako tenyonnyoddwa bulungi, erabika okukwata ku: kwetaba mu nfumo n'ebigambo by'obuzaale [kwe kugamba, enfumo ezikwata ku nsibuko z'abantu] (**1 Tim 1:4, 4:7; 2 Tim 4:4; Tito 1:14, 3:9**); okukwasisa amateeka g'Ekiyudaaya (**1 Tim 1:7; Tito 1:10, 14, 3:9**); okwagala okwogera ebitaliimu, empaka n'okuyomba (**1 Tim 1:4, 6; 6:4; 2 Tim 2:14, 16, 23; Tito 1:10; 3:9**); okulimba (**1 Tim 4:1-3; 2 Tim 3:6-13; Tit 1:10-13**); obugwagwa (**1 Tim 1:19-20; 2 Tim 2:16, 19** ne **2 Tim 3; Tito 1:15-16**); n'okwagala okufuna eby'obugagga nga bayita mu kuyigiriza kwabwe (**1 Tim 6:5; 2 Tim 3:2, 4; Tito 1:11**). Enjigiriza eyo ey'obulimba eyinza okuba nga yalimu okutya Katonda okulimu obukambwe n'okugaana obufumbo n'okulya enyama (**1 Tim 4:1-5**), n'okuyigiriza nti amazuukira gaali gaamala dda okubaawo (**2 Tim 2:18**). Nga omunyonnyozi omu bwe yakiteeka mu bufunze, enjigiriza ey'obulimba "yatabulanga Obuyudaaya obwawaba, enzikiriza ereeta okutya okutaliimu, mpozzi n'eddogo, wamu." (William D. Mounce, *Pastoral Epistles*, Word Biblical Commentary, vol. 46, Nashville, TN: Thomas Nelson, 2000, lxxv)

Obukulu bwa kino bulabibwa mu kigambo Pawulo kye yakozesa mu kugamba Timoseewo "okulagira" abamu obutayigirizanga bulala (oluny. 3). Ekigambo kiyinza okuvuunulwa "okuwa ekiragiro." Nga Mounce bw'agamba, ekigambo "kya kinnamaje era kya kinnamateeka, nga kinyonnyola ekiragiro eky'ekinnamaje oba okuyitibwa mu butongole okujja mu kkooti." (Ibid.: 18)

1) Abakulembeze beetaaga okutegeera Baibuli, n'okumanyanga enjigiriza ez'obulimba.

A) Njigiriza ki ez'obulimba eziri mu kitundu kyaffe ze twetaaga okulwanyisa?

B) Njigiriza ki ez'obulimba ze tulina mu kanisa yaffe abakulembeze abato ze beetaaga okulwanyisa?

C) Kiki enjigiriza ng'ezo kye zikola mu kanisa?

D) Kiki kye twetaaga okukola okulwanyisa enjigiriza ezo ez'obulimba?

2) Enjigiriza ez'obulimba zikola ki ku Bakristaayo abato abakyakula obukuzi mu kanisa olwaleero?

A) Abakristaayo abato, abakyaakula obukuzi, bayinza batya okwawula enjigiriza entuufu ku njigiriza ey'obulimba?

3) Pawulo atugamba obutawuliriza "enfumo n'eby'obuzaale ebitakoma." Enfumo z'engero ezaakolebwa abantu okutulaga engeri ey'okubeera oba okuzuula amakulu n'okumatira; eby'obuzaale bikwata ku bajjajjaffe, endyo, n'ebika mwe twasibuka.

A) Nfumo ki z'omanyi ez'omugaso ezaakolerwa abantu b'omanyi (oba ggwe)?

B) Mikolo ki abantu b'omanyi gye bakola okunoonya okuganja kwa bajjajja?

4) Soma **Baf 3:1-11** olabe Pawulo kye yayogera ku by'obuzaale mu **Baf 3:4-5**.

A) Lwaki Pawulo yayogera ku buzaale ng'ate yagamba Timoseewo obutawulirizanga eby'obuzaale ebitakoma?

B) Endowooza ya Pawulo yali egamba ki ku by'obuzaale okugeraageranya n'okumanya Kristo?

C) Singa Pawulo abadde ayogera naawe olwaleero, nsonga ki ze yaalibadde ayogerako?

D) Tuyinza tutya okuyamba abantu baffe okukola ku nsonga ezo?

1:5—Enkomerero y'Ekiragiro kyaffe

1) Biluubirirwa ki ebisinga okuba ebikulu abantu bye balina?

A) Ebiluubirirwa byo ebisinga okuba ebikulu kiki?

B) Ebiluubirirwa byaffe *ng'abayigiriza* ebisinga okuba ebikulu bwe tubuulira ne tuyigiriza kiki?

C) *Lwaki* abantu baagala okubuulira n'okuyigiriza?

D) Nyinza ntya okumanya nti ekigendererwa kyange mu kuyigiriza ne mu kubuulira si kuyaayaana okw'obulimba okuli mu mutima gwange olw'okufuna amaanyi, okuwaanibwa, ekifo, sente, oba

Copyright © by Jonathan Menn 2007-2014. All rights reserved.

ekigendererwa ekirala kyonna ekitasaana?

2) Ekiluubirirwa ky'ekiragiro kya Pawulo kyasukkuluma ku kufuna bufunyi "amagezi ag'omutwe" oba diploma (kwe kugamba, "empapula ez'obuyigirize").

A) Pawulo anyonnyola atya ekiluubirirwa ekisinga okuba eky'omugaso eky'ekiragiro kye [oluny. 5]?
B) Lwaki ekyo kigwanidde okuba nga ky'ekisinga okuba eky'omugaso?
C) Lwaki tutera okwagala okukkaatiriza "empapula z'obuyigirize" bwaffe?
D) Kiki kye tuyinza okukola okukulaakulanya emitindo gy'abakulembeze baffe "egy'omunda"?

3) Mu lunyiriri 5 Pawulo ateekawo enkolagana wakati w'ekyo kye tukola ebweru (okwolesa okwagala), n'ekyo kye tuli munda (abalongoofu mu mutima, abalungi mu mwoyo, n'ab'amazima mu kukkiriza).

A) Lwaki okwagala okutuufu kuyinza okuva mu muntu alina omutima omulongoofu, omwoyo omulungi, n'okukkiriza okw'amazima yekka?
B) Kiki ekiziyiza emitima gy'abantu abali mu kanisa okubeera emirongoofu?
C) Kino Pawulo yakikolako atya?
D) Kiki ekiziyiza emyoyo gy'abantu abali mu kanisa okubeera emirungi?
E) Kino Pawulo yakikolako atya?
F) Kiki ekiziyiza okukkiriza kw'abantu abali mu kanisa okubeera okw'amazima?
G) Kino Pawulo yakikolako atya?
H) Kiki kye tuyinza okukola okusobola okukwatagana n'ensonga ezo nga Pawulo kye yaalikoze?
I) Abakristaayo bangi bagamba nti balina okukkiriza naye ate nga tebalina kwagala oba ekikolwa kyonna ekiraga okukkiriza kwabwe. Kiki embeera ng'eyo ky'eyinza okukola mu kanisa?

4) Soma **Mak 12:28-34** ekwata ku ekyo Yesu kye yagamba nti ky'ekiragiro ekisinga okuba ekikulu.

A) Mu kitangaala ky'ekyo Yesu ky'agamba, n'ekyo Pawulo ky'agamba, lwaki olowooza ekyo si ky'ekiluubirirwa ky'abantu?
B) Bwe wabeerawo enjawulo wakati w'ekiluubirirwa ekisooka eky'obulamu bwo n'ekyo Pawulo ky'agamba nti ky'ekiluubirirwa ky'ekiragiro kye, olowooza weetaaga okukyusa ekiluubirirwa kyo?
C) Kino onookikola otya—Ddaala ki mu bulamu bwo ly'oyinza okutwala (oba ly'onootwala) mu wiiki eno okulaga okwagala?
D) Oyinza otya okuyamba abantu abali mu kanisa okumanya embeera y'obulamu bwabwe okubasobozesa okukwanaganya ebiluubirirwa byabwe n'ekyo Yesu ne Pawulo kye bagamba?

<u>1:6-7—Okukyama okuva ku Kiluubirirwa</u>

1) Pawulo agamba nti abasajja abamu babiwunjukamu ne bakyama okuva ku ebyo (okuva ku kiragiro kya Pawulo n'ekiluubirirwa ky'ekiragiro kye). Okwogera kwabwe kwali kufuuse "ekitaliimu kibala." Tebategeera na bye boogera.

A) Amakubo ag'enjawulo omuntu g'ayinza okuyitamu okusobola okuyiga enjigiriza entuufu ey'Ekristaayo awamu n'okubeera mu bulamu Obukristaayo ge gali wa?
B) Kabonero ki akasinga okulaga obulungi nti omuntu ategeera bulungi kiki Obukristaayo kye bukwatako—nti ayize bulungi enjigiriza ya Pawulo?

2) Lwaki Abakristaayo abamu olwaleero balowooza nti bw'okuuma Amateeka ga Musa obeera mu nkolagana entuufu ne Mukama?

A) Tuyinza tutya okukola ku kirowoozo ekyo mu ngeri entuufu, ne tutalowoozesa bantu nti ba ddembe okubeera mu bulamu obw'ekibi?

<u>1 Timoseewo 1:8-20</u>

[8] Naye tumanyi nga amateeka malungi, omuntu bw'agasoma ng'amateeka bwe gali, [9] ng'amanyi ekyo nti amateeka tegaateekerwawo muntu mutuukirivu, wabula abatali batuukirivu n'abajeemu, abatatya Katonda n'abalina ebibi, abatali batukuvu n'abavvoola Katonda, abatta bakitaabwe ne bannyaabwe, abassi b'abantu [10] abenzi, abalya ebisiyaga, abanyazi b'abantu, abalimba, abalayira obwereere, n'ebirala byonna ebiwakana n'okuyigiriza okw'obulamu, [11] ng'enjiri bw'eri ey'ekitiibwa kya Katonda eyeebazibwa gye nateresebwa nze. [12] Mmwebaza oyo eyampa amaanyi, ye KristoYesu Mukama waffe, kubanga yandowoozanga ndi mwesigwa, bwe yanteeka mu buweereza, [13] olubereberye bwe nali omuvumi era omuyigganya era ow'ekyejo naye nasaasirwa kubanga nakolanga nga simanyi mu butakkiriza. [14] Ekisa kya Mukama waffe ne kyeyongera nnyo wamu n'okukkiriza n'okwagala okuli mu Kristo Yesu. [15] Ekigambo kyesigwa, era ekisaanira

Copyright © by Jonathan Menn 2007-2014. All rights reserved.

okukkirizibwa kwonna nti Kristo Yesu yajja mu nsi okulokola abalina ebibi; mu bo nze w'olubereberye.
[16] Naye kyenava nsaasirwa Yesu Kristo alyoke alabisize mu nze ow'olubereberye okugumiikiriza kwe kwonna, okubeeranga eky'okulabirako eri abo abagenda okumukkiriza olw'obulamu obutaggwaawo. [17] Era Kabaka ow'emirembe n'emirembe, ataggwaawo atalabika, Katonda omu, aweebwenga ettendo n'ekitiibwa emirembe n'emirembe. Amiina. [18] Ekiragiro nkuteresa, mwana wange Timoseewo, ng'ebigambo by'abannabbi bwe byali bye baakwogerako edda, olyoke olwanirenga mu byo olutalo olulungi, [19] ng'onyweza okukkiriza n'omwoyo omulungi, abalala gwe baasindika eri ne bamenyekerwa okukkiriza kwabwe. [20] Mu abo ye Kumenayo ne Alegezanda, be nnawa eri Setaani, balyoke bayigirizibwe obutavumanga.

1:8-11—Enkozesa Entuufu ey'Etteeka

1) Etteeka kye kiki?

A) Amateeka ga Katonda kye kiki?

B) Ani Pawulo gw'agamba amateeka gwe gaakolerwa?

C) Lwaki kyetaagisa okubeera n'amateeka?

2) Bwe tusingibwa omusango gw'okumenya etteeka, kiki ekibaawo?

A) Tuleetera bataata baffe n'ennyumba zaffe ekitiibwa oba omuswalo bwe tumenya etteeka?

B) Ate Etteeka lya Katonda—Tuleetera Kitaffe ow'omu ggulu n'ennyumba ya Katonda ekitiibwa Oba okuswala bwe tumenya etteeka lye?

C) Baibuli etugamba ki ku ebyo ebiva mu kumenya etteeka lya Katonda?

D) Eriyo omuntu gw'omanyi eyali akuumye amateeka ga Katonda mu ngeri etuukiridde—obudde bwonna, mu buli ngeri yonna, olw'ensonga entuufu?

E) Ggwe ekyo wali okikoze?

F) Lwaki abantu tebakuuma amateeka—mu bujjuvu ne mu bulamba bwago, obudde bwonna era gonna, n'olw'ensonga entuufu?

3) Kubanga abantu tebakuuma amateeka ga Katonda mu ngeri etuukiridde, bakola buli kika ky'obulombolombo, emikolo, n'ebintu ebirala okugezaako "okwenaaza" oba okwetukuza—okwejjako ebibi n'okwetereeza mu maaso ga Katonda.

A) Bulombolombo, mikolo, n'ebintu ebirala bya kika ki abantu bye batera okukola?

B) Lwaki obulombolombo n'emikolo egy'ekika ekyo tebibanaaza okubafuula abatukuvu?

C) Eryo kkubo ttuufu ery'okufuuka omutukuvu oba eyo "nfumo" bufumo?

D) Singa tugezaako okugoberera amakubo amalala okuggyako Katonda ge yatulaga, lwaki Tekimuweesa kitiibwa?

E) Tuyinza tutya okuyamba abantu okujjawo emize gyabwe egy'okukola obulombolombo n'emikolo egitabayamba (era egitaweesa Katonda kitiibwa)?

1:12-20—Eky'okulabirako kya Pawulo

1) Mu **1:12-17** Pawulo atugamba nti yafuna ekkubo ery'okutereeza ebibye ne Katonda.

A) Pawulo yasobola okukuuma Amateeka? Oba nedda, yali muntu wa kika ki?

B) Pawulo yasobola atya okukkirizibwa Katonda newakubadde teyakuuma Amateeka ga Katonda?

C) Tukkirizibwa tutya Katonda?

D) Ekyo kiraga nti ekyo kye kimu ku bigendererwa eby'Amateeka?

2) "Ekisa" kya Katonda kye ki?

A) Kiriwa eky'amaanyi okusinga, ebibi byo oba ekisa kya Kristo?

B) Ofuna otya ekisa ekyo?

C) "Okumukkiriza" (oluny.16) kitegeeza ki era kikola ki mu bulamu bwaffe? "Kifaanana kitya?" Kintu kya lunaku lumu oba kitwala ebbanga lyonna ery'obulamu bwo?

3) 1 Timoseewo tekoma ku kubuulirira Timoseewo kwokka. Naffe etubuulirira.

A) Kino tukimanya tutya?

Copyright © by Jonathan Menn 2007-2014. All rights reserved.

1 Timoseewo 2:1-7

[1] Kale okusooka byonna, mbabuulirira okwegayiriranga n'okusabanga, n'okutakabananga n'okwebazanga, bikolebwenga ku lw'abantu bonna [2] ku lw'abakabaka n'abakulu bonna; tulyoke tubeerenga n'obulamu obutereevu obw'emirembe mu kutya Katonda kwonna ne mu kwegendereza. [3] Ekyo kye kirungi, ekikkirizibwa mu maaso g'Omulokozi waffe Katonda, [4] ayagala abantu bonna okulokoka, era okutuuka mu kutegeerera ddala amazima. [5] Kubanga waliwo Katonda omu, era omutabaganya wa Katonda n'abantu omu, omuntu Kristo Yesu, [6] eyeewaayo abe omutango olwa bonna; okutegeeza kulibaawo mu ntuuko zakwo. [7] Nze kwe nateekerwa omubuulizi era omutume (njogera mazima, sirimba), omuyigiriza w'amawanga olw'okukkiriza n'amazima.

2:1-7—Sabiranga bonna, naddaala abakulembeze baffe

1) Abantu batera okwemulugunya olw'ebintu ebikyamu bye balabye mu gavumenti, mu bakulembeze, ne mu bantu abalala.

A) Pawulo kiki ky'agamba kye tulina okukola?

B) Ensonga ey'okusabira abalala nkulu kwenkana wa okusinziira ku Pawulo? Tukimanya tutya?

C) Olowooza lwaki okusaba nsonga nkulu eri Pawulo?

D) Tuyinza tutya okufuula okusaba nsonga nkulu mu kanisa?

2) Olunyiriri 1 lutuwa olukalala lw'ebika eby'enjawulo eby'okusaba, omuli: okutakabananga n'okwegayiriranga ku lw'abantu bonna; n'okwebazanga ku lw'abalala.

A) Lwaki kya mugaso okusabanga essaala ez'ebika eby'enjawulo ku lw'abantu abalala?

3) Mu lunyiriri 2 Pawulo agamba nti ebika ebyo byonna eby'okusaba bikolebwenga "ku lw'abakabaka n'abakulu bonna."

A) Nsonga ki Pawulo gy'awa mu lunyiriri 2 ey'okusabiranga abo abali mu buyinza?

B) Lwaki kya mugaso okubeera "n'obulamu obutereevu obw'emirembe mu kutya Katonda kwonna Ne mu kwegendereza?" Ekyo ku bwakyo kyemalirira oba kya mugaso olw'okuyamba awantu?

C) Mu lunyiriri 4 Pawulo atuwa ensonga endala lwaki tulina okusabiranga ab'obuyinza. Nsonga ki?

D) Lwaki okusabiranga ab'obuyinza kya mugaso?

E) Okubeera "n'obulamu obutereevu obw'emirembe mu kutya Katonda kwonna ne mu kwegendereza" kukolagana kutya n'okusaasaanya kwaffe okw'enjiri, abo be tukolagana nabo balyoke "balokoke, n'okutuuka ku kutegeerera ddala amazima?"

F) Tuyinza tutya "okubeera n'okwebaza" ku lwa "bakabaka n'abo bonna abali mu buyinza" bwe tuba nga *tetukkiriziganya* n'amateeka gaabwe? Lwaki tulina okubeera n'okwebaza ku lw'abakulembeze ng'abo?

1 Timoseewo 2:8-15

[8] Kyenva njagala abasajja basabenga mu buli kifo, nga bayimusa emikono emitukuvu, awatali busunga na mpaka. [9] Bwe batyo n'abakazi beeyonjenga mu byambalo ebisaana, n'okukwatibwa ensonyi n'okwegendereza; si mu kulanga enviiri, ne zaabu oba luulu oba engoye ez'omuwendo omungi, [10] naye (nga bwe kisaanira abakazi abeeyita abatya Katonda) n'ebikolwa ebirungi. [11] Omukazi ayigenga mu bukkakkamu mu kugonda kwonna. [12] Naye omukazi mmugaanyi okuyigirizanga, newakubadde okufuganga omusajja, naye okubeeranga mu bukakkamu. [13] Kubanga Adamu ye yasooka okutondebwa, oluvannyuma Kaawa. [14] Era Adamu si ye yalimbibwa, naye omukazi oli ye yalimbibwa n'aba mu kwonoona. [15] Naye anaalokokanga mu kuzaala, bwe banaanyiikiriranga mu kukkiriza n'okwagala n'obutukuvu awamu n'okwegendereza.

Walter Liefeld mu *The NIV Application Commentary, 1 and 2 Timothy/Titus* (Grand Rapids, MI: Zondervan, 1999), 95-96, agamba bw'ati ku nnyiriri zino: "Ekiluubirirwa ekikulu eky'okubuulirira okuli mu Timoseewo 2:8-10 si kulagira *ekikolwa* eky'okusaba (ekiragiro ky'ennyini eky'okusaba kyali kimaze okuweebwa mu nnyiriri 1-2) naye *empisa* z'abasajja n'abakazi mu kusaba n'okusinza. . . Pawulo akute ku nsonga ey'okulaga empisa ennungi mu bikolwa eby'abasajja n'abakazi eby'eddiini. Akkaatiriza nti endabika yaabwe ey'ebweru terina kukontana n'empisa yaabwe ey'omunda. Mu nyiriri 9-10 eky'okulabirako kiri nti obulamu bw'abakazi obw'okutya Katonda bulina kulabikira mu bikolwa ebirungi. Mu Buyonaani obw'edda, kumpi ne mu biseera bya Pawulo, ebyambalo eby'ebbeeyi, emisono gy'enviiri, n'ebikomo byalowoozebwanga obutakwatagana na butuukirivu n'okutya Katonda. N'olw'ekyo, abakazi Abakristaayo baalina okwambalanga 'bulungi.'

Ennyinyonnyola ey'ebyambalo, omusono gw'enviiri, n'ebikomo, eraga ensonga bbiri lwaki byali

Copyright © by Jonathan Menn 2007-2014. All rights reserved.

tebisaana. (1) Ensonga esooka eri nti ebintu ebyo byatwalanga sente nnyingi. Wano kyeraga lwatu mu nkozesa y'ebigambo "ez'omuwendo omungi." (2) Ensonga endala ekwatagana n'empisa enkadde ey'obwenzi."

2:8—Okusaba kw'abasajja kugwanidde okuva mu bulamu obutukuvu

1) Mu lunyiriri 8 Pawulo yeekaliriza *abasajja*. Agamba nti abasajja balina okusabanga "awatali busungu na mpaka."

A) Lwaki okusaba "awatali busungu na mpaka" kwa mugaso mu kusaba kwaffe?

B) Kubanga wano Pawulo ayogera naddala ku basajja, oluny. olwo lutulaga ki ng'ebibi abasajja bye batera okwanguwa okukola?

C) Lwaki olowooza abasajja batera okwanguwa "okusunguwala" ne "okukuba empaka"?

D) Kiki kye tuyinza okukola okuyamba abasajja ab'ekkanisa yaffe okuwangula ebibi ebyo era, mu kifo ky'ebyo, babeere ne "obulamu obutereevu obw'emirembe mu kutya Katonda kwonna ne mu kwegendereza"?"

2) Ekigendererwa ekikulu Pawulo kyatulaga mu nyiriri ezo kiri nti abantu "balokoke batuuke ku kutegeerera ddala amazima." Ayogedde ku *mpisa* yaffe emirundi ebiri ng'ayogera ku kusaba kwaffe (oluny. 2 ne 8).

A) Enneeyisa yaffe ekolagana etya n'eky'abantu abalala okutuuka ku kutegeerera ddala Kristo era lwaki?

B) Ng'ekkanisa, kiki kye tuyinza okukola okufuula enyiriri ezo kitundu ku bulamu bw'ekkanisa yaffe?

2:9-15— Okusaba kw'abakazi kugwanidde okuva mu bulamu obutukuvu

1) Ebigambo "bwe batyo" mu lunyiriri 9 byongera okutwala ekirowoozo kya Pawulo ekikulu mu maaso —kwe kugamba, nti okusaba ku lw'abantu abalala (naddala ku lw'abakulembeze baffe) kulina okuva mu bulamu obutukuvu. Kati wano ekirowoozo ekyo akitadde naddala ku bakazi.

A) Abasajja bwe baba bangu okugwa mu kibi eky'obusungu n'okukuba empaka, bibi ki ennyiriri ezo bye zigamba abakazi bye batera okwanguwa okugwamu?

B) Kiki kye tuyinza okukola okuyamba abakazi ab'ekkanisa yaffe okuwangula ebibi ebyo ne, mu kifo ky'okubikola, babeere mu "bulamu obutereevu obw'emirembe mu kutya Katonda kwonna ne mu kwegendereza?"

C) Okwogera ku "kulanga enviiri ne zaabu oba luulu oba engoye ez'omuwendo omungi" mu lunyiriri 9 kulaga nti wano Pawulo ayinza okubanga yali ayogera naddala ku bakazi abagagga. Naye, kubanga wano ali ku mulamwa gwa kusaba, abakazi bwe baba nga baali basobola okwambala zaabu, luulu n'engoye ez'omuwendo, lwaki ayogera ku byambalo ebyo?

D) Waliwo okwerongoosa okw'ebweru mu buwangwa bwaffe okuyinza okuwa endowooza enkyamu ku kiki Obukristaayo n'okutya Katonda okw'amazima kye bikwatako?

E) "Ebikolwa ebirungi" (oluny. 10) ne "okuyiganga mu bukkakkamu" (oluny.11) bikolagana bitya n'engeri omukazi gye yeerongoosaamu? Waliwo ensonga oba ennono ey'omunda Pawulo gy'ayagala okutulaga wano?

1 Timoseewo 3:1-13

[1] Kyesigwa ekigambo ekyo nti omuntu bw'ayagalanga obulabirizi, yeegomba mulimu mulungi. [2] Kale omulabirizi kimugwanira obutabangako kya kunenyezebwa, abeerenga musajja wa mukazi omu, atatamiira, mwegendereza, mukwata mpola, ayaniriza abagenyi, ayigiriza, [3] atayombera ku mwenge, atakuba; naye omuwombeefu, atalwana, ateegomba bintu. [4] afuga obulungi ennyumba ye ye, agonza abaana be mu kitiibwa kyonna; [5] (naye omuntu bw'atamanya kufuga nnyumba ye ye, ayinza atya okujjanjaba ekkanisa ya Katonda?), [6] si oyo eyaakakyuka, alemenga okwekulumbaza n'amalala agwa mu musango. [7] Era nate kimugwanira okubeeranga n'okutegeezebwa okulungi eri abo ab'ebweru, alemenga okugwa ku kuvumirwa ne mu kyambika kya Setaani.

[8] Bwe batyo n'abaweereza kibagwanira okubeeranga abalina ekitiibwa, si bannimibbirye, abatanywanga mwenge mungi, si beegombi ba bintu, [9] nga bakuuma ekyama eky'okukkiriza mu mwoyo omulungi. [10] Era nate abo basookenga okukemebwa, balyoke baweereze, nga tebaliiko kya kunenyezebwa. [11] Bwe batyo n'abakazi kibagwanira okubeeranga abalimu ekitiibwa, abatawaayiriza, abatatamiira, abeesigwa mu byonna. [12] Abaweereza babeerenga basajja ba mukazi omu, nga bafuga abaana baabwe obulungi n'ennyumba zaabwe bo. [13] Kubanga abaamala okuweereza obulungi beefunira obukulu obulungi n'obugumu bungi mu kukkiriza okuli mu Kristo Yesu.

Copyright © by Jonathan Menn 2007-2014. All rights reserved.

Walter Liefeld mu *The NIV Application Commentary, 1 and 2 Timothy/Titus* (Grand Rapids, MI: Zondervan, 1999), 116, agamba bw'ati ku nyiriri ezo: "Kyetaaga okumanyibwa nti wano mu 1 Timoseewo 3:1 Pawulo anyonnyola eky'okubeera omulabirizi ng'asinziira ku mulimu ("omulimu omulungi"), so si ekifo ky'obukulu oba ofiisi. Tawagira bantu kunoonya bifo bya bukulu wabula buvunaanyizibwa."

3:1-13—Ebisaanyizo by'Abakulembeze mu Kanisa

1) Weetegereze olukalala lw'ebisaanyizo by'abalabirizi (kwe kugamba, abakadde, abalabirizi) mu nyiriri 1-7:

A) Bisaanyizo ki mu ebyo abasajja bye batera okusinga okusangamu obuzibu? Lwaki bwe kiri?

B) Kiki kye tuyinza okukola ng'ekkanisa okuyamba abasajja baffe okufuuka abasaanidde okusinziira ku buli kisaanyizo Pawulo ky'alaze mu lukalala?

2) Weetegereze olukalala lw'ebisaanyizo by'abakadde mu nyiriri 8-12:

A) Bisaanyizo ki mu ebyo abasajja bye batera okusinga okusangamu obuzibu? Lwaki bwe kiri?

B) Kiki kye tuyinza okukola ng'ekkanisa okuyamba abasajja baffe okufuuka abasaanidde okusinziira ku buli kisaanyizo Pawulo ky'alaze mu lukalala?

3) Ebisaanyizo eby'abakadde (eny.1-7) n'abaweereza (eny. 8-12) birabika okuba *byakulabirako;* si *bye byokka* abakulembeze bye balina okubeera nabyo. Ekyo tukiraba bulabi kubanga Tito 1:5-11 erimu olukalala olufaanana n'olwo (newakubadde si telufaananira ddala ng'olwo) olw'abakadde. Geraageranya enkalala z'ebisaanyizo bya 1 Timoseewo n'ebya Tito, nga bw'olowooza ku bino wammanga:

A) Okusinziira ku nkalala ebbiri ez'ebisaanyizo:

1) *Magezi n'obusobozi* ki omukulembeze w'ekkanisa bye yeetaaga okubeera nabyo?

2) Lwaki *amagezi* ago n'*obusobozi* bya mugaso?

3) Tuyinza tutya ng'ekkanisa okumanya oba omuntu asuubira okubeera mu bukulembeze alina *amagezi* ago n'*obusobozi*?

B) Okusinziira ku nkalala ebbiri ez'ebisaanyizo:

1) *Mpisa* ki n'*embala ez'obuntu* omukulembeze w'ekkanisa ze yeetaaga okubeera nazo?

2) Lwaki *empisa* n'*embala* ezo *ez'obuntu* za mugaso?

3) Tuyinza tutya ng'ekkanisa okumanya oba omuntu asuubira okubeera mu bukulembeze alina *empisa* n'*embala* ezo *ez'obuntu*?

C) Okusinziira ku nkalala ebbiri ez'ebisaanyizo:

1) *Kutegeezebwa* ki *okulungi* n'*enkolagana n'abatali Bakristaayo* omukulembeze w'ekkanisa bye yeetaaga okubeera nabyo?

2) Lwaki *okutegeezebwa* okwo n'*enkolagana n'abatali Bakristaayo* bya mugaso?

3) Tuyinza tutya ng'ekkanisa okumanya oba omuntu asuubira okubeera mu bukulembeze alina *okutegeezebwa* n'*enkolagana n'abatali Bakristaayo*?

4) Obuwangwa obw'ebika eby'enjawulo n'abantu ab'enjawulo batera okuwagira ennono n'empisa ez'enjawulo. Abantu abamu batera okukkaatiriza ebintu nga okubeera obw'omu n'obuwanguzi obw'obuntu, mu kukola ekyo bafiirwa enkolagana ebeera wakati w'ab'enju emu. Abalala batera okukkaatiriza okusooka okukkiriziganyanga n'abalala, ate bbo ne bafiirwa ensalawo ey'omuntu sekinn'omu n'obuwanguzi. Twetaaga okumanya ebintu obuwangwa bwaffe n'abantu baffe bye baagala, kubanga obuwangwa bwaffe buyinza obutatwala ng'eby'omuwendo oba obutawagira ebintu byonna Pawulo by'alaba ng'embala ez'omugaso eri abakulembeze b'ekkanisa.

A) Mpisa ki ez'obukulembeze Pawulo zaayogerako mu **1 Tim 3:1-13** abantu baffe ze batera okuwagira obulungi?

B) Mpisa ki ez'obukulembeze Pawulo zaayogerako mu **1 Tim 3:1-13** abantu baffe ze *batatera* kuwagira bulungi?

C) Ku lw'empisa ezo abantu baffe ze *batatera* kuwagira bulungi, kiki kye tuyinza okukola ng'ekkanisa okuyamba abantu baffe abasuubirwa okufuuka abakulembeze okubeera n'empisa zonna Pawulo z'agamba omukulembeze w'ekkanisa z'alina okubeera nazo?

5) Weetegereze nti ekigambo kyokka kyosanga mu nkalala z'abakadde (oluny. 4), abaweereza (oluny. 8), n'abakazi (11) kye kigambo "ekitiibwa" "okubeera n'ekitiibwa." Mu Luyonaani ekigambo kye kimu ekikozesebwa ne mu **1 Tim 2:2**. Kitegeeza "engeri y'empisa eraga nti omuntu ali waggulu w'ekyo abantu bonna kye balina n'olw'ekyo *agwanidde okuweebwa ekitiibwa eky'enjawulo*." Ebintu nga "obutabaako kya kunenyezebwa," "obwesigwa," "ekitiibwa," ne "obutukuvu" bifuula omuntu "ow'ekitiibwa oba okubeera

Copyright © by Jonathan Menn 2007-2014. All rights reserved.

asaanidde okuweebwa ekitiibwa." Ekisaanyizo ekyo awatali kubuusabuusa kya mugaso munene eri Pawulo.

A) Ekisaanyizo ky'okubeera n'ekitiibwa kya mugaso gwenkana wa mu buweereza bw'ekkanisa yaffe obw'okuyigiriza, okutendeka, n'okubuulira?

B) Kiki kye tuyinza okukola okuyamba okukakasa nti abantu baffe—naddala abakulembeze n'abasuubirwa okufuuka abakulembeze—bategeera omugaso gw'okubeera n'obulamu "obugwanidde ekitiibwa eky'enjawulo"?

6) Mu lunyiriri 2, gye kigambibwa nti omukadde oba omulabirizi alina kubeera "omusajja alina omukazi omu," mu Luyonaani kigambibwa butereevu nti alina kubeera "omusajja ow'omukazi omu." Enjogera y'emu ekozesebwa mu lunyiriri 12 mu kwogera ku baweereza (ate ku ludda olulala, "omukazi ow'omusajja omu" kikozesebwa mu **1 Tim 5:9**). Baibuli tegaana abantu abali mu bufumbo obwenyigiddwamu abantu abasukka ku babiri okubeera abantu b'ekkanisa, newakubadde ennono ya Baibuli ey'obufumbo eri musajja omu mukazi omu. Wano we kigambibwa nti ennono y'obufumbo ey'omusajja omu omukazi omu yeetaagibwa ku lw'abakulembeze b'ekkanisa, bwe baba nga bafumbo (obufumbo bwo si kyetaago kya kubeera mukulembeze w'ekkanisa). Ekintu ekikulu ekinoonyezebwa mu kyetaago kino bwe bwesigwa omuntu bw'alaga mukazi we.

A) Lwaki obwesigwa mu bufumbo kyetaago kya mugaso nnyo Pawulo n'aba nti akiddamu mu kwogera ku bakadde n'abaweereza?

B) Newakubadde obufumbo obw'abantu abasukka ku babiri bwakozesebwanga mu Isiraeri ey'edda, mu kiseera Pawulo we yawandiikira ebbaluwa eno bwali tebukyaliwo nnyo. Obufumbo obulimu abantu abasukka ku babiri nsonga nkulu mu buwangwa bwaffe era esaana kukolebwako, naddala ng'ekwata ku bukulembeze bw'ekkanisa?

C) Mu lunyiri 2 ne 12 omuntu eyali mu bufumbo obwalimu abantu abasukka ku babiri teyakkirizibwanga kubeera mukadde oba omuweereza; lwaki bwe kirina okuba—era ekyo tukinyonnyola tutya omuntu eyaalifuuse omukadde oba omuweereza omulungi, naye ali mu bufumbo obulimu abantu abasukka ku babiri?

7) Weetegereze nti ebisaanyizo ebisatu ebisembayo eby'abakadde (okufuga obulungi ennyumba; obutabeera eyaakakyuka; n'okubeera n'okutegeezebwa okulungi eri abo abali ebweru w'ekkanisa [ennyiriri 4-7]) bya mugaso eri Pawulo, kubanga by'ebisaanyizo byokka ebirimu *okunyonnyola* lwaki bya mugaso.

A) Nsonga ki eziyinza okuba nga ze zaaleetera Pawulo okuteeka mu nkalala ezo ebisaanyizo ebirala ku lw'abakadde n'abaweereza mu nyiriri 2-12?

B) Ekkanisa yaffe bw'efuula omuntu omukadde oba omuweereza, bisaanyizo ki bye twagala omuntu oyo abeere nabyo, era nsonga ki ze tuwa olwebisaanyizo ebyo?

C) Kiki kye tulina okukola ng'ekkanisa okuzzaawo omulimu ogw'omugaso oguli mu Baibuli ogulina okukolebwa abaweereza baffe?

8) Ekyetaago kimu eky'okubeera omukadde ekitali kitundu ku byetaago eby'okubeera omuweereza bwe *busobozi okuyigiriza* (oluny. 2). Ekyo bwe kiri kubanga omulimu gw'abaweereza gukwata ku bulamu bw'abantu obwa bulijjo: buweereza bwa kuyamba, kuweereza, bwa kusisinkana ebyetaago by'abantu (laba **Bik 6:1-6**). Omulimu gw'omuweereza mulimu gwa mugaso era gwa mwoyo. Walter Liefeld mu *The NIV Application Commentary, 1 and 2 Timothy/Titus* (Grand Rapids, MI: Zondervan, 1999), 138-39, ayogera bw'ati ku baweereza: "Okutuukiriza ebiluubirirwa eby'abaweereza abaasooka, ebintu bisatu byetaagibwa: (1) Amakanisa gateekwa okutandika okunoonya abasajja n'abakazi abalina obwesigwa obw'empisa n'omwoyo obunyonnyoddwa mu 1 Timoseewo 3. (2) Abantu ng'abo beetaaga okubeera n'okwolesebwa, omutima, n'okuyaayaana okuweereza, babeere nga basoose kwolesa ebintu ebyo nga tebannaba kulondebwa mu bifo by'okukola ebikolwa eby'ekisa eri abantu. Beetaaga *okubeera* abaweereza nga tebannaba *kuyitibwa* abaweereza. (3) Ekkanisa esaana efuule kino buweereza obugenderere ku lw'omubiri gwonna. Bulina okulabikira abantu bonna mu kitundu okutwaliza awamu, abantu baleme *kulaba* bulabi obuweereza obw'okwagala kw'ekkanisa kyokka, naye basobole n'*okubuganyulwamu*."

A) Tuyinza tutya ng'ekkanisa okusisinkana obulungi okuyitibwa kuno ku lw'abaweereza baffe?

B) Abaweereza baffe bategeera batya era basiima batya omulimu ogw'omugaso gwe bakola?

C) Twetaaga kukola ki ng'ekkanisa okusobola okuzzaawo omulimu ogw'omugaso oguli mu Baibuli ogwalibadde gukolebwa abaweereza baffe?

Copyright © by Jonathan Menn 2007-2014. All rights reserved.

1 Timoseewo 3:14-16

[14]Nkuwandiikidde ebyo nga nsuubira okujja gy'oli mangu; [15]naye bwendwanga olyoke obe ng'omanyi bwe kigwana okukolanga mu nnyumba ya Katonda, ye kanisa ya Katonda omulamu, empagi n'omusingi eby'amazima. [16]Era awatali kubuusabuusa ekyama eky'okutya Katonda kye kikulu:

Oyo eyalabisibwa mu mubiri, n'aweebwa obutuukirivu mu mwoyo, n'alabibwa bamalaika, n'abuulirwa mu mawanga, n'akkirizibwa mu nsi, n'atwalibwa mu kitiibwa.

Mu lunyiriri 15 Pawulo atuwa enyinyonnyola ssatu ez'ebifo Timoseewo byaweerezaamu: 1) Ennyumba ya Katonda; 2) Ekkanisa ya Katonda omulamu; ne 3) Empagi n'omusingi eby'amazima. Ekigambo ky'Oluyonaani ekitegeeza ennyumba kiyinza okutegeeza ekifo eky'okubeeramu ("ennyumba") ne buli kintu ekikirimu ("ekiri mu nnyumba"). Ekyo kiraga ebintu ebitakka wansi w'ebibiri: 1) Ekifo kya Katonda eky'olubeerera ("ennyumba" ye) y'ekkanisa, abantu be; ne 2) abantu ba Katonda si kibiina kya bantu abaateekateekebwa, naye balinga ennyumba ya Katonda ("ab'ennyumba" ya Katonda)—era tetuteekwa kukola nsobi: nnyumba ya *Katonda*, si yaffe.

"Ekkanisa ["ekkung'aniro" mu Luyonaani] ya Katonda omulamu" kiraga nti ekkanisa, bw'ekung'aana wamu, eyolesa okubeerawo kwa Katonda okulamu mu ngeri ey'enjawulo. Jjukira nti Yesu yagiyita "ekkanisa yange": ye muzimbi w'ekkanisa (**Mat 16:18**); ye gwe mutwe gw'ekkanisa (**Bef 1:18-23**); era yagamba nti "we baba ababiri oba basatu nga bakung'anye mu linnya lyange, nange ndi awo wakati waabwe" (**Mat 18:20**).

"Empagi n'omusingi eby'amazima" kiraga ebintu ebitakka wansi w'ebibiri: 1) Waliwo "amazima." Yesu ge mazima (**Yok 14:6**); Ekigambo kya Katonda ge mazima (**Yok 17:17; 2 Tim 2:15**). 2) Ekkanisa ya mugaso nnyo mu kuyimirizaawo amazima ago n'okugamanyisa.

1) Ku kikwata ku "nnyumba ya Katonda":

A) Abantu abali ebweru w'ekkanisa yaffe batulaba ng'ab'ennyumba emu?

1) Oba nedda, lwaki?

2) Oba bwe kiri, batulaba ng'ab'ennyumba abalungi, abakwatagana, oba ng'amaka agalimu abantu abatakwatagana?

B) Tweraba ng'ab'ennyumba emu, era tukolera wamu ng'ab'ennyumba emu abaagalana?

C) Kiki kye tuyinza okukola ng'ekkanisa okukakasa nti abantu abali mu kanisa yaffe bonna bayisibwa ng'abaagalana ab'omu nnyumba yaffe?

2) Ku kikwata ku "kanisa ya Katonda omulamu":

A) Ekigambo "ekkanisa" kikola makulu malungi oba mabi mu kitundu kyaffe? Lwaki bwe kiri?

B) Kubanga ekkanisa kintu kya njawulo eri Kristo, waliwo ebintu bye tuyinza okukola okugifuula ekintu eky'enjawulo gye tuli?

3) Ku kikwata ku kanisa nga "empagi n'omusingi eby'amazima":

A) Abatali Bakristaayo abali mu kitundu kyaffe bakkiriza nti waliwo "amazima?" Oba bwe kiri, balowooza nti amazima ago ge galuwa?

B) Tuteekateeka abantu baffe okusobola "okuyimirizaawo amazima" ga Kristo n'Ekigambo kye bwe bakolagana n'abatali Bakristaayo? Oba nedda, kiki kye tulina okukola okuteekateeka obulungi abantu baffe?

C) Ekkanisa esobola era ekola emirimu mingi, n'ekola n'ebintu bingi, mu bulamu bw'abantu.

1) Mirimu na buvunaanyizibwa ki ebikulu ekkanisa yaffe by'ekola mu bulamu bw'abantu?

2) Tuyinza tutya okukakasa nti ogumu ku mirimu emikulu egy'ekkanisa yaffe gw'e gw'okubeera "empagi n'omusingi eby'amazima?"

4) Bwe tutunuulira ebintu byonna ebimenyeddwa Pawulo ebikwata ku kiki ekkanisa ky'eri:

A) Tukola ebintu ebimu bye tutasaanidde kukola, mu kugezaako okufaananyizibwa enyinyonnyola ya Pawulo ey'ekkanisa?

B) Tetukola ebintu ebimu bye twalibadde tukola, mu kugezaako okufaananyizibwa enyinyonnyola ya Pawulo ey'ekkanisa?

5) Amazima amakulu agakwata ku Yesu Kristo—okufuuka omuntu, okukomererwa, okuzuukira, okulinnya mu ggulu, n'okuweebwa ekitiibwa—byogeddwa mu lunyiriri 16. Ku bikwata ku mazima ago:

A) Abantu baffe bategeerera ddala amazima agakwata ku Yesu, awamu n'obukulu n'omugaso gw'okufuuka kwe omuntu, okukomererwa kwe, okuzuukira kwe, okulinnya kwe mu ggulu,

Copyright © by Jonathan Menn 2007-2014. All rights reserved.

n'okuweebwa ekitiibwa? Oba nedda, kiki kye twalibadde tukola okukakasa nti bategeera ensonga ezo enkulu?

B) "Tubuulira tuya Kristo" mu batakkiriza abali mu ggwanga lyaffe?

C) Waliwo ebintu bye twalibadde tukola mu ngeri ey'enjawulo Kristo asobole okubuulirwa mu mazima—mu bigambo ne mu bikolwa?

6) Weetegereze nti mu nyiriri 2, 4, 5, 12, ne 15 waliwo okukwatagana wakati w'ennyumba oba ab'ennyumba n'ekkanisa:

A) Ennyumba ez'olwaleero zifaanana zitya n'ekkanisa ya Kristo?

B) Ennyumba ez'olwaleero *zaalibadde zifaanana* zitya ekkanisa ya Kristo?

C) Kiki kye tugwanidde okukola okuyamba ennyumba zaffe okufuuka eby'okulabirako ebirungi eby'ekkanisa ya Kristo okusingako awo?

1 Timoseewo 4:1-7a

[1] Naye Omwoyo ayogera lwatu nti mu nnaku ez'oluvannyuma walibaawo abaliva mu kukkiriza, nga bawulira emyoyo egikyamya n'okuyigiriza kwa basetaani, [2] olw'obunnanfuusi bw'abalimba, nga bookebwa emyoyo gyabwe nga n'ekyuma ekyokya, [3] nga bawera okufumbiriganwanga era nga balagira okulekanga ebiriibwa, Katonda bye yatonda biriirwenga mu kwebaza abakkiriza ne bategeerera ddala amazima. [4] Kubanga buli kitonde kya Katonda kirungi, so tewali kya kusuula bwe kitoolebwa n'okwebaza; [5] kubanga kitukuzibwa na Kigambo kya Katonda n'okusaba. [6] Bw'onojjukizanga ab'oluganda ebyo, onoobanga muweereza mulungi owa Kristo Yesu, ng'okulira mu bigambo eby'okukkiriza n'eby'okuyigiriza okulungi kwe wagoberera. [7] Naye enfumo ezitali za ddiini ez'obusirusiru z'oba olekanga.

4:1-7a—Ekizibu ky'Enjigiriza ey'Obulimba mu Kanisa

Emabegako Pawulo yalaga nti waaliwo obuzibu mu kanisa y'omu Efeso (Timoseewo gye yali omusumba), obukwata ku njigiriza ey'obulimba obwavanga eri abantu abamu (**1 Tim 1:3-4, 18-20**). Ayogedde ku bintu eby'omugaso ebikwata ku kanisa: obwetaavu bw'okusaba okuva mu bulamu obutukuvu, abantu basobole okutuuka ku kutegeerera ddala amazima ga Kristo agalokola (**2:1-15**); omugaso gw'abantu abalungi era abasaanidde okukulembera ekkanisa (**3:1-13**); ekikula ky'ekkanisa (**3:15**); ne "ekyama eky'okutya Katonda" ekikulu ekikwata ku Yesu Kristo, ekkanisa ky'ekkiriza era ky'ebuulira (**3:16**). Kati Pawulo akyukira enjigiriza ey'obulimba mu kanisa, n'engeri Timoseewo gy'alina okugilwanyisaamu.

Oluusi abantu balowooza nti *okwewala* ebintu ebirungi Katonda bye yalagira era bye yatonda (katugambe, obufumbo, ebiriibwa ebimu) kubafuula "abatukuvu okusinga" abalala. Walter Liefeld mu *The NIV Application Commentary, 1 and 2 Timothy/Titus* (Grand Rapids, MI: Zondervan, 1999), 151, kino akyogerako bw'ati: "Mu ngeri emu abayigiriza ab'obulimba abo baali bateebereza embeera ey'omwoyo ekyusiddwa oba eya waggulu, eyali teyeetaagisa obufumbo n'ebiriibwa ebimu, era nga ebintu ebyo bikyamu. Mu kugamba nti "abakkiriza ne . . . bategeerera ddala amazima" batoola emmere Katonda gye yatonda n'okwebaza, Pawulo alaga nti endowooza ng'ezo za bulimba. Tuyinza okukitwala mu ngeri y'okufaanaganya nti Pawulo yalyogedde ekintu kye kimu ku bufumbo, naye ebyawandiikibwa bigenda mu maaso n'okwogera ku mmere yokka. . . . Okugaana ekiriibwa kwe kwegaana omulimu gwa Katonda ogw'okutonda. Okugirya n'okwebaza kwe kukkiriza omulimu ogwo n'okwesigama kwaffe ku Katonda. . . . Kirabika lwatu nti abayigiriza ab'obulimba abo baali tebeebaza, ekibi ekisangibwa mu mutima gw'obujeemu bw'omuntu eri Katonda (Bar. 1:21)."

1) Waliwo okukwatagana wakati *w'enzikiriza* ez'obulimba (oluny. 1) n'*ebikolwa* ebikyamu (oluny. 3); abantu kye bakkiriza kye kisalawo ku ngeri gye babeeramu (n'abantu bye bakola bye bisinga okulaga obulungi bye bakkiriza). Enzikiriza ez'obulimba n'ebikolwa ebikyamu ebiseera bingi bikwatagana nn'obunnanfuusi n'obulimba (oluny. 2). Lowooza ku bino wammanga:

A) Kiki Pawulo ky'agamba y'*ensibuko* yennyini ey'enzikiriza ez'obulimba? Ekyo kitegeeza ki ku mugaso gw'okugolola enzikiriza enkyamu eziva mu njigiriza enkyamu?

B) Waliwo enzikiriza oba ebikolwa ebimanyiddwa mu bantu abali mu kitundu kyaffe ebikontana n'Ekigambo kya Katonda?

C) Lwaki abantu bakkiririza mu bintu ng'ebyo ne babikola?

D) Kiki kye tuyinza okukola okuyamba abantu abo obutaddayo okukkiriza n'okukola ebintu ng'ebyo?

2) Abantu bwe beewala ebintu ebimu okusobola okweyongera okufuuka "abatukuvu," newakubadde Baibuli teyeetaaga bintu ng'ebyo, batera okwesanga mu busibe eri ebintu ebyo byennyini.

Copyright © by Jonathan Menn 2007-2014. All rights reserved.

A) "Okuwera obufumbo," "okwewala ebiriibwa," oba okukola/okwewala ebintu ebimu (ekintu ekiteetaagibwa Baibuli), kikontana kitya ne "ekisa, okusaasira, n'emirembe" ebisangibwa mu Kristo Yesu?

B) Ekigambo kya Katonda bwe kitawera obufumbo, naye ate ng'abantu bagamba nti bwetaaga okuwerebwa, ekyo kigamba ki ku: 1) buyinza bwa Baibuli; 2) kisa kya Katonda; 3) kukkiriza n'emirimu?

C) Kiyinza okuba ekizibu ennyo okugezaako okuggyawo ebintu ebimu bye tukola kyokka ng'ate tebiri mu Baibuli. Tuyinza tutya ng'ekkanisa okuyamba abantu okweggyako emize gyabwe egitali gya Baibuli ne basobola okweyagalira mu kisa, okusaasira, n'emirembe ebiva mu nkolagana entuufu ne Yesu Kristo?

3) Mu lunyiriri 6 Pawulo agamba nti enjigiriza ey'obulimba n'ebikolwa ebikyamu byetaaga "okujjukizibwanga" abantu b'ekkanisa.

A) Abantu tukibakolera ekyo?

B) Oba nedda, bintu ki bye tugwanidde "okutegeeza" abantu, era tuyinza tutya okukikola mu ngeri esinga obulungi?

1 Timoseewo 4:7b-16

[7b]Weemanyiizenga okutya Katonda; [8]kubanga okwemanyiiza kw'omubiri kugasa akaseera katono; naye okutya Katonda kugasa mu byonna, kubanga kulina okusuubiza kw'obulamu obwa kaakano n'obw'obugenda okujja. [9]Ekigambo ekyo kyesigwa era ekisaanira okukkirizibwa kwonna. [10]Kubanga kye tuva tutegana ne tufuba, kubanga twasuubira Katonda omulamu, Omulokozi w'abantu bonna, okusinga w'abakkiriza. [11]Lagiranga ebyo obiyigirizenga. [12]Omuntu yenna takunyoomanga lwa buvubuka bwo; naye beeranga kyakulabirako eri abo abakkiriza mu kwogeranga, mu kutambulanga, mu kwagalanga, mu kukkirizanga, mu kubanga omulongoofu. [13]Okutuusa lwe ndijja, nyiikiranga mu kusoma, n'okubuuliriranga, n'okuyigirizanga. [14]Tolekanga kirabo ekiri mu ggwe, kye waweebwa olw'obunnabbi awamu n'okuteekebwako emikono gy'abakadde. [15]Ebyo obirowoozenga obeerenga mu ebyo; okuyitirira kwo kulabikenga eri bonna. [16]Weekuumenga wekka n'okuyigiriza kwo. Nyiikiriranga mu ebyo; kubanga bw'okola bw'otyo, olyerokola wekka era n'abo abakuwulira.

4:7b-10—Engeri Omuweereza wa Katonda gye Yeetegekamu

1) Enyiriri 7b-10 zitulaga ebintu ebiwerako Timoseewo (n'abakulembeze b'ekkanisa yaffe) bye balina okukola okwetegeka okulwanyisa enjigiriza ey'obulimba mu kanisa):

A) Bintu ki abakulembeze b'ekkanisa bye beetaaga okukola?

B) Tubikola tutya bulungi?

C) Bwe tuba twagala okutereezaamu mu bitundu ebyo Pawulo byayogerako, tuyinza tutya okukikola tulyoke tuweereze abantu mu ngeri esinga obulungi?

2) "Okwemanyiiza" (eny. 7b-8) kwe kukola ekintu buli kiseera (katugambe nga okutendekebwa okw'omubiri okwetaagibwa okumaliriza empaka ey'okudduka emisinde). Kubanga okwemanyiiza okutya Katonda kwa mugaso okusinga okwemanyiiza okw'omubiri, tuyinza tutya *okwebanja* "okwemanyiiza olw'ekigendererwa eky'okutya Katonda?"

4:11-16—Obubonero bw'Omuweereza Akoze Obulungi

1) Waliwo ebiragiro 10 mu nyiriri ezo omukaaga.

A) Bye biri wa?

B) Tuyinza tutya, ng'abakulembeze b'ekkanisa, okwebanja okukola ebintu byonna Pawulo by'agamba omuweereza w'Ekigambo kya Katonda omulungi by'agwanidde okukola?

2) Mu **3:2** kimu ku bisaanyizo eby'okubeera omukulembeze kwe kubeera n'obusobozi. Omugaso gw'okuyigiriza *munene* nnyo eri ekkanisa. Ekyo okirabira ku ngeri Pawulo gyagenda addamu okukyogerako. N'olw'ekyo, mu **4:11** omukulembeze alina "okulagira n'okuyigiriza ebintu bino" [kwe kugamba, Ekigambo kya Katonda]; mu **4:13** alina "okunyiikiriranga . . . okubuuliriranga n'okuyigirizanga"; mu **4:16** alina "okwekuumanga . . . n'enjigiriza ye"; mu **5:17** abakadde abafuga obulungi balina okulowoozebwa okuweebwa "ekitiibwa emirundi ebiri," naddala abo abakola n'amaanyi mu "kubuulira n'okuyigiriza"; mu **6:2** alina "okuyigiriza n'okubuulira"; mu **6:17** alina "okukuutiranga abagagga [okukozesanga bulungi sente zaabwe]."

Wano kirina okujjukirwa nti "okuteesa kwa Katonda kwonna" (**Bik 20:27**) kulina okuyigirizibwa.

Copyright © by Jonathan Menn 2007-2014. All rights reserved.

Ensonga eri nti, "Buli Ekyawandiikibwa kirina okulung'amya kwa Katonda, era kigasa olw'okuyigirizanga, olw'okunenyanga, olw'okutereezanga, olw'okubuulira okuli mu butuukirivu; omuntu wa Katonda alemenga okubulwa kyonna kyonna, ng'alina ddala byonna olwa buli mulimu omulungi" (**2 Tim 3:16-17**).

A) Lwaki enjigiriza entuufu ey'Ekigambo kya Katonda ya mugaso eri obulamu bw'ekkanisa?

B) Waliwo ebitundu by'Ebyawandiikibwa *ebitafiibwako* oba ebisusse *okukkaatirizibwa*?

C) Obulamu bw'abantu baffe ab'ekkanisa bulaga nti okuyigiriza kungi kwetaagibwa ku miramwa egimu okusinga ku mirala?

D) Obuwangwa bwaffe kye bukola mu bulamu bw'abantu be tubeera nabo bulaga nti okuyigiriza kungi kwetaagibwa ku miramwa egimu okusinga ku mirala?

3) Mu nyiriri ezo Pawulo alaga bulungi nti *obulamu* bw'omukulembeze w'ekkanisa *ng'omuntu* tebuyinza kwawukana n'enjigiriza ye; ebyo byombiriri biteekwa okutambulira wamu.

A) Mbala ki ez'obulamu bw'omukulembeze w'ekkanisa Pawulo z'akkaatiriza mu **1 Tim 4:11-16**?

B) Lwaki kyetaagisa obulamu bw'omukulembeze w'ekkanisa okufaanana enjigiriza ye?

C) Nkola ki, oba waliwo, ze tulina, (oba ze tulina okuteekawo) okulaba nti abakulembeze baffe bawa enyinyonnyola ku:

1) Bulamu bwabwe ng'abantu?

2) Enjigiriza zaabwe?

4) Mu nyiriri 12 Pawulo agamba, "Omuntu takunyoomanga olw'obuvubuka bwo." N'olw'ekyo olunyiriri lutegeeza nti, omuntu kasita aba nga "si y'oyo eyaakakyuka" (**3:6**), abakulembeze b'ekkanisa bayinza n'okuva mu "bavubuka," kasita baba nga batuukiriza ebisaanyizo ebirala Pawulo byalaze.

A) Waliwo ensonga ez'obuwangwa ze twetaaga okukolako okukakasa nti abakulembeze baffe ab'ekkanisa tebanyoomebwa olw'obuvubuka bwabwe?

B) Ku ludda olulala, *tugaana* abavubuka baffe abali mu kanisa okubeera abakulembeze olwa "obuvubuka" bwabwe? Oba bwe kiri, tukikolere ki?

5) Olunyiriri 13 lugamba nti tulina okunyiikiranga "okusoma Ebyawandiikibwa mu lujjudde."

A) Lwaki ekyo kya mugaso?

B) Ekyo kikolebwa bulungi mu kanisa olwaleero?

C) Waliwo obuzibu bw'obutamanya kusoma mu bantu baffe, ne kiba nti okusoma Ebyawandiikibwa mu lujjudde n'okubiyigiriza obulungi ge makubo gokka abantu ge balina ag'okuyiga Ebyawandiikibwa?

D) Obutamanya kusoma bwe buba nsonga nkulu, waliwo kye tuyinza (oba kye twetaaga) okukola ng'ekkanisa, okusobozesa abantu okwesomera Ebyawandiikibwa?

6) Mu lunyiriri 15 omukulembeze alina, "okubirowoozanga abeerenga mu ebyo; okuyitirira kwe kulabikenga eri bonna."

A) Abantu bwe batulaba bayinza okugamba nti "tulowooza okubeera mu ebyo" era "tubyenyigiramu," "okuyitirira kwaffe ne kuba nti kulabikira bonna?"

B) Oba si bwe kiri, kiki kye tulina okukikolera?

1 Timoseewo 5:1-2

[1]Tonenyanga mukadde, naye omubuuliriranga nga kitaawo; abavubuka ng'ab'oluganda, [2]abakazi abakadde nga nnyoko; abato nga bannyoko mu bulongoofu bwonna.

5:1-2—Okukolagana n'Abantu b'Ekkanisa nga Bataata bo, Baganda bo, Bamaama bo, ne Bannyoko,

Pawulo kati agenda ku mulamwa ogw'engeri y'okukolaganamu n'abantu ab'enjawulo mu kanisa.

1) Enyiriri 1-2 zitubuulira ki ku kikula ky'ekkanisa (oba kiki kye yaalibadde efaanana)?

A) Ekyo kikolagana kitya n'ekyo Pawulo kye yayogera mu **3:15** oba kikikkaatiriza kitya?

2) Abakulembeze b'ekkanisa balina okutereeza abasajja abakadde nga bwe baalitereezezza bakitaabwe.

A) Okutereeza omusajja omukadde *nga atereeza kitaawo* kitegeeza ki ku ngeri gy'olina okutereezaamu abasajja abakadde?

B) Waliwo obulombolombo obw'obuwangwa oba ebintu ebisuubirwa bye twetaaga okulowoozaako mu kukola ku basajja abakadde?

C) Waliwo ebintu bye twetaaga okukyusaamu ku ngeri gye tukwatamu abasajja b'ekkanisa abakadde?

Copyright © by Jonathan Menn 2007-2014. All rights reserved.

3) Abakulembeze b'ekkanisa balina okutereeza abasajja abato nga bwe baalitereezezza baganda baabwe.

A) Okutereeza omusajja omuto *ng'atereeza muganda wo* kitegeeza ki ku ngeri gy'olina okukwatamu abasajja abato?

B) Waliwo obulombolombo obw'obuwangwa oba ebintu ebisuubirwa bye twetaaga okulowoozaako mu kukola ku basajja abato?

C) Waliwo ebintu bye twetaaga okukyusaamu ku ngeri gye tukwatamu abasajja abato ab'ekkanisa?

4) Abakulembeze b'ekkanisa balina okutereeza abakazi abakadde ng'abatereeza bamaama baabwe.

A) Okutereeza omukazi omukadde ng'atereeza maama wo kitegeeza ki ku ngeri gy'olina okukwatamu abakazi abakadde?

B) Waliwo obulombolombo obw'obuwangwa oba ebintu ebisuubirwa bye twetaaga okulowoozaako mu kukola ku bakazi abakadde?

C) Waliwo ebintu bye twetaaga okukyusaamu ku ngeri gye tukwatamu abakazi abakadde ab'ekkanisa?

5) Abakulembeze b'ekkanisa balina okutereeza abakazi abato ng'abatereeza bannyina.

A) Okutereeza omukazi omuto ng'atereeza mwannyoko kitegeeza ki ku ngeri gy'olina okukwatamu abakazi abato ab'ekkanisa?

B) Waliwo obulombolombo obw'obuwangwa oba ebintu ebisuubirwa bye twetaaga okulowoozaako mu kukola ku bakazi abato?

C) Waliwo ebintu bye twetaaga okukyusaamu ku ngeri gye tukwatamu abakazi abato ab'ekkanisa?

6) Osanga emu ku nsibuko z'ebikemo eby'amaanyi omukulembeze w'ekkanisa by'ayinza okusanga kwe kukolagana kwe n'abakazi abato. Pawulo n'olw'ekyo agattako ebigambo bino "mu bulongoofu bwonna" ku nkomerero y'olunyiriri 2.

A) Mateeka ki oba nkola ki ze tulina (oba ze tugwanidde okuteekawo) okukeendeeza ku bikemo, n'okukuuma obulongoofu bw'omukulembeze w'ekkanisa n'obw'omukazi omukadde?

1 Timoseewo 5:3-16

[3]Obawenga ekitiibwa bannamwandu ababa bannanwandu ddala; [4]naye nnamwandu yenna bw'aba n'abaana oba bazzukulu, basookenga okuyiga okwegendereza eri ab'omu nyumba zaabwe, n'okusasula bakadde baabwe: kubanga ekyo kye kikkirizibwa mu maaso ga Katonda. [5] Naye abeera nnamwandu ddala n'alekebwa yekka, asuubira Katonda, n'anyiikiranga okusaba n'okwegayiriranga emisana n'ekiro. [6]Naye oyo awoomerwa ebinyumu nga afudde newakubadde ng'akyali mulamu. [7]Era n'ebyo obalagire, balemenga okubaako eky'okunenyezebwa. [8]Naye omuntu yenna bw'atajjanjaba babe, n'okusinga ab'omu nnyumba ye, nga yeegaanyi okukikkiriza, era nga ye mubi okusinga atakkiriza. [9]Nnamwandu yenna tawandiikibwanga nag tannatuusa myaka nkaaga, eyafumbirwa omusajja omu, [10]asiimibwa mu bikolwa ebirungi; oba yaleranga abaana, oba yayanirizanga abagenyi, oba nga yanaazanga abatukuvu ebigere, obanga yabeeranga ababonaabona, oba nga yagobereranga nnyo buli kikolwa ekirungi. [11]Naye bannamwandu abakyali abato obaganenga: kubanga bwe balikabawala eri Kristo, nga baagala okufumbirwa, [12]nga bazza omusango kubanga basuula okukkiriza kwabwe okw'olubereberye. [13]Era ate bayiga okubeeranga abagayaavu, nga batambulatambula okubuna amayumba; naye tebagayaala bugayaazi, era naye balina olugambo n'akajanja, nga boogera ebitasaana. [14]Kyenva njagala abakyali abato bafumbirwenga, bazaalenga abaana, bafugenga ennyumba, balemenga okuwa omulabe ebbanga w'ayima okuvuma; [15]kubanga waliwo kaakano abakyuka okugoberera Setaani. [16]omukazi yenna akkiriza bw'abanga ne bannamwandu, abayambenga, era ekkanisa eremenga okuzitoowererwa, eryoke eyambenga bannamwandu ddala ddala.

5:3-16—Okukolagana ne Bannamwandu

William D. Mounce, mu *Pastoral Epistles*, Word Biblical Commentary, vol. 46 (Nashville, TN: Thomas Nelson, 2000), 299, alaga omulamwa omukulu ogw'ekitundu kino eky'ebbaluwa ya Pawulo eri Timoseewo: "Okukwatibwako kwa Pawulo okusooka mu kitundu kino kuyamba Timoseewo okwawula wakati wa bannamwandu ekkanisa beegwanidde okuyamba n'abo beetegwanidde kuyamba. . . . Pawulo ayigiriza nti nnamwandu ddala, oyo eyeetaaga okulabirirwa, ateekwa okuba ng'alekeddwa yekka, tafuna buyambi bwonna obw'ab'ennyumba ye, era tasuubira kuddamu kufumbirwa. Ateekwa okuba omukazi atya Katonda era asuubira Katonda, obulamu obulabikira mu mpisa ze, katugambe ng'okunyiikira okusabanga, okuba nti yali mwesigwa eri bbaawe, akuza abaana, ayaniriza abagenyi, okunaaza ebigere by'abatukuvu, okuyamba abali mu buzibu, n'obulamu obulimu ebikolwa ebirungi. Ekirala, kubanga obuzibu obwali mu kanisa y'Efezo bwalimu abakazi

Copyright © by Jonathan Menn 2007-2014. All rights reserved.

abato, Pawulo agamba nti nnamwandu agwanidde okuba nga wa myaka egitakka wansi wa nkaaga okusobola okuwandiikibwa. Ekyo tekitegeeza nti ekkanisa yali esobola okwerabira bannamwandu abataatuukiriza ebisaanyizo ebyo. Kitegeeza nti ekkanisa yali terina kuyingira mu nkolagana nteeketeeke, ey'emyaka gyonna egy'obulamu bwa bannamwandu abataali bantu ba kika ekyo."

1) Ebisaanyizo bya Pawulo eby'okuweebwa obuyambi bikola bitya ng'ekintu ekiwa amaanyi mu kukulaakulanya empisa ennungi ey'Ekikristaayo?

A) Okukulaakulanya empisa ennungi ey'Ekikristaayo kutambula kutya n'obuyambi obw'Ekikristaayo, n'obuvunaanyizibwa bwaffe okukolagana n'abo abali mu bwetaavu mu ngeri ey'ekisa?

2) Nkola ki gye tulina ng'ekkanisa ey'okukola ku bantu abali mu bwetaavu, katugambe nga bannamwandu?

A) Tusobola *okugaana* (n'okuwa) bannamwandu (oba abantu abalala abali mu bwetaavu) obuyambi bwa sente nga tusinziira ku musingi *ogw'ebiragiro*, katugambe ng'ebyo Pawulo yatulaga?

B) Oba tetulina nkola ng'eyo, twetaaga okugiteekawo era, yeetaaga kuba nkola ki?

3) Bulombolombo ki oba nteekateeka ki mu buwangwa bwaffe ewa bannamwandu n'abalala obuyambi?

A) Obulomblombo oba enteekateeka ng'ezo zikola ki (oba zeetaaga kukola ki) ku buvunaanyizibwa bwaffe ng'ekkanisa?

4) Buyambi ki gavumenti bw'ewa bannamwandu n'abantu abali mu bwetaavu?

A) Obuyambi ng'obwo obwa gavumenti bukola ki (oba bwetaaga kukola ki) ku buvunaanyizibwa bwaffe ng'ekkanisa?

5) Abantu baffe nga bwe bakaddiwa, waliwo enteekateeka gye twetaaga okukola tusobole okubeera abeetegefu okuwa "abali mu bwetaavu ddala" obuyambi ng'ekiseera kituuse?

6) Pawulo yayawula wakati wa bannamwandu abakadde abatya Katonda abaali balekeddwa bokka n'abo abaalina ab'ennyumba baabwe n'amakubo ag'okufuna obuyambi.

A) Twanukula (oba twetaaga okwanukula) tutya okusaba obuyambi okukolebwa bannamwandu abalina abantu baabwe, abantu abo bwe bagaana (oba bwe baba tebasobola) okubayamba?

7) Ku kikwatagana n'ensonga ey'awamu ey'abantu abanoonya obuyambi bwa sente mu kanisa:

A) Waliwo embeera eziri mu bantu b'ekkanisa oba ekitundu kyaffe ezaawukana n'embeera eyali mu Efeso Pawulo gy'ayogerako wano, naye eziyinza okugifaanana?

B) Ennono ez'awamu ez'ekiteeso kya Pawulo eri Timoseewo ze tuyinza okukozesa mu mbeera zaffe ezitukwatako ze ziri wa?

1 Timoseewo 5:17-25

[17]Abakadde abafuga obulungi basaanyizibwe okuwebwanga ekitiibwa emirundi ebiri, okusinga abafuba mu kigambo n'okuyigiriza. [18]kubanga Ekyawandiikibwa kyogera nti, "TOSIBANGA MUMWA NTE EWUULA ENG'AANO," Era nti "Akola emirimu asaanira empeera ye." [19]Tokkirizanga kiroopo ku mukadde awatali bajulirwa babiri oba basatu. [20]Aboonoona obanenyezanga mu maaso g'abantu bonna, era n'abalala balyoke batyenga. [21] Nkukuutira mu maaso ga Katonda Yesu, ne bamalaika abalonde, weekuumenga ebyo awatali kusaliriza. Nga tokola kigambo olw'obuganzi. [22]Toyanguyirizanga okussaako emikono ku muntu yenna, so tossanga kimu na bibi by'abantu abalala; weekuume obeerenga mulongoofu. [23]Tonywanga mazzi gokka, naye onywanga ne ku mwenge katono olw'olubuto lwo n'olw'okulwalalwala. [24]Waliwo abantu ebibi byabwe biba mu lwatu; nga bibakulembera okugenda mu musango; era n'abalala bibavaako nnyuma. [25]Era bwe kityo n'ebikolwa ebirungi biba mu lwatu; ne bwe kitaba bwe kityo, tebiririrema kwolesebwa.

William D. Mounce, mu kitabo *Pastoral Epistles*, *Word Biblical Commentary,* vol. 46 (Nashville, TN: Thomas Nelson, 2000), 322, agamba bw'ati, "Ensonga ey'okukangavvula omuntu mu kanisa ebiseera bingi ebadde nzibu, so si okugitegeera naye okugituukiriza. Ebyafaayo by'ekkanisa, eby'edda n'eby'olw'aleero, bizze nga bibeeramu abantu okugaana okugoberera okubuulirira kw'Ebyawandiikibwa." Agenda mu maaso n'okwogera ku nnono eziri mu **1 Tim 5:17-25**: "Mu 1 Tim 5:17-25 waliwo ennono nyingi ezikwata ku kukangavvula kw'ekkanisa, ennono ezifaanana n'okuteesa okuli awalala mu Byawandikibwa, nga mu Mat 18. (1) Ekibi kiteekwa okulwanyisibwa. (2) Okuwaaba kuteekwa okujulirwa abantu abasukka ku omu. (3) Ekibi

Copyright © by Jonathan Menn 2007-2014. All rights reserved.

ekikoleddwa omulundi ogumu si kye kyetaaga okubaako n'ekikolebwa naye ekyo ekikolebwa buli bbanga. (4) Okunenya omuntu mu lujjudde kulina okukulemberwa okubuulirirwa okw'obuntu. Naye okubuulirira okw'obuntu bwe kugaana okukola, okunenya mu lujjudde ne kulyoka kukolebwa. (5) Ekigendererwa ky'okunenya mu lujjudde okusinga si kubonereza muntu naye okuteeka mu mitima gy'abantu okutya okuvaamu obulamu. (6) Omuntu abonereza, ne bw'aba nga muntu wa kikula kya Timoseewo, ateekwa okufuba okulaba nti akikola n'obwenkanya awamu n'obulongoofu nga bw'asobola. (7) Okussaako emikono ku bakadde nsonga nkulu, era waliwo obuvunaanyizibwa obutwalibwa omuntu assaako emikono ku lw'abo abassibwako emikono. (8) Wano, tewali kintu kye tuyinza kukola mu kifo ky'okwegendereza n'okutwala obudde. Empisa y'omuntu entuufu n'ebikolwa bye tebitera kulabikirawo." (Ibid.)

1) Ng'ekkanisa tulina enkola eteekeddwawo ey'okukola ku nsonga zino wammanga:

A) Okusiimanga abakulembeze baffe ab'ekkanisa mu ngeri y'okubawangayo ku sente, "naddala abafuba mu kigambo n'okuyigiriza [eny.17-18]"

B) Ebiroope ku bakadde [oluny.19]

C) Abakadde abakola ekibi era abagenda mu maaso n'okukikola [oluny.20]?

1) Oba bwe kiri, enkola gye tulina eyawula bulungi wakati w'ekibi eky'omu n'ekibi eky'abangi, n'okunenya omuntu omu n'abangi?

2) Bwe tutaba na nkola ng'ezo, twetaaga okuziteekawo? Era zeetaaga kuba zitya?

3) Bwe tutasiima abakulembeze baffe ab'ekkanisa mu ngeri y'okubawangayo ku sente, tulinawo enkola ey'okuwanga "abafuze obulungi" ekitiibwa oba okubalabamu mu ngeri endala?

A) Oba tewali, twetaaga okugiteekawo? Era yeetaaga kuba etya?

1 Timoseewo 6:1-2a

[1]Abali mu bufuge abaddu balowoozenga bakama baabwe bennyini nga basaanidde ekitiibwa kyonna, erinnya lya Katonda n'okuyigiriza kwaffe biremenga okuvumirwa. [2]Era abalina bakama baabwe abakkiriza tebabanyoomanga, kubanga ba luganda; naye beeyongere okubaweerezanga, kubanga abassa ekimu mu kukolwa obulungi bakkiriza era baagalwa.

6:1-2a—Okulabula Abaddu

Buli nkola ey'eby'obufuzi, eby'ensimbi, eby'obuyigirize, n'endala yonna eraba enjawulo wakati w'abantu. Abamu bakulembeze; abamu bagoberezi. Abamu bagagga; abamu baavu. Abamu bakozesa; abalala bakozesebwa. Abamu baagunjulwa bulungi; abalala baagunjulwa bubi. Oluusi abo abali mu bifo ebya wansi oba ebibi okusinga abalala basobola okwekolera ku bizibu byabwe ne bakyusa embeera; oluusi tebasobola. Obuddu bwe bwakola omusingi ogw'enkola ya Ruumi ey'eby'enfuna. Kati obuddu bwavaawo mu bitundu ebisinga eby'ensi. Naye, abantu abasinga abakola olw'okuyimirizaawo obulamu bwabwe bakolera abalala. N'olw'ekyo, ekirowoozo Pawulo ky'awa abaddu—n'ekyo ky'awa abagagga oluvannyuma mu ssuula eno—birina bingi bye bituyigiriza.

1) Abantu abasinga batunuulira abantu be bakolera nga "abasaanidde ekitiibwa kyonna [oluny.1]?"

A) Lwaki oba lwaki nedda?

B) Omuntu ayinza atya okuwa mukama we "ekitiibwa"?

1) Mukama we ne bw'aba nga si Mukristaayo?

2) Newakubadde mukama we alwanyisa Obukristaayo?

3) Newakubadde mukama we si mukozesa "mulungi"?

2) *Ekigendererwa* kya Pawulo oba *ensonga* gy'awa ey'okubuulira abaddu okutwala bakama baabwe nga "abasaanidde ekitiibwa kyonna" kiki?

A) Lwaki ekigendererwa ekyo oba ensonga eyo ekyakola n'olwaleero, newakubadde obuddu tebukyaliwo?

3) Olunyiriri 2 lwogera ku mbeera omuli omukozesa n'omuddu we nga bombi Bakristaayo. N'olw'ekyo, omwenkanonkano gwaffe mu Kristo guyinza okuba mwawufu ku buvunaanyizibwa abantu bwe bamanyi. Ddala, kisoboka nti omuddu oba omukozi ayinza okubeera n'ekifo ky'obuyinza obunene mu kanisa okusinga mukama we oba omukozesa we.

A) Waliyo embeera omuli abakozi nga balina obuyinza obw'amaanyi mu kanisa okusinga

Copyright © by Jonathan Menn 2007-2014. All rights reserved.

ababakozesa?

1) Oba bwe kiri, ekyo kyali kireeseeko akasambattuko wakati waabwe, oba mu kanisa oba ebweru waayo?

2) Obusambattuko ng'obwo oba bwali bubaddewo, ng'ekkanisa tuyinza tutya okuyamba abantu okukola ku bizibu ng'ebyo?

B) Eriyo embeera omukozesa oba omukozi mwatayisiza munne nga bwe yandyetaaze okumuyisa *kubanga* bombi Bakristaayo?

1) Oba bwe kiri, ng'ekkanisa tuyinza tutya okuyamba abantu okukola ku kizibu ng'ekyo?

C) Mu nyiriri ezo, bintu ki Pawulo byalowooza okuba eby'omugaso omunene okusinga ebiralabyonna?

1) Tuyinza tutya okukozesa ebintu Pawulo by'alowooza okuba eby'omugaso omunene okusinga ebirala byonna okuyamba abantu okukola ku nyombo ezitera okusituka mu mirimu gyabwe?

1 Timoseewo 6:2b-19

[2b]Yigirizanga ebyo obibuulirenga. [3]omuntu yenna bw'ayigirizanga obulala, so nga takkiriza bigambo bya bulamu, bye bya Mukama waffe Yesu Kristo, n'okuyigiriza okugobereranga okutya Katonda, [4]nga yeekulumbaza, nga taliiko ky'ategeera, wabula okukalambiza obukalambiza empaka n'entalo ez'ebigambo, omuva obugya, okuyomba, okuvuma, okuteerera obubi, [5]okukaayana kw'abantu abayonooneka amagezi, abaggibwako amazima, nga balowooza ng'okutya Katonda kwe kufuna amagoba. [6]Naye okutya Katonda wamu n'obutayaayaananga ge magoba amangi. [7]Kubanga tetwaleeta kintu mu nsi, kubanga era tetuyinza kuggyamu kintu; [8]naye bwe tuba n'emmere n'eby'okwambala, ebyo binaatumalanga. [9]Naye abaagala okugaggawala bagwa mu kukemebwa ne mu mutego n'okwegomba kungi okw'obusirusiru okwonoona, okunnyika abantu mu kubula n'okuzikirira. [10]Kubanga okwagala ebintu kye kikolo ky'ebibi byonna; waliwo abantu abayayaanira ebyo ne bakyamizibwa okuva mu kukkiriza, ne beefumitira ddala n'ennaku ennyingi. [11]Naye ggwe, omuntu wa Katonda, ddukanga ebyo, ogobererenga obutuukirivu, okutya Katonda, okukkiriza, okwagala, okugumiikirizanga, n'obuwombeefu. [12]Lwananga okulwana okulungi olw'okukkiriza, nywezanga obulamu obutaggwaawo, bwe wayitibwa, n'oyatula okwatula okulungi, mu maaso g'abajulirwa abangi. [13]Nkukuutira mu maaso ga Katonda, awa byonna obulamu, ne Kristo Yesu eyategeeza okwatula okulungi eri Pontio Piraato, [14]weekuumenga ekiragiro awatali bbala, awatali kya kunenyezebwa, okutuusa ku kulabika kwa Mukama waffe Yesu Kristo, [15]kw'aliraga mu ntuuko zaakwo nannyini buyinza yekka atenderezebwa, Kabaka wa bakabaka, era Mukama w'abaami, [16]alina obutafa yekka, atuula mu kutangaala okutasemberekeka; omuntu yenna gw'atalabangako, so tewali ayinza okumulaba; aweebwenga ekitiibwa n'obuyinza obutaggwaawo! Amiina.

[17]Okuutirenga abagagga ab'omu mirembe gya kaakano obuteegulumizanga; newakubadde okwesiga obugagga obutali bwa lubeerera, wabula Katonda atuwa byonna olw'obugagga, tulyoke twesanyusenga n'ebyo. [18]Bakolenga obulungi, babeerenga abagagga mu bikolwa ebirungi, babeerenga bagabi, bassenga kimu. [19]Nga beeterekera eky'okuyimako ekirungi olw'ebiro ebigenda okujja, balyoke banywezenga obulamu ddala ddala.

6:2b-5—Ebiva mu Njigiriza ey'Obulimba

1) Mu nyiriri 2b-5 Pawulo akomawo eri omulamwa ogw'abo abasaasaanya enjigiriza ey'obulimba mu kanisa, n'ebyo by'ereeta.

A) Eriyo "obuggya, okuyomba, okuvuma, okuteerera obubi, n'okukaayana" mu kanisa yaffe oba wakati w'Abakristaayo abali mu kitundu kyaffe?

B) Oba bwe kiri, nsonga ki ezireeta ebizibu ebyo?

C) Ng'ekkanisa kiki kye tuyinza okukolera embeera ng'eyo?

D) Tuyinza tutya okwawula wakati w'okukubaganya ebirowoozo ku kutya Katonda okutuufu n'ekyo Pawulo ky'ayogerako mu nyiriri ezo?

6:6-19—Okwagala obugagga, Okubuulirira Omukulembeze w'Ekkanisa, n'Okubuulirira Omugagga

William D. Mounce, mu kitabo kye *Pastoral Epistles*, *Word Biblical Commentary,* vol. 46 (Nashville, TN: Thomas Nelson, 2000), 341, agamba nti: "Okutya Katonda kwa mugaso munene bwe kutambulira wamu n'obutayaayaanira bintu. Ekyo kitegeeza nti tulina okumanya nti abantu bafa nga bwe baazaalibwa: bagenda tebatutte kya bugagga kyonna. Awo kiba tekitegeeza nti tewali nsonga lwaki banoonya obugagga? Okutya Katonda okulimu omugaso omungi . . . kitegeeza okumatiranga n'emmere n'eby'okwambala. Naye okutya Katonda abalala kwe baali banoonya tekwalimu kumatira. Baayagalanga okugaggawala, era olw'okwegomba kwabwe baagwanga mu mitego. . . gyabazikiriza, era baava ku njiri. Ekyo kye kimu ku bizibu ebisinga okuba eby'amaanyi mu Byawandiikibwa ebiva mu mutego gw'okwagala ebintu . . . . Pawulo yayiga obutabaako kye

Copyright © by Jonathan Menn 2007-2014. All rights reserved.

yeetaaga si kubanga yalina amaanyi agaasukkuluma ku g'omuntu, agaamusobozesanga obutawulira bulumi, obuzibu, oba okubonaabona, oba nti embeera ze yalimu zaali nnungi. Obutayaayaana bwe bwasibuka mu kukkiriza okwegaana obusobozi bwe okwekolera emirimu gye era akkaatiriza obwetaavu obw'okwesigamira ddala ku Katonda ow'amaanyi gonna. Okumatira okw'amagoba amangi kwekwo okunoonya obutebenkevu si mu bugagga obw'ensi naye mu Katonda."

1) Ensonga ey'okuyaayaanira okugaggawala nkulu mu kanisa yaffe ne mu kitundu kye tulimu kwenkana wa?

A) Okuyaayaanira okugaggawala kweyolesa kutya?

B) Okusinziira ku Pawulo, obuzibu obukulu bwa munda—kwe kugamba, *okuyaayaanira* okugaggawala n'*okwagala* ensimbi. Lwaki okuyaayaana okwo okw'omunda kwa kabi?

C) Waliwo abantu be tumanyi abagudde olw'okuyaayaana ng'okwo (oba abali, na kati, mu katyabaga ak'okugwa)?

D) Tuyinza tutya ng'ekkanisa okukola ku nsonga ezo ez'okuyaayaanira okugaggawala n'okwagala ensimbi okusobola okuyamba abantu baffe?

1) Tukola tutya ku kizibu ky'okuyaayaana okwo mu ffe fennyini?

2) Pawulo akubiriza Timoseewo "okuddukanga ebyo" (kwe kugamba, enjigiriza enkyamu yonna, empisa embi, n'okuyaayaana okubi Pawulo kwayogeddeko mu nyiriri **3-10**).

A) Kiba kikulu okudduka mu mubiri okuva ku kukemebwa okukola ekibi, nga Yusuufu bwe yadduka okuva eri mukazi wa Potifali mu **Lub 39:7-12**. Tuyinza tutya "okudduka" okuva ku bintu Pawulo by'ava okwogerako—naddala okuva ku kuyaayaana okubi okw'okugaggawala (ekintu ekibeera mu birowoozo byaffe)?

B) Tuyinza tutya okuyigiriza n'okuyamba abantu baffe "okuddukanga ebintu ebyo?"

3) Mu nyiriri 11-14 Pawulo awa Timoseewo ebiragiro bitaano—ebintu by'ateekeddwa okukola.

A) Bintu ki?

B) Tubikola tutya obulungi?

C) Bwe tuba nga twagala okulongoosaamu mu bintu Pawulo by'ayogedde, tuyinza tutya okukikol tusobole okuweereza abantu baffe mu ngeri esinga obulungi?

D) Tuyinza tutya, ng'abakulembeze b'ekkanisa, okukakasa nti tukola ebintu byonna Pawulo by'agamba omuweereza omulungi by'alina okukola?

4) Geraageranya okutendereza okuli mu nyiriri **15-16** n'okuli mu **1:17** ne **3:16**.

A) Abantu abasinga batera okulaba oba okutegeera Yesu mu ngeri ki?

B) Ffe n'abantu baffe ddala tutegeera Yesu Kristo nga bw'alagiddwa mu nyiriri ezo?

A) Singa ffe n'abantu baffe twali tutegeera Kristo nga Pawulo bw'amunyonnyola, ekyo kyalikyusizza kitya obulamu bwaffe?

D) Tuyinza tutya okukulaakulanya n'okuyigiriza Kristo nga bw'anyonnyoddwa Pawulo?

5) Enyiriri 17-19 zoogera ku bantu abagagga.

A) Oluusi abakulembeze b'ekkanisa tebafa ku bibi by'abagagga, oba bagondera endowooza z'abagagga, oba babateeka mu bifo eby'obuyinza kubanga bagagga, oba tebavumirira empisa z'abagagga, kubanga abakulembeze b'ekkanisa baagala abagagga bawe ekkanisa sente.

1) Naffe tuli mu kibi eky'okukola ebintu ng'ebyo?

2) Endowooza ya Pawulo ku ngeri abakulembeze b'ekkanisa gye beetaaga okukolaganamu n'abagagga eri etya?

3) Kiki, oba waliwo, kye twetaaga okukola okusobola okukolagana obulungi n'abagagga?

B) Ate ku ludda olulala, oluusi abantu bakwatirwa abagagga obuggya olw'obugagga bwabwe.

1) Tulina obuggya bwe tuzudde ku bagagga mu bantu baffe oba mu kanisa yaffe?

2) Ekibi eky'obuggya tukikozeeko tutya?

Copyright © by Jonathan Menn 2007-2014. All rights reserved.

1 Timoseewo 6:20-21

[20] Ai Timoseewo, kuumanga kye wateresebwa, nga weewala ebigambo ebitaliimu ebitali bya Katonda n'okulwana kw'ebigambo eby'okutegeera, okuyitibwa "okumanya" mu bulimba—[21]waliwo abantu abeegamba okuba nakwo, ne bakyama mu kukkiriza. Ekisa kibeerenga nammwe.

6:20-21—Okuwunzika Okulimu Okulabula eri Timoseewo

1) Tuyinza tutya, ng'abakulembeze b'ekkanisa, "okuumanga kye twateresebwa?"

A) Waliwo abantu be tumanyi "abaakyama mu kukkiriza?"

1) Lwaki ekyo kyaliwo?

2) Kiki kye tuyinza okuyiga okuva ku ky'okulabirako kyabwe?

B) Madaala ki ge twetaaga okutwala okukakasa nti "tetukyama okuva ku kukkiriza?"

2) Enjigiriza ya Pawulo yafaanana eya Yesu mu ngeri ki?

A) Abakulembeze b'ekkanisa bagwanidde okuyigirizanga ebintu ebikwatagana n'enjigiriza ya Pawulo eri mu kitabo kino mu ngeri ki?

OMUWANDIISI

Jonathan Menn abeera Appleton, WI ekya America nga yasoma bya bufuzi eby'ekikugu mu ssettendekero wa Wiscionism Madison gye yafuira ddiguli mu mwaka gwa 1974, era bw'atyo yawandiisibwa mu ttyendekero lya Phi Beta Kappa gye byatyandika okukolera. Bwe yava n; agenda asoma ddiguli esookerwako mu by; amateeka mu ttendekero lya Comell era nga lino litendeka bannamateeka, ng'ali eno yayitira waggulu ddala mu mwaka gwa 1977, ng; avudde eyo, yawandiisibwa mu Order of Coif era nga na lino ttendekero lya bannamateeka. Bwe yava awo yatandikira ddala okukola emirimugye nga mummamateka omutendeke okumalira ddala emyaka 28 mu Chicago, oluvannyuma, yeegatta ku bannamateeka banne mu kitongole kya MennLaw Firm mu Appleton, WI. Katonda nga bw'ali omulamu, mu 1982, yakkiriza era n'ayatula Kristo ng; omulokoziwe. Teyaggya okwo, yeeyongerera ddala okwagala okumanya Katonda era n; obuweereza, kye yava asoma ddiguli ekwata ku by; enzikiriza mu ssettendekero wa Trinity Evangelical Divinity School nga lisangibwa mu Deerfield, IL. Awo we yava ne yeegatta ku ttendekero lya TEDS, Summa ne yeeyongera okukuguka mu nsongha z; enzikiriza era ngali eno yakbira waggulu ddala nnyo n; atikkirwa mu Muzigo wa 2007.Okuva mu 2007okutuuka mu 2013 ye yali akulira ekitongole ekiyitibwa Equipping Pastors International. We twogerera, Jonathan y; akuliraekitongole ki Equipping Church Leaders-East Africa (**www.eclea.net**). Awandiise ebitabo bingi ebisomesa ku Bayibuli nga biri ne ku Mitimbagano ku kibanja **www.eclea.net**. Osobola n; okumuwandiikira ku ndagiriroye eno: **jonathanmenn@yahoo.com**.